# ZUULA

## TUYINZA OKUKKIRIRIZA MU KATONDA

Jim omulundi ogumu yabuuza omusajja atakkiririza mu Katonda ekibuuzo oba ng'omulundi ogumu yali alwanaganye n'ekirowoozo ekigamba nti oboolyawo Katonda w'ali?



Ekyewuunyisa Jim, omusajja atakkiriza kwe kumuddamu nti; "Ddala bwe kityo bwekiri" Yeeyongera n'amugamba bwati: "Emyaka mingi egiyiseewo, omwana waffe omuberyeberye bwe yaazaalibwa kabuulako katono okufuuka omuntu akkiririza mu Katonda. Bwe nnatunuulira ku kifaananyi ky'omuntu omuto, naye ng'atuukiridde ng'ali mu kitanda kye, bwe nnatunuulira obugalo bwe nga bwefunyizza, era bwe nnatunuulira obuuso bwe obutono nga butemya, nnamala ekiseera eky'emyezi mingi nga ndekedde awo okubeera atakkiririza mu Katonda. Bwe nnatunuulira ku kaana ako akato kya mmatiza nti wali watekwa okubeerawo Katonda."


**1. BULI KINTU EKIWUNDIBWA WABEERAWO AKIWUNDA**

Enkola ey'omubiri gw'omuntu yeetagisa okubeerawo eyagiteekateeka. Bannasaayansi batutegeeza nti obwongo butereka era ne bujjukira ebifaananyi nkumi na nkumi ebyetabuddetabudde era ne bugonjoola ebizibu, ne busanyukira ebirungi, era ne bwetegeera, era ne bwagala okukuza ekisinga obulungi mu muntu. Amasannyalaze agatandikira mu bwongo gafuga emirimu gyonna egikolebwa mu mibiri gyaffe.

Ebyuma bikalimagezi (kompyuta) nabyo bikozesa maanyi ga masannyalaze. Naye bwongo bwa muntu bwe bwagivumbula era ne bugizimba era ne bugiragira ekyo ky'eteekwa okukola.

Tekyewuunyisa omuwandiisi wa Zabbuli akakasa nti omubiri gw'omuntu gw'ogera bulungi era lwatu ku mutonzi ow'ekitalo.

Agamba bwati: **"Nkutendereza kubanga nakolebwa mu ngeri etiisa, era eyeewuunyisa. Ekyo nkimannyidde ddala." - Zabbuli 139:14.**



Tekitwetaagisa kugenda wala okunoonya "emirimu" gya Katonda. Enkola ey'ekitalo ey'obwongo bw'omuntu, awamu n'ebitundu ebirala eby'omubiri: gy'emirimu gya Katonda egiraga amagezi ag'ekitalo ag'omutonzi.

Tewali bbomba eyakolebwa omuntu gy'oyinza okugeraageranya n'omutima gw'omuntu. Tewali nkola ya kompyuta eyinza okwenkanankana n'obusimu obuli mu nkola ey'omubiri. Tewali nkola ya Televizoni ekola obulungi nga eddobozi ly'omuntu, amatu ge era n'amaaso ge. Tewali kyuma ekiwujja empewo era ne kigibugumya ekisobola okugerageranyizibwa n'omulimu ogukolebwa ennyindo zaffe n'amawuggwe n'eddiba. Enkola ey'ekikugu ey'omubiri gw'omuntu eraga nti waliwo eyagiteekateeka, era n'eyagiteekateeka ye Katonda.

Omubiri gw'omuntu nkola ey'ebitundu ebingi byonna eby'egasse awamu nga byonna byateekebwateekebwa bulungi. Amawuggwe, era n'omutima, obusimu obw'omubiri, ebinywa, byonna bikola omulimu omuzibu ogutakkkirizika, ate era byesigamye ku mulimu omulala omuzibu ogutakkirizika.

Singa otadde sente kkumi mu nsawo yo nga buli emu ogitaddeko akabonero okuva ku nnamba emu okutuuka ku kkumi, era n'ozisuukunda ate n'oziggyamu emu emu,

olowooza okyayinza okuziggyamu nga zigobeerera ennamba ze wazitaddeko? Okusinziira ku tteeka erifuga eby'okubala, olina omukisa gumu mu mirundi buwumbi ekkumi mwosobolera okuggya sente ezo mu nsawo yo nga zonna zi gobeerera ennamba okuva ku emu okutuuka ku kkumi.

Kaakati nno lowooza emikisa gy'olubuto, obwongo, omutima, ekibumba, emisuuwa eminene, n'obusuuwa obutono, ensigo, amatu, amaaso, era n'ammanyo byonna nga biri wamu era nga byonna bikola ate nga bikolaganira wamu n'ebitundu ebirala mu kiseera ky'ekimu.

Kunnyonnyola ki okusinga kuno amakulu okunnyonnyola enteekateeka ey'omubiri ogw'omuntu?

Agamba nti: **"Katonda n'ayogera nti; Tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe… Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yatondera omusajja n'omukazi." - Lubereberye 1:26,27.**

Omusajja eyasooka n'omukazi baali tebasobola kubeerawo bokka. Bayibuli etukakasa nti Katonda yatutonda mu kifaananyi kye. Yasooka kulowooza n'alyoka atutondamu ebitonde.

**2. BULI KINTU EKYAKOLEBWA WALIWO EYAKIKOLA**

Naye obujulirwa obw'okubeeraawo kwa Katonda tebukoma ku nteekateeka ya mibiri gyaffe gyokka, naye bubuna okuyita mu ggulu lyonna. Leka ettala ezaaka mu kibuga era otunule waggulu mu bbanga ekiro. Ekire ekyo eky'amata ekiri waggulu w'emmunnyennye ze tuyita 'Milky Way' oba Entungalugoye, kino kibinja eky'enjuba obuwumbi n'obuwumbi ezifaanana ng'enjuba yaffe eno. Mu butuufu enjuba yaffe eno era awamu ne sseng'endo zaayo kitundu ku 'Milky Way.' Era 'Milky Way' yaffe eno y'emu ku bikuukuulu by'emunnyennye ebissuuka obuwumbi nga kikumi ebisoboka okulabika okuyita mu zigalubindi ennene ennyo ku nsi.


Tekyewuunyisa omuwandiisi wa Zabbuli okukakasa nti emmunyennye z'ogera ekitiibwa ky'omukozi waazo:

Agamba bwati: **"Eggulu liraga ekitiibwa kya Katonda n'ebiri mu bbanga byoleka omulimu gwe." - Zabbuli 19:1-3.**

Nga tutunuulidde obwaguuga bw'eggulu n'ensi n'enkola yabyo ey'ekitalo tekyandibadde kya magezi okukakasa nti:

**"Ku luberyeberye Katonda yatonda eggulu n'ensi." - Lubereberye 1:1.**

**"(Katonda) yaliwo ng'ebintu byonna tebinnatondebwa; era byonna bibeerawo mu ye." - Kolosayi 1:17.**



Ebitonde byonna biwa obujulirwa ku Katonda omuteesiteesi omukulu era omutonzi aw'amagezi agatakoma. Mu bigambo bino ebyangu ebigamba nti 'Ku luberyeberye Katonda,' mwetuzuula eky'okuddamu eky'ekyama eky'obulamu. Waliwo Katonda eyatonda ebintu byonna.

Bannasaayansi bangi abakulu mu kiseera kino bakkiririza mu Katonda. Omusawo omukugu mu ddagala Arthur Campton, omuwanguzi we kirabo ekiyitibwa Nobel Prize, omulundi ogumu yayogera bw'ati ku lunnyiriri luno.

"Nze ku lwange, okukkiriza kutandika n'okukakasa amagezi ago aga waggulu ago agateekawo eggulu n'ensi okubeerawo era ne gatonda n'omuntu. Si kizibu gyendi okubeera n'okukkiriza kuno kubanga

kitegeerekeka bulungi nti, buli awali enteekateeka waliwo amagezi aga Katonda. Enteekateeka y'eggulu n'ensi ennung'amu ewa obujulirwa ku mazima ag'ebigambo ebisinga obukulu ebyali byogeddwa nti- 'Ku luberyeberye Katonda.'"

Bayibuli tegezako kukakasa Katonda nti w'ali naye erangirira bulangirizi okubeerawo kwe. Omusawo omukugu mu by'obulamu Arthur Conklin, olumu yawandiika bw'ati, "Emikisa egy'obulamu okubeerawo nga butandika n'ekintu ekyagwawo obugwi kigerageranyizibwa n'ekitabo ekinnyonnyola amakulu g'ebigambo (Dictionary) okuva ku kubwatuka okw'ekyuma ekikuba ebitabo."

Tukimanyi nti omuntu tayinza kukola kintu ng'akigya mu kintu ekitaliiwo. Tusobola okuzimba ebintu, okuvumbula, okugattagatta ebintu awamu, naye tetusobola kugya kintu mu kintu ekitaliiwo yadde akakere akasingira ddala obutono, oba akamuli akasingira ddala obutono. Ebintu ebikwetoolodde byogerera waggulu nti Nnamugereka owedda, ye Katonda eyabitonda. Era y'abibeezesawo. Eky'okuddamu ekikkirizika kyokka ku ntandikwa y'eggulu n'ensi eno, n'okubeerawo kw'abantu ye - Katonda.

### 3. KATONDA AKOLAGANA N'ABANTU

Katonda eyabamba eggulu erijjudde emmunyenye, era eyatonda eggulu n'ensi, anoonya enkolagana ey'obuntu naffe. Yalina enkolagana ey'obuntu ne Musa. Agamba nti "Mukama n'ayogeranga ne Musa nga balabagana mu maaso, ng'omuntu bw'ayogera ne mukwano gwe" (Kuva 33:11). Katonda ayagala okubeera mu nkolagana ey'oluganda naawe era afuuke mukwano gwo. Yesu yasuubiza abo abamugobeerera nti: "Mmwe muli mikwano gyange" (Yok 15:14).

Ffenna twali tulwanaganyeeko mu mitima gyaffe n'ekirowoozo kya Katonda kubanga bulijjo abantu obuzaaliranwa bwabwe bannaddiini. Tewali nsolo yonna ey'omu nsiko eyali ezimbyeko ekyoto eky'okusinzizangako Katonda. Naye buli kifo w'osanga abantu abasajja n'abakazi, obasanga basinza. Munda mu mutima gwa buli bantu mulimu okwegomba okusinza, ekitegeeza nti bategeera Katonda era beegomba okufuuka mikwano gya Katonda. Singa tujeemulukukira okwagala kwaffe okwo okutuli mu mitima ne tunoonya Katonda, tewakyaliwo kubuusabuusa ku kubeerawo kwe.

Mu myaka egye 1990 obukadde n'obukadde obw'abantu abaali batakkiririza mu Katonda mu Russia baalekayo obutakkiriza bwabwe ne bakyukira Katonda. Professa mu Yunivasite eye St. Petersburg yayogera ebigambo ebyali bifaanana ng'ebyo ebyayogerwa abantu abangi abakyuka ne bava mu butakkiririza mu Katonda mu Soviet Union.

Yagamba bwati: "Mbadde nnoonyereza mu Sayaansi amakulu agali mu bulamu bwange, naye sirina kye nnazuulayo kyennyinza okwesiga. Bannasaayansi bannange abannetoolodde balina endowooza y'emu ey'obutaliimu mu mitima gyabwe. Bwe ntunuulira obutaliimu obw'ensi ate n'obutaliimu obw'Omwoyo gwange, nkiwulira nti wateekwa okubeerawo kye kitegeeza. Nate, bwe nnafuna Bayibuli gye wampa era ne ntandika okugisoma, obutaliimu obw'obulamu ne bumatizibwa. Bayibuli nnagizuula nga bwe bwesige bwokka obw'omwoyo gwange. Nzikiriza Yesu Kristo nga ye Mulokozi wange era mmaze okuzuula emirembe egy'amazima era n'okumatizibwa okw'obulamu bwange."

Omukristayo akkiririza mu Katonda kubanga amuzuula oba amusanga nga Katonda oyo yekka y'amatiza ebyetaago ebigenda ewala eby'omu mutima. Katonda oyo Abakristayo gwe bazuula n'essanyu nga w'ali, atuwa ebigendererwa ebiggya, amakulu amaggya ag'obulamu, era n'essanyu eriggya.

Katonda tatusuubiza bulamu obutaliimu bizibu na ntalo. Naye atuwa obukakafu nti ajja kutukulembera n'okutuwanirira singa tukolagana naye. Era obukadde n'obukadde bw'abakristayo bajja kukuwa obujulirwa nti beeteefuteefu okufiirwa ebintu byabwe byonna okusinga okuddayo emabega mu bulamu obutaliimu kutya Katonda.

# ZUULA

Kino kye kyewuunyo ekisingira ddala byonna - nti Katonda ayinza byonna. Nnamugereka, eyatonda era abeezesaawo eggulu n'ensi ayagala okubeera n'enkolagana ey'obuntu eri buli musajja n'omukazi, n'abuli mulenzi n'omuwala. Kino Kabaka Dawudi kyamwewuunyisa bwe yawandiika nti:



**"Bwe ntunuulira eggulu lye wakola, n'omwezi n'emmumyemye bwe wateekawo, ne nneebuuza nti, omuntu ataliiko bwali, lwaki omulowoozako? Era omuntu obuntu, lwaki omulumirilwa?" - Zabbuli 8:3,4.**

Omutonzi waffe alowooza ku buli omu ku ffe. Akusanyukira nnyo nga aling'anga ggwe kitonde kyoka kye yatonda.

N'olw'ensonga eyo tusobola okukkiririza mu Katonda: (1) Kubanga Katonda ye yaateekateeka ebintu eby'ekitalo bye yateka ku bulamu bwaffe. (2) Kubanga okwetaaga Katonda okuli muffe kutuleka nga tetuli batebenkevu okutuusa lwe tuzuula ekiwummulo kyaffe mu ye. (3) Era kubanga bwe tumunoonya ne tumuzuula, Katonda amatiza buli kyetaago kyaffe era n'okuwankawanka kwaffe akumatiriza ddala.

**4. KATONDA ONO WA KIKA KI?**

Ensonga esinga byonna eri nti Katonda oyo ayagala okweraga eri ebitonde bye mu ngeri y'emu nga kitaawe w'omwana bw'ayagala abaana be bamumanye. Era mu Bayibuli Katonda atutegeeza ye nga bwali era ne bw'afaanana.

Kifaananyi ki Katonda kye yakozesa okutonda abasajja n'abakazi?

**"Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mweyamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda." - Lubereberye 1:27**.

Okuva nga bwe twatondebwa mu kifaananyi kya Katonda, obusobozi bwaffe okulowooza era n'okulumwa, okujukira era n'okusuubira era n'okutetenkanya byonna byava ku ye.

Empisa ya Katonda enkulu y'eruwa?

**"Katonda kwagala." - 1 Yokaana 4:8.**

Katonda akolagana n'ebitonde bye ng'ayita mu ekyo ekiri mu mutima gwe eky'okwagala. Tewali kintu n'ekimu kye yali akoze oba ky'agenda okukola nga tekiva mu buterowoozako yadde mu kwegannyisa okw'okwagala.

**5. YESU ALAGA ATYA KATONDA BW'AFAANANA?**

Mu Bayibuli Katonda yeeyogerako buli kaseera ye nga bw'ali Kitaffe.

Agamba nti: **"Ffena tetulina Kitaffe omu? Si Katonda omu eyatutonda?" - Malaki 2:10.**

Ba taata be tulaba kaakano kifaananyi kya Kitaffe ow'omuggulu, naye nabo tubeetaga. Waliwo ba taata abaggayavu, aboonoona abaana baabwe. Naye Katonda, tafaanana bw'atyo. Ye afaayo era atulumirwa. Kitaffe wa kisa ayagala okuzannya emizannyo n'abaana be ab'obulenzi n'obuwala. Kitaffe wa kisa asanyusa abaana be ng'abategeeza engero ez'ekitalo nga bagenda okwebaka.

# ZUULA

Kitaffe ow'okwagala ayagala okukola ekisinga okweraga obwerazi gye tuli okuyita mu byawandiikibwa ebitukuvu. Yakimanya nti omuntu gw'obeera naye aba mukakafu nnyo gy'oli okusinga oyo gwe wali owuliddeko obuwulizi oba gwe wali osomyeko mu kitabo. N'olw'ensonga eyo- kyeyava ajja ku nsi yaffe eno nga muntu ddala - omuntu Yesu.

**"(Kristo) oyo kye kifaananyi kya Katonda atalabika." - Kolosayi 1:15.**



Bwe kityo singa nga olabye Yesu, oba nga olabye Katonda. Yakka wansi ku ddala lyaffe, yafuuka nga ffe - alyoke atuyigirize okubeerawo nga tuli basanyufu, era naffe tusobole okulaba nga Katonda bw'ali. Yesu - ye Katonda asoboka okulabibwa. Yesu ye yennyini yagamba nti, "Buli alabye ku nze, ngalabye ku Kitange" (Yokana 14:9).

Bw'osoma ebigambo by'obulamu bwa Yesu mu Njiri ennya, ebitabo ebina ebisooka mu Ndagaano Empya, ojja kulaba ekifaananyi ekisamaaliriza ekya Katonda Kitaffe ow'o mu ggulu. Abavubi baasuula eri obutimba bwabwe ne bagoberera Kristo, yadde n'abaana abato baakung'ananga gyali olw'okufuna emikisa gye. Yasanyusanga aboononyi abasingira ddala obubi era yakkakkanyanga abantu bannanfuusi abaali basinga kukwerowooza okuba n'obutuukirivu. Yaawonyanga buli kintu okuva ku buzibe bw'amaaso n'okutuuka ku bigenge. Mu bikolwa bye byonna Yesu yalaga ensi nti Katonda kwagala. Yasisinkananga n'ebyetaago by'omuntu mu ngeri omuntu yenna gye yali takolangako okumusooka.

Okubikkula Katonda nga bw'afaanana okwasembayo, Yesu yakukolera ku musaalaba.

**"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati; n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo." - Yokana 3:16.**

Yesu teyafa kutuwa obulamu obw'essanyu bwokka obw'omu kiseera kino kyokka, naye era n'olw'okutuwa obulamu obutaggwaawo. Okumala emyaka mingi abantu baali beewuunya, nga basuubira nga balowooza ku Katonda. Baalabanga emirimu gy'engalo ze nga giwandiikiddwa ku ggulu ne ku bulungi obw'ebitonde.

Bwe gwatuuka ku musaalaba, Yesu n'aggyawo akasiriikiriro ak'emyaka gyonna, abantu beesanga nga batunuulidde ddala mu maaso ga Katonda, nga bamulaba mu mazima nga bw'ali nga wa kwagala, wa mirembe gyonna, nga wa kwagala okutaggwawo. Okyasobola okuzuula Katonda mu ssaawa eno nga Yesu bw'atumubikkulira. Okuzuula kw'onoomuzuula kujja kukulembera okukola akakalu naye akagamba nti: "Kitange nkwagala!"

# ZUULA

## TUYINZA OKUKKIRIRIZA MU BAYIBULI

Ba kyewaggula abamanyifu ennyo abaasanyaawo ekyombo ekya Bangereza ekiyitibwa Bounty, nga bali ne bakyala baabwe beesanga nga basenze ku kizinga okutaali bantu ekiyitibwa Pitcairn mu maserengeta ge liyanja Pacific. Ekibinja kino kyalimu Abangereza abalunnyanja mwenda, abasajja aba Tahitian mukaaga, n'abakyala aba Tahitian kkumi n'omuwala omu ow'emyaka ekkumi n'ettano. Nga bali ku kizinga ekyo, omu ku balunnyanja yazuula engeri gy'ayinza okusogola omwenge era mangu ddala obutamiivu bwayonoona ekizinga kyonna. Okulwanagana wakati w'abaami n'abakyala kwavaamu entalo.



Oluvannyuma lw'ekiseera waasigalawo omusajja omu ku abo abatuuka ku kizinga ekyo. Naye omusajja ono Alexander Smith, yazuula Bayibuli mu kabadda emu ey'engoye gye bajja mu kyombo. Yatandika okugisoma era n'okugiyigiriza abalala kye yali egamba. Bwe yakola kino, obulamu bwe ne bukyusibwa, n'eky'enkomerero n'obulamu obw'abantu bonna abaali ku kizinga ne bukyuka.

Abantu b'okukizinga kino baali beekutudde ku bantu ab'ebitundu ebirala eby'ensi okutuusa mu mwaka 1808 ekyombo kya Abamerica ekiyitibwa Topaz bwe kyatuuka ku kizinga ekyo. Abantu abakirimu baasanga ekizinga ekikulakulana, abantu baakyo nga tebaanywa mwenge, teri makomera era nga teri bazzi ba misango. Bayibuli yali ekyusiza obulamu bw'abantu b'okukizinga ekyo okuva mu geyeena ow'oku nsi okudda ku ky'okulabirako ekyo Katonda ky'ayagala ensi ebeere. Era ekizinga ekyo bwe kityo bwe kiri ne leero.

Katonda akyayogera eri abantu okuyita mu byawandiikibwa ebitukuvu ebya Bayibuli? Kino kituufu ddala aky'akikola. Nga nkyawandiika bino, ntunuulidde olupapula olw'eby'okuddamu olwatuweerezebwa omuyizi waffe ow'eby'okuyiga bino. Awandiise wansi w'olupapula olwo bw'ati: "Ndi mu kkomera, ku lukalala lw'abantu abo abaasalirwa omusango ogw'okufa. Bwe nnali nga sinnaba na byakuyiga ebya Bayibuli bino, nnali mbuze, naye kaakati nina ekintu kye ntunuulidde mu kiseera kyange eky'omu maaso era nnazuula okwagala okuggya."

Bayibuli erina amaanyi ago agasobolera ddala okukyusa obulamu bw'abantu. Mu mazima ddala, abantu bwe batandika okusoma Bayibuli, obulamu bwabwe bukyuka mu mpisa.

### 1. ENGERI KATONDA GY'AYOGERAMU NAFFE OKUYITA MU BAYIBULI

Omuntu omusajja n'omukazi abasooka, Adamu ne Kaawa, nga bamaze okutondebwa, Katonda yaayogeranga nabo nga balabagana amaaso na amaaso. Naye nga bamaze okwonoona, Katonda bwe yajja okubakyalira, abantu abo baakola ki?

Eky'okuddamu kigamba nti: **"Ne bawulira eddobozi lya Mukama Katonda ng'atambula mu lusuku mu kiseera eky'empewo; omusajja ne mukazi we ne beekweka mu maaso ga Mukama Katonda wakati mu miti egy'omu lusuku." - Lubereberye 3:8.**



Ekibi kya yoonoona enkolagana ya Katonda ey'okulabagana n'omuntu amaaso ku maaso. Ng'ekibi kimaze okuyingira mu nsi Katonda yayogera nga atya n'abantu?

# ZUULA

Agamba bwati: **"Mazima Mukama Katonda taliiko ky'alikola wabula ng'abikulidde abaddu be banabbi ekyama kye." - Amosi 3:7.**


Katonda tatulekanga mu kizikiza ku bintu ebikwata ku bulamu n'amakulu gaabwo. Okuyita mu bannabbi - abantu Katonda beeyayita okwogera n'okuwandiika ku lulwe - Katonda yatulaga eky'okuddamu eri ebibuuzo ebikulu ebikwata ku bulamu.

**2. ANI EYAWANDIIKA BAYIBULI?**

Bannabbi baayogeranga obubaka obwa Katonda era ne babuwandiika nga bakyali balamu, era ne bwe baafa ebiwandiiko byabwe byasigalawo. Nga Katonda abakulembedde, obubaka buno obwa bannabbi bwakung'anyizibwa awamu mu kitabo ekiyitibwa Bayibuli.

Naye obubaka obw'ebyawandiikibwa byabwe bino bikakafu kyenkanawa?

Addamu bw'ati: **"Okusookera ddala, mutegeere kino nti buli kigambo ekya bannabbi ekyawandiikibwa tekyajja nga kiva mu kunnyonnyola okwa nnabbi. Kubanga obunnabbi tebuvanga mu kwagala kwa muntu naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu." - 2 Petero 1:20, 21.**



Abawandiisi ba Bayibuli tebagiwandiikanga nga basinziira mu kwagala kwabwe, naye baawandiikanga nga bakulemberwa, oba nga balung'amizibwa Omwoyo wa Katonda. Bayibuli kitabo kya Katonda!

Mu Bayibuli Katonda atutegeeza ebikwata ku YE kennyini era n'atubikkulira ekigendererwa kye olw'olulyo lw'omuntu. Bayibuli etulaga ekigendererwa kya Katonda mu kiseera ekyayita, era n'etulaga n'ebiseera eby'omu maaso; n'etutegeeza engeri omutawaana ogw'ekibi bwe gugenda okumalibwawo era n'engeri emirembe gye gigenda okujja ku nsi yaffe eno.

Obubaka bwonna obwa Bayibuli bwava wa Katonda?

**"Buli ekyawandiikibwa nga Katonda yakirungamya, era kigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kulung'amya ne mu kugunjula omuntu abe mutukirivu, omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi." - 2 Timosewo 3:16, 17.**

Bayibuli ekola ku bulamu bw'abantu ekigenda ewala, olw'ensonga nti Bayibuli yonna yalung'amizibwa, - Kitabo kya Katonda. Bannabbi baakwanaganya ebyo bye baalaba ne bye baawulira mu lulimi lw'omuntu, naye ng'obubaka bwabwe bwava buteerevu eri Katonda. N'olw'ekyo singa oyagala okumanya byonna obulamu kye buliko, soma ebyawandiikibwa ebitukuvu. Okusoma Bayibuli kujja kukyusa obulamu bwo. Gy'onookoma okusaba nga bw'ogisoma, gy'onookoma okufuna eddembe mu birowoozo byo. Omwoyo oyo eyalung'amya bannabbi okuwandiika Bayibuli ajja kukozesa engigiriza ya Bayibuli, enjiri yaamu, okukola okukyusa obulamu bwo singa onoomusaba okubeerawo ng'ogisoma.

**3. OBWEGGAFU BWA BAYIBULI**

Bayibuli mu butuufu tterekero lya bitabo enkaaga mu omukaaga. Ebitabo asatu mu omwenda (39) eby'omu Ndagaano Enkadde byakung'anyizibwa okuva mu mwaka ogwa 1450 BC okutuuka nga mu mwaka 400 BC, ate ebitabo abiri mu omusanvu (27), eby'omu Ndagaano Empya by'akung'anyizibwa wakati w'emyaka 50 AD okutuuka 100 AD.

# ZUULA

Nnabbi Musa yatandika okuwandiika ebitabo ebitaano ebisooka ebya Bayibuli mabega eyo nga emyaka 1400 BC teginatuuka. Omutume Yokana yawandiika ekitabo kya Bayibuli ekisembayo - Kubikkulirwa, mu mwaka nga 95 AD. Mu myaka egyo 1,500 egyali wakati w'okuwandiikibwa kw'ekitabo ekisooka n'ekisembayo ebya Bayibuli, abantu abalung'amizibwa Omwoyo abawera nga 38 be baawandiika. Abamu baali bannekoreragyange, abalala baali basumba, abalala baali bavubi, abalala baali bannamagye, abalala basawo, abalala babuulizi ba njiri, abalala baali ba Kabaka - abantu abaava mu mbeera ey'obulamu obw'enjawulo. Emirundi egimu nga bava mu buzaaliranwa n'amagezi ag'enjawulo.

Naye wano we wali ekyewuunyisa ekya byonna. Ebitabo bino enkaaga mu omukaaga (66) eby'omu Bayibuli, nga birimu essuula 1,189, ne ennyiriri 31,173, zonna awamu, tubisanga birina obumu obutuukiridde mu bubaka bwe buwa abantu.



Ka tuteebereze nti singa omuntu azze n'akonkona ku lugi lwo, bw'omuggulirawo n'ayingira, omuntu oyo n'ateeka wansi ejjinja ery'omuwendo n'atambula n'agenda nga talina kigambo kyonna ky'ayogedde. Abagenyi abalala 40 nabo ne baddirira kinnomu nga buli omu ateekawo ejjinja eririko ennamba ey'enukuta.


Omugenyi asembayo bw'agenda, ekikwewuunyisa kwe kulaba ekifaananyi nga kiyimiridde mu maaso go. Naye ate n'okitegeera ng'abagenyi bali tewali eyali asisinkanye ne munne, nga bajja gyoli baava mu nsi ez'enjawulo, okugeza nga America, China, Russia, Africa, ne mu bitundu ebirala eby'ensi. Wandirowoozezza otya? Nti waliwo omuntu omu eyakola enteekateeka ey'ekifaananyi ekyo era n'awa buli muntu ekitundu ekituufu eky'enjawulo eky'ejjinja.

Bayibuli yonna awamu ewa obubaka obwegasse awamu - okufaananako ekifaananyi (ky'omuntu) ekituukiridde. Omwoyo omu eyateekateeka byonna gwe Mwoyo gwa Katonda. Obwegaffu obw'ekitalo obuli mu byawandiikibwa ebitukuvu butuwa obukakafu nti ne wankubadde abantu be baawandiikanga, naye baali balung'amizibwa Katonda.

**4. OSOBOLA OKWESIGA BAYIBULI**

(1) Okukuumibwa kwa Bayibuli nakwo kwewuunyisa. Ebiwandiiko byonna ebya Bayibuli ebyasooka byawandiikibwanga na ngalo - ng'ebyuma ebikuba ebitabo tebinavumbulwa. Abawandiisi baawandiikanga n'emikono nga bajja mu biwandiiko ebyasooka ebitabo era ne babisaasanyanga. Ebitabo eby'ekika kino oba ebitundu ku byo bingi bikyaliwo.

Ebiwandiiko bino eby'engalo z'abantu nga bya Ndagaano Enkadde nga biri mu lulimi olwebbulaniya eby'edda ennyo okuva nga mu myaka egye - 150 okutuusa 200 nga ne Kristo tanaaba kuzaalibwa byazuulibwa okumpi n'ennyanja enfu (Dead Sea), mu mwaka 1947. Ekyewuunyisa kye kino nti ebitabo ebyo eby'akamala emyaka enkumi ebbiri, birimu obubaka bwe bumu ddala obw'amazima ng'ago getusanga mu bitabo ebye Ndagaano Enkadde ebya Bayibuli ezikubibwa kaakati mu byuma. Buno bukakafu bwa maanyi nyo obulaga engeri ekigambo kya Katonda gye kyesigika.



Ekitundu ekisinga obunene ekye Endagaano Empya Abatume baasooka okukiwandiika ng'ebbaluwa zeebaaweerezanga eri amakanisa ge baateekawo oluvanyuma olw'okufa era n'okuzuukira kwa Kristo. Ebiwandiiko ebissukka mu 4,500, nga biwandiikiddwa ne ngalo z'abantu eby'Endagaano Empya bisangibwa mu nnyumba ennene omukuumirwa ebintu

eby'edda ne mu materekero amanene ag'ebitabo mu Bulaaya ne mu America. Ebimu ku byo bya dda nnyo nga mu kyasa eky'okubiri. Bw'ogerageranya ebiwandiiko bino eby'emikono ne Bayibuli ze tulina kaakati, tukisanga nti Endagaano Empya era nayo kyekimu yasigala nga tekyusibwamu okuva nga bweyawandiikibwa olubereberye.

Mu kiseera kya kaakati Bayibuli oba ebitundu byayo bikyusiddwa mu nnimi ezissukka mu 2,060. Ky'ekitabo ekisinga okutundibwa mu nsi yonna. Obukadde bwa Bayibuli ezissuka mu 150 zitundibwa buli mwaka.




(2) Obutuufu bw'ebyafaayo bya Bayibuli nabwo bwewuunyisa. Ebivumbuddwa bingi eby'abasajja n'abakazi abayivu abanoonyereza ebisigala by'abantu abaaliwo ab'edda ebisimibwa mu ttaka, nabyo bitulaze ne bikakasa obutuufu bwa Bayibuli. Ab'ebyafaayo bavumbudde ebiwandiiko eby'edda ebyawandiikibwa ku bbumba, ne ku mayinja ne byongera abantu okutegeera ku amannya, ebifo era n'ebyafaayo ebimanyiddwa okuva mu Bayibuli yokka.

Eky'okulabirako: Okusinziira ku Lubereberye 11:31, Ibulayimu n'abo mu maka ge "Baava mu Uli y'ensi eya Bakaludaaya okuyingira mu nsi Kanani." Olw'okubanga Bayibuli yokka y'eyogera ku Uli, abasomi abamu kwe kugamba nti tewabeerangawo kibuga kiyitibwa Uli. Lumu abanoonyereza ebisigala ebyedda baasimula omunaala ogwa yeekalu mu maserengeta ga Iraq ne bazuulamu ekikopo nga mu ntobo yakyo ewandiikiddwako erinya Uli, mu mpandiika eyedda ey'Abamisiri. Ebyaddirira okuzuulibwa, byalaga nti Uli kyali ekibuga ekyali kikulakulana ky'obuyigirize obw'ekika ekya waggulu. Erinnya ly'ekibuga lyali lyerabiddwa, mu Bayibuli mwokka mwe lyali lisigadde nga likuumibwa - okutuusa abasimi by'eby'omu ttaka bwe basima ne bazuula obukakafu bwakyo. Era Uli kyekimu ku by'okulabirako ebingi eby'abasima eby'omu ttaka ebikakasa obutuufu bwa Bayibuli.

(3) Okutuukirira kw'obunnabbi bwa Bayibuli nakyo kiraga nti oyinza okwesiga Bayibuli. Ebyawandiikibwa bijudde obunnabbi obwenjawulo obw'omu kiseera eky'omu maaso mu kiseera kino obutuukirira mu maaso gaffe. Tujja kwetegereza obumu ku bunnabbi buno mu by'okuyiga byaffe eby'omu maaso.

**5. ENGERI EY'OKUTEGEERA BAYIBULI**

Ng'osoma ekigambo kya Katonda kuuma amateeka gano mu birowoozo byo:



(1) Yiga Bayibuli yo n'omutima omusabi. Singa nga osemberera ebyawandiikibwa Ebitukuvu n'omutima era n'ebirowoozo ebigguddwawo n'okusaba, ebyawandiikibwa bifuuka enkolagana ey'obuntu ne Yesu (Yokaana 16:13-14).

(2) Bayibuli gisome buli lunaku. Okusoma Bayibuli buli lunaku ky'ekisumuluzo eri amaanyi mu bulamu bwaffe, - okusisinkana n'ebirowoozo bya Katonda (Balumi 1:16).

(3) Ng'ogisoma, leka Bayibuli yeeyogerere yokka. Buuza ekibuzo kino nti, kiki omuwandiisi wa Bayibuli kye yali agenderera okwogera? Nga tutegedde amakulu g'ekyawandiikibwa tusobola mu ngeri ey'amagezi okukiteeka mu nkola ey'obulamu bwaffe mu kisera kino.

(4) Bayibuli giyige ng'ogobeerera buli kya kuyiga. Gerageranya ekyawandiikibwa n'ekyawandiikibwa ekirala. Yesu eno y'engeri gye yakozesa okukakasa abantu nti ye yali Kristo.

# ZUULA

**"N'asookera ku Musa ne ku bannabbi bonna n'abategeeza mu byawandiikibwa ebyo byonna ebyamuwandiikirwa ye." - Luka 24:27.**

Nga tutadde awamu ebyawandiikibwa byonna eby'ogera ku ky'okuyiga ekimu tufuna okutegeera okwenkanankana.

(5) Yiga Bayibuli olw'okufuna amaanyi okubeera n'obulamu olwa Kristo. Mu Bebbulaniya 4:12 Ekigambo kya Katonda kinnyonnyolwa ng'ekitala eky'obwogi obubiri. Kisinga ebigambo ebiwandiike ku lupapula, kya kulwanyisa ekiramu mu mikono gyaffe okulwana n'ebikemo eby'ekibi.

(6) Wuliriza Katonda ng'ayogera naawe okuyita mu kigambo kye. Senga omuntu wa kutegeera amazima ga Bayibuli ku ky'okuyiga ekimu, ateekwa okubeera nga mweteefuteefu okugobeerera ky'eyigiriza, so si kugobeerera abantu kye balowooza yadde ekkanisa ky'egamba.

**6. BAYIBULI EYINZA OKUKYUSA OBULAMU BWO**

**"Ekigambo kyo nga bigguliddwawo bireeta omusana' Biwa okutegeera abatalina magezi." - Zabbuli 119:130.**

Okuyiga Bayibuli kujja kuwa amaanyi "okutegeera kwo" era amaanyi okuwangula empisa embi, era okusobozesa okukula, mu by'omubiri, mu by'amagezi n'empisa era ne mu by'Omwoyo.

Bayibuli eyogera na mutima. Ekolagana n'ebyo ebibeera ku bulamu bw'omuntu - okuzaala, okwagala, obufumbo, obuzadde era n'okufa. Ewonya ekiwundu, ebigendera ddala ewala mu buzaaliranwa bw'omuntu era n'ennaku n'ekibi ebiva mu bwo.



Ekigambo kya Katonda si kitabo eky'ekika ky'abantu ekimu, oba emirembe egimu, oba eggwanga erimu oba obuzaaliranwa obumu. Newankubadde nga yawandiikibwa bavanjuba, era nate ogisanga n'abaami n'abakyala ab'ebuggwanjuba. Mu maka g'abantu aba bulijjo ogisangamu era ne mu mbiri ez'abagagga eyingirayo. Abaana bagaala engero zaayo ezisanyusa. Abazira baayo bawa amaanyi abantu abavubuka. Abalwadde, abanaku, era n'abakadde bagisangamu essanyu n'essuubi olw'obulamu obusingako obulungi.

Kubanga Katonda akolera mu Bayibuli erina amaanyi mangi. Emeenyamenya n'emitima emikakanyavu emikambwe, n'egigonza n'egijjuza okwagala. Bayibuli twali tugirabye ng'ekyusa ababbi era n'abanywi b'enjaga n'ebafuula ababuulizi b'enjiri. Tugirabye ng'ekyusa omulimba ate omubbi n'emufuula omusomesa omwesimbu ate omwesigwa. Era tulabye ekitabo kino nga kijja abantu ku mugo gw'entaana olw'okwetuga era ne kibawa entandikwa empya erimu essuubi. Bayibuli ereeta okwagala wakati w'abantu ababadde abalabe. Ab'amalala ebakkakkanya n'ebafuula abawombefu era n'abeerowoozako bokka ebafuula ba kisa. Bayibuli etuzzamu amaanyi bwe tuba tubadde banafu, etusanyusa mu nnaku, etukulembera mu bye tutamanyi, era etuweweeza nga tukooye.
Etulaga engeri gye tusobola okubeera mu bulamu bunno nga tuli bazira, era n'engeri gye tusobola okufa nga teturina kutya.

Ekitabo kya Katonda, Bayibuli eyinza okukyusa obulamu bwo! Kino ojja kukiraba bw'onoogenda nga weeyongerayongera okuyiga omusomo guno ogwe DDOBOOZI LY'OBUNNABBI - "ZUULA."

Lwaki Bayibuli yatuwandiikirwa? Kino Yesu akiddamu bwati:

# ZUULA

**"Naye bino (amazima ga Bayibuli) biwandiikiddwa, mulyoke mukkirze nti Yesu ye Kristo, omwana wa Katonda; era olw'okukkiriza okwo, mulyoke mufune obulamu mu ye." - Yokana 20:31.**

Ensonga esingira ddala obukulu lwaki tuteekwa okumanya ebyawandiikibwa ebitukuvu eri nti ekifaananyi kyayo ekijjuvu Bayibuli ebikkula Yesu Kristo era n'etuwa obukakafu obw'obulamu obutaggwaawo. Bwe tutunuulira ku Yesu Kristo okuyita mu Bayibuli, tukyusibwa era ne tugenda nga tumufaanana. N'olw'ekyo lwaki kaakati totandikirawo okuzuula amaanyi g'ekigambo kya Katonda ekyo ekisobola okukufuula nga Yesu?

# ZUULA

## OBULAMU BWANGE MAZIMA DDALA BULINA AMAKULU ERI KATONDA?



Ennaku ezimu ensi efaananako olusuku lwa Katonda. Bw'ogolokoka ku makya ne weegolola mu ddirisa, n'otunuulira ebweru ng'akasana nga kamasamasa ku malagala g'emiti. Ebiseera ebimu obulamu bulabika nga bwa muwendo, bw'otunuulira amaaso g'ow'omukwano omwagala ng'akusiibula, bw'owuliriza akayimba akasingira ddala obulungi k'owulira nga kakutuuse mu Mwoyo, bw'olaba okwagala kw'omwana omuto kw'obadde tosuubira.

Naye ate ennaku endala, ensi n'efuuka ekifo eky'entiisa. Bw'ogolokoka n'osoma omutwe gw'amawulire nga gyogera ku mutemu eyasudde bbomu n'eyonoona ebintu oba n'etta oba n'egyamu omwana amaaso. Ate era n'osoma ku mutemu omulala eyasse abantu ekkumi, amawulire amalala ga njala, amalala ga ntalo zzisabyalo, n'amalala ga musisi. Waliwo ebiseera obutaliimu bwe buyitirira, nga buli kintu tekifaanana bulungi.

Bino byonna bitegeeza ki? Tusobola okutegeera ebikuuno, n'ebikolobero eby'ensi yaffe ey'ekyamagero? Lwaki tuli wano? Obulamu bwange ddala bulina amakulu eri Katonda oba ndi akantu akatono ennyo mu bwaguuga bw'ensi?

### 1. KATONDA YATONDA ENSI ETUUKIRIDDE



Katonda ye mutonzi, omukubi wa pulani, omusiizi w'ebifaananyi ebya buli kintu, okuva ku mmunyeenye okutuuka ku biwawatiro by'ebiwojjolo. Agamba bwati:

**"Katonda yalagira, eggulu ne litondebwa, ebiririmu byonna byakolebwa na kigambo kye... kubanga yayogera ensi n'ebaawo, yalagira n'enywera." - Zabbuli 33:6-9.**

Katonda yalina kwogera bwogezi olwo ebintu byonna byagondera kye yali ayagala.

### 2. ENNAKU OMUKAAGA MWE YATONDERA ENSI YAFFE

**"Kubanga mu nnaku omukaaga Mukama mwe yakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu, n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu; Mukama kyeyava aluwa Omukisa olunaku olwa Ssabbiiti, n'alutukuza." - Kuva 20:11.**

Katonda ow'emirembe n'emirembe, omutonzi ow'obuyinza bwonna, yandisobodde okutonda ensi mu ddakika buddakika "ng'akozesa omukka ogw'omukamwa ke." Naye katonda yalondawo ennaku mukaaga

- eddakiika omukaaga oba esekendisi mukaaga byandibadde abimala. Essuula esooka mu Bayibuli mu kitabo kya Luberyeberye 1, ennyonnyola ebyo katonda bye yatondanga buli lunaku mu wiiki ey'obutonzi.

Kitonde ki ekisinga obukulu eky'entikko ey'obutonzi, katonda kye yatonda ku lunaku olw'omukaaga?

**"KATONDA N'ATONDA OMUNTU MU NGERI YE, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera: OMUSAJJA N'OMUKAZI BWE YABATONDA." - Luberyeberye 1:27.**

---

## WIIKI EY'OBUTONZI

**OLUNAKU OLUSOOKA:** Obutangavu. Enkola ey'ekiro n'emisana
**OLUNAKU OLW'OKUBIRI:** Ebbanga ery'ensi
**OLUNAKU OLW'OKUSATU:** Olukalu n'ebimera
**OLUNAKU OLW'OKUNA:** Enjuba n'omwezi byalabika
**OLUNAKU OLW'OKUTAANO:** Eby'ennyanja era n'ennyonyi
**OLUNAKU OLW'OMUKAAGA:** Ensolo ez'oku nsi n'omuntu
**OLUNAKU OLW'OMUSANVU:** Ssabbiiti

---



Katonda yasalawo okutonda omuntu amufaanana, nga ye kennyini asobola okulowooza, okulumwa, n'okwagala. Buli yatondebwa muntu mu "kifaananyi" kya Katonda.

Ennaku omukaaga bwe zaggwaako ensi yali ejjudde ebimera era n'ebisolo olwo ne Katonda n'ayanjula ekitundu ekisinga obukulu eky'obutonzi bwe. Okusinziira ku Luberyeberye 2:7. Katonda ayinza byonna yatonda omubiri gwa Adamu ng'agujja mu nfuufu ey'o ku nsi. Bwe kityo Katonda bwe yafuuwa mu nnyindo ze "omukka ogw'obulamu" omuntu n'afuuka "omukka omulamu" - kitegeeza n'aba n'obulamu. Katonda n'atuuma omuntu eyasooka gwe yatonda mu kifaananyi kye Adamu. Ekigambo ekitegeeza nti "omusajja" era n'omukazi eyasooka n'amutuuma Kaawa ekitegeeza "obulamu" (Lub 2:20,3:20). Katonda ow'okwagala yalaba obwetaavu bw'omuntu obw'okubeera n'ow'omukwano.

Nga balamu tebaliiko kamogo okuva mu mukono gwa Katonda, Adamu ne Kaawa bombi baali balaga ekifaananyi kya Katonda. Katonda yandisobodde okukola ebitonde ebiringa Roboti nga bitambula nga bimativu mu lusuku lwa Katonda Adeni era nga buli kiseera byogerera waggulu nga bimutendereza. Naye Katonda yayagala ekisingako awo - enkolagana ey'amazima. Roboti eyinza okuseka, okwogera, ne wankubadde okwoza essowani, naye tezirina kwagala, era tezisobola kwagala.



Katonda yatutonda mu kifaananyi kye nga tulina obuyinza okulowooza, era n'okweronderawo eky'okukola, okujukira, okutegeera era n'okwagala. Adamu ne Kaawa baali baana ba Katonda era mu ngeri gye tutasobola kukinnyonyola baali ba muwendo gy'ali.

**3. EKIBI KIJJA MU NSI ETUUKIRIDDE**

Adamu ne Kaawa baalina buli kintu kyonna ekisobola okubasanyusa. Baasanyukiranga obulungi obutuukiridde obw'omubiri, obulamu obwebirowozoobutaliimu ndwadde obw'Omwoyo, nga bali mu lusuku olw'amaka gaabwe mu nsi eteriiko kabi (Luberyeberye 2:8;

1:28-31). Katonda yabasuubiza abaana era n'obuyinza okulowooza, okutetenkanya, balyoke bafune essanyu n'okumatizibwa mu mirimu egy'emikono gyabwe (Lub 1:28; 2:15). Baali nga balabagana amaaso n'amaaso n'omutonzi waabwe. Tewaaliwo kweralikirira kwonna, okutya, yadde obulwadde okwonoona ennaku zaabwe ezaali zijjudde essanyu.

Ensi yafuuka etya ekifo eky'okubonnabona n'emitawaana? Essuula ey'okubiri n'ey'okusatu ey'ekitabo kya Luberyeberye zitutegeeza engeri yonna ekibi gye kyayingira mu nsi yaffe. Nsaba essuula zino ozisome mu kiseera kyo eky'eddembe. Mu bufunze bino by'ebirimu.

Katonda ng'amaze okutonda ensi etuukiridde omulabe yagya mu lusuku Adeni okukema Adamu ne Kaawa okujeemera omutonzi waabwe. Katonda omulimu gwa Setani ogw'okusikiriza yaguteeka ku muti gumu mu lusuku, "omuti ogw'okumanyanga obulungi n'obubi." Era yalabula abantu ababiri abasooka okwewala omuti ogwo, era n'obutalyanga ku bibala byagwo, bwe kitaba bwe kityo baali ba kufa.



Naye olunaku lumu Kaawa yatambula n'atuuka okumpi n'omuti ogwali gwabagaanibwa. Omulabe mangu ago yatandikirawo okukola omulimu gwe. Yamugamba nti Katonda yamulimba nti singa alirya ku bibala by'omuti alifa. Naye yali wa kufuuka mugezi nga Katonda yennyini bwali. Eky'ennaku, Kaawa, ate oluvannyuma ne Adamu, abaali bamanyi obulungi bwokka, bakkiriza omulabe Setaani okubasomesa, era ne bakkiriza okulya ku muti ogwabagaanibwa - bwe batyo ne bamenya endagaano yaabwe ey'obwesige n'obuwulize eri Katonda.

Katonda yali ateeseteese Adamu ne Kaawa "okufuga" ensi eno ng'abawanika b'emirimu gya Katonda gye yatonda (Lub 1:26). Naye kubanga baamenyawo obwesigwa bwabwe eri Katonda, ne balonda Setaani okuba omukulembeze waabwe omuggya, abantu abo baafiirwa obuyinza bwabwe. Mu kiseera kino Setaani akaayanira ensi eno ng'eyiye era agezaako okukola kyonna ky'asobola okufuula abantu abagiriko nga baddu be.

Waliwo ebiseera bingi lwe twesanga nga ebintu tubikola n'omutima gw'okwerowoozako n'oluusi mu bukambwe naye nga mu mazima ddala si bwe twandyagadde okubikola. Lwaki? Kubanga omulabe oyo Setaani atalabika akola okulemesa abantu mu mpisa zaabwe.

Bw'osoma essuula eya Luberyeberye 3, ojja kukizuula nti ekibi ky'aleetera Adamu ne Kaawa okutya n'okwekweka okuva mu maaso ga Katonda, Ekibi kyayingira mu bitonde byonna. Kyova olaba nga ku bimuli ebirungi kuliko amaggwa. Ettaka awatali mazzi lyonooneka era n'okukola kufuuka omugugu. Endwadde zatandika okutuluma ffena. Obuggya, obulabe, n'omulugube bya yongera ku nnaku y'omuntu. N'ekisingira ddala byonna, awamu ne kibi okufa kwajja.

**4. SITAANI OYO AYONOONA ENSI YAFFE N'EKIBI Y'ANI?**

Agamba bw'ati: **"OKUVA KU LUBERYEBERYE YE MUSSI… Kubanga amazima tegaali mu ye. Bw'ayogera obulimba ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba ERA KITAAWE W'OBULIMBA." - Yokana 8:44.**

Okusinziira ku njigiriza ye Yesu, Sitaani ye mutandisi w'ekibi, mu nsi yonna era omussi era omulimba

Tomasi Carlyle, omusajja kalimagezi omungereza omulundi ogumu yatwala Ralph Waldo Emerson mu zimu ku nguudo ezisinga obubi mu London. Bwe baali nga batambula, nga basirise nga bagenda beetegereza obubi obuli mu kibuga; oluvannyuma Carlyle n'abuuza munne nti: "Kaakano okkiririza mu Sitaani?"

# ZUULA

### 5. KATONDA YATONDA SITAANI?

Nedda! Katonda omulungi teyanditonze Sitaani. Era ne Bayibuli egamba nti Sitaani awamu ne bamalayika be yalimba, baafiirwa ekifo kyabwe mu ggulu ne bajja ku nsi yafe eno.

**"Ne waba OLUTALO MU GGULU. Mikaeri ne bamalayika be nga batabaala okulwana n'ogusota; OGUSOTA NE GULWANA NE BAMALAYIKA baagwo; ne batayinza, SO NE WATALABIKA KIFO KYABWE NATE MU GGULU. N'ogusota ogunene ne gusuulibwa, omusota ogw'edda. Oguyitibwa omulyolyomi era Setaani, omulimba w'ensi zonna; ne gusuulibwa ku nsi, ne bamalayika baagwo ne basuulibwa nagwo." - Kubikkulirwa 12:7-9.**



Setaani yatuuka atya mu ggulu mu kifo ekisooka?

Agamba bwati: **"Wali KERUBI eyafuukibwako amafuta Abikkako: era nze nnakusimba n'okubeera n'obeera ku lusozi lwa Katonda olutukuvu' wali NG'OTUUKIRIDDE MU MAKUBO GO KU LUNAKU KWE WATONDERWA okutuusa OBUTALI BUTUUKIRIVU LWE BWALABIKA MU GGWE." - Ezeekyeri 28:14,15.**

Katonda teyatonda Sitaani, yatonda Lusifa malayika, omu ku bamalayika abakulembera, eyayimiriranga okumpi n'entebe ya Katonda. Naye bwe yaayonoona obutali butukirivu bwasangibwa "mu ye." Yagobebwa mu ggulu, era yeefula nga mukwano gwa Adamu ne Kaawa, naye oluvannyuma ye mulabe w'omuntu asingira ddala obubi.

### 6. LUSIFA MALAYIKA ONO OMUTUUKIRIVU LWAKI YAYONOONA?

Agamba bwati: **"NG'OGUDDE OKUVA MU GGULU ggwe emmunyeenye ey'enkya, omwana w'enkya! NG'OTEMEDDWA OKUTUUKA KU TTAKA… oyogera mu mutima gwo nti ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyeenye za Katonda… NDIFAANANA OYO ALI WAGGULU ENNYO." - Isaaya 14:12-14.**



Ekitonde ekyafuuka Sitaani oluberyeberye yali ayitibwa Lusifa ekitegeeza "emmunyeenye ey'enkya" ba "omuntu amasamasa." Mu mutima gwa malayika ono, okwerowoozako n'okwegomba byatandika okutwala ekifo ky'okwagala. Ensigo ey'amalala yamera mu ye n'etwala ekifo kya Katonda.

Lusifa ateekwa okuba nga yakola nnyo okusendasenda ebitonde ebirala eby'omu ggulu. Kyangu okuteebereza Setaani awa ensonga ze nti Katonda yali alina ebintu by'akweka era nti n'amateeka ga Katonda gaali makakali nnyo, era nti Katonda yali mufuzi atabafaako. Yavuma Katonda oyo alina empisa ezinnyonyola okwagala kye kitegeeza.

Olutalo luno mu ggulu lwaggwaawo lutya?

**"Omutima gwo gwagulumizibwa olw'obulungi bwo… kusudde wansi." - Ezeekyeri 28:17.**

Amalala gaafuula malayika era omukulu wa bamalayika okuba omulabe oba Setaani. Olw'okukuuma enkola entuufu n'emirembe n'obweggaffu mu ggulu, ye ne

bamalayika ekimu eky'okusatu ab'omu ggulu, be yajeemesa, baali balina okugobwa mu ggulu (Kubikkulirwa 12:4,7-9).

**7. ANI AVUNAANYIZIBWA OLW'EKIBI?**

Lwaki Katonda teyatonda ekitonde ekitasobola kwonoona? Singa bw'atyo bwe yakola mu kiseera kino tewandibaddewo mutawaana ogw'obubi mu nsi yaffe. Naye Katonda yayagala abantu abaali basobola okubeera n'enkolagana erimu amakulu. "Bw'atyo Katonda n'atonda omuntu mu kifaananyi kye" (Luberyeberye 1:27). Kino kitegeeza nti tuli ba ddembe era tuvunanyizibwa. Tukyasobola okusalawo okwagala Katonda oba okumukuba amabega.

Katonda, bamalayika awamu n'abantu ab'emirembe gyonna yabawa obuzaaliranwa obw'Omwoyo era n'obuyinza okweronderawo ekituufu.

Agamba bwati, **"Mulonde leero gwe munaawerezanga." - Yoswa 24:15.**

Katonda ayita abantu beyatonda mu kifaananyi kye okulondawo okukola ekituufu kubanga ebirowoozo byabwe bibategeeza nti: "amakubo ga Katonda ge gasinga obulungi." Era n'okukyuka okuva mu bukyamu kubanga ebirowoozo byabwe bibalumiriza nga bibarabula olw'ebyo ebiva mu bujeemu n'ekibi.



Ebitonde byokka ebirina amagezi ag'okulowooza era n'okulondawo eky'okukola bye byokka ebisobola okubeera n'okwagala okutuufu. Katonda yayagala okutonda omuntu oyo asobola okutegeera era n'okusanyukira empisa ze, ng'ali mu ddembe nga tewali mulala amuwaliriza, omuntu oyo n'ayagala Katonda, ate n'aba n'okwagala ne bantu banne. Katonda yayagala nyo okugabana okwagala kwe ekyenkaniddewo era n'atwala n'omutawaana omunene okutonda bamalayika n'abantu abalina obuyinza mu okwesalirawo eky'okukola. Yakimanya nti kyali kisoboka olunaku olumu mu ggulu ekitonde kye okulondawo okugaana okumuwereza. Ne Setaani kye kitonde ekyasooka mu ggulu ne ku nsi okukola okulondawo kuno okw'ekitalo. Omutawaana ogw'ekibi Setaani ye yagutandika (Yokana 8:44, 1 Yokana 3:8).

**8. OMUSALABA GWE GUSOBOLA OKUZIKIRIZA EKIBI**

Lwaki Katonda teyazikiriza Lusifa ng'endwadde ye ey'ekibi tenasobola kusaasana? Lusifa yali amaze okusomoza obwenkanya bwa gavumenti ya Katonda. Yali amaze okulimba (abantu) ku bikwata ku Katonda. Singa amangu ago Katonda yazikiriza Lusifa bamalayika banditandise okumuweereza lwa kumutya so si lwa kumwagala. Kino nno kyandibadde nga kijeewo ekigendererwa kya Katonda olubereberye ekyamutondesa ebitonde ebirina obuyinza okweronderawo eky'okukola.

Omuntu mu mazima ayinza atya okumanya nti ekkubo lya Katonda lye lyali lisingira ddala obulungi? Katonda yawa Lusifa ekiseera okuteeka mu lwatu enkola ye eyo ewakanya eya Katonda. Eno y'ensonga lwaki yafuna omukisa okukema Adamu ne Kaawa.

Ensi eno yafuuka ekifo awagezesebwa empisa za Setaani n'ez'obwakabaka bwe nga buwakanagana ne mpisa za Katonda n'ez'obwakabaka bwe. Ani mutuufu? Ani gwe tusobola okwesigira ddala. Obulimba bwa Lusifa bwagenda wala ekyenkaniddewo, kubanga kitutte ekiseera kiwanvu ebitonde ebiri mu ggulu ne ku nsi okumatira obubi obwenkola ye bwe buli. Naye ekirivamu ku nkomerero buli muntu agenda kukiraba nti: "empeera y'ekibi kwe kufa" era nti "ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwawo mu Kristo Yesu Mukama Waffe" (Balumi 6:23).

# ZUULA

Olwo ebitonde byonna eby'eggulu n'ensi bigenda kukkiriza nti:

**"Bikulu era bya kitalo ebikolwa byo, Mukama Katonda, omuyinza w'ebintu byonna; ga butuukirivu era ga mazima amakubo go, ggwe kabaka ow'emirembe n'emirembe… kubanga amawanga gonna galijja era galisinziza mu maaso go; kubanga ebikolwa byo eby'obutuukirivu birabise." - Kubikkulirwa 15:3,4.**



Nga buli mumtu amaze okutegeera obubi obw'ekibi era n'okuzikiriza okw'amagezi ga Setaani, olwo Katonda lw'alisobola okuzikiriza Setaani n'ekibi. Era agenda kuzikiriza n'abo abagaana ekisa kye n'ebalondawo okwesiba ku Setaani.

Katonda mutuukirivu, mu kiseera kye kimu ayagala nnyo okumalawo omutawaana ogw'ekibi n'okubonnabona senga nga tumukkiriza okukikola. Naye akyalinda okutuusa lw'anaakikola ku nkola ey'emirembe n'emirembe, era okutuusa lw'anaasobola okukuuma eddembe lyaffe ery'okwesalirawo era aziyize ekibi obutaddayo kulabika omulundi omulala.

Katonda yasuubiza okuzikiriza ekibi emirembe n'emirembe ng'alongoosa eggulu n'ensi n'omuliro. Naye nga bwe yasuubiza "tusubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula" (2 Petero 3:10,13). Ekibi tekigenda kuddayo mulundi mulala okubonyaabonya ensi. Ebibi ebyava mu kibi bigenda kuba nga bitegeerekeka bulungi olwo okujeemera Katonda kigenda kulabika ng'ekyennyinyalwa emirembe gyonna.

Ani alisobozesa okuzikirira okw'enkomerero okwa Setaani n'ekibi okubeerawo?

Agamba bwati: **"Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini (KRISTO) bw'atyo yagatta ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setaani; era alyoke abawe eddembe abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna olw'entiisa y'okufa." - Bebulaniya 2:14,15.**

Ku musaalaba bamalayika n'ensi endala ezitayoonoonangako zalaba Setaani ne zitegeera ki kyali - omulimba, omussi. Eyo empisa ze entuufu gye zabikkulirwa bwe yawaliriza abantu okutta omwana wa Katonda ataliina musango. Ebitonde byonna eby'omu ggulu lyonna ne ku nsi byalaba obusiru n'obukambwe bw'ekibi bwe buli. Mu bujjuvu, omusaalaba gwabikkula ebigendererwa bya setaani era Katonda bw'alizikiriza Setaani awamu n'abo abagugubidde mu kibi bonna bagenda kukakasa nti Katonda Mutuukirivu.



Okufa kwa Yesu Kristo ku musaalaba kwayanika mu lwatu eri ebitonde byonna ekigendererwa kya Setaani ekituufu - (Yokana 12:31,32). Ate era omusaalaba gwabikkula Kristo nga bwali - omulokozi w'ensi. E Ggologosa, amaanyi ag'okwagala gavaayo bulambalamba nga goolekedde okwegomba obuyinza. Omusaalaba awatali kubuusabuusa gwakakasa nti okwagala okw'okwewaayo Katonda mw'asinzira mu byonna by'akola okukolagana ne Setaani ne kibi awamu n'abantu abonoonyi abasajja n'abakazi.

Ku musaalaba Kristo yakiraga mu lulimi olutegeerekeka okwagala kwa Katonda okutasosola okwawangulira ddala Setani. Olutalo lwali nti ku Kristo ne ku setaani ani ateekwa okufuga ensi eno. Kino omusaalaba gwa kikakasa emirembe gyonna. Ateekwa kubeera Kristo.

# ZUULA

Wali ozuude enkolagana n'omulokozi eyafa okulaga okwagala kwe okutasingika era okutakyuka? Muli okiwulira otya ku muntu eyaggya ku nsi yaffe ng'omuntu era n'afa mu kifo kyo alyoke akulokole okuva mu ebyo ebyava mu kibi? Nsaba mu kiseera kino okoteke ku mutwe gwo weebaze Yesu era omusabe ajje mu gwe, mu bulamu bwo akwetwalire.

# ZUULA

## ENTEEKATEEKA OLW'OBULAMU BWO

Ng'omusumba amaze okwogera ku ky'okuyiga ekigamba nti "Ensonga lwaki nzikiriza mu Yesu Kristo" Omusajja omuvubuka eyali ayambadde obulungi yamukyalira ng'ali mu kuyiga kwe era n'ayogera bwati: "Eky'okuyiga kyo olwa leero kibadde kisanyusa nnyo, naye buli kintu kyonna ky'oyogedde ku Kristo wakigye mu Bayibuli yo. Ntegeeza, obanga Yesu Kristo yali abaddeko ku nsi kuno, lwaki ebyafaayo tebimwogerako?"

Omusumba nga bw'anoonya mu bitabo bye ebingi yamuddamu bwati: "Ekyo kibuuzo kirungi. Naye amazima gali nti ebyafaayo byogera ku Yesu Kristo."

Omuvubuka yaddamu nti: "Ekyo nze kennyini kye nnayagadde okulaba."

Omusumba yamugamba nti: "Wano waliwo ebbaluwa eye 97 ey'ekitabo ekye 10 eky'ebbaluwa za Pliny omuto, omufuzi Omurooma mu Bithynia ekitundu ekya Asiya entono ey'edda. Pliny yawandiikira Trajan omufuzi w'obwakabaka bwa Abarooma ng'amutegeeza ku bintu ebyaliwo mu kitundu kye. Wano yali yeebuuza amagezi engeri gye yali agenda okukwatamu enzikiriza empya ey'abakristayo. Yamutegeeza ku kukulakulana kwabwe okw'amaanyi era ne ku nnyimba zaabwe ze bayimba ezakung'anyizibwa omukulembeze waabwe Kristo. Pliny ebbaluwa ye eno yagiweereza mu mwaka nga 110 AD. Ebbaluwa ya Pliny ewa obukakafu obw'ebyafaayo by'omusajja ayitibwa Kristo era ne ku kusaasana kw'enzikiriza ye mu kiseera eky'Abatume be."

Nga bwe yeewuunya omuvubuka yaddamu n'agamba nti: "yongera okuntegeezayo ebirala."




Omusumba ng'eno bw'abikkula ekitabo ekirala yamwongerako na kino nti: "Omusajja omulala ow'ebyafaayo eyaliwo mu kiseera ekya Pliny yali Tacitus. Mu kitabo kye omuwandiikibwa ebyo ebiba bibaddewo okuyita mu mwaka (eky'e 15 Essuula eya 44), atutegeeza obukyayi bwa Nero era n'obw'okuyigganyizibwa kwa Abakristayo mu kiseera ekibuga Ruumi we kyayokerwa omuliro. Tacitus annyonnyola erinnya 'Abakristayo' nga bwe lyava mu linnya 'Kristo.' Agamba nti Yesu Kristo, omutandisi w'eddiini y'Abakristayo yattibwa omufuzi Pontiyo Piraato, eyali omufuzi mu Bayudaaya, mu kiseera eky'okufuga kwa kabaka Tiberio omuruumi. Ebigambo byonna, n'amannya Tacitus by'atuwa by'ebyo byennyini ne Bayibuli by'etuwa."

Omugenyi yaddamu nga yeewuunya nti, "omusumba nali simanyi nti ebintu ng'ebyo mu byafaayo by'ensi nabyo mwebiri."

Omusumba n'amwongerako na kino nti: 'Njagala weetegereze nti mu mwaka nga ogwa 180 AD Celsus yawandika ekitabo ng'alumba abakristayo, alaga nti mu kiseera ekyo abakristayo baali bafuuse ba maanyi nnyo omuntu yenna okulwana nabo.

Omusumba yagenda mu maaso n'amugamba nti: "Singa g'okyabuusabuusa, jjukira nti enjiri enya nabyo byafaayo ebifaanana ng'ebitabo bino ebya bulijjo."

Omuvubuka ono bwe yakikakasa nti ebyafaayo by'ombi; ebitukuvu n'ebyo ebya bulijjo bikkiriziganya nti Yesu yabeerako ku nsi ng'omuntu, n'avaawo n'agenda ng'amatidde nti ddala Yesu Kristo mu byafaayo mw'ali.

### 1. KRISTO YALIWO OKUVA EMIREMBE GYONNA

# ZUULA

Yesu teyali muntu mulungi kyokka, naye ye Katonda. Yesu kennyini kiki kye yayogera ku ebyo ebikwata ku bwa Katonda bwe?

**"Singa muntegedde, ne Kitange mwandimumanye: okusooka kaakano mu mutegera era mumulabye… Alabye ku nze ng'alabye ku Kitange." - Yok 14:7-9.**



Singa oyagala okutegeera eky'okuddamu ku kibuuzo ekigamba nti: 'Katonda y'ani?' Era afaanana atya? Tunula bulungi ku Yesu ayogera nti:

**"Nze ne Kitange tuli omu." - Yok 10:30.**

Katonda Kitaffe ne Yesu omwana baaliwo okuva emirembe gyonna (Bebbulaniya 1:8). Tewabeerangawo kiseera Yesu lw'ataali wamu ne Katonda kitaawe. Kitaffe alina okwagala kwe kumu era n'okufaayo kwe kumu eri buli muntu, ng'okwo okwalagibwa Kristo mu kiseera kye kyeyamala ng'ali ku nsi.

### 2. KRISTO, OMUTIMA GW'EBYAFAAYO ERA N'OBUNNABBI

Okuva ng'obulamu bwa Kristo bwe butuukiriza obunnabbi, ebikwata ku bulamu bwe byali byawandiikibwa dda nga tannaba kuzaalibwa. Obunnabbi obw'Endagaano Enkadde bulaga bulungi obulamu bwa Kristo, okufa kwe, n'okuzuukira kwe nga tebinnabaawo. Endagaano Empya bye byafaayo by'obulamu bwe



ebituukiriza ebyayogerwa edda. Okuviira ddala mu myaka nga bitaano okutuusiza ddala emyaka lukumi mu bitaano emabega nga Kristo tannaba kuzaalibwa, bannabbi ab'Endagaano Enkadde emirundi mingi baalagulanga ebyo byennyini ebyali ku bulamu bwa Kristo. Okuviira ddala ku ntandikwa y'omulimu gwa Kristo ku nsi, abantu bwe bagerageranyanga obulamu bwe n'ebyo ebyalangibwanga mu bunnabbi obw'Endagaano Enkadde kiki kye baakakasa?

**"Tulabye oyo Musa gwe yawandiikako mu mateeka ne bannabbi, - Yesu, omwana wa Yusufu, ow'e Nazaalesi." - Yokana 1:45.**

Omulokozi waffe naye yajuliza ku kutuukirira kw'obunnabbi okukakasa bw'ali oba ekyo kye yali.

**"Nasookera ku Musa ne ku bannabbi bonna, n'abategeeza mu byawandiikibwa ebyo byonna (Endagaano Enkadde) ebyamuwandiikirwa ye." - Luka 24:25-27**.

Okutuukirira kw'obunnabbi kuwa obujulizi obumatiza nti Yesu ye Kristo omununuzi eyasuubizibwa.

### 3. OBULAMU BWA YESU KRISTO KWALI OKUTUUKIRIRA KW'OBUNNABBI

Leka tulabe obumu ku bunnabbi buno okuva mu Ndagaano Enkadde era n'okutuukirizibwa kwabo mu Ndagaano Empya.

**EKIFO KY'OKUZAALIBWA KWE**
Obunnabbi obw'omu Ndagaano Enkadde bugamba nti:
**"Naye ggwe BESIREKEMU Efulasa; ggwe omuto okuba mu nkumi za Yuda, mu ggwe mwe muliva gye ndi aliba omufuzi mu Isiraeri; okutambulatambula kwe kwa dda na dda, emirembe nga teginnabaawo." - Mikka 5:2.**

# ZUULA

Okutuukirira kwabwo mu Ndagaano Empya:
**"Awo Yesu bwe yazaalibwa mu BESIREKEMU eky'e Buyudaya." - Matayo 2:1.**

**OKUZAALIBWA KWE N'OMUWALA EMBEERERA**
Obunnabbi oby'omu Ndagaano Enkadde bulaga nti:
**"Laba, OMUWALA ATAMANYI MUSAJJA aliba olubuto, alizaala omwana wa bulenzi, era alituumwa erinnya lye Imanueri. - Katonda ali naffe." - Isaaya 7:14.**
Okutuukirira kwakyo mu Ndagaano Empya.
**"Yusufu omwana wa Daudi, totya kutwala Maliyamu mukazi wo, KUBANGA OLUBUTO LWE LWA MWOYO MUTUKUVU. Naye alizaala omwana wa bulenzi; naawe olimutuuma erinnya lye Yesu - MUKAMA alokola. Kubanga ye y'alirokola abantu be okuva mu bibi byabwe." - Mat 1:20-23.**



**OKUZAALIBWA KWE MU LUNNYIRIRI LWA YUDA**
Obunnabbi mu Ndagaano Enkadde bugamba nti:
**"EFFUMU LYA KABAKA (ENTEBE YA KABAKA) TERIIVENGA KU YUDA… okutuusa Siiro lwallijja." - Luberyeberye 49:10.**
Okutuukirira kwabwo mu Ndagaano Empya wagamba nti:
**"Kubanga kitegeerekese nga MUKAMA WAFFE YAVA MU YUDA." - Abebbulaniiya 7:14.**

**OKUGAANIBWA KWE**
Obunnabbi mu Ndagaano Enkadde bulaga nti:
**"Yannyoomebwa N'AGAANIBWA abantu." - Isaaya 53:3.**
Okutuukirira kw'obunnabbi obwo mu Ndagaano Empya:
**"Yajja mu matwale ge, naye ABAALI MU MATWALE GE TEBAAMUSEMBEZA." - Yok 1:11.**



**OKULIIBWAMU KWE OLUKWE N'OMUWENDO GW'ENSIMBI ZE BAAMUSASULA**
Obunnabbi mu Ndagaano Enkadde bugamba nti:
**"Era ne MUNNANGE MUKWANO GWANGE NZE, gwe nneesiga, eyalyanga ku mmere yange, ansitulidde ekisinziiro kye." - Zabbuli 41:9.**
**"Ne mbagamba nti oba kirungi mu maaso ga mmwe, mumpe empeera yange; naye oba si kirungi, mulekeeyo. Awo ne bagera okuba empeera yange EBITUNDU ASATU EBY'EFFEEZA." - Zekkaliya 11:12.**
Okutuukirira kwabyo mu Ndagaano Empya:
**"Awo omu ku abo ekkumi n'ababiri, eyayitibwa Yuda Isukalyoti, n'agenda eri bakabona abakulu, n'agamba nti mukkiriza kumpa ki, nange ndimuwaayo gye muli? Ne bamugerera ebitundu bya FFEEZA AMAKUMI ASATU." - Matayo 26:14,15.**

**OKUFA KWE KU MUSALABA**
Obunnabbi obw'omu Ndagano Enkadde bulanga nti:
**"Bampummudde ENGALO ZANGE n'ebigere byange." - Zabuli 22:16.**
Okutuukirira kw'obunnabbi obwo mu Ndagaano Empya:
**"Awo bwe baatuuka mu kifo ekiyitibwa Kiwanga, ne BAMUKOMERERA AWO." - Luka 23:33.**
*(Yongera okusoma Yokana 20:25).*

**OKUZUUKIRA KWE OKUVA MU NTAANA**
Obunnnabbi obw'Endagaano Enkadde bugamba nti:
**"Kubanga TOLIREKA MMEEME YANGE MU MAGOMBE; so toliganya Omutukuvu wo okulaba okuvunda." - Zabbuli 16:10.**



Okutuukirira kw'obunnabbi obwo mu Ndagaano Empya:
**"Bwe yalaba oluberyeberye, n'ayogera ku kuzuukira kwa Kristo nga TEYALEKEBWA MU MAGOMBE so nga n'omubiri gwe tegwavunda, Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, ffenna ffe bajulirwa." - Ebikolwa by'abatume 2:31,32.**
Obujulirwa bwa maanyi nti Yesu teyaliiwo kutuukiriza obumu ku bunnabbi.
Obulamu bwe bwawandiikibwa dda ne nkola ey'omu ggulu. Mu mazima, Yesu mwana wa Katonda. Nga tumaze okulaba ku bujulirwa obwo, twetaaga okusaba okw'okumalirira ku ani anabeera Mukama ow'obulamu bwaffe. Singa nga kino tokikolanga, nkusaba oteeke obulamu bwo mu mikono gya Yesu.

## 4. OBULAMU BWATEEKEBWATEEKEBWA KATONDA

Yesu yabeera mu bulamu obwateekebwateekebwa Katonda, obwo obwalagibwa ebikumi by'emyaka emabega nga tannazaalibwa. Bulijjo ng'amanyi ensonga eno, yabeeranga mwangu eri obukulembeze bwa Katonda. Kristo yagamba nti:

**"So nze siriiko kye nkola ku bwange, naye nga Kitange bwe yanjigiriza… Kubanga nkola bulijjo by'asiima." - Yok 8:28,29.**

Katonda yateekateeka obulamu obw'omuntu obwa Yesu nga tanaaba kuzaalibwa era Katonda alina enteekateeka eya buli muntu. Amanyi buli omu ku ffe ky'ayinza okutuukiriza mu kwetaaga kwaffe okw'omu nda era ne tufuna obulamu obungi.



Ray bulijjo teyali mukakafu nti yeetaaga okugondera enteekateeka ya Katonda. Naye bwe yatuuka ku kusalawo okukulu okw'okulondawo essomero gy'anaagenda okusomera, mu kiseera kino, nga gwe mulundi gwe ogusooka mu bulamu yasalawo okunoonya obukulembeze bwa Katonda. Yasabira ennaku eziwerako era n'agezako okuwuliriza okuddibwamu. Oluvannyuma lw'ekiseera yafuna ensonga ezitegerekeka entuufu lwaki yali ateekwa okulonda Option B, kubanga ebisale byalyo byali wansi, ate nga ddene bulungi ate nga teririmu kyekubiira. Nga yakamala okutandika okuyiga yakwanagana n'abakristayo abeewuunyisa, abaali mu kibiina ekiyitibwa Campus Crusade ekya Kristo. Mu myaka ebiri emirala egyaddirira yafuna okukyuka okw'ekitalo mu bulamu bwe.

Mu kiseera kino, Ray bw'atunula emabega yeetegereza nti buli kiseera ayolekedde okulondawo okukulu, era n'anoonya obukulembeze bwa Katonda. 'Katonda yaggulawo essuula empya ey'obulamu bwange' Ray bw'atyo bwe yagamba.

Tusobola tutya okutegeera enteeketeeka ya Katonda olw'obulamu bwo? Katonda akulembera abantu ng'abayisa mu makubo mangi:
**(1) BAYIBULI**
Okusinziira ku muwamdiisi wa Zabbuli kitabo ki ekikulembera obulamu?
Agamba bwati: **"Ekigambo kyo y'etabaaza eri ebigere byange n'omussana eri ekkubo lyange." - Zabbuli 119:105.**
Ekigambo kya Katonda kizza bugya ebirowoozo byaffe era ne kituwa okulaba (Balumi 12:2, Zabbuli 119:99). Okuyiga okw'okusaba okwa buli lunaku mu byawandiikibwa ebitukuvu ly'ekkubo erisingira ddala obulungi.
**(2) EBIKOLWA BYA KATONDA**
Katonda era naye atukulembera ng'ayita mu bikolwa bye eby'obwakatonda by'ateeseteese. Zabbuli eya 23 emulaga mu kifaananyi eky'omusumba omulungi. Omusumba akulembera endiga ze okuziyisa mu malundiro ag'omuddo omulungi ne mu nkonko ez'amayinja. Tulina omusumba bulijjo ali okumpi ku lusegere lwaffe.
**(3) KATONDA OKWOGERA OBUTEREEVU ERI OMUTIMA**

# ZUULA

Katonda atukulembera ng'ayogera buterevu eri ebirowoozo byaffe. Omwoyo ayinza okuwa omusana "amaaso ag'omutima gwammwe" (Abaefeso 1:18). Gye tukoma okussa mu nkola okwogera ne Katonda gy'akoma okutukulembera. Azimba ebirowoozo awamu n'okutegeera kwaffe, era n'okutegeera tube abasobola okulaba bulungi eddaala eriddirira lye tuggwanye okulinnyako.

**5. EBIKULEMBERA BITEEKWA OKUKKIRIZIGANYA**

Kisoboka omuntu okulowooza nti ali mu bulamu obwateekebwateekebwa Katonda so nga agobeerera obukyamu bwe na birowoozo bye (Ngero 16:25). Okwewulira kwaffe mu mibiri kuteekwa okuba nga kukkiriziganya n'enjigiriza ya Bayibuli. Tuba tetunafuna mirembe bwe tugamba nti Katonda atukuulembedde okugggyako nga ebitukulembera ebisatu bikkiriziganya.

Twala Jake nga ky'eky'okulabirako: Yalina omukyala omwagalwa era n'abaana baabwe babiri, naye ate eky'ennaku n'akwanayo omukazi omulala. Olwo n'alyoka agamba mikwano gye nti: "ekyo nnakisabidde era muli mpulira okwo kwagala kwa Katonda."

Engeri Jake gye yeewuulira mu era n'okutegeera kwe okw'omu nda kiteegerekeka bulungi nti bye byamussa wansi mu kkubo ekyamu. Yakirowooza nti kyali kikolwa kya Katonda okusisinkana n'omukyala we ow'okubiri era teyaddayo mabega kujjukira nti Bayibuli ewakanya obwenzi. Era Bayibuli "amateeka n'obujulirwa," ky'ekitabo eky'obuyinza ekitukulembera, era omulamuzi asembayo olw'okusalawo eky'okukola ekituufu (Isaaya 8:20). Tetuuteekwa kukkiriza ekirowoozo kyonna oba ekikolwa ekirabika ng'ekya Katonda okutukulembera okutuggya ku mateeka ga Bayibuli.

**6. GONDERA ENTEEKATEEKA YA KATONDA**

Sitaani bwe yajja okukema Yesu mu ddungu, yamuleetera ekirowoozo nti: "Singa nga oneewala ssaddaaka ey'obuuami Kitaawo gye yakuteekerateekera, nja kukuwa ensi yonna mu mukono gwo - ng'olina etutumu, emikisa, era obulamu obujudde emirembe." Sitaani n'okkujuliza yajuliza n'ebyawandiikibwa okugezako okukulembera Yesu okumukyamya. Naye buli kiseera Yesu yamulwanyisanga n'ekigambo nti "Kyawandiikibwa" (Matayo 4:1-11).



Eky'okuyiga kimu eky'obuyinza kye tusobola okuyiga okuva ku bulamu bwa Yesu; kwe kugondera okwagala kwa kitaawe. Newankubadde bwe yali mu bulumi obw'ekitalo obw'omu Gesessumani, yeegayirira nti, "Ayi Kitange, ekikompe kino kinveeko, oba kiyinzika: naye si nga nze bwe njagala, wabula nga gwe bw'oyagala" (Matayo 26:39). Oluvannyuma lw'emyaka esatu egy'okuweereza kwe, buli lunaku ng'ali bumu n'enteeketeeka ya Kitaawe. Yesu ng'afa ebigambo bye byali nti: "Kiwedde" (Yok 19:30). Mu butuufu Yesu yali agamba nti, "obulamu bwange Katonda bweyanteekerateekera kaakano mbumaliriza era mbutuukirizza."

Nga otandika okuwulira eddobozi lya Katonda nga lyogera mu ngeri etegeerekeka okuyita mu kigambo kye, ne mu bikolwa ebya Katonda, era ne mu birowoozo byo; okyasobola okuyiga okukkiriza obukulembeze bwe n'omutima gwo gwonna. Era naawe okyasobola okuzuula essanyu ery'obulamu bwo obwateekebwateekebwa era ne bukulemberwa Katonda.

# ZUULA

## OLUTINDO OLUTUUSA ABANTU KU BULAMU OBUMATIZA



Omusekese gw'amagumba ge baagusanga ku mabbali g'ekisiisira ku kizinga ekitaaliko bantu mu makkati g'eriyanja Atlantic. Omulunnyanja atamanyiddwa linnya yawandiikanga mu katabo ebyo ebyamubangako buli lunaku eby'omwezi gwe ogw'okuna ogw'okugezebwa kwe. Yasuulibwa ku kizinga Ascension n'amaato ag'aba Dutch mu mwaka 1725 ng'alangibwa omusango ogutaayatulwa. Mangu ddala yatuuka n'okunywa omusaayi ogw'e Nfudu olw'enkalamata eyamuli obubi. Omusajja ono okubonaabona kwe okw'omubiri kwali mu bulumi obw'ekitalo, naye obulumi bwe obwasingira ddala okumuzitoweerera era obulagibwa mu katabo ke mweyakuumiranga ebyo ebyamubangako buli lunaku, gwali omusango gwe.

Yawandiika ebigambo ebyamuluma ennyo nga bino: "Nga obulumi bwa kitalo abonoonyi abafa bwe batuukako, abo abava mu kkubo ery'obutuukirivu, abusannyukira okwongera ku muwendo ogw'abantu abaakolimirwa Katonda." Omusajja ono omulunnyanja okusuulibwa kwe ku kizinga kino okutaali bantu kwajja olw'okuva ku Katonda mu bulamu bwe. Kino ku nkomerero y'obulamu bwe kye yasanga nga kizito nnyo tekigumikirizika.



Okuva Adamu ne Kaawa bwe "beekweka mu maaso ga Mukama Katonda wakati mu miti egy'omu lusuku" nga bamaze okulya ku muti ogwabagaanibwa okulya, abaana b'abantu bonna babadde nga balwana n'ekiwuubaalo eky'okuwulira nga balekeddwa bokka (Luberyeberye 3:8). Ebirowoozo ebiggya eby'obuswavu, okuwuulira omusango, n'okutya byawaliriza abantu ababiri abasooka ku nsi okudduka Mukama bwe yajja ng'abayita. Eky'omukisa omubi, okwewulira okwo okwabatuukako kuli ddala mu ffe mu kiseera kya kaakano.

Kiki ekyo ekituleetera okwawukana wakati waffe ne Katonda?

Eky'okuddamu kigamba nti: **"Naye obutali butuukirivu bwamwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe, n'ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso, n'atayagala kuwuullira." - Isaaya 59:2.**

Olukonko luno olunene olwawuudde abonoonyi okuva ku Katonda si ye yaalukola. Katonda si ye yadduka okuva ku Adamu ne Kaawa, wabula bo beebadduka okuva ku ye.

### 1. OKUMATIZA ENJALA EYEEKWESE MU FFE

Ng'ekibi tekinnaba kwonoona kifaananyi, Adamu ne Kaawa baasanyukiranga omukwano n'omutonzi waabwe mu maka gaabwe mu lusuku olulungi mu Adeni. Eky'ennaku baayingiza obulimba bwa Setaani obw'okubeera abalina amagezi nga Katonda era ne bamenyawo endagaano oy'obwesigwa n'omutonzi waabwe (Luberyeberye 3).

Nga bamaze okugobebwa okuva mu lusuku lwa Adeni, Adamu ne Kaawa baasanga obulamu nga bukaluba nnyo ebweru eyo. Okuzaala abaana, okulima ettaka, byafuuka bya musaayi, bya ntuuyo na maziga. Oluganda lwabwe olw'okumpi ne Katonda nga lumenyesewo, beesanga nga bye beegomba

tebimatiza okuyaayaana okw'obulumi, okuva ku kikolwa ekya Adamu ne Kaawa eky'obujeemu ekyasooka "bonna" (olulyo lw'omuntu lwonna) lwagwa mu kikolwa ky'ekimu eky'ekibi era bonna bafugibwa kufa - empeera y'ekibi.

Agamba bwati: **"Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kutyo okufa ne kubuuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayoonona." - Balumi 5:12.**



Ffena tutuukibwako enjala eno ennene ey'omutima olw'ekyo kye twafiirwa, nga twetaaga obukuumi obwo obusobola okutuweebwa Katonda yekka. Emirundi egimu tugezako okumatiza enjala eno n'eby'okulya, oba olw'okunywa omwenge n'enjaga oba olw'okwesuula eddalu.

Naye okuyaayaana kwonna bwe bubonero obw'obutabeera na Katonda. Era tewaliwo kibuwonya okuggyako okufuna okwagala kwe mu bulamu bwaffe.

Agamba bwati: **"Onondaganga ekkubo ery'obulamu; gyoli waliwo essanyu erituukirira, mu mukono gwo ogwa ddyo mwe muli ebisanyusa emirembe gyonna." - Zabuli 16:11.**

Ekintu kyokka ekigenda okukuleeta okumatizibwa okw'amazima, ng'olukonko oluli wakati waffe ne Katonda nga lutindiddwa. Naffe ne tusobola okulutambulirako ne tutuuka wali.

**2. OKUTINDA OLUKONKO OLW'EKIBI N'OKUFA**

Abantu si be bokka ekibi be kyayawula ne babeera bokka. Omutima gwa Katonda nagwo gwamuluma ku lunaku Adamu ne Kaawa lwe baamukuba amabega gaabwe. Era Katonda akyali munakuwavu nnyo olw'ennaku y'omuntu era n'okubonnabona. Katonda ayagala nnyo okumatiza okwetaaga kwaffe okw'omunda era n'okuwonya ebiwundu byaffe eby'ebirowoozo. Okutunula obutunuzi ku lukonko olutwawudde naye tekyamumala. Katonda yasalawo ye kennyini okufuuka olutindo, olutinda olukonko olw'ekibi n'okufa.

Agamba nti: **"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bwati n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. Kubanga Katonda teyatuma mwana we mu nsi, okusalira ensi omusango; naye ensi erokokere ku ye." - Yok 3:16,17.**



Katonda yawaayo omwana we era ne Yesu yawaayo obulamu bwe nga ssaddaaka olw'ekibi; ng'asasula empeera y'ekibi ye kennyini. Obulamu bwe, okufa kwe era n'okuzuukira kwe byakifuula ekisoboka okusonyiwa n'okulokola omwonoonyi awatali kunyooma kibi. Era n'alaga ensi yonna empisa za Kristo ne Setaani. Olutindo olw'omubiri gwa Kristo ogwakubibwa, luzzaayo abantu okubaggya mu mutego ogw'ekibi. Okwagala kwatinda olukonko, era ne kusobozesa abantu bonna abateeka okukkiriza kwabwe mu Kristo nga ye Mukama era omulokozi okutambulira ku lwo okutuuka mu bulamu obutaggwaawo.

**3. ENSONGA OMUSANVU ENKULU ZEWEETAGA OKUMANYA KU YESU**

Ensonga zino omusanvu ku Yesu togenda kuzisanga ku muntu mulala yenna eyali abaddewo ku nsi:

# ZUULA

### (1) YESU YAVA MU GGULU N'AJJA KU NSI

Yesu yayogera atya ku kiseera ky'amaze nga wali? Yagamba nti:

**"Mazima ddala mbagamba nti: Ibulayimu yali tannabawo, nze nga wendi." - Yok 8:58.**

Yesu yakakassa ensi nti nze "Ndi!" Bulijjo mbadde nga wendi era bulijjo nja kubeera wo. Newankubadde Yesu yazaalibwa ne nnyina nga muntu (Matayo 1:22,23), Ye Katonda - Katonda ng'a li mu mubiri ogw'omuntu.

Dwight L. Moody ne Billy Graham ow'omu kyasa ekye 19, olumu baayogera bwe bati ku kufuuka kwa Yesu omuntu: "Kwandibadde kweganyisa kunene nnyo Yesu okujja n'abeera mu kibaya ekimasamasa, n'akuzibwa ne malayika, n'aliisibwa n'ekigiiko ekyazzabu. Naye omutonzi w'eggulu n'ensi yajja n'ayambala omubiri ogw'omuntu, n'azaalibwa mu kiraalo eky'abazadde be abaavu, mu mbeera esingira ddala okuba embi eyali ebaddewo."



Mu kiseera ekya Yesu Kristo okuzaalibwa, malayika yagamba Yusufu nti:

**"(Maliyamu) alizaala omwana wa bulenzi, n'omutuuma erinnya lye YESU; kubanga yewuuyo alirokola abantu be okuva mu bibi byabwe." - Matayo 1:21.**

Yesu omutonzi w'eggulu lyonna n'ensi (Yokana 1:1-3,14); yamalirira okujja ku nsi yaffe eno okutulokola okuva mu kibi ne mu kufa.

### (2) YESU MU BULAMU KU NSI KUNO YALINA OBULAMU OBUTAAKOLA KIBI - OBUTUUKIRIVU

**"Yesu mwana wa Katonda… kubanga mu byonna yakemebwa nga ffe bwe tukemebwa, kyoka n'atakola kibi." - Bebulaniya 4:14,15.**

Katonda yakola kinene nnyo okusinga okutuggya mu bulamu obw'ekibi era n'okutuzza mu bulamu obumatiza.

Setaani, omulabe wa Kristo, okuyita mu bulamu bwonna obwa Yesu ku nsi yakola enteekateeka amukeme amusuule mu kibi. Mu ddungu omulabe yamulumba olulumba olw'entiisa ku bwesigwa bwe mu katonda we (Matayo 4:1-11). Mu lusuku Gesesumani nga Yesu tannaba kukomererwa obuzito bw'okukemebwa bwamuzitowerera ekyekaniddewo n'entuuyo z'omu maaso ge zaavamu omusaayi (Luka 22:44).



Naye Yesu yayimirira nga munywevu era ebikemo byonna omulabe bye yamuleeteranga - "Naye nga talina kibi." Kubanga Yesu yatuusibwako ebizibu n'ebikemo byonna ebituuka ku baana ba bantu, ategeera olutalo lwe tuliko. Era asobola "okulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe" (Abebbulaniya 4:15).

Lwaki Yesu kyali kimwetagiisa okubeera n'obulamu obutaliimu kibi?

Agamba bwati: **"Kristo ataalina kibi, Katonda yamufuula ekibi, ffe olw'okwegatta ne Kristo tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda." - 2 Bakolinso 5:21.**

# ZUULA

Yesu yawangula ebikemo era n'abeera n'obulamu obutuukirivu alyoke abutugabire ng'awaanyisa n'obulamu bwaffe obw'edda obw'ekibi.

**(3) YESU YAFA OLW'OKUGGYAWO EKIBI**
Abantu bameka abaayonoona?

Agamba bwati: **"Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda." - Abaruumi 3:23.**

Empeera y'e kibi kyeki?

Agamba bwati: **"Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe." - Abaruumi 6:23.**

Lwaki Yesu yafa?

Agamba bwati: "Laba omwana gw'endiga ogwa Katonda AGGYAWO EBIBI BY'ENSI." (Yokana 1:29).

Ffenna twayonoona era ffena tufugibwa okufa; naye Yesu yafa mu kifo kyaffe, Yafuuka "ekibi ku lwaffe" Yasasula ebbanja lyaffe ery'okufa. Okufa kwe kirabo era "EKIRABO KYA KATONDA bwe BULAMU OBUTAGGWAAWO mu Kristo Yesu Mukama waffe" (Abaruumi 6:23).

Yesu yawaayo obulamu bwe obutukuvu obutuukiridde ng'ekirabo eky'okutwagala ffe. Okwagala okufaanana ng'okwo kussukirira okutegeera kwaffe okw'obuntu. Era olw'okufa kwe okwo "tulina EMIREMBE ne Katonda" (Abarumi 5:1).

**(4) YESU YAZUUKIRA MU BAFU**
Okufa kwa Yesu ku musaalaba eyo si ye yali enkomerero y'obulamu bwe obw'ekitalo. Singa yasigala mu ntaana teyandibadde mulokozi waffe.

Agamba bwati: **"Oba nga Kristo teyazuukira, okukkiriza kwammwe tekuliiko kye kugasa, era mukyali mu bibi byammwe. Era n'abo abaafa nga bakkiriza Kristo, baazikirira." - 1 Ab'ekolinso 15:17,18.**

Muhamade ne Buddha baaleetera ensi eno amazima amakulu ag'amagezi. Gakoze ku bulamu bw'abantu obukadde n'obukadde, naye tegalimu maanyi okuwa abantu obulamu kubanga nabo bennyini bali mu ntaana zaabwe.



Kubanga Yesu ku lunaku olw'okusatu oluvannyuma lw'okufa kwe yazuukira okuva mu ntaana ye, bisuubizo ki by'asobola okutuwa?

**"Kubanga nze ndi mulamu, nammwe muliba balamu." - Yok 14:19.**

Kubanga ye mulamu. Kubanga alina obuyinza ku maanyi ag'okufa, ayinza akutulokola okuva mu kufa, era n'atuwa obulamu obwo obungi ate era obw'emirembe n'emirembe. Ajja kubeera mu mitima gyaffe singa nga tumuyita okujja okuyingiramu. Omulokozi eyazuukira w'ali okukola ku byetaago byaffe leero.

Agamba nti: **"Nange ndi wamu nammwe okutuusa ensi lw'eriggwaawo." - Matayo 28:20.**

# ZUULA

Abaami n'abakyala okwetoloola ensi yonna bawa obujulirwa engeri Kristo gye yalokola obulamu bwabwe mu mize egisingira ddala okuba emibi ne mu bulumi obw'ebirowoozo.

Omu ku bayizi baffe abasooka yawandiika ebigambo bino ku kapapula ke kwe yaddiramu ebibuuzo, nga yeebaza nti: "Nnali mutamiivu lujuuju, olunaku olumu nga ndi mu kunywa omwenge gwange, nnalaba kaadi mu bisasiro ng'eranga eby'okuyiga ebya Bayibuli ebyammwe. Nnagironda, ne ngijuza, era ne nfuna okumanya kwange okw'amazima ku Kristo. Nga mmaze okusoma eby'okuyiga byange, nnawayo omutima gwange eri Katonda era n'omwenge tegwaddayo kumpommera."

Yesu bwe yeemala obulamu bw'omusajja ono, amaanyi amaggya gaamuwa obuyinza okuwangula obuutamiivu bwe. Kubanga Yesu ye mulokozi eyazuukira, ayinza okulokola bonna abajja gyali olw'okubayamba.

**(5) YESU YAGENDA MU GGULU**
Yesu nga tannaba kuddayo mu ggulu naye ng'amaze okuzuukizibwa (Bikolwa 1:9), Abagobereezi be yabasuubiza nti:

**"Omutima gwammwe tegweralikiriranga; mukkiriza Katonda era nange munzikirize. Mu nyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeeramu… kubanga NG'ENDA KUBATEEKERATEEKERA EKIFO… Era oba nga ng'enda okubateekeerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gyendi, nze gyendi, nammwe mubeere eyo." - Yokana 14:1-3.**



**(6) OKUWEEREZA KWA YESU NGA KABONA MU GGULU**
Yesu buli kiseera anoonya okulaba ng'atuteekateeka olw'ebifo eby'omu ggulu.

Agamba bwati: **"Kyekyava kimugwanira mu byonna okufaananyizibwa baganda be, alyoke abeere nga KABONA ASINGA OBUKULU ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda, olw'okutangirira ebibi, by'abantu, kubanga olw'okubonyaabonyezebwa ye yennyini ng'akemebwa, kyava ayinza okubabeera abo abakemebwa." - Abebbulaniya 2:17-18.**

Yesu yajja mu nsi yaffe eno "okutangirira ebibi by'abantu" era n'okutununula okuva mu bunaku n'obuddu obw'ekibi. Yafa okutulokola alyoke aggirewo ddala ensibuko y'ekibi, okubonnabona n'okufa ng'azikiriza Setani.

Yesu Kabona waffe asinga obukulu "yafaananyizibwa mu byonna baganda be" Era kaakano buli kaseera alabika mu maaso ga Kitaffe ku lwaffe ng'omutabaganya waffe. Yesu oyo yennyini eyawa omukisa abaana, eyabuddabudda omukazi eyakwatibwa mu bwenzi, era eyasonyiwa omubbi eyali afiira ku musaalaba, mu kiseera kino ali mu ggulu ng'aweereza olw'ebyetaago byaffe, ng'ayamba "abo abakemebwa."

**(7) YESU AJJA KUDDA**
Nga tannaba kuddayo mu ggulu, kisuubizo ki Yesu kye yakola?

Eky'okuddamu kiri nti: **"Era obanga ng'enda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gyendi; nze gyendi, nammwe mubeere eyo." - Yok 14:3.**

# ZUULA

Yesu bw'anaakomawo, ajja nakutulokola okuva mu kibi, endwadde, obucwano, n'okufa ebiruma ensi yaffe eno. Era ajja kututwala mu nsi empya omuli essanyu eritaggwaawo era n'obulamu obw'emirembe n'emirembe.

**4. OKWAGALA OKUTALEMERERWA**

Olugero lwogera ku bufumbo obwateekebwateekebwa mu Taiwan wakati w'omusajja Ulong n'omuwala omuto ayitibwa 'Kimuli kya Zzaabu.' Omwami Ulong bwe yaggya akatimba ku mukyala ng'omukolo ogw'okkugatta guwedde, yeekanga, n'atayagala na kuddayo kumutunulako. Ekyenyi ky'omukyala kyali kijudde enkovu eza kawaali.

Ng'ebyo biwedde, Ulong teyayagalanga kukolagana ne mukyala we. Omukyala yagezangako okukola kyonna kyasobola okumusanyusa, era yakolanga emirimu mingi mu maka ng'alowooza nti omwami we oluvannyuma alimukkiriza. Naye omwami yasigala nga munyiikaavu eri essanyu ery'okwagala eryamulagibwanga.

Oluvannyuma lw'emyaka kkumi n'ebiri egy'obufumbo obw'okwekwasa. Ulong amaaso ge gombi gatandika okuziba. Omusawo yamugamba nti ajja kuba muzibe w'amaaso singa emmunye z'amaso ge tezirongosebwe ne bateekamu endala. Naye okulongoosa kwali kwetaaga ensimbi nnyingi era waaliwo abantu bangi abaali balindiridde okulongoosebwa, n'olwekyo yali wa kulinda ebbanga ddene.

Kimuli kya Zzaabu yatandika okukolanga ekiseera kyonna olw'okufuna ensimbi. Olunaku lumu Ulong yategeezebwa nti waaliwo omuntu omu eyali afunye akabenje k'emmotoka n'afiirawo era ne bamujjako emmunye ze. Ulong yatwalibwa mangu mu ddwaliro okulongoosebwa.

Ng'awonye, mu maddu amangi yaayagala okulaba mukyala we amwebaze olw'okupakasa ensimbi ezamujjanjaba. Omukyala bwe yakyusa omutwe gwe asobole okumutunuulira omwami Ulong n'amuvumbagira. Omukyala yatunuliira omwami we ng'amaaso gaddugadde tegalaba nga n'emmunye ze baziggyemu. Omwami ng'essanyu eringi limuyitiridde yaggwa wansi n'akaba. Era guno gwe gwali omulundi gwe ogusooka omwami okwatula erinnya lya mukyala we "Kimuli kya Zzaabu."



Yesu ayagala nnyo abe n'enkolagana n'abo ababadde bannanfuusi gyali okumala ebbanga eggwanvu. Ayagala ffe eky'enkomerero tumwatuule erinnya lye ng'omulokozi waffe.

Yesu yamalirira okuwaayo, si maaso ge gokka, naye yawaayo omubiri gwe gwonna asobole okulaga okwagala kwe okutalemererwa. Okwagala kwe kwa maanyi nti Kristo "yajja mu nsi okulokola abalina ebibi" (1 Timoseo 1:15).

Ssaddaaka ya Yesu enkulu yateekawo olutindo olubikka obunnanfusi bwaffe era n'obunnaggwanga bwaffe. Ggwe kennyini wali okizudde Kristo ayagala okukuyisa ku lukonko akuteeke mu mikono gye? Onookkiriza era n'osaba nti. "Yesu nkwagala. Weebale nnyo olwa ssaddaaka yo ettekkirizika. Jangu mu mutima gwange ondokole kaakano - Ndokola nzenna bulambalamba, Ndokola ommaleyo, Ndokola emirembe gyonna"?

---

**YESU**
**YAJJA** nga Katonda mu mubiri gw'omuntu.
**YABEERA** n'obulamu obutuukiridde mu kifo kyaffe.
**YAFA** ol'webibi byaffe.
**YAZUUKIRA** okutulokola mu kufa

# ZUULA

**YAGENDA MU GGULU** Okututeekerateekera amaka mu Ggulu.
**AWEREEZA** buli lunaku nga Kabona waffe
**AKOMAWO MANGU** okututwala Tubeere naye emirembe gyonna.

# ZUULA

## OMUKISA OGW'OKUBIRI OGW'OBULAMU

Oluvannyuma lw'okumala ekiseera kye ekisinga obuwanvu nga akkiririza mu ddiini ya Buddha, omusajja omukulu mu Singapore eyakyuka n'afuuka omukristayo yabuuzibwa ekibuuzo kino nti: "Mr. Lim. 'njawulo ki gy'osanze wakati w'okubeera mu bulamu abwa Buddha n'obukristayo?"

Yaddamu bwati: "Ekyo kyangu nnyo. Kasookedde nzuula Yesu okuba omulokozi wange nnina emirembe mu mutima gwange."


Ekyo kye kibeerawo bwe tuteeka obulamu bwaffe ku Kristo.

Agamba bwati: **"(Katonda wo) onoomukuumanga mirembe mirembe, eyeesigamya Omwoyo ggwe ku ggwe; kubanga akwesiga ggwe." - Isaaya 26:3.**

Okubeera omukristayo kivaamu emirembe egituukiridde - okutegeera okutuufu okw'obukuumi bwe era n'okubeera obulungi.

Abo abazudde kino baba bazudde ekkubo lyokka eribatuusa ku mukisa ogw'okubiri ogw'obulamu - Ye Yesu.

**1. KITEGEEZA KI ABO ABAABULA OKULOKOLEBWA?**



Kisoboka eri omuntu omulamu okufuna ekiseera kye bayita ekirungi ate mu kiseera kyekimu n'afa - okufa mu by'Omwoyo.

Agamba bwati: **"ERA NAMMWE BWE MWALI NGA MUFIIRIDDE MU BYONOONO NE MU BIBI byamwe, bye mwatambulirangamu edda ng'emirembe egy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu ow'obuyinza obw'omu bbanga, OMWOYO OGUKOZA KAAKANO MU BAANA abatawulira." - Abaefeso 2:1,2.**

Setani akulembera omuntu afudde mu by'Omwoyo ng'amussa wansi ku lujjegere olw'ebibi era n'obujeemu. Naye amazima agewuunyisa ag'amawulire amalungi gali nti Katonda ayagala omuntu ng'oyo ali mu kuzikirira. Abaagala nga bakyali mu bibi byabwe bafiiridde omwo, era n'abawa obulokozi obujjuvu obw'obwerere okubaggya mu buzibu bwabwe.

**"Kyokka Katonda ow'ekisa ekingi era atwagala ennyo, ne BWE TWALI NGA TUFIIRIDDE MU BUJEEMU BWAFFE, YATUZUUKIZA WAMU ne Kristo… yakola ekyo alyoke alage mu mirembe egigenda okujja, obulungi bwe n'ekisa kye ekingi ennyo, kye yatukwatirwa mu Kristo Yesu." - Abaefeso 2:4-7.**

Katonda yatwagala ffe nga tetulina kintu kyonna ekitwagaza. Ekisa kye kyatonda mu ffe obulamu obuggya mu Kristo. Tetusobola kwekyusa, naye Katonda ayinza. Bwe tujja gy'ali mu kukkiriza ne mu kwewombeeka, atuwa omukisa ogw'okubiri ku bulamu ng'ekirabo eky'obwerere.

**2. TWETAGA KULOKOLEBWA OKUVA MU KI?**

**(1) TWETAGA OKULOKOLEBWA OKUVA MU KIBI.**
**"Kubanga bonna baayoonoona." - Abaruumi 3:23.**

# ZUULA

Okukyogera mu ngeri ennyangu, kitegeeza nti tetukola ekyo kye tutegeera nti kituufu. Omuzadde aliko obusungu akyayinza okukuba n'okulumya omwana we mu birowoozo. Omuntu akyasobola okunyiiza omuvuzi wa mmotoka era n'aleeta akabenje. Omuyizi mu ssomero akyayinza okunyiiga n'ayogera ebigambo eby'obusungu eri omuyizi munne. Omusubuuzi akyasobola okuteekateeka ne yeerabira okuwa omusolo ku bintu bye ebimu "Bonna baayoonoona" eyo y'embeera y'omuntu.

Bayibuli ennyonnyola etya, ekibi?

**"Buli ekitali kya butuukirivu, kibi." - 1 Yokana 5:17.**

Twetaaga okununulibwa okuva mu mpisa zonna ezitali za bulamu era n'okuwaliriza. Okumenyako ebitono: okulimba, okwegomba, okuvuma obusungu n'ebirala nkumu.



**"Omuntu yenna akola ekibi amenya amateeka, mu butuufu, ekibi kwe kumenya amateeka." 1 Yokana 3:4.**

N'olwekyo twetaagga okulokolebwa okuva mu kibi - okumenya amateeka ga Katonda.

**(2) TWETAAGA OKULOKOLEBWA OKUVA MU KUMENYAWO ENKOLAGANA NE KATONDA.**
**"Obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawuudde mmwe ne Katonda wammwe n'ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso, n'atayagala kuwuulira." - Isaaya 59:2.**

Ebibi ebitaasonyiyibwanga bijjawo enkolagana yaffe ne Katonda. Kristo yajja okuzzaawo obwesigwa mu Katonda obwo Setaani bwe yali aziise.

**(3) TWETAAGA OKULOKOLEBWA OKUVA MU KUFA OKWEMIREMBE GYONNA - EMPEERA EY'EKIBI.**
**"Ekibi kyayingira mu nsi okuyita mu muntu omu, era okufa ne kuyingira okuyita mu kibi era mu ngeri eno okufa kwajja eri abantu bonna, kubanga bonna baayoonoona." - Abaruumi 5:12.**

**(4) TWETAAGA OKULOKOLEBWA OKUVA MU BULAMU OBWONOONYI, OBUTALI BUSANYUFA ERA OBUTALIMU MAKULU.**
Eri aboononyi, obulamu lwe luguudo olukoma mu kufa.

**(5) TWETAAGA OKULOKOLEBWA OKUVA MU NSI EY'EKIBI.**
Tutekwa okulokolebwa okuva mu nsi ejjudde ekibi n'ebyo ebyava mu kibi- ennaku, okweraliikirira, ekiwuubalo. Entalo obulwadde n'okufa.

**3. ANI ASOBOLA OKUTULOKOLA**

Yesu yekka y'ayinza okutulokola:

**(1) YESU AYINZA OKUTULOKOLA OKUVA MU KIBI.**
**Agamba bwati: "Olimutuuma erinnya lye Yesu kubanga ye y'alilokola abantu be okubaggya mu bibi byabwe." - Matayo 1:21.**

Omusajja ow'enzikiriza y'aba Hindu yategeeza mukwano gwe omukristayo nti: "Waliwo ebintu bingi bye nsanga mu nzikiriza ya ba Hindu ebitasangibwa mu nzikiriza y'abakristayo, ekitasangibwa mu ba Hindu- ye Mulokozi." Enzikiriza y'abakristayo y'eddiini yokka mu nsi ewa abantu omulokozi.

# ZUULA

**(2) YESU AYINZA OKUTULOKOLA OKUVA MU LUGANDA OLWAMENYEKA OLW'ENKOLAGANA YAFFE NE KATONDA.**
Agamba bwati: **"Mwali nga mwawuliddwa okuva ku Kristo… nga temulina ssuubi era nga temulina Katonda mu nsi. Naye kaakano mu Kristo, mmwe abaali ewala musembezeddwa okuyita mu musaayi gwa Kristo." - Abaefeso 2:12,13.**



Yesu ye w'omukwano atuukiridde gwe tusobola okugatta oluganda naye. Ayagala mu ffe okututeekamu ekyo ekisingira ddala obulungi. "Okuyita mu musaayi gwa Kristo" ebibi byaffe eby'obulamu obwayita bisonyiyiddwa, era buli lunaku atuwa okukkirizibwa kwe kuno; n'atuwa amaanyi ku kibi n'obulamu bwe obutuukiridde. Tukimanyi nti bulijjo ajja kubeerawo okutusitula buli kaseera lwe tugwa. Okwagala kwaffe gy'ali naffe kutuviiramu okwegomba okubeera mu kkubo eryo erimusanyusa.

**(3) YESU AYINZA OKUTULOKOLA OKUVA MU KUFA OKW'EMIREMBE N'EMIREMBE - Y'EMPEERA YE KIBI.**
Agamba bwati: **"Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa (okw'emirembe gyonna): naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe." - Abaruumi 6:23.**

Tuli bamenyi b'amateeka abasalirwa edda omusango ogw'okufa. Empeera y'ekibi kwe kufa. Yesu atulokola okuva mu kufa okw'emirembe n'emirembe.

**"Naye Katonda alagira ddala nga bw'atwagala, kubanga Kristo yatufiirira bwetwali nga tukyali boonoonyi." - Abaruumi 5:8.**

Kubanga alina okwagala okutaggwaawo, Yesu "yatufiirira." Era yatufiirira era n'abonaabona mu bujjuvu olw'ebyo ebyava mu kibi, kaakano Katonda asobola okusonyiwa era n'okukkiriza omwonoonyi ng'asasudde ekibi empeera yakyo entuufu.

**(4) YESU AYINZA OKUTULOKOLA OKUVA MU OBWONOONYI OBUTALIIMU SSANYU.**
Agamba bwati: **"Omuntu yenna bw'abeera mu Kristo afuuka muntu muggya - eby'edda nga biwedde era nga bigenze, buli kintu nga kifuuse kiggya." - 2 Kolinso 5:17.**

Ffe ku bwaffe tetusobola kwerokola okuva mu kibi, oba okukyusa obuzaaliranwa bwaffe, mu ngeri y'emu ng'a empologoma bw'eteyinza kusalawo kufuuka ndiga (Abaruumi 7:18). Ekibi kisinga amaanyi okumalirira kwaffe. Naye Kristo, "okuyita mu maanyi ag'Omwoyo we" asobola - okutuwa amaanyi (Abaefeso 3:16). Akola okuggya mu ffe empisa zaffe embi ezizikiriza obulamu okuzzaamu empisa ze ez'obulamu. Okwagala, emirembe, okusanyuka, ekisa n'okwefuga (Bagalatiya 5:22,23). Kristo abeera mu bulamu bwaffe era n'atuwa okuwona mu by'Omwoyo era n'atuwa n'obulamu obuggya.

Ku by'okukyuka Harold Hughes yali aweddemu essuubi. Yagezaako okulekerawo okunywa omwenge emirundi mingi, naye n'alemererwa. Yakimanya bulungi nnyo nti olutalo olw'okunywa omwenge lwali lutade mukyala we ne bawala be babiri mu kubonaabona okumala emyaka kkumi. Olunaku lumu mu makya yeesogga ekinaabiro n'addira omumwa gw'emundu ye entono n'aguteeka mu kamwa ke yette. Naye nga tannaba kusika manduso kwerasa, yasalawo ensonga zino asooke azitegeeze



Katonda. Okusaba kwalwawo ne kufuuka okukaabirira Katonda olw'obuyambi era Katonda n'awuulira.

Harold Hughes yeewayo eri Kristo era n'afuna amaanyi ag'Omwoyo olw'okugumikiriza. Yava ku kunywa omwenge ekiseera kye kyonna; era nafuuka omwami omuzadde, omwagazi era omusajja eyeesigika era n'atuuka n'okufuna ekifo mu lukiiko olukulu Senate. Harold Hughes yazuula amaanyi agasingira ddala okuba amangi agakyusa mu nsi munno - Ye Yesu.

**(5) YESU AYINZA OKUTULOKOLA OKUVA MU NSI EY'EKIBI.**
Eby'okuyiga ebirala ebina ebiddirira bijja kutunnyonnyola engeri gye kisoboka okubeerawo.

**4. TULOKOLEBWA BWE TULINNYA KU MADDAALA AMANGU ASATU**

**(1) EDDALA ERISOOKA: SABA KRISTO AKOLAGANE N'EKIBI EKIRI MU BULAMU BWO.**
Ekitundu kyaffe kye kiruwa mu kweggyako obulamu bwaffe obw'ekibi?

Agamba nti: **"MWENENYE, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe." - Bikolwa 3:19.**

Kiki ekikulembera omuntu okumutuusa ku kwenenya?

Okuddamu: **"Ekisa kya Katonda kikulembera mu kwenenya." - Abaruumi 2:4.**

**"Okunakuwala kwammwe kwabaviiramu okwenenya." - 2 Kolinso 7:9.**

Mu bwangu, okwenenya kwe kunakuwalira obulamu obwayita obw'ekibi era n'okukyuka okuva mu bibi byaffe, n'osaba okuva mu mayisa ne mu nkola ey'edda embi.

---

**ENGERI GYE TUFUNAMU OBULAMU OBUGGYA OKUVA KU KRISTO**

1. Tumukkiriza ng'omulokozi Waffe, era Mukama waffe.
2. Tunyweza enkolagana ey'oluganda naye. (Okusaba okwa buli lunaku n'okusoma Bayibuli nsonga nkulu.)
3. Kristo ng'ayita mu Mwoyo we akola okujja empisa embi muffe n'okuzzamu empisa ennungi.

---

Tetunakuwala olw'okutya okubonerezebwa, naye olw'okubanga twanukula ekisa kya Katonda ekyaleeta Yesu okufa mu kifo kyaffe: olw'okwonoona kwaffe. Tukyawa ekibi kubanga kirumya Katonda.

Bwe tufuna obulamu obuggya mu Kristo, tukola kyonna ekisoboka okugoloola ensobi zetwakola ezayita (Ezekieri 33:14-16).

Ekitundu kya Katonda kye kiruwa, kyakola okutuggyako obulamu obw'edda obw'ekibi?

Ebikolwa byombi, okwenenya n'okusonyiyibwa kirabo ekiva eri Katonda kulwaffe.

Agamba bwati: **"Oyo Katonda yamugulumiza ku mukono gwe ogwa ddyo abeere omulangira era omulokozi alyoke awe abantu okwenenya era n'okusonyiyibwa ebibi." - Bikolwa 5:31.**

# ZUULA

Bwe twenenya omulokozi atwagala asonyiwa ebibi byafe era n'atunaaza okuva mu kibi, era ebibi n'abisuula mu buziba bw'ennyanja.

Agamba bwati: **"Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazako byonna ebitali bya butuukirivu." - 1 Yokana 1:9.** *(Mikka 7:18,19.)*

Tewaliiwo kibi eky'ekitalo ekyenkaniddawo, omulokozi eyafa olw'ebibi byaffe ku musaalaba ky'atayinza kusonyiwa. Omuntu oyo alina obwesige mu Kristo yeetaga okusaba ekintu kimu okusonyiyibwa ebibi bye. Okufa kwa Yesu ku lwaffe tekusobola kutusonyiyisa bibi byaffe okuggyako nga tukumusabye. Ensonga eno ekaabya amaziga nti: ebibi byaffe bye byakomerezesa emikono n'amaggulu ebya Kristo. Era nti Yesu ayagala nnyo nnyini ddala n'okusinga ffe kye tusobola okulowooza ffe okukkiriza ekirabo kye eky'okusonyiyibwa era n'okutabaganyizibwa.



Ebigambo byatuuka mu matu g'omuvubuka omuto eyali yadduka edda okuva mu maka ga bakadde be nti nnyina yali agenda kufa. Amawulire gano gamuleetera okwejjusa olw'enkolagana yaabwe eyali tekyaliwo. Omuvubuka yadduka mangu okudda eka. Yayingira mu kisenge nnyina mweyali yeebase. Ne yeesuula ku buliri nnyina kwe yali agalamiziddwa. Ng'ali mu maziga ag'ekitalo yasaba nnyina amusonyiwe.

Maama we yamusembeza kumpi naye, mu ddoboozi eritakyawulikika yamugamba: "Mwana wange, nnandibadde nnakusonyiwa dda singa wansaba okukusonyiwa."

Oba nga wava ku Katonda n'omuvaako oba nga wali tonnamutegeera - nsaba olowooze nga Katonda wo ow'okwagala bw'ayagala ennyo okukwaniriza mu maka go. Ekisinga byonna ayagala nnyo ggwe okkirize ekirabo ky'akuwa eky'okusonnyiyibwa. Yesu akwagala. Yafa ku lulwo. Bulijjo yeeteeseteese okukusonyiwa. N'olwekyo yanukula okuyita kwe okw'ekisa kye kw'ayita okwenenya. Yatula ebibi byo. Kkiriza nti Katonda akusonyiwa era akikola. Mwesige era weesige n'ebisuubizo bye.

**(2) EDDALA ERY'OKUBIRI: FUNA OBULAMU OBUGGYA OKUVA KU YESU.**
Ekitundu kyo mu kufuna obulamu obuggya okuva ku Yesu kwe kukkiriza nti: mu mazima Yesu amaze okukulokola. Awatali kubuusabuusa ensonga eno nti akusonyiye, era akunaazizza, era aggyewo obulamu bwo obw'edda obw'ekibi era akuwadde mu bulambalamba obulamu obuggya obukyusiddwa.

Agamba bwati: **"Bonna… Abaakiriza erinnya lye yaabawa obuyinza (amaanyi. Omukisa) okufuuka abaana ba Katonda." - Yokana 1:12.**

Ng'omwana wa Katonda olina "obuyinza" okufuna obulamu obuggya okuva ku Yesu. Nga bwe twakyogede waggulu. Kino tosobola kukyekolera n'okituukako ku bubwo - Ky'ekirabo ekiva ewa Katonda Kitaawo ow'omuggulu. Yesu atuwa ekisuubizo ng'ekyo eky'amazima olw'okuggyawo okutya kwaffe n'okubuusabuusa.

Ekitundu kya Katonda kye kiruwa mu kutuwa obulamu obuggya?

**"Yesu yaddamu n'amugamba nti ddala ddala nkugamba nti omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka ba Katonda." - Yokana 3:3.**

Okusinziira ku kuyigiriza kwa Yesu, omwononyi akkiriza ne yeenenya, mu butuufu aba azaaliddwa mu bulamu obuggya. Kino kya magero Katonda yekka y'ayinza okukikola. Yasuubiza nti:

# ZUULA

**"Era ndibawa N'OMUTIMA omuggya n'enteeka OMWOYO OMUGGYA munda yammwe; era ndiggyamu omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama." - Ezeekyeri 36:26.**

Yesu akyusa emitima gyaffe - empisa zaffe n'ebirowoozo, era n'atuula mu ffe (Kolosayi 1:27). Obulamu buno obuggya si bulungi kyokka naye birowoozo bya Mwoyo, bugumu, bukakafu, kwe kuzuukizibwa okuva mu kufa okw'eby'Omwoyo eri obulamu obuggya era n'okubeerawo okuggya.

**(3) EDDALA ERY'OKUSATU: OKUBEERA ABALAMU KU LWA KRISTO BULI LUNAKU.**
Obulamu obukristayo butwaliramu okukyuka okuva mu kwerowoozako okwa buli lunaku era n'okwegatta ne Yesu mukwano gwaffe omwagalwa. Tukula mu bulamu buno obuggya olw'okunyweza enkolagana yaffe ne Yesu, Kino kitegeeza okumala naye ebbanga lyonna, nga tuzimba obwesigwa n'enkolagana ey'olwatu. Katonda atuwa ebituyamba okukula mu by'Omwoyo bitaano: Okusoma Bayibuli, Okusaba, Okufumintiriza, Okukung'ana awamu n'abakristayo abalala, Okugabana n'abalala ebyo ebitubako mu bulamu.

Okubeera mu Kristo tekitegeeza nti tetusobola kukola nsobi. Naye bwe twesittala era ne twonoona, tukaayanira okusonyiyiibwa kwa Kristo era ne tweyongera okugenda mu maaso. Tutambula nga twolekedde oludda olumannyiddwa era tumanyi nti Kristo abeera mulamu mu mitima gyaffe

**5. ESSANYU LY'OMUKISA OGW'OKUBIRI**

Harold Hughes yafuna ebitiibwa bingi ng'ali mu mulimu gwe ogw'enjawulo ng'omukiise mu lukiiko Senate mu Amerika, naye ekimu ku bikulu ebyamujjira kyaliwo nga ky'ajje aweeyo obulamu eri Kristo.



Olw'eggulo olumu Harold yali bw'omu mu kisenge ekituulwamu ng'asoma Bayibuli ye, nawulira omuntu amukwata ku kibegabega kye. Bwe yakyuka, nalaba bawala be ababiri abato, nga bayimiridde nga bambadde engoye zaabwe ezisulwamu. Yasooka n'abatunuulira okumala akabanga anti bali nga bakyuse nnyo, era yali nga tabeera nabo mu kiseera kiri eky'olutalo lwe ddekabusa nga beenyoola n'omwenge.

Omuwala asinga obuto ye Carol n'amugamba nti: "Ttaata tuzze kukunywegeera nga tukusiibula tugenda kwebaka!"

Amaaso ga musajjamukulu ne gajjula amaziga. Anti ekiseera kyali kiyiseewo kiwanvu kasookedde abaana be bajja okumugwa mu kifuba mu ngeri eyo. Naye abaana bo teebalina kutya, kubanga Ttaata yali akomyewo eka.

Mu butuufu Yesu awa abantu omukisa ogw'okubiri. Aggyawo embeera eteriimu ssuubi era n'atukolera entandikwa empya. Omulokozi ayagaliza buli omu kuffe ku nkomerero akomewo eka. Wakkiriza dda okuyita kwa Kristo okw'okwagala? Okufuna okusonyiyibwa kwa Katonda era n'okunaazibwa kyangu nnyo nga okugoloola emikono gyo olw'okuwambatira omwana.

Singa nga tonnaba kukkiriza Kristo ng'omulokozi wo, okyasobola okukikola olwa leero ng'osaba bwoti: "Kitange, ndimunakuwavu nnyo olw'obulamu bwange obw'edda obw'ekibi. Nkwebaza olw'okuweereza omwana wo mu nsi okufa mu kifo kyange. Yesu, nsaba osonyiwe ebibi byange era ojje mu bulamu bwange era ondokole. Njagala okufuna omukisa ogw'okubiri ogw'obulamu - Njagala okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. N'ekisingako ekyo, njagala okunyweza oluganda olw'okubeeranga naawe buli lunaku. Nkwebaza olw'okukola eky'amagero ekyo mu nze. Mu linnya lya Yesu, Amiina."

Kino kya kitalo era kitegeere nti: Bwe tujja gy'ali, Yesu atulokola.

# EBIKWATA KU KISEERA KYO EKY'OMU MAASO

Abasawo Patricia ne David Mrazek baafuna okunyolwa kunene mu mulimu gwabwe. Ng'abakugu mu kujanjaba endwadde ez'abaana baakolanga ku baana bangi abaali abalwadde. Ensonga eyabakwata omubabiro yali nti abaana abamu bawona okuva mu buzibu bungi ate mu kiseera kye kimu abalala ne bubazikiriza. Lwaki? Eky'okulabirako, lwaki omwana omu agenda mu kunywa enjaga ate mu kiseera kye kimu omulala n'asoma n'atuuka mu matendekero aga waggulu? Lwaki abaana abamu aboonoonebwa bakula nabo ne bafuuka aboonoonyi b'abantu abalala, ate mu kiseera kye kimu abalala bakula ne bafuuka bazadde abalungi?

Mrazek yakola okunoonyereza okugenda ewala okuzuula eby'okuddamu ku bibuuzo bino. Mu kuyiga kwabwe, empisa ezalabika ennyo mu baana abaalwalako endwadde ey'obwongo era ne bawona era ne baddamu okuba n'obulamu obulungi. Ekyama kye baazuula okimanyi? "Kwe kutunuulira ebintu n'essuubi."

Essuubi lye lyaletangawo enjawulo. Essuubi lye lisinga ebintu byonna ebirala okutuyamba okulwanyisa ebintu ebisobye singa nga bitwetuumyeko. Omwana w'omuntu yeetagira ddala nnyo essuubi. Naye tulifuna tutya? Essuubi nga zzibu nnyo okulizuula mu nsi yaffe eno - okuggyako nga tulinoonya okuva mu kulengera okw'obunnabbi bwa Bayibuli. Mu ky'okuyiga kino tujja kwetegereza ku bunnabbi obw'ekitalo obujjuzizza ebirowooza by'abantu obutabalika n'essuubi eddamu.

## 1. OBUNNABBI OBWA BAYIBULI OBWEWUUNYISA

Ng'ebula emyaka nga bitaano Kristo okuzaalibwa, Katonda yawa ensi okulengera mu kiseera eky'omu maaso okwewuunyisa okuyita mu nnabi Danieri. Katonda mu bufuunze yalaga ebyafaayo by'ensi eby'omu kiseera eky'omu maaso eby'emyaka nga 2,500, okuva ku kiseera kya Danieri n'okutuusa ku kiseera kyaffe kino.

Obunnabbi buva mu kirooto Katonda kye yawa Nebukadduneeza, kabaka we Babuloni emyaka nga 2,500 egiyisewo. Ekirooto kyamutaawanya nnyo - naye ate bwe yazuukuuka teyasobola kukijjukira, oluvanyuma ng'abagezigezi bonna ab'e Babuloni balemereddwa okuyamba kabaka okujjukira ekirooto kye, yadde okukimunnyonnyola amakulu gaakyo, newalabika omuvubuka omuto ow'omu bunyage erinnya lye Danieri ng'agamba nti Katonda ow'omu ggulu asobola okubikula ebyama.



Ng'ayimiridde mu maaso ga kabaka, n'obuvumu Danieri yagamba bwati:
**"Ggwe, Ai kabaka, watunula, era, alaba, EKIFAANANYI EKINENE. Ekifaananyi ekyo, eky'amaanyi ekyamasamasa ennyo nnyini ne kiyimirira mu maaso go: n'engeri yaakyo ya ntiisa. Ekifaananyi ekyo, omutwe gwakyo gwa Zaabu nnungi, ekifuba kyakyo n'emikono gyakyo bya ffeza, olubuto lwakyo n'ebisambi byakyo bya kikomo, amagulu gaakyo ga kyuma, ebigere byakyo ekitundu kya kyuma, n'ekitundu kya bbumba. Watunula okutuusa ejjinja lwe lyatemebwa awatali ngalo, ne likuba ekifaananyi ebigere eby'ekyuma n'ebbumba, n'ekikomo, ne ffeza ne Zaabu ne biryoka bimenyekamenyeka wamu, ne bifuuka ng'ebisusunku eby'omu gguliro ekyanda nga kituuse: empeewo ne zibitwalira ddala bwe zityo n'okulaba ne bitalaba bbanga: n'ejjinja eryakuba ekifaananyi**

**ne lifuuka olusozi olunene, ne lijjula ensi zonna." - Danieri 2:31-35.**

Mu kulaba amangu, ekifaananyi, mu kiseera kino kirabikanga ekirina ekitono okukola okutuzuulira essuubi, naye ggwe kwatirirako.

**2. OBUNNABBI OKUNNYONNYOLWA**

Ng'amaze okutegeeza Nebukadduneeza ekirooto kye nnyini kye yaloota, nnabbi Danieri yagenda mu maaso okunnyonnyola nti:

**"Ekirooto kye kiikyo: era tunaayatula amakula gaakyo mu maaso go kabaka." - Danieri 2:36.**



OMUTWE OGWA ZAABU: Danieri yagamba ki kabaka omutwe ogwa zaabu kye gwali gutegeeza?

**"Ggwe, ai kabaka, oli kabaka wa bakabaka, Katonda ow'omu ggulu gwe yawa obwakabaka, n'obuyinza, n'amaanyi, n'ekitiibwa… GGWE OLI MUTWE GWA ZAABU." - Danieri 2:37, 38.**


Danieri yategeeza omufuzi eyali afuga obufuzi obusinga obunene obw'obwakabaka bw'ensi yonna nti: "Nebukadduneeza, Katonda akugamba nti obwakabaka bwo Babuloni, ku kifaananyi buyimiriddeko nga mutwe ogwa Zaabu."



EKIFUBA N'EMIKONO EBYA FFEZA: Okusinziira mu kulaba okw'obuntu Babuloni yalabika nga obwakabaka obugenda okubeera wo emirembe gyonna. Naye obunnabbi bugamba ki ekigenda okuddirira?

**"Era walikuddirira obwakabaka obulala, bw'osinga ggwe." - Olunyiriri olwa 39.**

Ng'atukiriza obunnabbi bwa Katonda, obwakabaka BWA Nebukadduneza bwazikirizibwa omugabe omuperusi Kulo bwe yawamba obwakabaka bwa Babuloni mu mwaka 539 BC. N'olw'ekyo ekifuba n'emikono ebya ffeza byali bitegeeza obw'akabaka obw'Abamedi n'Abaperusi.



OLUBUTO N'EBISAMBI EBY'EMIKOMO: Ekitundu kino eky'ekikomo kitegeeza ki ku kifaananyi?

**"N'obwakabaka obulala obw'okusatu obw'ekikomo obulifuga ensi zonna." - Olunyiriri olwa 39.**

Olubuto n'ebisambi eby'ekikomo eby'ekifaananyi byali bitegeeza obwakabaka obwa Abayonaani. Alexander omukulu yawangula Abamedi n'Abaperusi, era n'afuula Buyonaani okuba obwakabaka obw'okusatu obunene obwafuga ensi yonna. Bwafuga okuva mu mwaka 331 okutuusa 168 BC (nga Kristo tanazaalibwa).



AMAGULU AG'EKYUMA: (Nnabbi yagamba nti) **"N'obwakabaka obw'okuna buliba bwa maanyi ng'ekyuma: kubanga ekyuma kimenyamenya ebintu byonna, era kibijeemulula: era ng'ekyuma ekibeetenta ebyo byonna, bwebuli menyamenya bwebulibeetenta bwe butyo." - Olunyiriri olwa 40.**

# ZUULA

Nga Alexander amaze okufa obufuzi bwe bwanafuwa era ne bwawukanamu n'entalo okutuusa eky'enkomerero mu mwaka 168BC mu lutalo olwe Pydna, "Obufuzi obw'ekyuma" Lumi yazikiriza Buyonaani.

Kayisaali Agusto yafuga obwakabaka bwa Abaruumi Yesu bwe yazaalibwa nga wayise emyaka nga ebikumi bibiri (Luka 2:1). Kristo n'abayigirizwa be babeerawo mu kiseera eky'obufuzi obw'ekyuma nga bwekiragibwa ku kifaananyi. Omuwandiisi w'ebyafaayo Gibbon, eyaliwo mu kyasa eky'ekkumi n'omunaana, tewali kubuusabuusa yali alowooza ku bunnabbi bwa Danieri bwe yawandiika nti, "Ekifaananyi ekya zaabu, oba ekya feeza, oba eky'ekikomo ekyali kiraga amawanga ne bakabaka, eky'addirira bwamenyebwa n'obufizi obw'ekyuma obwa Rome." - Edward Gibbon, The History of the Decline and Fall of the Roman Empire (John D. Morris and Company). Omuzingo ogwa 4 pg. 89.

Lowooza okumala akaseera ku bunnabbi buno ng'osinzidde mu kulaba okw'obuntu. Kisobola kitya Danieri, eyaliwo mu kiseera eky'obufizi bwa Babuloni, okubeera n'ebirowoozo eby'okutegeera obufuzi bumeka obugenda okuddirira bunnaabawo mu bukumi bw'emyaka mu kiseera eky'omu maaso? Tukisanga nga kizibu okuteebereza kiki ekinabeera mu katale ak'emigabo mu wiiki eneeddirira! Naye ate Babuloni obufuzi obwa Abamedi n'Abaperusi, Buyonaani, ne Roma, bwaddiriragana bunnaabawo mu ngeri y'emu ddala ng'obunnabbi bwe bwayogera - nga bufaanako ng'abaana ab'essomero abawulize abali mu lunnyiriri.

Katonda y'afuga ebyo ebigenda okujja mu maaso? Tusobola okubeera n'essubi nga tusinzira ku nteekateeka ye enkulu? Eky'okuddamu kiri nti: Yee!



EBIGERE N'OBUGERE EBY'EBBUMBA LITABUDDWAMU EKYUMA: Waaliwo obuyinza obw'obufizi obulala obw'okutaano obwali obw'okugobeerera Rome okufuga ensi yonna?

**"Era kubanga walaba ebigere n'obugere ekitundu kya bbumba ery'omubumbi, n'ekitundu kya kyuma, obwakabaka buliba bwawulemu: naye muliba mu bwo ku maanyi g'ekyuma, kubanga walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba ery'ettosi. Era ng'obugere bwe bwali ekitundu kya kyuma, n'ekitundu kya bbumba, era n'obwababaka bwe buliba bwe butyo. Ekitundu kya maanyi n'ekitundu kya n'ekitundu kimenyefu." - Danieri 2:41, 42.**

Nnabbi teyalangayo obufuzi obw'ensi yonna obw'okutaano, naye okwawukanayawukana okw'obufuzi obw'ekyuma obwa Rome. Rome yali ya kwawukanamu obwakabaka kkumi nga butegeeza ebigere n'obugere ku kifaananyi.

Kino ddala kyaliwo? Mu mazima ddala kyaliwo. Mu kyasa eky'okuna n'eky'okutaano eky'omulembe omukristayo abalumbaganyi abakafiri abaava mu bukiika obwa kkono beeyiwa ku bufuzi obw'aba Rome obwali bunafuye ne babukubakuba. N'eky'enkomerero amawanga kkumi gaagabana ekitundu ekisinga obunene eky'ebuggwanjuba ekya Rome era amawanga kkumi agetongodde agefuga ne gasimba amakanda mu Bulaya. Bwe kityo obugere kitegeeza amawanga agali mu Bulaya ag'omu kiseera kya kaakano.

**3. EBISEERA BYAFFE BINO MU BUNNABBI BWA BAYIBULI**

Obunnabbi bwa Danieri bulanga nti okufuba okugenda kubeerawo okugezako okugatta amawanga ga Bulaya okubeera wansi w'omufuzi omu?

**"Era kubanga walaba ekyuma nga kitabuddwamu ebbumba ery'ettosi, balyetabula n'ezzadde ly'abantu: naye tebaligattagana bokka na bokka, era ng'ekyuma bwe kitetabula na bbumba." - Danieri 2:43.**

# ZUULA



Emirundi n'emirundi abasajja ab'amaanyi bagezezako okugatta amawanga ga Bulaya naye ne balemererwa. Napoleon yatuukira ddala kumpi okusinga omuntu omulala yenna okugatta amawanga ga Bulaya ageyawulayawula, naye mpozzi oboolyawo yali alowooza ku bunnabbi buno. Bwe yadduka mu ddwaniiro mu Waterloo ng'akaaba nti, "Katonda omuyinza w'ebintu byonna anzitoweeredde nnyo."



Keiser Williams II ne Adolf Hitler baalina amaggye agakyasingidde ddala okuba ag'amaanyi ag'omulembe gwabwe. Naye buli omu kubo yalemererwa okugatta Bulaya wansi w'obufuzi bwabwe. Lwaki? Kubanga ekigambo kya Katonda kyanywera nti, "Balyetabula n'ezzadde ly'abantu, naye tebaligattagana bokka na bokka." Ebyo ebyava mu ssematalo ebiiri ez'ensi yonna bikakasa nti Katonda ebyo ebiri mu kiseera eky'omu maaso biri mu mikono gye, ye y'abirung'amya. Ekyo mu butuufu kitumala okutuwa essubi, emirembe mu birowoozo era n'obwesige mu nteekateeka ye olw'obulamu bwaffe.

---

**OBUGERE EKKUMI AMAWANGA AMAKULU KKUMI AGAAVA MU BUGGWANJUBA BW'OBUFUZI BWA ROME**
Anglo-Saxons (England)
Franks (Bufalansa)
Alamanni (Gyamani)
Lombards (Italy)
Ostrogoths (Bano oluwanyuma baazikirizibwa)
Visigoths (Spain)
Burgundians (Switzerland)
Vandals (Mu mambuka ga Africa nabo bazikirizibwa)
Suevi (Portugal)
Heruli (Bazikirizibwa oluvanyuma lw'emyaka mitono)

---

**4. TUTUNULEKO MU KISEERA EKY'OMU MAASO**

Ekitundu kimu kyokka eky'obunnabbi bwa Danieri ekisigadde nga tekinatuukirira. Ejjinja eryakuba ekifaananyi obugere era ne lisa ekifaananyi era ne lifuuka olusozi olunene, ne lijjula ensi yonna amakulu galyo kyeki?

**"ERA MU MIREMBE GYA BAKABAKA ABO, (amawanga ag'omulembe guno aga Bulaya), KATONDA OW'EGGULU ALISSAAWO OBWAKABAKA, obutalizikirizibwa emirembe gyonna so n'okufuga kwabwo tekulirekerwa ggwanga ddala, naye bulimenyamenya era bulizikiriza obwakabaka obwo bwonna, ERA BUNAABEERANGA EMIREMBE GYONNA." - Danieri 2:44.**

"Bakabaka abo" kyogera ku bakabaka abo abategeeza ebigere n'obugere eby'ekifaananyi - be bafuzi abo mu kiseera kino abo mu Bulaya, kino kitegeeza mu nnaku zaffe zino. Ejjinja eryo eryatemebwa awatali ngalo za muntu lwa kukuba ekifaananyi era likimenyemenyemu ebitundu era lijja kujjula ensi yonna (olunnyiriri olwa 34 ne 35 n'olwa 45). Mu kiseera ekitali kye wala nnyo Yesu ajja kuva mu ggulu "okuteekawwo obwabakaba bwe" obwabakaka bwe obw'essanyu n'emirembe. Bwe kityo nno, KRISTO, Olwazi olw'emirembe gyonna era Kabaka wa Bakabaka, ajja kufuga ensi emirembe n'emirembe!

Ebintu byonna ebiri mu bunnabbi bwa Danieri essula 2 bumaze okutuukirira okuggyako ekikolwa ekisembayo - ejjinja okukuba ekifaananyi. Okusinzila ku nteekateeka ya Katonda ey'ekiseera,

tusemberedde entikko enkulu ey'eby'afaayo - okudda kwa Yesu ku nsi yaffe eno. Yesu Kristo, Omwana wa Katonda anaatera okukommekkereza ebyafaayo by'omuntu obujjudde entalo n'okuyiwa omusaayi olwo ateekewo obwakabaka bwe obw'okwagala n'ekisa.

**5. EKIROOTO KYA KABAKA N'OBULAMU BWO**



Obunnabbi buno butulaga omukono gwa Katonda ogukulembera mu kusituka ne mu kuggwa kw'amawanga. Katonda amanyi ebiseera ebyayita era obunnabbi bwa Bayibuli buno butulaga bulungi nti Katonda amanyi bulungi n'ekiseera eky'omu maaso.

Obanga Katonda akulembera entambula ey'amawanga n'obwegendereza obwenkanawo mu mazima ddala asoboola okulung'amya obulamu obwa buli kinnomu ku ffe. Yesu yatukakasa nti, "Naye era n'enviiri zammwe ez'oku mutwe zabalibwa zonna. Kale temutyanga" (Matayo 10:30-31). Ekirabo kya Katonda eky'okukkiriza kisobola okufuuka eddagala eriwonya okweralikirira kwaffe kwonna n'okutya. Essuubi ly'atuwa mu mitima gyaffe lisobola okukola ng'essika ery'emyoyo gyaffe (Abebbulaniya 6:19).

Erasmus omusajja omuyivu eyaliwo mu kyasa ekye 16 C, yagerageranya ekikolwa ekimu ekyaliwo mu lugendo olw'okunnyanja ekyo ekyasimba amakada mu bulamu bwe. Ekyombo kye kyeyali asseyeeyezamu kyatubira mu nnyanja mu muyaga. Ejjengo ery'amaanyi ly'akitomera era ekyombo ne kitandika okumenyekamenyeka era n'abasaabaze ne batandiika okweraliikiriwa. Baabulako katono okuzirika. Abamu ku bo baawoggananga nga basaba obuyambi okuva eri abatukuvu baabwe, baayimbanga ennyimba oba baasabanga nga baleekaana nnyo.



Naye Erasmus yeetegereza omusaabaze omu eyeeyisa mu ngeri ey'enjawulo. Yawandiika bwati, "Ku ffena waliwo omuntu omu eyasigala ng'ali wamu yali mukyala omuvubuka eyali ng'akutte omwana omuto gwe yali ayonsa mu mikono gye. Omukyala oyo yekka ataawoggana yadde okukaaba yadde okuwanjaga n'eggulu. Talina kirala kye yakola okuggyako okusaba akasirise ng'eno bw'avumbagidde omwana we ku mubiri."

Erasmus yakikakasa nti okusaba kuno kwali kweyongera bweyongezi ku bulamu bwe obwa buli lunaku obwali obusabi. Kirabika nga omukyala ono yali yeewonya eri Katonda.

Ekyombo bwe kyatandika okubbira wansi mu mazzi, omukyala ono omuvubuka yatekebwa ku lubaawo n'aweebwa ekiti akikozese ng'enkasi era ne bamusindika mu mayengo ag'ennyanja. Omukono ogumu yalina okukwata omwana we ate omukono omulala agukozese okwevuga. Abantu batono abalowoza nti ayinza okuwona obutafa amayengo.

Naye okukkiriza kwe era n'obukkakkamu bwe bya mukolera ekirala. Omukyala oyo n'omwana we beebaasooka okutuuka ku lukalu.
Essuubi mu bwesigwa bwa Katonda kusobola okukola enjawulo yonna - newankubadde ensi yonna etwetoloodde erabika nga eweddewo. Teturi eyo ffeka nga twetwala ku bwaffe. Omukono ogusinga amaanyi gutukulembedde era gutukutte.



Singa nga onoojemulukukira Yesu Kristo mu bulambalamba ajja kukuwa okukkiriza okujja okukuyisa mu buli ngeri eyakibuyaga

yenna. Njagala ozuule emirembe egy'omu ggulu Yesu gye yasuubiza nti,

**"Emirembe mbalekera, emirembe gyange ngibawa. Si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweralikiririranga so tegutyanga." - Yokana 14:27.**

Olina emirembe egyo? Obanga ogirina weebaze Yesu, Omulokozi wo. Obanga togirina lwaki tomuyita ajje mu bulamu bwo olwa leero?

# ZUULA

## YESU BW'ANAAKOMAWO KU LULWO

Oluvanyuma olw'okumala emyaka egiwerako ng'ayisibwa bubi, Armando Valladares yali akozze, ng'alemadde okuva ku bulamu bwe obwasooka. Yali ng'akola ekibonerezo eky'obusibe obw'emyaka asatu (30) mu kkomera erye Castro olw'okuzannyira mu kkanisa ku lunaku olwa Christmas. Abakulu b'ekkomera, baamusiibya nga enjala. Bamubonyaabonya yaswaziibwa, naye yagaana okulekayo okukkiriza kwe.



Ekintu ekya muyamba okugenda mu maaso kwe kusuubiza kwe yalina wakati we n'omuwala omuvubuka erinnya lye Martha. Basisinkana era ne baagalanira mu kkomera. Omukyala ono yasikirizibwa nnyo okukkiriza kwe okugumu. Nga baakamala okugattibwa mu bufumbo obutuufu mu luggya lw'ekkomera Martha yawalirizibwa okuwang'angukira mu Miami.

Okwawukana kwabwe kuno kwali kwa bulumi. Naye Armando mu kyama yasobola okuwa omwagalwa we ekisuubiizo. Ku kapapula akatono ke yaalonda kwe yali awandiise ekisuubizo kye nti: "Ngenda kudda gyoli."

Omusibe ono yamalirira nti mu ngeri yonna ye ne Martha bagenda kukola ebirayiro byabwe mu kkanisa mu maso ga Katonda. Olunaku olumu obufumbo bwabwe bugenda kubeera nga bujjuvu. Yamugamba nti: "Bulijjo oli wamu nange."

Ekisuubizo kya Armando kyamukuuma ekiseera kyonna eky'emyaka gyonna egy'okuyisibwa obubi ekintu ekyandizikiriza ebirowoozo eby'abasajja abasinga obungi. Era ne kikuuma ne Martha okubeerawo. Omukyala yakolanga obutakoowa ng'assayo Omwoyo ku kisuubizo ky'omwami we. Teyaggwaamu ssuubi.

**1. EKISUUBIZO**

Ebiseera ebimu tukyasobola okukemebwa n'okwewunya, nti, ddala Kristo olunaku olumu alikka okuva mu ggulu n'ajja olw'okwegatta naffe okwekyewunyo. Nga twawukanye naye okumala ebbanga ddene! Enkomerero y'ensi ey'essanyu ng'ekomekkereza ebyafaayo by'ennaku eby'omuntu kikyasobola okulabika nga mawulire malungi nnyo agatakkirizikka. Naye waliwo ekintu kimu ekikuuma essuubi nga ddamu mu mitima gyaffe. Kye kisuubizo kya Yesu okudda. Nga Yesu tannaba kuddayo mu ggulu okuva ku bayigirizwa be, kino kye kisuubizo kye yakola:

**"Omutima gwammwe tegweralikiriranga; mukkiriza Katonda, era nange munzikirize. Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeramu. Singa tekiri bwe kityo, nandibagambye: kubanga ng'enda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gyendi, nammwe mubeere eyo." - Yokana 14:1-3.**



Nga Yesu tannaba kulinya mu ggulu, yakakasa abagoberezi be nti: "NDIKOMAWO NATE," Yasuubiza okudda era atwale abo bonna abamwesiga mu kifo eky'enjawulo ky'atuteekeddeteekedde. Ebyawandiikibwa ebitukuvu byogera ku kudda kwe omulundi ogw'okubiri kumpi emirundi 2,500. Ensonga ey'okudda kwa Yesu ku nsi kuno omulundi ogw'okubiri nkakafu nnyo ng'amazima gano nti yaliko ku nsi kuno emyaka nkumi bbiri egiyise.

# ZUULA

Edda ennyo Katonda yasuubiza nti Kristo agenda kujja, omulokozi agenda okwetikka ebibi byaffe era atuwe okusonyiyibwa olw'ekibi ky'abantu. Ekisuubizo kino mu biseera eby'edda kyali kirabika nga tekisoboka kukkirizika eri abantu abaali babonyaabonyezebwa mu bulamu bwabwe. Naye Yesu yajja era n'afa ku musaalaba. Okusuubira kwatuukirira nga kwa kitiibwa okusinga n'abantu kye baali basuubira nti kisoboka. N'ekisuubizo ky'okudda kwe omulundi ogw'okubiri nakyo kijja kutuukirira. Tusobola okwesigama ku oyo atwagala, okudda era n'okukung'anya abo be yasasulira omuwendo ogutaggwaawo.

Okuyita mu kiseera kye kyonna eky'obusibe Armando yabbiriranga obugambo obuyiiye n'obubaka n'obufaananyi n'abuwerezanga Martha. Era Martha yasobolanga obusasanyanga, mu bantu. Era ebigambo byabwe byasikkiriza ensi. Era Gavumenti nnyingi zannyigiriza ekkomera lye Castro okuta abasibe abaali batawanyizibwa. Omukulembeze w'eggwanga lya Bufaransa yabiyingiramu, era eky'enkomerera mu October mu mwaka 1982, Armando yaateekebwa ku nnyonyi eyali egenda mu Paris. Kino kyamukalubirira okukkiriza nti yali ateereddwa - n'ennyonyi gye yalimu ne bweyatuuka ku kisaawe nga ye takikkiriza.

Newankubadde byali bwe bityo, oluvanyuma olw'okubonnabona emyaka 20 egy'obwetaavu n'okulindirira Armando yatwalibwa mu mikono gya Martha.
Nga wayiseewo emyezi mitono abantu bano bombi, nga bajjudde essanyu baayimirira mu Miami mu kkanisa y'Omutukuvu Kierau ne baddamu okukola ebirayiro byabwe. N'ekyasembayo obufumbo bwabwe bwa malirizibwa. Ekisuubizo ekyali kigamba nti Ndikomawo gyoli kyatukirizibwa.

Osobola okukuba akafaananyi obwegaffu obw'ekitalo bwe buliba, enkomerero bwetulitunuragana ne Yesu amaaso n'amaaso? Okulabika kwe okw'ekitiibwa kugenda kumalawo ennaku yaffe era n'okulemwa kwaffe, kugenda kumalawo obulumi bwonna obuli mu mitima gyaffe. Okudda kwe Yesu kugenda kumatiza okwetaaga kwaffe okugenda ewala ennyo. Era kuliba essuubi eriisingira ddala okutukyamula. Era kugenda kutuyingiza mu bwegaffu obw'omukwano ogw'emirembe gyonna nga tuli n'omuntu w'ekitalo enyo mu ggulu ne ku nsi. Yesu ajja mangu! Oyagala nnyo okumusisinkana?

**2. YESU AJJA ATYA?**



(1) Yesu alijja mu kyama?
**"Laba (nze Yesu) mbalabudde. Kale bwe babagambanga nti laba, ali mu ddungu: temufulumanga; laba ali mu bisenge munda; temukkirizanga. Kubanga ng'okumyansa bwe kuva ebuvanjuba, ne kulabikira ebugwanjuba; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu." - Matayo 24:25-27.**

Okumyansa bwe kumyansa kulabikira mu bbanga ddene, bwe kutyo n'okujja kwa Yesu bwe kuliba; si kwa kyama yadde si kwa mu birowoozo.

(2) Yesu alidda omulundi ogw'okubiri nga muntu ddala?
**"(Abagoberezi ba Yesu) bwe baali beekaliriza amaaso mu ggulu bw'agenda, laba, abantu babiri ne bayimirira kumpi nabo nga bambadde engoye ezitukula: abayogera nti abantu b'e Galiraya kiki ekibayimirizza nga mulaba mu ggulu? Oyo Yesu abagyiddwako okutwalibwa mu ggulu alijja bw'atyo nga bwe mumulabye ng'agenda mu ggulu." - Bikolwa 1:10-11.**

Ku lunaku lwe olw'okudda mu ggulu okuva ku nsi kuno, bamalayika baakakasa abatume nti; Yesu y'omu atwaliddwa mu ggulu, so si mulala - agenda kudda mu buntu bwe nga Kabaka wa bakabaka. Yesu oyo y'omu eyawonyanga abalwadde era n'azibula n'abazibe b'amaaso. Yesu oyo yennyini eyaayogera ebigambo eri omukyala eyakwatibwa mu bwenzi. Yesu y'omu oyo

eyasangula amaziga g'abakungubazi era eyawambaatira abaana mu kifuba kye. Yesu y'omu oyo eyafa ku musaalaba eyasula mu ntaana era ku lunaku olw'okusatu n'azuukira okuva mu bafu.

(3) Yesu alijja naffe tulisobola okumulaba?
**"Laba ajja n'ebire, ERA BULI LIISO LIRIMULABA." - Kubikkulirwa 1:7** *(ekitundu ekisooka).*

Abantu bonna abalamu, abatuukirivu era n'aboonoonyi bagenda kulaba okujja kwe. Yesu yennyini agamba nti: abantu bameka abalimulaba?

**"Awo lwe kalirabika akabonero ak'omwana w'omuntu mu ggulu; n'ebika byonna eby'ensi lwe birikuba ebiwoobe, bariraba Omwana w'omuntu ng'aja ku bire eby'eggulu n'amaanyi n'ekitiibwa." - Matayo 24:30.**

Buli muntu yenna omulamu ali ku nsi agenda kulaba Yesu.

(4) Ani aliweerekera Yesu ng'ajja?

**"Naye omwana w'omuntu bwalijjira mu kitiibwa kye ne bamalayika bonna (nga bali) naye, awo bw'alituula ku ntebe ey'ekitiibwa kye." - Matayo 25:31.**

Kuba akafaananyi kiriba kitya Yesu bw'anaakomawo n'ekitiibwa kye kyonna nga kimwetoloode n'ebamalayika be bonna.



(5) Tusobola okumanyira ddala essawa n'olunaku Yesu gy'aliddirako?
**"Naye eby'olunaku luli n'ekiseera tewali abimanyi, newankubadde bamalayika ab'omu ggulu, newankubadde omwana wabula Kitange yekka... Mukale nammwe mweteeketeeke, kubanga mu kiseera kye mutalowoolezamu Omwana w'omuntu ky'alijjiramu." - Matayo 24:36, 44.**

Buli muntu ajja kulaba okujja kwa Yesu okw'ekitibwa, naye bangi bagenda kuba nga tebamweteekeddeteekedde. Ggwe ku bubwo weeteeseteese olw'okujja kwa Yesu?

**3. KIKI YESU KY'ANAAKOLA BW'ANAJJA OMULUNDI OG'OKUBIRI?**

(1) Agenda kukung'anya abantu bonna abaalokolebwa (abalonde).
**"Era alituma bamalayika be n'eddoboozi ddene ery'ekondere, nabo balikung'anya abalonde be mu mpewo ennya, okuva ku nkomerero y'eguulu okutuusa ku nkomerero yalyo." - Matayo 24:31.**

Singa ng'okkiriza Yesu okuteekateeka omutima gwo n'obulamu bwo, ogenda kumwaniriza mu ssanyu ng'omulokozi.

(2) Yesu ajja kuzuukiza abafu abatuukirivu.
**"Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogeera waggulu n'edooboozi lya malayika omukulu n'ekondere lya Katonda, nabo abafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira." - 1 Basesalonika 4:16.**

Yesu ajja kukka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu. Eddoboozi lye ery'ekitalo ligenda kuwulirwa okwetoloola ensi yonna. Era okwogera kwalyo kuggulawo entaana era ne lizuukiza obukadde n'obukadde bw'abantu abaafa nga bakkiriza Yesu okuyita mu mirembe gyonna. Nga ssanyu liriba lya kitalo nnyo!

(3) Ku kujja kwe Yesu agenda kufuusa abatukuvu bonna si batukuvu abafu bokka - naye n'abatukuvu abalamu.
**"Naffe abalamu abasigalawo ne tulyoka tutwaliba wamu nabo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga, kale bwe tutyo tunabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna." - 1 Basesalonika 4:17.**

Olw'okuteekateeka okubeeranga naye emirembe n'emirembe. Yesu agenda kukyusa emibiri gyaffe gino egifa mu mibiri egy'ekittiibwa egitafa.



**"Laba mbabuulira ekyama, tetulyebaka ffena, naye ffena tulifuusibwa, mangu ago, nga kutemya kikowe, akagombe ak'enkomerero bwe kalivuga, kubanga kalivuga n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa kubanga oguvunda guno kigugwanira okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa." - 1 Abakolinso 15:51-53.**

Yesu bw'anajja, "tujja kufuusibwa." Kirowoozeko okumala akaseera. Tewakyali kabootongo, tewakyali kukozimba, yadde kokolo. Amalwaliiro gaggalidwawo n'okuziika tewakyali Kristo azze.

(4) Yesu ajja kutwala abatukuvu bonna mu ggulu.
Yesu yennyini yasuubiza nti, "Ndikomawo nate ne mbatwala gyendi mubeere nange" mu nnyumba ya Kitange (Yokana 14:1-3). Petero ayogera ku busika obw'abanunule (1 Petero 1:4). Tukyasobola okulindirira okulambula ekibuga kya Katonda eky'ekyewuunyo. Yerusalemi ekiggya era n'okulaba Kitaffe ow'omu ggulu.

(5) Yesu agenda kuggyawo ekibi era n'okubonaabona eky'ekiseera kyonna. Ababi b'ebo abajeemera okukkiriza ekirabo kyonna eky'ekisa kya Yesu - mu butuufu bagenda kwesalira bokka omusango. Bwe balitunuulira mu maaso ga Yesu ng'ajja gye bali ku bire. Olw'okutegeera ebibi byabwe bigenda kubalumya nnyo okubyetikka era balikaabirira ensozi era n'amanyinja nti, "Mutuggweeko mutukise mu maaso g'Oyo atudde ku ntebe, ne mu busungu bw'Omwana gw'endiga" (Kubikkulirwa 6:16). Balyegomba okufa okusinga okuyimirira mu maaso ga Yesu alaba byonna.

Bakimanyi nti eddoboozi kaakano eribwatuka okuva mu bire olunaku olumu lyabeegayiriranga okukkiriza ekisa kya Katonda. Abo abaabuza obulamu bwabwe nga banoonya ensimbi mu makubo agatali mattufu, oba amasanyu, oba kufuna buyinza mu kiseera kino balikitegeera nti baagayalirira eky'obugagga eky'omugaso ekisinga byonna eky'obulamu.

Kuno kuliba kuzikirira. Newankubadde ng'ebyo biribeera bwe bityo, tewali n'omu eyayagala okuzikkirira. Katonda yennyini talina ssanyu mu kufa kw'ababi (Ezekieri 33:11). "Tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke mu kwenenya" (2 Petero 3:9). Yesu atwegayirira nti, "Mujje gyendi mmwe mmwenna abakooye era abazitoweereddwa, nange nnabawummuza" (Matayo 11:28). Naye kino tekkikkirizika, abantu abamu bagana okuyita kwe kuno okw'ekisa.

**4. WEETESETEESE OKUSISINKANA YESU BW'AKOMAWO?**

Yesu kyamutwalako kinene okusobola okutukakasa ekiseera eky'omu maaso nti, "Muyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi." Okukikola kyamutwalako bulamu bwe **"Era ne Kristo bw'atyo bwe yamala okuweebwayo omulundi ogumu okwetikka ebibi by'abangi alirabika omulundi ogw'okubiri awatali kibi eri abo abamulindirira olw'obulokozi." - Abebbulaniya 9:28.**

# ZUULA



Omulokozi eyafa ku musaalaba okuggyawo ebibi byo ajja kukomawo "Omulundi ogw'okubiri era ajja kuleeta obulokozi eri bonna abamulindirira." Kristo yeewaayo okukomererwa alyoke awe buli kinnomu ku ffe obulokozi. Naye awatali kudda kwe omulundi ogw'okubiri omusaalaba gwe guba tegulina mugaso. Kristo ayagala okutuwa amaka ag'emirembe gyonna nga tuli awamu naye. Kino okubaawo tuteekwa okumukkiriza okufuga emitima gyaffe ng'omulokozi waffe era Mukama waffe kaakako.

Ku lunaku olwa August 16 omwaka 1945, mu bukiika obwa kkono obwa China, omulenzi omuto yadduka emisinde ng'ayita mu kisaawe e Shanturg, nga bw'aleekanira waggulu nti yali alabye ennyonyi mu bire. Abantu bonna abaali beesobola abaali basibiddwa mu nkambi baafuluma era ne batunula waggulu. Abaami bano, n'abakyala bano baali baabonaabona dda emyaka mingi egy'okwawulibwa okuva ku bantu baabwe, n'okujjibwako ebyabwe, okweralikirira, nga basibiddwa Abajapani olw'okuba abatuuze ab'eggwanga ery'omulabe. Eri abangi ekintu kimu kyokka ekyabakuuma nga balamu mu Mwoyo, lye essubi nti olunaku lumu olutalo lugenda kuggwa.

Abantu 1,500 abaali abasibe abaali basibiddwa bwe bakitegeera nti ennyonyi eno yali esobola okuba ng'ezze kuddukira bo. Ng'eddoboozi ly'ennyonyi ligenda lyeyongera okuvuuma, omu ku bo n'ayogera nti, "Laba, ebendera ya America esigiddwa ku ludda olumu olw'ennyonyi." Era nate nga n'okulowooza kubaweeddemu mu butakkiriza eddoboozi ne ligamba nti, "Laba, abali mu nnyonyi batuwubira emikono. Batumanyi, bazze kutunona."

Mu kiseera kino essanyu lyassukirira abantu bano abaali bakyasigaddewo. Abantu baagwa eddalu. Abantu batandika okudduka nga beetoloola, nga bawogganira waggulu nga bawuuba emikono gyabwe ate nga bwe bakaaba.



Amangu ddala abantu bakitegeera era n'ebasirika ne bateeka. Olugi olwa wansi olw'ennyonyi amangu ddala lweggula era abantu batandika okuvaamu nga bakka ne Paracuti. Abanunuzi baabwe baali nga tebakyali ba kujja olunaku olumu oluli eyo mu maaso, naye baali bazze ku lunaku olwo lwennyini. Mu kiseera ekyo baali nga bali awo mu maaso gaabwe.

Abantu beeyongera okukung'ana ku mulyango gw'ekisaawe. Tewali n'omu eyayimirira okulowooza ku mundu seruwandula masasi eyali ebatunuulidde ng'eva ku kitikkiro kyenju. Nga bamaze emyaka mu bunaku, olw'okubeera bokka, bayita mu lugi ne badduka okutuuka abanunuzi abajjira mu nnyonyi we baagwa.

Mu bwangu ddala nnamungi w'omuntu ono yakomawo era ne badda mu nkambi yaabwe nga beebagadde, abaserikale ku bibegabega byabwe. Omukulu eyali akuuma enkambi eyo yeewayo yekka awatali kulwana. Mu butuufu ddala olutalo lwali luwedde. Eddembe lyali lizze. Ensi yafuuka mpya.

Mu bwangu ddala Katonda waffe, omulokozi waffe ajja kukka okuva mu bire okutununula. Ebyafaayo ebiwanvu eby'entiisa eby'obukambwe bw'omuntu eri muntu munne bijja kukomezebwa. Wajja kubeerawo okusanyuka ku lunaku olwo, okwogerera waggulu okw'essanyu, nga n'ekisembayo olwo ne tutegeera nti, "Okujja kwe kusembedde, nsobola okulaba nga bamalayika nga bafuuwa eng'ombe zaabwe." N'eddoboozi ly'ekkondere lyeyongera okuleekana. Ekire eky'ekittiibwa kyeyongera okumasamasa okutuusa lwe kinaaba nga tekikyaggumikirizika. Naye tetuteekwa kuyimirira nga tutunla butuunuzi nga bwetukitegedde

nti, "Andaba, Amaanyi nga bwendi." Tugenda kutegera nga tulina essanyu eritannyonnyolekeka: ONO ye Katonda wange, "Ajja ku lwange, si lunaku lulala, naye olwa lero, mu kiseera kino kyennyini."

Weeteeseteese okwaniriza Kabaka mu kitiibwa kye? Oba nga si bwe kityo, nsaba oyite Yesu yennyini mu buntu ajje mu bulamu bwo kaakano. Ng'okujja kwa Yesu bwe kugenda okumalawo emitawaana egy'ensi, bwe kityo mu ngeri y'emu okujja kwa Yesu mu mutima gwo kujja kukuyamba mu bizibu byo ebya buli lunaku. Yesu omugonjoozi w'ebizibu omukulu asobola okukuwonya okuva mu kusingibwa omusango ne mu mugugu ogw'ekibi, era n'akuwa obulamu obutaggwaawo.

Okujja kwa Yesu mu bulamu bwo kusobola okukukyusa emirembe gyonna, mu ngeri y'emu ng'okujja kwe mu nsi bwe kugenda okugikyusa ddala. Okyasobola okwesigama ku Yesu. Ajja kukuteekateeka olw'okujja kwe omulundi ogw'okubiri era ajja kukuwa obukakafu obw'obulamu obw'emirembe ne mirenbe ate obusanyufu.

# ZUULA

## AMAKA GO MU GGULU

Omusajja ayitibwa Marco Polo, bwe yakomawo mu kibuga ky'ewaabwe Venice, oluvannyuma lw'emyaka emingi gye yamala ng'ali mu buvanjuba, mikwano gye baamulowooza nti agudde eddalu, olw'olugendo lwe yamalako emyaka emingi. Yalina ebintu bingi bye yategeezanga banne bye batakkiriza.



Marco Polo yali atuuseko mu kibuga ekimu nga kijjudde zaabu ne ffeza. Yali alabye ne ku jjinja eriddugavu eryaka omuliro, naye beyali ategeeza tewaali nomu eyali alabye manda (amayinja ga coal) Yali alabye olugoye olutasirira muliro newankubadde ng'olusudde mu kikoomi wakati, naye bambi beyali ategeeza baali tebalabanga ku Asbestors. Yabategeeza nga bwe yali alabye ku musota omunene ennyo oguweza obuwanvu entaliga z'omuntu ekkumi naye ng'oluba lwagwo lusobola okumira omuntu, ekinyeebwa ekinene ekyenkana omutwe gw'omuntu obunene ate nga munda kyeru ng'amata. Amazzi agava mu ttaka naye nga mubutuufu ge gayasa ettaala. Naye mu bantu beyali ategeeza waali nga tewabangawo n'omu eyali alabye ggoonya, ennazi yadde amafuta g'ettaala nga si masengejje. Ebintu ng'ebyo byabasesanga busesa. Oluvanyuma lw'emyaka nga giyiseewo, Marco Polo bwe yali ng'afa, omusajja nnalukalala eyamuli ku lusegere ku kitanda kye yamulagira amenyewo ebigambo ebyo byonna ebiwanvu bye yali abategeezezza. Naye Marco Polo yabaddamu nti: "Bituufu - buli kantu konna kennabategeeza katuufu. Mu butuufu, nnabategeezako kimu kya kubiri (½) ku ebyo byonna bye nnalaba."

Abawandiisi ba Bayibuli abatuwa ekifaananyi ekitono eky'eggulu bwe lifaanana okutujjukiza ebyo ebyali ku Marco Polo. Nga bali mu kwolesebwa ekifo ekimasamasa eky'ekitalo ekyenkaniddewo nga basobola kutunnyonnyolako katundu butundu ku ebyo bye balaba. Era naffe ne tufuna okusoomozebwa okufaananako nga mikwano gya Marco Polo. Tugezaako okugerageranya "ggoonya ne ekibala ky'ennazzi" bye tutalabangako. Kubanga ekifaananyi ekitono kye tufuna mu Bayibuli kitulaga nti eggulu kintu kinene nnyo kisinga okutuula ku bire ne tukuba ennanga zaffe.

**1. EGGULU KIFO KYA MAZIMA ERA GYE KIRI?**

Yesu kaakati atuteekerateekera ebifo byennyini mu ggulu lyennyini.

**"Omutima gwammwe tegweralikiriranga: mukkirize Katonda era nange munzikirize (Yesu). Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeramu. Singa tekiri bwe kityo, nandibagambye; KUBANGA NG'ENDA OKUBATEEKERATEEKERA EKIFO. Era oba nga ng'enda okubateekerateekera ekifo, NDIKOMAWO NATE ne mbatwala gyendi, nze gyendi; nammwe mubeereyo." - Yokana 14:1-3.**

Yesu ajja akomawo ku nsi yaffe eno omulundi ogw'okubiri okututwala mu mayumba mu kibuga eky'omu ggulu ekyo eky'ekitiibwa ekinene kye tutalowoozangako - Yerusalemi ekiggya. Ng'eyo tumazeeyo emyaka lukumi (1000) Kristo ateeketeeka okuleeta eggulu eryo wano ku nsi yaffe. Ng'ekibuga Yerusalemi ekiggya kikka okuva mu ggulu, omuliro gugenda kwokya ensi eno gugirongoose. Ensi eno ng'ezziddwa buggya olwo erifuuka amaka



ag'olubeerera ag'abanunule. (Kubikkulirwa 20:7-15. Ojja kwongera okuyiga ku bino mu ky'okuyiga ekya No. 22.)

Kiki ekirala ekiddirira omuwandiisi Yokana eyawandiika Kubikkulirwa ky'atukubira ekifaananyi?

**"Nendaba eggulu eriggya n'ensi empya: kubanga eggulu ery'oluberyeberye n'ensi ey'oluberyeberye nga bigenze; n'ennyanja nga tekyaliwo. Ne ndaba ekibuga ekitukuvu Yerusalemi ekiggya, nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda, nga kitegekeddwa ng'omugole ayonjereddwa bba. Ne mpulira eddoboozi eddene eriva mu ntebe nga lyogera nti laba, eweema ya Katonda awamu n'abantu, era anaatulanga wamu nabo; nabo banaabeeranga bantu be, naye Katonda yennyini anaabeeranga wamu nabo. Katonda waabwe." - Kubikkulirwa 21:1-3.**

Ng'amaze okukyusa ensi eno n'omuliro; Yesu yasuubiza baani abalibeera mu nsi empya?

**"Balina omukisa abateefu kubanga abo balisikira ensi." - Matayo 5:5.** *(era soma ne kubikkulirwa 21:7.)*

Kristo atusuubiza okuzza obuggya ensi eno eyali ennungi ku mbeera yayo ennungi eyasooka ey'omu Adeni era abateefu gye bagenda okusikira.

**2. TULIBEERA N'OMUBIRI MU GGULU?**

Yesu bwe yalabikira abayigirizwa be mu mubiri gwe ogw'ekitiibwa ng'amaze okuzuukira; omubiri gwe yagunnyonnyola atya?



**"Mulabe engaro zange n'ebigere byange, nga nze nzuno mwene; munkwateko mulabe; kubanga omuzimu tegulina nnyama na magumba, nga bwe mulaba, nze bwe ndi nabyo." - Luka 24:39.**

Yesu yalina omubiri gwennyini, Yayita Tomasi amukwateko (Yokana 20:27). Ku mukolo guno yatambula n'ayingira mu nnyumba, ya yogera eri abantu ddala; era n'alya emmere yennyini (Luka 24:43). Eggulu si lya kusikirwa mizimu, naye abantu bennyini abo abasanyukira eby'obulamu obw'Omwoyo era abalina emibiri egy'ekitiibwa.

**"Kubanga ffe ewaffe mu ggulu, era gye tulindirira omulokozi okuvaayo, Mukama waffe Yesu Kristo; aliwaanyisa omubiri ogw'okutoowazibwa kwaffe okufaananyizibwa ng'omubiri ogw'ekitiibwa kye." - Abafiripi 3:20,21.**

Tusobola okuba abakakafu nti emibiri gyaffe egy'omu ggulu gigenda kubeera migumu era nga mikakafu ng'omubiri gwa Yesu eyazuukizibwa bwe gwali. Mu ggulu, abantu baffe n'ab'emikwano betwabeeranga nabo mu maka gaffe tugenda kubeetegereza.

**"Kubanga kaakano tulabira mu ndabirwamu ebitalabika bulungi; naye mu biro biri tulitunulagana n'amaaso: kaakano ntegeerako kitundu; naye mu biro biri nditegeerera ddala era nga bwe nnategeererwa ddala." - 1 Kolinso 13:12.**

Mu ggulu "tulitegeerera ddala" Tugenda kutegeera era tusanyukire buli kinnomu n'okusinga nga bwe kiri kaakano mu nsi eno. Abayigirizwa ba Mukama waffe Yesu baamwetegereza ng'ali mu mubiri gwe ogw'omu ggulu, bulungi nnyo nga basinziira ku ndabika ye gye baali bamanyi (Luka 24:36-43). Maliyamu

ku ntaana yamumanyira ku ddoboozi lye, lye yali amanyi bwe yamuyita erinnya lye (Yokana 20:14-16). Abayigirizwa be ababiri ku lugendo olwali lugenda Emawo baamutegeerera ku neeyisa ye gye baali bamanyi. Bwe beetegereza engeri omugenyi bwe yawa emmere omukisa, ne bamutegera nga Mukama waabwe olw'empisa ye eyo gye yali alina (Luka 24:13-35).

Abanunule bagenda kufuna essanyu ely'okuddamu okulabagana nate amaaso n'amaaso mu ggulu. Teebeereza essanyu olw'okutegereza okuseka kwa mukyala wo oba okuyita kwe wali omanyi okw'omwana gwe waziika mu ttaka emyaka mingi egiyiseewo, oba obubonero obw'enneeyisa ey'omukwano eya mukwano gwo. Tugenda kubeera n'ekisera eky'emirembe gyonna okunyweza enkolagana ey'obulamu obusingira ddala okuba obw'omuwendo era n'okukwana emikwano mu bantu abasingira ddala okutusanyusa mu nsi yonna era ne mu ggulu.

**3. MU GGULU TULIBA TUKOLA MULIMU KI?**

Tulina emirimu mingi egy'okukola mu ggulu. Kiri kitya okukuba pulani n'okuzimba enju yo gye wali olowoozezzako?

**"Kubanga laba, ntonda eggulu eriggya n'ensi empya; so ebintu ebyasooka tebirijjukirwa so tebiriyingira mu Mwoyo… Era ndisanyukira Yerusaalemi ne njaguliza abantu bange… Era balizimba ennyumba ne basula mu era balisimba ensuku ez'emizabbibu ne balya ebibala byamu… Abalonde bange balirwawo nga balya omulimu gw'engalo zaabwe." - Isaaya 65:17-22.**

Yesu ateekateeka amaka gaffe kinnomu mu kibuga ekitukuvu, Yerusalemi ekiggya (Yokana 14:1-3; Kubikkulirwa 21). Ennyiriri zino ziwa ekirowoozo nti tugenda kuzimba amayumba amalala - mpozzi biriba ebyalo ebirungi ebyetoloodde ennimiro ez'omu ggulu zijudde obulamu obw'ebimera ebya buli ngeri. Ani amanyi magezi ki agatulindiridde mu buyigirize obwa Katonda. Obuvumbuzi obw'ekiseera kino obwa saayansi n'obw'engendo empanvu ez'ebizungirizi bigenda kulabika ng'omuzannyo gw'abaana bwe tulitandika okuvumbula mu nnyumba ya Kitaffe.

Oyagala nnyo obulungi bw'ebiyiriro eby'amazzi, omuddo omuto, amatondo g'enkuba ey'ebibira, oba ebimuli ebyakasansula?



**"Kubanga Mukama asanyusizza Sayuni… n'afuula olukoola lwe okubanga nga Adeni n'eddungu lye okubanga ng'olusuku lwa Mukama; essanyu n'okkujaguza birirabika omwo, okwebaza, n'eddoboozi ery'okuyimba." - Isaaya 51:3.**

Katonda agenda kufuula ensi nga olusuku lwa Adeni olwasooka. Teribaayo nate buseerezi, oba olufu, oba ekyeya, ennyanja egenda kubeeranga nteefu, emiti egy'amanyi. Era n'embalama z'ensozi nga si nkulubufu.

Si bulungi bwansi bwokka era n'obuyinza bwaffe okubitegeera bugenda kweyongera nnyo. Kigenda kutufaananira ng'olunaku olusooka omuntu amaze ebbanga eddene nga mulwadde lw'afuluma ebweru. Era eddakiika amakumi abiri ezisooka bwe kityo bwe kigenda okuba emirembe gyonna.

Osanyukira nnyo okufuna ebintu ebiggya ebikubaako? Okugeza: ng'okuyiga? Oba okutonda?

"Eyo abantu abatafa n'essanyu eringi bagenda kurowooza eby'amagero eby'amaanyi ag'obutonzi, n'ebyama eby'okwagala okununula…. Amagezi aga buli ngeri yonna eg'ebirowoozo gagenda kweyongera, awamu n'amaanyi. Ebyetaaga ebyo okutegeera tebigenda kukooyesa birowoozo oba

okumalamu amaanyi. Eyo okutugeera okusingira ddala obukulu kugenda kweyongera mu maaso, ebirubirirwa ebisinga okuba ebyawaggulu bituukibweko era buli kiseera wagendanga kubeerawo okulinnyalinnya okugenda waggulu, n'ebyewuunyo ebyokutenda, amazima amaggya okutegeera, ebintu ebiggya ebyetaagisa amaanyi ag'ebirowoozo Omwoyo n'omubiri. Eby'obbugagga byonna eby'eggulu n'ensi bigenda kuggulibwawo olw'okuyiga okwa bantu ba Katonda abanunule." - Ellen G. White, Olutalo Olunene (Nampa, Idaho; Pacific Press Publishing Association, 1950) Olupapula 677.

**4. EKIBI KIRIDDAMU NATE OKUBONYAABONYA ABANTU MU GGULU?**

**"So temuliyingira mu kyo n'akatono ekintu kyonna ekitali kirongoofu newankubadde akola eky'omuzizo n'obulimba; wabula abo bokka abawandiikibwa mu kitabo eky'obulamu eky'omwana gw'endiga." - Kubikkulirwa 21:27.**

Katonda agenda okujjirawo ddala ekibi awamu n'ebyo ebikolobero ebyava mu kibi, tebigenda kuddayo kulabika nate. Yesu bw'anaalabika tujja kuba nga tumufaanana (1 Yokana 3:2). Mu kifo ky'okulwana n'ebirowoozo: ky'okutta. Okubba, okulimba, oba okusobya ku bakazi. Tujja kugoobereranga ekisa eky'omuggulu.

**"(Katonda) alisangula buli zziga mu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate, so tewaabengawo nate nnaku newankubadde okukaaba newankubadde okulumwa; eby'oluberyeberye biweddewo." - Kubikkulirwa 21:4.**

Newankubadde omulabe waffe asingira ddala obubi "kufa" alijjibwawo. Mu nsi ey'omu ggulu ey'obuvubuka obw'emirembe n'emirembe, abanunule "tebafa" (1 Kolinso 15:53); tewali batuuze abaayo abagenda okubonaabona olw'emyaka egy'obukadde.

Eggulu terigenda kukoma bukomi kuzikiriza ebyo ebyava mu kibi kyokka, naye era ligenda kubijjawo. Lowooza, kiribeera kitya eri abantu abo abaabonaabonanga mu bulamu bwabwe bwonna n'obulema:

**"Awo amaaso g'omuzibe w'amaaso ne galyoka gazibuka, n'amatu g'omuggavu w'amatu galigguka. Awo awenyera n'alyoka abuuka ng'ennangazi; n'olulimi lwa kasiru luliyimba olw'essanyu." - Isaaya 35:5,6.**

**5. SSANYU KI ERISINGIRA DDALA OKUBA EDDENE MU GGULU?**

Kuba ekifaananyi eky'okulaba Mukama afuga eggulu n'ensi amaaso n'amaaso.

**"Laba eweema ya Katonda awamu n'abantu, era anaatula wamu nabo, nabo banaabeeranga bantu be, naye Katonda yennyini anaabeeranga wamu nabo, Katonda waabwe." - Kubikkulirwa 21:3.**



Katonda ayinza byonna atusuubiza okubeera mukwano gwaffe era omusomesa waffe. Nga ssanyu lya kitalo okutuula ku bigere bye!
Lowooza kaakano, abanunule balifuna omukisa ogutaggwaawo ate ogusinga obunene. Bagenda okunnyumyamu, n'omukozi w'ennyimba zonna, ow'amagezi gonna, era omusiizi w'ebifaananyi. Bagenda kubeera n'omukwano ogugenda ewala ne Katonda ekisingira ddala obunene okufumitiriza mu nsi yonna. Era omukwano guno gugendanga kubeeerawo mu kusinza.

# ZUULA

**"Awo olulituuka, okuva ku mwezi okutuuka ku mwezi, n'okuva ku Ssabbiiti okutuuka ku Ssabbiiti, bonna abalina omubiri banajjanga okusinza mu maaso gange, bwayogera Mukama." - Isaaya 66:23.**

Mu makkati g'ekibuga eky'omu ggulu mulimu entebe ya Katonda ennene enjeru. Eyeetolooddwa musoke afaanana ng'ejjinja eriyitibwa Zumaridi. Amaaso ge gamasamasa ng'enjuba eyaka. Wansi w'ebigere bye ennyanja ey'endabirwamu efaanana ng'ejjinja eritangalijja ng'ebunye wonna. Mu kifo kino ekitangalijja ekiraga ekitiibwa kya Katonda, abanunule bakukung'ana olw'okutendereza kwabwe okw'essanyu ery'obuwanguzi.

**"N'aba Mukama abaagulibwa balikomawo, ne bajja e Sayuni nga bayimba: n'essanyu eritaggwaawo liribeera ku mitwe gyabwe; alifuna essanyu n'okujaguza, n'okunakuwala n'okusinda kuliddukira ddala." - Isaaya 35:10.**

Wano we wali Katonda oyo alina obulungi bwe obutaggwaawo. Obwesigwa bwe, n'obugumikiriza bwe, n'okusaasira kwe bubeerawo ennaku zonna. Mutendereze erinnya lye ettukuvu.

**6. TUTEEKWA BUTEEKWA OKUBEERAYO!**

Yesu ayagala olunaku olwo olw'oku musisinkane amaaso n'amaaso. Y'ensonga lwaki yamalirira okukununula okuva mu bibi byo ku muwendo omunene bwe gutyo. Nawe ggwe kennyini oteekwa okukozesa omukisa ogw'ekirabo kye ekyo. Oteekwa okumalirira okwewayo eri Kristo nga Mukama era omulokozi wo. Weetaaga okusonyiyibwa okwo okutuweebwa okuva ku musaalaba, kubanga mu kibuga kya Katonda Yerusalemi ekiggya:

**"Temuliyingira mu kyo n'akatono ekintu kyonna ekitali kirongoofu newankubadde akola eky'omuzizo n'obulimba; wabula abo bokka abawandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu eky'omwana gw'endiga." - Kubikkulirwa 21:27.**



Yesu atulokola okuva mu kibi, so tatulokolera mu bibi byaffe. Tuteekwa okujja gy'ali okuyita mu maanyi ge ngagali muffe era atuggye mu butali bulongoofu ne mu butali butuukirivu bwaffe. Yesu kye kyama kyaffe olw'okuyingira mu bwakabaka bwe obunatera okujja amangu.

Era obwakabaka obwo bukyasobola okutandika kaakano mu mutima gwo. Kristo bw'atulokola okuva mu bibi byaffe, atonda mu ffe eggulu ettono. Asobola otuyamba okukolagana n'ebyo ebituluma, ng'okwelarikirira, obusungu, okwegomba, okutya, era n'okusingibwa omusango.

Okubeera n'essubi ery'eggulu si kwe kudduka okuva mu mitawaana egy'obulamu buno, naye kituyamba okutondekawo eggulu eddala ku nsi kuno. Mu kiseera ekitali ky'ewala waliwo okubalirira okwakolebwa nti: abo abakkiririza mu bulamu oluvanyuma lw'okufa balina obulamu obusinga obusanyufu era beesiga nnyo abantu okusinga abo abatalina nzikiriza eyo.
Tewali kintu kigenda kukola ku bulamu bwo mu kiseera kino okusinga enkolagana yo ey'obwesige ne Kristo Yesu. Wuliriza engeri omutume Petero gy'annyonnyola amaanyi ag'okukkiriza okulamu:

**"Yesu, oyo mumwagala newankubadde temumulabangako. Mumukkiriza newankubadde temumulaba kaakano, ne mujjula essanyu ery'ekitalo era eritalojjeka, ne mufuna kye mwagenderera mu kukkiriza kwe kulokoka kw'obulamu bwammwe." - 1 Petero 1:8,9.**

# ZUULA

Awamu n'ebyo byonna - gattako n'eggulu. Omaze okuzuula obulamu obungi Kristo bw'ayagala gwe obufune? Munnange nkusaba oleme okugaana ekirabo kye eky'okuyita kwe okw'ekisa.

**"Mwoyo Omutukuvu n'omugole bagamba nti: "Jangu!" Era buli awulira bino agamba nti 'Jangu!' Buli alumwa ennyonta ajje, era buli ayagala amazzi ag'obulamu, agafune awatali kusasula." - Kubikkulirwa 22:17.**

Yesu ali wamu naawe kaakano, ng'ayogera mu mutima gwo ng'osoma ennyiriri zino. Akuyita nti: "Jangu!" "Jangu!" "Jangu!" Teyandisobodde kuba na kwagala kusinga awo okwongera okuwaliririza. Oba nga tonakikola mu kaseera kano okusinga ebirala byonna gwe mukisa gwo okuzuula ekirabo kye.

Lwaki tomutegeeza nti okkiriza ekirabo kye eky'ekisa era nti oyagala emyaka egy'emirembe gyonna obeere naye. Mutegeeze nti omwagala. Mwebaze olwa byonna byakukoledde era n'olw'ebyo by'ateekateeka okukukolera. Singa nga owulira nga waliwo ekintu kyonna wakati wo ne Katonda, musabe akuwe obumalirivu okukijjawo. Olwa leero, ng'okyawulira eddoboozi lye, nga n'omutima gwo gukyakkiriza, weweeyo gy'ali awatali kwerekeramu. Mu kiseera kino nsaba okutamye omutwe gwo era omugambe nti: "Yesu, Mukama wange, nzijja gyoli. Mpaayo byonna bye nnina gyoli. Nja kubeeranga wuwo emirembe gyonna."

# ZUULA

## OKUDDA KWA YESU KULI KUMPI KYENKANA WA?

Abantu abasinga obungi ku ffe tulina obuzaale obutuwaliriza okwagala okulengerako mu kiseera eky'omu maaso. Twagala nnyo okumanya kiki ekiri emitala eri. Naye okulanga ekituufu kitulema. Yadde tulina obuzibu okutebeereza obudde obw'olunaku olw'enkya bwe bunaabeera!

Waliwo omuntu omu alina obunnabbi obwakakasibwa nga butuufu ddala. Yesu Kristo ng'ayita mu kigambo kye asobola okututwalako mu kiseera eky'omu maaso ye yemukulembeze eyeesigika. Mu ky'okuyiga kino kye tugenda okulaba ky'ayogera ku kiseera ky'okudda kwe omulundi ogw'okubiri. Awamu n'ebyo byonna, ani ayinza okusinga okumanya ekisingawo ku nkomerero ey'ensi okujjako oyo eyagitonda ku luberyeberye?

### 1. OBUBONERO OBULAGA NTI KRISTO AJJA KUJJA MU NNAKU ZAFFE

Nga Yesu amaze okutegeeza abayigirizwa be nti ajja kukomawo ku nsi yaffe eno omulundi ogw'okubiri (Matayo 23:39). Kibuuzo ki kye baamubuuza?

**"Tubulire, ebyo biribeerawo ddi? Era kabonero ki akaliraga okujja kwo, n'enkomerero y'ensi?" - Matayo 24:3.**



Yesu yakkiriza n'abaddamu mu ngeri etegeerekeka obulungi. Mu ssuula ya Matayo 24 ne Lukka 21, ye kennyini yawa "obubonero" bungi obukakafu obwo kwe tugenda okutegeerera ekiseera eky'okujja kwe nga kisembedde. Obunnabbi obulala obwa Bayibuli butuyamba okujjuza ekifaananyi, nga bunnyonnyola embeera y'ensi bw'eribeera nga Yesu anaatera okudda. Nga bwe tunaalaba obunnabbi buno bugenze nga butuukirira mu maaso gaffe; bulaga nti okujja kwa Kristo omulundi ogw'okubiri ku nsi kuli kumpi ku luggi.

Ka tulabe obubonero kkumi obuli ku kubbo erigenda mu ggulu era twetegereze ebibuuzo omutambuze ow'omulembe guno by'ayinza okwebuuza bw'asoma ku bubonero buno.

**AKABONERO AKASOOKA - OKUBONAABONA! OKUTYA! OKWELARIKIRIRA!**
Emyaka giyise nkumu bbiri (2000) Yesu bwe yawa obunnabbi obunnyonnyola embeera eya bulijjo ey'obulamu era bw'osoma buwulikika nga obwavudde mu mawulire ag'olunaku olw'eggulo erya leero.

**"Walibaawo eby'amagero ku njuba ne ku mwezi ne ku mmunyeenye. Ku nsi AMAWANGA GALYERALIKIRIRA nga gatya olw'okuwuuma kw'ennyanja n'okw'amayengo. ABANTU BALIZIRIKA OLW'ENTIISA N'OKWERALIKIRIRA EBIGENDA OKUBAAWO KU NSI. Kubanga eby'amaanyi mu bwengula bw'ebbanga birinyeenyezebwa. Olwo ne balaba omwana w'omuntu ng'ajjira mu bire, ng'alina obuyinza bungi n'ekitiibwa kinene. Naye ebyo bwe biritandika okubaawo, musitule era muyimuse emitwe gyammwe, kubanga okununulibwa kwammwe kuli kumpi." - Luka 21:25-28.**



Tewali ngeri ndala esingako awo obulungi gye tusobola okuwandiika ennyonnyola obulungi embeera ensi yaffe gy'erimu kaakati. "Abantu balizirika olw'entisa n'olw'okweralikirira olw'ebyo ebigenda okubaawo ku nsi." Eby'okulwanyisa ebiterekeddwa mu mawanika bisobola okuzikiriza ensi yaffe yonna. Kiri kitya singa

eby'okulwanyisa zzisabyalo eby'amaanyi ga nucliya biggwa mu mikono gya bannalukalala.

Ekigendererwa kya Yesu kwe kutuwa essuubi mu mirembe egirimu obuzibu. Obuzibu obuli ku nsi yaffe yonna "entisa n'okweralikirira'" bikakasa amazima gano nti okujja kwa Yesu Kristo "kusembedde." Mu kiseera kino emirundi egimu abantu bangi bakaaba olw'okutabukatabuka nga bagamba nti: "ate laba ensi ky'etuuseko." Naye omuyizi w'obunnabbi bwa Bayibuli asobola okuddamu n'eddoboozi eririmu essuubi nti: "Laba waliwo omuntu ajja ku nsi yaffe eno" Ye Yesu.

**AKABONERO AK'OKUBIRI - EBIZIBU BY'ENSI.**
Ebizikiriza eby'obutonde bijja bitya mu bubonero obw'ennaku ez'enkomerero?

**"Walibaawo okukankana kw'ensi okw'amaanyi, n'enjala ne kawumpuli mu bitundu bingi… bwe mulabanga ebyo nga bibaawo, mumanyanga nti obwakabaka bwa Katonda buli kumpi." - Luka 21:11, 31.**



Mu kaseera kano lowooza ku njala. Lowooza abaana abafa enjala nga n'embuto zibazimbye abatava ku mawulire. Ekyo tekyewuunyisa ensi, esobola okuweereza omuntu ku mwezi: tesobola kuliisa bantu baayo? Yesu yakitegeera nti enjala yali ya kulemerawo, era obuzaaliranwa obw'omuntu obw'okwerowoozako bujja kugenda nga bweyongera okuba obubi okutuusa ku nkomerero y'ekiseera.

Naye ate kiri kitya ku bikankano ebya Musisi? Okusinziira ku kitabo eky'ensi yonna omuwandiikibwa ebyo ebigwawo buli lunaku ku nsi eky'omwaka 1999, buli kyasa ekiddirira mu mulembe guno omukristayo wabaddewo okweyongera kwa kitalo mu bikankano ebya musisi, mu kyasa ekye 18. Musisi ow'amaanyi yayita emirundi mukaaga 6, mu kyasa 19 yayita emirundi musanvu 7, mu kyasa ekye 20 yayita emirundi egissukka 100. N'olwekyo obujulirwa bugenda bweyongera okulabika nga bwe tugenda tweyongera okusemberera ennaku zaffe.

Emiwendo gino gikakasa obunnabbi bwa Yesu. Enjala n'ebikankano ebya Musisi ow'amaanyi bigenda byeyongera okutuuka ku ntikko - obwakabaka bwa Katonda busembedde kumpi! Ekibuuzo ne kijja nti: ekyasa kya 21 kinaayongera kutuleetera ebikankano ebirala bikumi na bikumi oba kinaatuleetera kujja kwa kabaka wa Bakabaka?

**AKABONERO AK'OKUSATU - OKUKUNG'ANYA OBUGAGGA.**
Obugagga okugenda nga budda mu mikono gy'abasinga obutono ate ng'abalala beeyongera mu bwavu, amakulu ki?




**"Mukung'anyizza obugagga ng'enkomerero y'ensi eri kumpi okutuuka." - Yakobo 5:3.**

Newankubadde nga waliwo amagezi gaffe mu by'enfuna, abagagga beeyongera kubeera bagagga n'abaavu beeyongera kubeera baavu. Bannagagga abalina obukadde n'obukadde bw'ensimbi ke kabonero akalala akalaga okujja kwa Mukama waffe kuli kumpi (olunyiriri 8).

**AKABONERO AK'OKUNA - OBWEGUGUNGO MU BAKOZI.**
Lwaki obutamatira era n'obwegugungo mu bakozi bweyongera nnyo?

# ZUULA

**"Laba, empeera y'abakozi abaakungula ennimiro zammwe gye mulyazamaanya, ekaaba, n'ebiwoobe by'abo abakungula byayingira mu matu ga Mukama ow'egye. Era nammwe mugumikirizenga; munywezenga emitima gyammwe, kubanga okujja kwa Mukama waffe kuli kumpi." - Yakobo 5:4, 8.**

Ng'amaze okulanga okukung'anya obugagga obuteenkanankana mu nnaku zaffe Yakobo yalaba entalo nga zibalukawo nga ziva mu bakozi abatali bamativu. Olutalo wakati w'abakozi n'abakozesa zeyongera mu maaso. Akabonero akalala akalaga nti: okujja kwa Mukama waffe kuli kumpi.

**AKABONERO AK'OKUTAANO - OKWONOONEKA KW'EMPISA MU BANTU.**
Lwaki empisa ennungi ezifuga abantu ziddiridde?

**"Naye tegeera kino nga mu nnaku ez'oluvanyuma ebiro eby'okulaba ennaku birijja. Kubanga abantu baliba nga beeyagala bokka, abagala ebintu, ebeenyumiriza, ab'amalala, abavumi, abatagondera bazadde baabwe, abateebaza, abatali batukuvu, abatayagala ba luganda abatatabagana, abawaayiriza, abateegendereza, abakambwe, abatayagala bulungi, ab'enkwe, abakakanyavu, abeegulumiza, abagala essanyu okusinga Katonda; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegana amaanyi gaakwo; era nabo obakubanga amabega." - 2 Timosewo 3:1-5, 13.**



Waliwo omuntu omulala ayinza okulowooza n'okunnyonnyola ensi yaffe ekisingako obulungi? Ebirowoozo byo ebikuba ebifaananyi bitunuulize oludda lwonna lw'oyagala ennaku zino, ojja kulaba ekifaananyi eky'okwerowoozako eky'okufuna ebintu. Era ojja kulaba endwadde eyewuunyisa ey'okukwata abaana era n'okubonaabona. Ojja kufuna omuwendo gw'abavubuka b'otosobola na kubala abagudde eddalu, okutta abaana abato mu myaka gyabwe ekkumi era bonna nga boonooneddwa. Ebintu bino byonna ekifaananyi kye bituraga bitegeeza nti: okujja kwa Yesu kuli kumpi.

**AKABONERO AK'OMUKAAGA - OKUSAASAANA KW'OBUSAMIZE.**
Lwaki tulaba abantu okweyongera okusanyukira obusamize?

**"Kubanga walijja ba Kristo ab'obulimba ne bannabbi ab'obulimba, nabo balikola obubonero obukulu n'eby'amagero, n'okukyamya bakyamye n'abalonde oba nga kiyinzika." - Matayo 24:24.**

Ebyawandiikibwa bino biraga nti ku kiseera eky'enkomerero kigenda kulaga ebika ebya buli ngeri: eby'amagero, n'obubonero obw'obulimba. Abalogo n'abalaguzi bakulabika nga boogera. Omulembe omuggya (new age) kati bali buli wantu nga batunda amayinja agatangalijja agakola eby'amagero era nga bakolagana n'emyoyo egy'abafu, Obubonero, obw'obulimba, n'eby'amagero bikyase wonna. Bino byonna nga Yesu bwe yalagula byongera okukiraga obulungi nti tuli mu kiseera eky'okujja kw'Omwana w'omuntu (olunyiriri 27).

**AKABONERO AK'OMUSANVU - ENSI YONNA OKUZUUKUKA.**
Okuzuukuka kw'amawanga ga Africa, Middle East, Bulaaya (Europe) ne Buvanjuba amakulu gaakyo kiki?

**"Amawanga gayimuke gambuke… muteekeewo ekiwabyo, kubanga ebikungulwa byengedde; mujje… kubanga obubi bwabwe bungi… oluggube oluggube, oluggube lw'abantu mu kiwonvu eky'okumaliriramu! Kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi mu kiwonvu eky'okumaliririramu." - Yoweeri 3:12-14.**

Mu kiseera kino mu Asia ne Africa, mu buvanjuba bwa Bulaaya, edda eyayitibwanga Soviet Union, era n'ensi za Middle East, tulaba amawanga



kinnalimu agasingidde ddala okuzuukuka my byafaayo. "Kubanga olunaku lwa Mukama luli kumpi."

**AKABONERO AK'OMUNAANA - ENTEEKATEEKA EZ'EMIREMBE ERA N'OKUTEEKATEEKA ENTALO.**
Tuli mu nsi ey'ekitalo. Buli muntu akkiriza nti tuteekwa okubeera n'emirembe. Twogera mirembe, naye tweggalira mu ntalo, n'ezo ezimaze emyaka n'ebisiibo ziddamu okubaluka. Bannabbi Mikka ne Yoweeri baalanga nti mu kiseera kyennyini ng'amawanga mwegogeerera okwegomba emirembe (Mikka 4:1-3), olw'obutesiga baliraanwa baabwe kibawaliriza okuteekateeka olutalo (Yoweri 3:9-13).

Dda nnyo Bayibuli yatuwa ekifaananyi eky'obuzibu obw'eddembe omuli entalo era n'eyogera nti emirembe egy'olubereera gigenda kujja nga Kristo amaze okudda.

**AKABONERO OK'OMWENDA - OKUKULAKULANA KW'OMULEMBE.**
Lwaki oluvannyuma lw'ebyasa by'ebyafaayo by'omuntu eby'entambula n'eby'empuliziganya ennaku zino bigasse ensi wamu?

**"Okutuusa ekiseera eky'enkomerero kubanga bangi baliddingana mbiro, n'okumanya kulyeyongera." - Danieri 12:4.**

Danieri wano alaga nti okumanya okw'obunnabbi bwe kugenda kweyongera "okutuusa ekiseera eky'enkomerero" oba "mu" kiseera eky'enkomerero. Naye era obunnabbi buno bwogera butereevu ku mulembe gwaffe ogwa Kompyuta mu myaka emitono egiyise amagezi aga buli kika geyongedde ku misinde gya kimyanso. Amagezi agatuukiddwako mu myaka ataano egiyise gasinga obungi ago agavumbulwa mu myaka enkumi ebbiri egy'emabega egyayitawo.

"ABANTU BANGI BALIDDING'ANA MBIRO nga badda eno n'eri okwongera okuvumbula okumanya." Emabega eri ng'omwaka 1850 tegunnabawo, abantu baatambuliranga ku mbalasi ne ku bigaali byazo, mu ngeri y'emu nga bwe baakolanga mu biseera ebyasooka.

Mu kiseera kino tutambulira ku mbiro ezisinga eddoboozi kwe litambulira era ne twetoloora ensi mu ngeri yonna okuva ku nnyonyi za Konkoodi nokutuuka okutambulira mu bizungirizi.
Okweyongera mu by'entambula awamu n'okuvumbula ebintu ebiggya ebingi ebyakavumbulwa mu nnaku zino bwe bujjulirwa nti tuli, "mu kiseera eky'enkomerero."



**AKABONERO AK'EKKUMI - ENJIRI OKUBUULIRWA MU MAWANGA GONNA.**
Yesu yalagula nti ng'anatera okudda enjiri eteekwa okutuuka mu nsi yonna.

**"N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, awo enkomerero n'eryoka ejja." - Matayo 24:14.**

Emyaka mingi egyayita, kumpi kimu kyakubiri eky'ensi yaffe yali ng'esibiddwa mu buyinza obw'ekyuma, nga baggaliddwa obutawulira Amawulire Amalungi. Naye mu bbanga eritali ddene obuvanjuba bwa Bulaaya bwava mu bufuzi obw'ekyuma obwa Komyunisimu. Ekisenge ekiyitiibwa Berlin kyagwa era n'obufuzi obwa Soviet obw'amaanyi ne bukutukakutukamu. Mu bwangu ddala kumpi kimu kya kubiri eky'ensi yonna kyaggulwawo olw'okubuulira enjiri. Enjiri mu mazima ebuulirwa mu nsi yonna nga bwe kitabangawo oluberyeberye okuyita mu byuma eby'omulembe ebya Saterayiti obubaka obw'obukristayo buwerezebwa kumpi mu buli ggwanga. Tuli mu kiseera kyennyini Yesu kye yaayogerako bwe yagamba nti: "Nenjiri eno egenda kubuulirwa mu mawanga gonna olwo enkomerero n'eryoka ejja."

# ZUULA

**2. KISEERA KI YESU KY'ANAAJJIRAMU?**

Mu bwangu ddala ng'amaze okunnyonnyola ebintu ebiribaawo ebiriraga ekiseera ebiriddirirwa okujja kwe omulundi ogw'okubiri, Yesu yawumbawumba okulabula kwe ng'agamba nti:

**"Mazima mbagamba nti emirembe gino tegiriggwaawo, okutuusa ebyo byonna lwe birikolebwa." - Matayo 24:34.**



Okuwumbawumba kwe kutegerekeka - Emirembe gy'ayogerako gy'egyo egirimu obw'obunnabbi egigenda okulaba Yesu ng'ajja omulundi ogw'okubiri ku nsi. Tewajja kuyita kiseera kinene, Yesu okuggyawo ekibi era n'okubonaabona, n'okuteekawo obwakabaka bwe obw'emirembe n'emirembe. Yesu atulabula nti: "Naye tewali amanyi olunaku lwennyini n'essawa" (olunnyiriri olwa 36).

Era Yesu yeeyongera mu maaso okugamba nti:
**"Mukale nammwe mweteeketeeke kubanga mu kiseera kye mutalowoolezamu omwana w'omuntu ky'ajjiramu." - Matayo 24:44.**

**3. YESU LY'ESSUBI LYOKKA ERY'ENSI**

Kristo ye w'enkomerero, essuubi erisingira ddala obukulu ery'ensi yaffe. Kubanga ye yekka y'ayinza okukolagana na buli kintu kyonna ekigyonoona - kye kibi. Yesu yafa ku musalaba asobole okuggyawo ekibi era ffe ffena abakkiriza ekirabo eky'obulokozi alyoke atulokole.

**"Akola ekibi wa Sitaani, kubanga okuva ku luberyeberye Sitaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani." - 1 Yokana 3:8.**



Omulokozi waffe yatuteekerawo ekkubo eritusobozesa okuva ku nsi eno eggwaawo, bwe yeewaayo nga ssaddaaka omubiri gwe n'omusaayi gwe. Yesu oyo y'omu olunaku olumu agenda okuwonya ensi yaffe eno obulwadde bwonna ng'azikiriza ekibi, mu ssaawa eno akuwa okusangulwako omusango ogw'ekibi okuva ku bulamu bwo. Tolina kulindirira kutuusa ku kujja kwe omulundi ogw'okubiri akujje mu musango n'okwelarikirira era ne mu mpisa embi. Yesu ayagala okukuwa emirembe egy'ekisa kye mu kiseera kino kyenyini.

Omukyala omu omuvubuka bwe yali ng'akung'ana mu lumu ku nkung'ana ez'eddiini yawulira nga obulamu bwe bukwatiddwako olw'okubuulirwa kw'enjiri. Bwe yawuulira ebigambo by'okujja amangu okwa Yesu Kristo nga bibuulirwa, byonna byatereera. Yalaba nga kino kirimu amagezi, yasalawo nti ateekwa okulekeraawo okunoonya okwagala, essanyu n'emirembe mu bifo byonna ebikyamu. Yesu ye yali eky'okuddamu kyokka.

Olunaku olwaddirira ababuulizi b'enjiri bwe baagenda okumulaba, yabategeeza byonna ebibadde ku bulamu bwe obubi. Yali munywi wa mwenge lujuuju era nga n'obulamu bwe abuyimirizawo lwa kukola bwa malaaya. Ng'amaze okunnyonnyola obuzibu bwe bwonna yayoogera nga bw'akaaba nti: "olw'eggulo mu mazima wabadde oyogera ku nze."

Naye eddoboozi eryo lye yawulira nga lyogerera mu mutima gwe lyali ddoboozi lya Katonda. Era Katonda yali ayogera gyali mpola. Era n'omukyala yasalawo okutereeza byonna. Yasaba ng'ayita Yesu okujja mu mutima gwe ng'omulokozi we era nga Mukama we, era n'anywerera ku ssuubi ely'okujja kwe amangu.

# ZUULA

Mu wiiki ez'addirira yatandika okwetegereza mu bulamu bwe nti okutya kwe kwonna okungi, n'okweralikirira kwe kwonna ebyamutwalanga okunywa omwenge byali nga bigenze olw'okumala ekiseera kye nga ayogera ne Yesu. Yesu yatandika okumulokola mu maanyi agaali goonoona obulamu bwe.

Omukyala oyo yali akoze ebintu bingi ebyali bimuswaza. Naye ekisa kya Kristo era n'okusonyiyibwa byali bya maanyi okusinga obuswavu bwe. Ebyo ebyali ku mubbi ku musaalaba byalina amakulu mangi gyali.

Mu ssaawa ye ekomererayo eterimu ssuubi omubbi yakyukira eri oyo eyali abonaabona nga talina musango eyamuli ku mabbali n'amusaba nti: "Yesu onjijjukiranga ng'ojjira mu bwakabaka bwo" (Luka 23:42).

Eky'okuddamu eky'amangu okuva eri Yesu kwali okusuubiza omubbi ekifo mu lusuku lwa Katonda (olunyiriri olwa 43). Yesu oyo y'omu eyawa ekirabo eky'ekisa eky'okusonyiyibwa kw'omubbi eyali afa, mu kiseera kino akuwa gwe obulokozi obw'okusonyiyibwa okujjuvu era n'eddembe ery'ebirowoozo. Nsaba ebyo obyezuulire wekka kaakano.

Era naawe okyasobola okusaba ng'omubbi eyali afiira ku musaalaba nti, "Yesu, ongijjukiranga ng'ojjira mu bwakabaka bwo." Era ne Yesu ajja ku kuddamu nti, "Ndikomawo nate era naawe oliba nange mu lusuku lwa Katonda."

# ZUULA

## AMAANYI AG'EKYAMA MU BULAMU BWANGE

Mu mwaka 1929, Frank Morris yalinnya ekyombo ekyali kigenda mu Switzerland. Yali amaze ebbanga ng'alindirira olugendo luno. Naye lwamufuukira ekintu eky'obuswavu. Omusajja eyali akola ku kyombo eyamuweebwa okumulabirira yasibiranga Frank mu kisenge mwe yali asula buli lunaku. Ng'amaze okumuwa eky'enkya eky'amangu. Frank yazannyangako katono. Yawuliranga obusiru bwe yakulemberwa ne yeetoloozebwa ku kyombo, ng'ali ng'ensolo ensibe ku lukoba. Olwo ate omusajja oyo yaterekanga Frank mu ntebe y'omugoba w'ekyombo. Buli lwe yasanga nga mukwano gwe omusaabaze ng'amuyise batambulemu naye ng'amugaana ng'agamba nti y'eyalina okumukuuma.



Frank yali mukulu, ng'ayagala okuyiga ebintu ebiggya. Naye era yali muzibe w'amaaso. Omusajja eyakolanga ku kyombo yalowoozanga nti yali tasobola kwerabirira. Frank yatwalibwa nga ekitereke ekiteekwa okwetikkibwa n'okukuumibwa. Naye ng'atuuse mu Switzerland obulamu bwe ne bukyukira ddala. Ng'ali eyo kwe kukitegeera nti waaliwo embwa ezayigirizibwa okukulembera abazibe b'amaaso. Olw'okukomyawo omusumba omujjamani mu America ayitibwa Buddy. Frank yatandikawo enkola ey'amaaso agalaba mu kiseera kino eri mu nsi yonna. Kaakati ng'ali n'embwa Buddy ku lusegere lwe, Frank yali asobola okutambula mu kifo kyonna. Ekiseera kyonna. Yakiwulira nga wa ddembe. Ku mukolo ogumu ogw'abamawulire ogwali mu kibuga New York mu nguudo ezijjudde abantu n'ebidduka ebiri ku misinde egyayiriyiri, embwa Buddy yakulembera Mukama waayo mu ngeri ey'ekikugu okumusaza ekkubo. Kubanga yeesiga Buddy, Frank kyamwanguyira okusala ekkubo awatali buzibu. Bannamawulire abaalina amaaso kyabakalubirira mu butuufu omu ku bo yapangisa mmotoka okusobola okusala ekkubo.

Mu mpapula entono ezinaddirira tugenda okuyiga ku Mwoyo Omutukuvu, omukulembeze ayagala tuteeke obulamu bwaffe mu mikono gye. Abantu ffena tuli balema olw'obuzaaliranwa obufaanagana (obw'ekibi), obuzibe bw'amaaso gaffe obusinga obukulu. Obulamu butuddukako ku misinde egy'ekitalo, n'emirundi egimu twesanga nga tusibiddwa mu kifo ky'okwetaaya wonna we twagala. Naye era tulwawo okwesigira ddala mu bulambalamba omukulembeze oyo. Naye ekintu kyetuteekwa okuzuula buli kinnomu ku ffe kino nti: tujja kufuna emirembe egy'amazima era n'amaanyi bwe tunesigamya obulamu bwaffe ku bukulembeze obw'Omwoyo Omutukuvu.

### 1. OMUBAKA WA KRISTO MU NSI

Kristo bwe yali anatera okulinnya mu ggulu, yasuubiza Abatume be ekirabo eky'obwerere.

**"Naye nze mbagamba amazima: kibasaanira mmwe nze okugenda, kubanga nze bwe ssiriiigenda, Omubeezi talibajjira; naye ndimutuma gye muli… naye bw'alijja oyo Omwoyo ow'amazima, anaabalung'amyanga mu mazima gonna… oyo anangulumiza nze, kubanga anaatoolanga ku byange n'ababuulira mmwe." - Yokana 16:7,13,14.**



Mu nteekateeka ya Katonda, Yesu kyamwetagisa okuddayo mu ggulu abeere omubaka waffe mu maaso g'entebbe ya Katonda era "okulabika kaakano mu maaso ga Katonda ku lwaffe" (Bebbulaniya 9:24). Nga Mukama waffe eyakomererwa atukiikirira mu ggulu era tulina Omwoyo Omutukuvu omubeezi era omulung'amya waffe ku nsi kuno. Ye ye mubaka wa Kristo eyatumibwa.

Yesu bwe yali wano ku nsi yaweerezanga ng'ali mu mubiri gw'obuntu era yali

tasobola kubeera mu buli kifo. Naye Omwoyo Omutukuvu talina kkomo lifaanana bwe lityo; asobola okweereza ng'amubeezi era omulung'amya eri abantu abatabalika muwendo mu bifo bingi eby'enjawulo ate ng'akikola mu kiseera kyekimu. Kristo akola ku byetaago byaffe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu.

**2. OMWOYO OMUTUKUVU Y'ANI?**

Abasinga obungi ku ffe tusobola okutebeereza Katonda Kitaffe nga tumugerageranya n'omuzadde asinga okufaayo ennyo eyali amannyiddwa. Era tusobola okukuba ekifaananyi ku Yesu Omwana, kubanga Yesu yali abaddeko naffe ng'omuntu. Naye Omwoyo muzibu okukuba ekifaananyi ky'omugerageranyizako. Tetulina muntu gwe tuyinza okumugerageranyiza. Ne Bayibuli tetuwa bubaka obumala ku Mwoyo Omutukuvu.

Obuntu bwe Yesu ayogera ku Mwoyo Omutukuvu ng'omuntu, omu ku bwa Katonda, awamu ne Katonda Kitaffe, ne Katonda Omwana.

**"Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." - Matayo 28:19.**

Omwoyo alina empisa ez'obuntu: alina eborowoozo (Abaruumi 8:27), alina amagezi (1 Kolinso 2:10), atwagala (Abaruumi 15:30), anakuwala bwe twonoona (Efeso 4:30), asobola okutusomesa (Nekemiya 9:20), era alina amaanyi okutulung'amya.

Okwenyigira kwe mu butonzi: Omwoyo Omutukuvu mu kutondebwa kw'ensi naye yalina ekitundu kye yakola awamu ne Katonda Kitaffe ne Katonda omwana.

**"Oluberyeberye Katonda yatonda eggulu n'ensi… n'OMwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi." - Luberyeberye 1:1,2.**

**3. EMIRIMU GY'OMWOYO OMUTUKUVU**



**(1) OKUKYUSA OMUTIMA GW'OMUNTU.** Yesu bwe yasisinkana ne Nikoddemu yaggumiza omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mu kukyusa omutima gw'omuntu. Yagamba bwati:

**"Ddala Ddala nkugamba nti omuntu bw'atazaalibwa MAZZI NA MWOYO tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda." - Yokana 3:5.**

Okuzaalibwa Omwoyo kitegeeza Omwoyo okukuwa entandikwa empya. Kisingira wala okugezaako okulongoosa mu mpisa akatono. Omwoyo atukyusa ng'atandikira munda mu mutima okudda ebweru ng'atuukiriza okusuubiza okugamba nti: "ndibawa omutima omuggya" (Ezekieri 36:26).

**(2) ATULAGA EKIBI N'ATUWA OKWAGALA OKUKOLA OBUTUUKIRIVU.** Agamba bwati: **"(Omwoyo Omutukuvu) bw'alijja, ALIRUMIRIZZa ensi OLW'EKIBI, N'OLW'OBUTUUKIRIVU n'olw'omusango." - Yokana 16:8.**

Bulijjo bwe tuwulira ebyafaayo by'okukyuka kw'omuntu okuva mu bulamu obw'obwenzi okudda eri Katonda era n'afuuka omukyala omwesigwa era omuzadde alabirira abaana be. Jjukira nti buli kigere kyonna omuntu ky'atambula ng'adda mu bulamu obutuukirivu kiva mu kukola kw'Omwoyo Omutukuvu.

**(3) OKUTUKULEMBERA MU BULAMU BWAFFE OBW'EKIKRISTAYO.** Kristo akyayogera naffe buterevu okuyita mu ddoboozi ettono ery'eggonjebwa ery'Omwoyo.

# ZUULA

Agamba nti: **"N'amatu go ganaawuliranga ekigambo ekikuvaako ennyuma nga kyogera nti lino lyekkubo, mulitambuliremu bwe munakkyamiranga ku mukono ogwa ddyo, era bwe munaakyukiranga ku gwa kkono." - Isaaya 30:21.**

Okuyita mu kizungirizi ekya Satelayite Televizoni zaffe zituleetera ebifaananyi eby'ebintu okuva mu nsi eziri ewala mu bisenge byaffe. Omwoyo Omutukuvu akola nga Satelayite ya Katonda etuleetera okubeerawo kwa Yesu ku nsi okuva mu ggulu, ng'amusembeza kumpi buli wantu wonna waba asingaokwetaagibwa (Yokana 14:15-20).

**(4) AYAMBA OBULAMU BWAFFE OBW'OKUSABA.** Agamba nti: **"Era bwe kityo Omwoyo atubeera obunafu bwaffe kubanga tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira; NAYE OMWOYO YENNYINI ATUWOLEREZA n'okusinda okutayogerekeka nga Katonda bw'ayagala." - Abaruumi 8:26,27.**

Bwe tusanga obuzibu okunoonya ebigambo (ebituufu) Omwoyo atusabira. Bwe tuba nga tuweddemu amaanyi, tusobola kukaaba bukaabi eri Katonda, Omwoyo azimbulukusa okukaaba kwaffe n'ajjamu okusaba okw'amaanyi mu maaso g'entebe ya Katonda yennyini Kristo gy'ali mu kiseera kino ng'aweereza.

**(5) OKUZIMBA EMPISA EZ'OBUKRISTAYO MU BANTU.** Omwoyo abantu abatalina bibala bya Mwoyo abajjuza ebibala ebya buli ngeri eby'Omwoyo.



**"NAYE EBIBALA EBY'OMWOYO kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwonbeefu, okwegendereza." - Bagalatiya 5:22-23.**

**(6) ATUTEEKATEEKA OKUBA ABAJULIZI.** Yesu yasuubiza nti, **"Naye MULIWEEBWA AMAANYI, OMWOYO OMUTUKUVU bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga BAJULIRWA BANGE mu Yerusalemi n'okutuuka ku nkomerero y'ensi." - Bikolwa 1:8.**

Bonna abagaala basobola okufuulibwa abajulirwa okuyita mu Mwoyo. Tusobola okuba nga tetulina byakuddamu ebibuuzo byonna, naye Omwoyo ayinza okutuwa eby'okwogera ebyo ebikyusa emitima n'ebirowoozo.

"Ng'Omwoyo tanajja ku lunaku olwa Pentekote, abatume baalina obuzibu obw'okwogera eri abantu, naye Omwoyo bwe yakka baabuulira Kristo n'amaanyi agasobola n'okuvuunika ensi" (Ebikolwa 17:6).

**4. EBIRABO EBY'OMWOYO**

Ebyawandiikibwa ebitukuvu byawula bulungi wakati w'ebirabo bya Katonda eby'Omwoyo ebiweebwa buli amukkiriza okubeera n'obulamu obukristayo obuwanguzi n'ebirabo ebitali bimu eby'Omwoyo ebiweebwa abakkiriza olw'okuweereza okulungi mu makubo ag'enjawulo.

**"Yesu bwe yalinnya mu ggulu, yatwala abasibe N'AWA ABANTU EBIRABO. Era ye omu oyo eyaawa ABAMU okuba ABATUME, abalala okuba ABALANZI, ABALALA OKUTEGEEZA ABANTU. Amawulire AMALUNGI abalala okuba ABASUMBA b'eMyoyo, abalala okuba ABAYIGIRIZA. Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda mu mulimu gw'okuweereza." - Efeso 4:8,11-12.**



Buli mukristayo tafuna birabo byonna, abamu bafuna ebirabo bingi okusinga abalala Omwoyo y'abibawa "ng'agabira buli omu nga ye bw'ayagala" (1 Kolinso 12:11). Omwoyo awa buli mukkiriza olw'omulimu gwe ogw'enjawulo mu nteekateeka ya Katonda.

# ZUULA

Katonda amaanyi ekiseera era n'ekifo w'ateekwa okugabira ebirabo ebyo ebijja okuwa abantu be oba ekkanisa ye omukisa.

Amanya ag'ebirabo eby'Omwoyo agasangibwa mu 1 Kolinso 12:8-10, mulimu amagezi, okutegeera okukkiriza, okuwonya abalwadde, obunnabbi, okwogeranga ennimi ez'enjawulo era n'okunnyonnyola ennimi (Olunyiriri olwa 8-10).

Paulo atukkubiriza nti, "Kale mwegombenga ebirabo ebisinga obukulu," olwo n'alyoka agattaako na kino nti, "era ka mbalage ekkubo erisingira ddala obulungi" (1 Kolinso 12:31). Abakolinso essula eye 13 ye ssula ey'okwagala, y'eddirira olunyirira olugambye nti, "era ka mbalage ekkubo erisinga obulungi," ekkubo erisinga obulungi ly'ekkubo ery'okwagala. Era okwagala kibala kya Mwoyo (Bagalatiya 5:22).

Okwettanira kwaffe okusinga kwandibadde okunoonya ebibala eby'Omwoyo olwo tukkirize Omwoyo agabe ebirabo bye gye tuli nga ye bw'ayagala (Bakolinso 12:11).

**5. OBUJJUVU BW'OMWOYO KU LUNAKU OLWA PENTEKOTE**



Ku lunaku olwa Pentekote, Omwoyo yafukibwa mu kigera ekitagerwa, nga kituukiriza okusibiza kwa Yesu nti,

**"Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange… Okutuusa ku nkomerero y'ensi." - Ebikolwa 1:8.**

Ku lunaku olwa Pentekote Omwoyo yasobozesa Abatume okubuulira enjiri eri abantu mu nnimi eza buli ggwanga eryali wansi w'eggulu (Ebikolwa 2:3-6).

Abayizi aba Bayibuli abamu bagerageranya okujja kw'Omwoyo ku kutonya kw'enkuba esooka etonya mu ttogo era n'ey'oluvanyuma etonya mu ddumbi mu Palestine (Yoweeri 2:23). Omwoyo eyakka ku Pentekote agerageranyizibwa n'enkuba eya ttogo ereetera ensigo okumera era eyawa ekkanisa ento ey'abakristayo obulamu.

**6. OMWOYO OW'ENKUBA EY'OLUVANYUMA**

Obunnabbi bwa Bayibuli bututegeeza ku kiseeera ekijja Omwoyo wa Katonda lw'anaafukibwa ng'enkuba ku kkanisa, okuwa amaanyi abantu b'ekkanisa okuba abajulirwa (Yoweeri 2:28,29). Ebyasa bingi biyiseewo era enjiri ey'obulokozi ebunye ekitundu ekisinga obunene eky'ensi. Kino ky'ekiseera eky'enkuba ey'oluvanyuma okwengeza ensigo olw'okukungulwa.

Ng'ebyafaayo by'ensi bigenda bisemberera enkomerero, nga ne Yesu tannaba kudda omulundi ogw'okubiri, Katonda ajja kuteekateeka buli mukkiriza ow'amazima olw'eggulu ng'ayita mu kufuka Omwoyo we n'amaanyi. Gwe kaakano otuukibwako enkuba esooka eyo eteekateeka ekkanisa olw'ekiseera eky'enkuba ey'Omwoyo ey'oluvanyuma. Obulamu bwo bw'obeeramu kaakano bujjudde Omwoyo Omutukuvu? Ng'ojjuzibwa amaanyi ag'Omwoyo, onnokkiriza Katonda ayogereko nawe amawulire ag'okwagala kwe okwekitalo. Era n'ag'okudda kwe amangu?

**7. EMBEERA ETUSAANYIZA OKUFUNA OMWOYO OMUTUKUVU**

Ku lunaku olwa Pentekote Omwoyo Omutukuvu yakola ku bantu abo abawulira enjiri n'okwogera ne boogera nti, "Abooluganda tunakola tutya?" (Bikolwa 2:37).

# ZUULA

Petero n'addamu nti; **"MWENENYE era BULI OMU KU MMWE ABATIZIBWE mu linnya lya Yesu Kristo, mulyoke musonyiyibwe ebibi byammwe, era MUNAAFUNA EKIRABO YE MWOYO OMUTUKUVU." - Bikolwa 2:38.**



Okwenenya - okukyuka okuva ku makubo ag'obulamu ag'ekibi era n'okudda eri Yesu Kristo y'embeera etusobozesa okufuna ekirabo eky'Omwoyo. Okufuna Omwoyo okutufukibwako tutekwa okusooka byonna okwenenya era n'okuwaayo obulamu bwaffe eri Kristo. Yesu naye kino yakikakasa nti okubeera abamalirivu okumugobeerera era n'okumugondera y'embeera etuweesa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu (Yokana 14:15-17).

**8. OBULAMU OBUJJUDDE OMWOYO**

Nga Yesu tannaba kuva ku nsi kuno, yalagira abagobeerezi be nti;

**"Temuva mu Yerusalemi, wabula mulinde EKIRABO Kitange kye yasuubiza, kubanga Yokana YABATIZA N'AMAZZI, kyokka mmwe mu nnaku ntono MULIBATIZIBWA NA MWOYO MUTUKUVU." - Bikolwa 1:4-5.**

Emirundi n'emirundi ebyawandiikibwa ebitukuvu biraga nti Abakristayo bateekwa "okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu" (Bikolwa 2:4; 4:8; 4:31; 6:3; 6:5; 7:55; 9:17; 13:9; 13:52; 19:6). Omwoyo Omutukuvu afuula obulamu obw'obukristayo obujjuvu era obulungi kubanga obulamu obujjudde Omwoyo buleteebwa Yesu mu ffe.

Ng'annyoonnyola obulamu obw'obukrstayo obujjudde Omwoyo, omutume Paulo yasaba okusaba kuno ku lwa buli muntu akkiriza.

**"Ne mmusaba, ye owekiitibwa ekingi, ABAJJUZE MMWE AMAANYI AGA MWOYO we KRISTO ALYOKE ABEERE MU MITIMA GYAMMWE OLW'OKUKKIRIZA kwe mulina... Katonda oyo ayinza okukola ebisingira ddala ebyo bye tusaba oba bye tulowwoza OLW'AMAANYI GE AGAKOLERA MU FFE." - Efeso 3:16,17,20.**

Okufaanana nga Frank Morris ng'ali ne'mbwa ye Buddy omukulembeze we omwesigwa, nga tuli n'Omwoyo Omutukuvu mu mitima gyaffe okutukulembera tusobola okukola ekissukiridde ne ku ekyo kye twali tubadde nakyo mu bulamu bwaffe obwayita. Ng'atulina okwegomba okuggya era n'ammanyi amaggya tusobole okugenda mu maaso n'obuvuumu mu kifo ky'okugezako okulwanangana n'ebizibu eby'omu bulamu.



Obulamu buno obujjudde Omwoyo buli lunaku buzzibwa buggya okuyita mu kuyiga Bayibuli awamu n'okusaba. Okusaba kutukuuma nga tutunudde mu buyinza bwe. Bino bimmenyawo ebintu byonna ebitwawula ne Kristo ebyo ebimugaana okutufukako ekirabo kye eky'obwerere eky'Omwoyo. Eno y'engeri gye tukulamu mu by'Omwoyo, nga empisa zaffe embi zijjibwawo mu kifo kyazo ne muddamu empisa ennungi ezijjudde obulamu.

Ekitabo kya Abaruumi essuula 8 kinnyonnyola obulamu obujjudde Omwoyo obusanyusa. Bw'oba osobola kisome era weetegereze emirundi gyonna Paulo gy'ayogera ku Mwoyo nga ge maanyi okwesigamye obulamu obukristayo.

Gwe omaze okuzuula obulamu obw'ekitalo obujjudde Omwoyo? Okiwuulira nti Omwoyo Omutukuvu ali mu bulamu bwo? Owuulira amaanyi ge mu bulamu

bwo? Ggulawo obulamu bwo eri amaanyi agasingira ddala obukulu mu nsi yonna - Ye Mwoyo Omutukuvu.

# ZUULA

## OMULOKOZI ATAVAAWO BULI LUNAKU



Ekiro kimu eky'enzikiza omuvubuka Omukristayo ayitibwa "Petero" bwe yabulira mu nsiko omutaali bantu, Katonda yamuyita erinnya lye "Petero." Eddoboozi eryava mu ggulu bwe lyaddamu okuyita omulundi ogw'okubiri nti 'Petero' Petero bwe yayimirira n'atunula wansi era n'alaba nga yali agenda okugwa mu lunnya oluwanvu mwe baasimanga amayinja.

Tekyandibadde kya kitalo singa buli omu ku ffe ffena tuwulira Katonda ng'atuyita amannya gaffe? Tekyandibadde kikulu singa Katonda yali mukwano gwaffe atambulira awamu naffe ku lusegere era nga tusobola okutuula awamu naye ne tunyumya emboozi naye ku ntalo zaffe ne ku bye tusuubira?

### 1. OKUBEERA AWAMU NE YESU OKUTALIIKO KIKOMO

Kikkirize oba kigaane, tusobola okubeera okumpi ennyo ne Yesu okusinga bwe kyandibadde singa Yesu yasigala naffe nga muntu alabibwa n'amaaso. Mu butuufu kyandibadde kya kitalo ddala okubeera ne Yesu mu mubiri ng'ali mu kibuga kyaffe, naye lowooza ku bungi bw'abantu abandibaddewo nga buli omu afuba okulaba ng'amukubako eriiso lye. Lowooza nga kyanditumaze mu bulamu bwaffe bwonna okufunayo akaseera ak'eddakiika entono ennyo okwogerako naye.

Kristo ayagala okuteekawo enkolagana ey'oluganda ey'obuntu na buli kinnomu kuffe. Eno y'ensonga lwaki yaleka ensi eno n'agenda okuweereza mu mulimu ogw'enjawulo mu ggulu asobozese buli omu kuffe buli lunaku okubera okumpi naye. Kubanga tali mu kifo kimu nga bwe gwali bwe yali ku nsi kuno, mu kiseera kino okuyita mu Mwoyo Omutukuvu ali kumpi na buli muntu yenna eyeewaddeyo okukulemberwa.
Kisuubizo ki ekizzaamu amanyi Kristo kye yatuwa nga tannaddayo mu ggulu?

**"LABA NZE NDI WAMU NAMWE ENNAKU ZONNA, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo." - Mataya 28:20.**

Kristo akola ki mu ggulu ekyo ekimusobozesa okubeera naffe ekiseera kyonna?

**"Kale BWE TULINA KABONA ASINGA OBUKULU omunene eyayita mu ggulu YESU OMWANA WA KATONDA, tunywezenga okwatula kwaffe. Kubanga tetulina Kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe bunafu bwaffe; naye eyakemebwa mu byonna bumu awatali kibi. Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga." - Abebbulaniya 4:14-16.**



Weetegereze ebisuubizo bye tufuna olw'okubeera n'omuntu Yesu Omubaka waffe mu ggulu. "Yakemebwa mu byonna bumu nga ffe." "Atuyamba bwe twetaaga obuyambi." Nga tulina Yesu Kristo nga Kabona waffe asinga obukulu tetwawuliddwa okuva ku ggulu erituli ewala; Kristo ayinza okutuyingiza mu maaso ga Katonda mwennyini. Tekyewunyisa tulagiddwa "okusemberera entebe ey'ekisa n'obuvumu."

Mu ggulu Yesu ali mu kifo ki?

**"(Naye Kabona ono Yesu) bwe yamala okuwaayo ssaddaaka emu olw'ekibi okutuusa emirembe gyonna, n'alyoka atuula KU MUKONO OGWA DDYO OGWA KATONDA." - Abebbulaniya 10:12.**

# ZUULA

Kristo omulamu - oyo atutegeera - ye mubaka waffe ali "ku mukono ogwa ddyo" ogw'entebe ya Katonda.

Obulamu bwa Yesu Kristo ku nsi kuno bwamuteekateeka butya okubeera Kabona waffe?

**"Kyekyava kimugwaanira mu byonna okufaananyizibwa BAGANDA BE, alyoke abeerenga Kabona asinga obukulu, ow'ekisa omwesigwa mu bigambo ebiri eri Katonda, olw'okutangirira ebibi by'abantu. Kubanga olw'okubonyabonyezebwa, KY'AVA AYINZA OKUBABEERA ABO ABAKEMEBWA." - Abebbulaniya 2:17-18.**

"Muganda waffe" eyayambala obuntu bwaffe, yakemebwa nga ffe bwe tukemebwa, mu kiseera kino ye Kabona waffe asinga obukulu ku mukono ogwa ddyo ogwa Kitaffe. Yatufaanana, amanyi byonna bye tuyitamu. Yalumwako enjala, ennyonta, yakemebwa, era yakoowa. Yatuukako ekiseera eky'okwetaga okusaasirwa era n'okutegerwa.


Naye ekisinga byonna, Yesu agwanira okubeera Kabona waffe asinga obukulu kubanga "yafa olw'okutangirira" ebyonono byaffe. Yasasula omuwendo ogw'ebibi byaffe bwe yafa mu kifo kyaffe. Eno y'enjiri, amawulire amalungi eri abantu bonna abali buli wantu ate ag'ekiseera kyonna.

Omu ku bakulembeze baffe ab'essomero lya Bayibuli bino bye bya mubaako:

"Omuwala waffe asingira ddala obuto bwe yali aweza emyaka esatu entebe emenyebwa n'emuluma olugalo n'eggumba n'eryasa. Bwe twali tumuddusa tumutwala ew'omusawo, okukaaba kwe olw'obulumi kwatutuuka ku mitima. Naye mukulu we ow'emyaka etaano kyamuyisa bubi nnyo. Sigenda kwerabira bigambo bye bye yayogera ng'omusawo amaze okujjanjaba mune. Yakaaba n'agamba nti: 'Haaa… taata, singa kisoboka nandyagadde obulumi buno bubeere ku ngalo yange!'"

Abantu bonna bwe baali nga boononeddwa ekibi, era nga basaliddwa omusango ogw'okufa emirembe gyonna, Yesu yagamba Kitaawe nti: "Kitange njagala kibere ku nze." Era Kitaawe yawa Yesu ekyo kye yali ayagala ku musaalaba. Omulokozi waffe yatuusibwako obulumi bwonna obwo obutubonyaabonya - era n'okusingawo.

**2. ENJIRI MU NDAGAANO ENKADDE**



Abantu ba Isiraeri bwe baasiisira wansi w'olusozi Sinaayi Katonda yalagira Musa azimbe weema ey'okusinzizangamu eyeetikkibwa ng'agikola "mu ngeri y'ebyo bye yalagibwa ku lusozi" (Kuva 25:40). Oluvannyuma lw'emyaka nga 500, Kabaka Sulemani yazimba endala ey'amayinja eyadda mu kifo ky'eyo eyeetikkibwanga. Era yeekaalu eyo yazimbibwa ku pulaani y'emu ng'eri eyeetikkibwanga.

Katonda bwe yawa Musa ebiragiro eby'okuzimba yeekaalu kigendererwa ki eky'enjawulo kye yalina mu birowoozo bye?

**"Era bankolere awatukuvu; NDYOKE NTUULE WAKATI WAABWE." - Kuva 25:8.**

Ekibi kyaleeta akwawuukana okubi wakati w'omuntu ne Katonda we. Yeekaalu oba awatukuvu lye lyali ekkubo lya Katonda eryalaga engeri Katonda gye yali ayinza okubeera mu ffe. Awatukuvu oba Yeekaalu nga bwe yatuumibwa oluvannyuma yafuuka ekintu ekikulu eky'eddiini era nokusinga mu Ndagaano Enkadde. Buli nkya era n'akawuungezi abantu baakung'ananga okwetooloola Yeekaalu era ne baba n'enkolagana ne Katonda (Luke 1:9,10) nga bakaayanira ebisuubizo bye ebigamba nti: "Eyo kwenaasisinkaniranga naawe" (Kuva 30:6).

# ZUULA

Endagaano enkadde eyigiriza enjiri y'emu ey'obulokozi n'eyo mu Ndagaano Empya. Endagaano zombi ziraga Yesu ng'afa ku lwaffe era ng'aweereza nga Kabona asinga obukulu mu Yeekaalu eyo mu ggulu.

**3. OKUWEEREZA KWA YESU KU LWAFFE KWALAGIBWA MU YEEKAALU**

Yeekaalu awamu n'emikolo egy'okuweereza gyalaganga ku ekyo Yesu ky'akola mu kiseera kino mu Yeekaalu ey'omu ggulu era ne ku ekyo ky'akola kaakano ku nsi okutuwa omukisa era n'okutulung'amya buli kinnomu ku ffe mu bulamu bwaffe obwa bulijjo.

Okuva nga Yeekaalu eyo ku nsi bwe yakolebwa ng'egooberera ekifaananyi ekya Yeekaalu eyo mu ggulu, ewa ekifaananyi ekya Yeekaalu eyo mu ggulu Kristo gy'ali kati ng'aweereza. Okuva Essuula 25-40 zinnyonnyola okuweereza awamu n'emikolo egyalinga mu Yeekaalu. Mu bufunze enzimba ya Yeekaalu erabikako mu Ndagaano Empya bw'eti.



**"Era n'Endagaano eyasooka yalina amateeka agaagobererwanga mu kusinza Katonda era yalina n'ekifo ekitukuvu ekyo ku nsi kuno… Kubanga waatekebwawo weema. Mu kitundu (ekisenge) kyayo ekisookerwako mwalimu ekikondo ky'ettaala, emmeeza n'emigaati egiweereddwayo eri Katonda. Ekitundu ekyo nga kiyitibwa Ekifo Ekitukuvu. Emabega w'olutimbe olw'okubiri, we waali eweema eyitibwa entukuvu ennyo. Mu yo mwalimu essanduuko ey'endagaano ebikkiddwako zaabu enjuyi zona. Mu ssanduuko eyo mwalimu, ebipande eby'endagaano, (Katonda kwe yawaandiika amateeka ekkumi. Ekyamateeka 10:1-5). Kungulu ku ssanduuko kwaliko ba Kerubi abeekitiibwa basiikiriza entebe ey'okusaasira." - Abebbulaniya 9:1-5.**

Eweema entukuvu oba Yeekaalu yalina ebisenge bibiri, Ekifo Ekitukuvu n'e kifo ekisinga obutukuvu ennyo. Olujja lwali mu maaso ga Yeekaalu. Mu lujja mwalimu ekyoto ekya ffeeza, bakabona kwe baaweerangayo zissaddaaka era n'ekibya ky'amazzi mwe baanaabanga.

Ssaddaaka ezaweebwangayo ku kyoto ekyo zaali ziranga Yesu oyo okuyita mu kufa kwe ku musaalaba eyafuuka "omwana gw'endiga ogwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi." (Yokana 1:29). Omwonoonyi ayagala okwenenya bwe yajjanga ku kyoto n'essaddaaka ye era n'ayatula ebibi bye, yafunanga okusonnyiyibwa era n'okulongoosebwa. Mu ngeri y'emu mu kiseera kino omwonoonyi afuna okusonyiyibwa n'okunaazibwa okuyita mu musaayi gwa Yesu (1 Yokana 1:9).



Mu kisenge ekisooka ekyo ekyayitibwanga Ekifo Ekitukuvu mwabangamu ettabaaza ez'ebikondo musaanvu yayakanga butayosa, ng' eno yali etegeeza Yesu omusana oba ekitangaala ky'ensi yonna ekitazikira (Yokana 8:12). Emmeeza ey'emigaati egyawongebwanga eri Katonda kaali akabonero akaali kategeeza omugaati ogw'obulamu bwa Kristo obukkusa enjala yaffe ey'Omwoyo (Yokana 6:35). Ekyoto ekya zaabu eky'obubaane, kyali kiraga okuweereza kwa Yesu okw'okusaba kw'atusabira mu maaso ga Katonda (Kubikkulirwa 8:3,4).

Mu kisenge eky'okubiri oba ekiyitibwa ekisinga obutukuvu mwalimu ssanduuko eya zaabu ey'endagaano. Eno yali etegeeza entebe ya Katonda. Ekibikkako kyayo eky'okutangirira oba ekifo eky'ekisa, kyali kitegeeza okutabaganya kwa Kristo Kabona waffe asinga obukulu, ng'awoza ku lw'omuntu omwonoonyi eyamenya amateeka ga Katonda. Ebipande ebibiri eby'amayinja Katonda kwe yawandiika Amateeka ekkumi byakuumirwa nga wansi w'ekifo eky'ekisa. Bamalayika aba zaabu ab'ekitiibwa baabikkanga ku kifo eky'ekisa buli omu ng'ali ku nkomerero y'essanduuko. Omusana ogw'ekitiibwa gwayakanga wakati wa ba Kerubi bano ababiri, akabonero akali kategeeza okuberawo kwa Katonda yennyini.

# ZUULA

Olutimbe lwaziyizanga abantu abaali mu luggya obutalaba mu Kifo Ekitukuvu bakabona gye bawererezanga. Olutimbe olw'okubiri mu maaso g'e kifo ekisinga obutukuvu lwe lwaziyizanga bakabona abayingiranga mu kisenge ekisooka obutalaba ebyo ebyali munda.

Yesu bwe yafa ku musaalaba, kiki ekyali ku lutembe luno?



**"Laba, eggigi lya yeekaalu ne liyulikamu wabiri okuva waggulu okutuuka wansi." - Mat 27:51.**

Ekifo ekisinga obutukuvu kyasigala mu bbanga Yesu bwe yafa. Nga Yesu amaze okufa tewakyali lutimbe wakati wa Katonda Omutukuvu n'omukkiriza omwesigwa kubanga Yesu Kabona waffe asinga obukulu atuyingiza mu maaso ga Katonda (Abebbulaniya 10:19-22). Tutuuka butereevu mu maaso g'entebe eyo mu ggulu, kubanga Yesu Kabona waffe asinga obukulu ali ku mukono gwa ddyo ogwa Katonda. Yesu atusobozesa okujja mu maaso ga Katonda - mu mutima gwa Kitaffe ow'okwagala. N'olwekyo, "Leka tusembere kumpi."

**4. KUFA KWA KRISTO OKUTULOKOLA OKUBIKKULIBWA**

Ng'ekifo kya yeekalu eky'oku nsi bwe kyakolanga ekifaananyi ekyava mu Yeekalu ey'omu gulu, Yesu mu kiseera kino gy'aweereza ku lwaffe, emikolo egyakolebwanga mu Yeekalu ey'oku nsi gyali; ekifaananyi eky'ebyo ebikolebwa mu ggulu (Abebbulaniya 8:5). Naye waliwo enjawulo nene: Bakabona abaaweerezanga mu Yeekalu ey'oku nsi tebaasobolanga kusonnyiwa bantu kibi, naye ku musaalaba gwa Yesu eyajja "ku nkomerero y'emirembe yalabika okuggyawo ebibi olwokwewayo yennyini" (Abebbulaniya 9:26).

Ekitabo ekya Abaleevi mu Ndagano Enkadde kinnyonnyola kalonda agenda ewala ku mikolo egyakolebwanga mu Yeekaalu. Emikolo egy'omu Yeekaalu gyali gigabanyiziddwamu mu bitundu bibiri: okuweereza okwa buli lunaku era n'emikolo egya buli mwaka. (ZUULA owe No. 13 ajja kwogera ku mikolo egya buli mwaka.)

Mu kuweereza okwa buli lunaku bakabona baawangayo Ssaddaaka olw'omuntu omu era n'olw'abantu bonna ab'egwanga lyonna. Omuntu bwe yayonoonanga, yaleetanga, ensolo eteriiko bulema "ng'ekiweebwayo olw'ekibi" yateekanga emikono gye ku mutwe gw'ekiweebwayo eky'ekibi era n'agittira mu kifo ky'ekiweebwayo ekyokebwa (Baleevi 4:29). Omusango gw'omwonoonyi guteekwa okukyusibwa okumuvaako ne ggudda ku nsolo eterina musango olw'okwatulirwako ekibi era n'okugiteekako emikono. Kano kaali akabonero aka Kristo okwetikka omusango gwaffe ku musaalaba, "Ye ataalina kibi yafuuka ekibi ku lwaffe" (2 Bakoliso 5:21). Ssaddaaka ey'ensolo yali eteekwa okuttibwa era n'omusayi gwayo ne guyiika kubanga yali eranga ku kiseera eky'omu maaso ku kibonerezo ekikulu Yesu kye yabonaabona ku musaalaba.

**5. LWAKI OMUSAYI GWAYIIKA?**



"Era awatali kuyiwa musaayi, tewabaawo kusonyiyibwa" (Abebbulaniya 9:22). Kiki ekyalingawo mu Ndagaano Enkadde mu Yeekaalu ekyalaganga mu kiseera eky'omu maaso ku kikolwa ekimu ekikulu eky'obulokozi ekya Kristo? Ng'amaze okufa olw'ebibi byaffe yayingira mu kifo ekitukuvu "n'ayingirira ddala omulundi gumu mu kifo ekitukuvu n'omusaayi gwe gwennyini. ng'amaze okutufunira okununulibwa okutaggwaawo" (Olunyiriri olwe 12). Omusaayi gwa Yesu bwe gwayiika ku musaalaba olw'ebibi byaffe "olutiimbe olwo mu Yeekaalu (mu Yerusaalemi) ne luyulikamu wabiri okuva wagulu okutuuka wansi" (Matayo 27:51). Kubanga olwa Ssaddaaka ya Yesu ku musaalaba, Ssaddaaka ez'ensolo zaali tezikyetaagibwa.

Omusaayi gwa Yesu bwe gwayiibwa ku musaalaba yali awaayo obuwulize bwe obw'obulamu bwe obutuukiridde nga budda mu kifo eky'obulamu bwaffe obwalemwa. Omwana ne Kitawe bwe baali baawuukana ku musaalaba, Kitawe w'Omwana yagenda n'obulumi era n'Omwana n'afa omutima gwe ne gwabika. Katonda omwana kennyini yakka mu byafaayo by'omuntu okwetikka ebyo ebyava mu kibi era n'okulaga mu mazima ekibi bwe kifaanana. Yali asobola okusonyiwa aboonoonyi awatali kukendeza buzito bwa kibi. Kristo "yaleeta emirembe okuyita mu kufa kwe ku musaalaba" (Bakolosayi 1:20).

**6. OKUBIKKULIRWA KWA YESU OKUBEERA OMULAMU OKUTULOKOLA**

Mulimu ki ogwa Yesu ogwa buli lunaku mu Yeekaalu y'omu ggulu?

**"Kyava ayingiza bulijjo okulokola abo abajja eri Katonda nga bayita mu ye, KUBANGA ABEERA MULAMU ENNAKU ZONNA okubawolerezanga." - Abebbulaniya 7:25.**

Yesu kaakati "mulamu" okuwaayo omusaayi gwe, Ssaddaaka ye, ku lwaffe. Mu kiseera kino akola n'obwegendereza obw'ekitalo okulokola buli muntu yenna okuva mu mutawaana ogw'ekibi. Nga bali mu nsobi, abantu abamu balowooza nti omutabaganya waffe, Yesu mu ggulu yeegayirira Katonda Kitaffe atayagala kutusonyiwa. Naye mu butuufu Katonda mu busanyufu bwe akkiriza ssaddaaka y'omwana we ku lwaffe.



Nga Kabona waffe asinga obukulu mu ggulu, Kristo mu kiseera kyekimu yeegayirira olulyo lw'omuntu. Akola okuyamba bannanfuusi okufuna omukisa ogw'okubiri ogw'ekisa era n'okuyamba aboonoonyi okufuna essuubi mu mawulire amalungi (Enjiri) era ayamba abakkiriza okuzuula obugagga obusingako obungi mu Kigambo kya Katonda era n'okufuna amaanyi amangi mu kusaba. Yesu alongoosa empisa zaffe zibe nga zikkiriziganya n'Amateeka ga Katonda, era atuyamba n'okubeera n'empisa ezo ezijja okugumira ekiseera eky'okugezesebwa.

Katonda yawaayo obulamu bwe ku lwa buli muntu eyali abaddeko ku nsi kuno. Era kaakati, nga Kabona asinga obukulu oba "bulijjo ng'omutabaganya, mulamu" okukulembera abantu okukkiriza okufa kwe okw'ebibi byabwe. Newankubadde nga ku musaalaba yatabaganya olulyo lw'omuntu lwonna olwagwa naye kennyini, naye tasobola kutusonyi okuggyako nga tukkiriza ekisa kye. Abantu tebagenda kuzikirira kubanga baali boonoonyi, naye balizikirira olw'okubanga baagaana okukkiriza okusonyiyibwa Yesu kw'atuwa.

Ekibi kyazikiriza oluganda olw'okwagala Adamu ne Kaawa omulundi ogumu kwe baalina ne Katonda. Naye Yesu, ng'endiga ya Katonda, yafa okuwa eddembe olulyo lw'omuntu okuva mu kibi era n'okuzzaawo omukwano guno ogwafa. Omaze okumuzuula nga Kabona wo asinga obukulu, oyo abeera omulamu bulijjo okukuuma enkolagana yo ne Katonda wo ey'okumpi era ennamu?

Okufa kwa Kristo nga ssaddaaka kwa njawulo nnyo. Okuweereza okw'omu ggulu okwa Kristo tekulina kw'okugerageranyiza. Ekintu kimu Kristo aleeta Katonda kumpi naffe. Ekirala Kristo asobozesa Omwoyo wa Katonda okutuula mu mitima gyaffe. Yeejjako ebibye byonna alyoke atujjuze ffe. Yeetaaga okuva gyetuli, okwewayo kwe kumu ng'okukwe. Leka naffe tumukkirize bulambalamba ng'omulokozi waffe era nga Mukama ow'obulamu bwaffe.

# ZUULA

## OKUVA MU MWONOONYI ASINGIDDWA OMUSANGO OKUFUUKA OMUTUKUVU ASONNYIYIDDWA

Tewaali bubonero bulaga ngalo ze. Tewaaliwo kya kulwanyisa ekissi ekyazuulwa. Tewali n'omu eyalaba ng'omuntu ayingira offisi y'omusawo. Newankubadde tewali n'omu eyawulira omusinde ogw'emmundu. Naye omusawo yasangibwa ng'agudde magalabanja emabega w'emmeeza ye. Ng'alina ebiwundu eby'amasasi bitaano nga biyuzizza esaati ye.

Guno gwali musango gwennyini. Abapoolisi ku luberyeberye tebaasobola kuzuula nsonga ntuufu. Naye oluvannyuma baazuula waya entono eyali esibiddwa ku kkalaamu ku mmeeza y'omusawo.



Waya eno yali eraga ku kyuma ekiwandiika amaloboozi ekyali mu kabada ey'emmeeza. Akasaanikira k'ekkalaamu ke kaalimu akuuma akakwata amaloboozi omusawo ke yakozesanga okuwandiika emboozi zonna ze yayogeranga n'abalwadde be abajjanga okuweebwa amagezi.

Abaali banoonyereza ku musango guno mu bwangu ddala baateekako teepu eno ne yeetoolola era n'okwewuunya ne beewuunya, bwe baatandika okuwulira ensonga eyavaako omusango gwennyini.

Omusajja eyali ayitibwa Anthony yayingira offisi era n'atandika oluyombo kakuzzi n'omusawo. Ekyaddirira amasasi ne gatulika. Era teepu n'emaliriza n'okukaaba okw'obulumi okw'omusawo ng'afa ng'agudde ku kiwempe.
Buli kantu konna akaali ak'entiisa kaali kawandiikiddwa. Omutemu yalowooza omusango gwe emirembe gyonna gwali gwakusigala nga kyama. Yali mwegendereza nnyo obutarekawo kizibiti. Naye teepu yategeeza abantu ebyaliwo byonna. Mu Mulagirizi ono tugenda kuyiga ku musango gwa Katonda ogusembayo ng'abantu basalirwa omusango "okusinziira ku ebyo bye baakola, nga bwe byawandiikibwa mu bitabo" (Kubikkulirwa 20:12). Eri abo abatannaba kukkiriza Yesu ng'omulokozi waabwe gajja kuba mawulire mabi. Naye omusango mawulire malungi eri abo abazudde Yesu ng'obuddukiro bwabbwe.

### 1. ENGERI GY'OSOBORA OKUYIMIRIRA MU MUSANGO NGA TOLINA KUTYA

Ani agenda okusalira ensi omusango?

**"Era Kitaawe talina n'omu gw'asalira omusango wabula Omwana gwe yawa Okusala emisango gyonna." - Yokana 5:22.**

Omusaalaba gwateekateeka gutya Kristo okufuuka omulamuzi waffe?

**"Yesu oyo mu kufa kwe, yateekebwawo okuba amutango ogw'ebibi by'abamukkiriza… alyoke akakase mu kiseera kino, NGA BW'ALI OMUTUUKIRIVU, ERA NGA BW'AWA OBUTUUKIRIVU buli akkiriza Yesu." - Abaruumi 3:25, 26.**



Okufa kwa Kristo ng'adda mu kifo kyaffe kimusobozesa okukola mu bifo byombi, ng'omulamuzi omwesigwa era ow'ekisa awa obutuukirivu era asobola okusonyiwa omwonoonyi eyeenenya. Eggulu n'ensi bitunuulidde ebintu bino nga bwe libuuza ekibuuzo nti; "Omulamuzi ow'amazima ayinza atya okujja omusango ku muntu oyo eyaguzza?" Kristo addamu ng'alaga ku nkovu ez'ebiwundu bye ebiri mu bibatu bye. Yafuna ekibonerezo ekituufu olw'ebibi byaffe mu mubiri gwe.

Ebitabo eby'omu ggulu bikuuma obuwandiike buno era bukozesebwa mu kusala omusango (Kubikkulilwa 20:12). Ago nno mawulire mabi eri abo

abalowooza nti ebibi byabwe bya kyama tewali abimanyi, era n'omusango gwabwe tegugenda kudda okubayigga. Naye ate waliwo amawulire ag'ekitalo eri abo mu mazima akkiriza Kristo ng'omuwolereza wabwe mu ggulu: "Omusaayi gwa Yesu… gutunaazaako buli kibi" (1 Yokana 1:7).

Yesu atuwa ki okuwanyisa n'ebibi byaffe?

**"Kristo ataalina kibi, Katonda yamufuula ekibi, ffe olw'okwegatta ne Kristo, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda." - 2 Abakkolinso 5:21.**

Obulamu bwaffe obw'ekibi buwanyisibwa mu bulamu obutuukirivu obwa Kristo. Olw'obulamu obwa Kristo ataalina kibi era n'olw'okufa kwe, Katonda ayinza okutusonyiwa era n'okututwala ng'abatayoonoonangako.

Kiki ekimusaanyiza okubeera omuwolereza era omulamuzi waffe?

**2. KRISTO YAJJIRA MU KISEERA**

Ku kubatiza kwe Yesu yafukibwako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu.

**"Yesu bwe yamala okubatiza, amangu ago n'ava mu mazzi, awo eggulu ne libikkuka, n'alaba Mwoyo wa Katonda ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye. Era eddoboozi ne liva mu ggulu, ne ligamba nti: "ono ye Mwana wange omwagalwa era gwe nsiimira ddala." - Matayo 3:16,17.**



Ekyaddirira okufukibwako amafuta n'Omwoyo Omutukukuvu okwa Yesu Kristo ku kubatizibwa kwe, abayigirizwa be kwe kulangira nti:

**"Messiya tumulabye." - Yokana 1:41.**

Abayigirizwa baali bamanyi ekigambo ekyo ekyolwebulaniya "Messiya" era n'eky'oluyonaani "Kristo" byombi ebiteegeeza nti "eyafukibwako Amafuta." Luka, omuyigiriza wa Yesu, yawandika ekiseera kya Yesu eky'okufukibwako Amafuta nga Messiya mu mwaka ogw'ekkumi n'etaano ogwa Kayisaali Tiberiya (Luk 3:1). Gyetuli, ogwo guba mwaka ogwa 27 AD.
Ng'ebula emyaka 500 nga Yesu tannaba kujja Nnabbi Danieri yakiranga nti Yesu yali wakufukibwako amafuta nga Messiya mu mwaka AD 27:

**"Kasooka ekiragiro kifuluma okuzzayo n'okuzimba Yerusalemi okutuusa ku Afukibwako amafuta… walibawo Ssabbiiti musanvu; (olwebbulaniya wiiki) era walibawo Ssabbiiti nkaga mu ebiri." - Danieri 9:25.**

Ssabbiiti omusanvu ne Ssabbiiti enkaga mu ebbiri bw'ozigatta awamu ojjamu Ssabbiiti (wiiki) nkaga mu mwenda oba ennaku 483. (7 x 69 = 483 ennaku). Mu bunnabbi bwa Bayibuli olunaku olumu lutegeeza mwaka gumu (Ezekieri 4:6; Kubala 14:34), bwe kityo ennaku 483 zenkanankana emyaka 483. Danieri yalaga nti ekiragiro kigenda kulagirwa ekyokuddayo n'ekyokuzimba Yerusalemi era ng'ekiragiro kino kimaze okuyita, emyaka 483 gigenda kuyitawo, olwo Messiya n'alyoka alabika.

Yesu yalabika nga Messiya ku kiseera kino ekyayogerwako? Alutagizeragizi yayisa ekirangiriro ekyokuddamu okuzimba Yerusalemi mu mwaka 457 BC (Ezera 7:7-26). Emyaka 483, gyaggwaako mu AD 27. (457 BC + 27 AD = 484.) Ekiragiro kyalangirirwa mu mwaka 457 BC era ne Kristo n'afukibwako amafuta mu mwaka 27 AD bw'ogatta ebitundu by'emyaka gino gyombi olwo ekiseera ekituufu kibeera emyaka 483.

# ZUULA

Mu kiseera kyennyini ekyalangibwa, mu 27 AD, Yesu yalabika ng'alina obubaka obugamba nti "Ekiseera kituuse" (Mako 1:15) obutuufu bw'okutuukirira kw'obunnabbi bwa Bayibuli bwe bukakafu obw'amanyi nti Yesu ow'eNazaleesi ye Messiya yenyini, Katonda ng'ayambadde omubiri ogw'omuntu.

Yesu yali wakumala kiseera ki okunyweza endagaano?

**"Era aliragaana endagaano ennywevu n'abangi okumala Ssabbiiti emu." - Danieri 9:27, ekindu ekisooka.**

Bw'okozesa etteeka ery'olunaku okuba mwaka, Ssabbiiti eno emu (wiiki) ejja kubaamu emyaka musanvu (7) Bwe kityo emyaka musanvu giva mu mwaka AD 27 okutuusa AD 34 - Yesu yali "wakunyweza endagaano" oba ekisuubizo, kye yakola ne Adamu ne Kaawa mu lusuku Adeni nga kye bajje boonoone. Katonda yakola endagaano oba ekisuubizo, nti yali wa kulokola olulyo lw'omuntu okuva mu kibi ng'ayita mu omuntu omu gw'agenda okuweereza okufa olw'ebibi byaffe (Luberyeberye 3:15).

Kiki ekyali ekyokubeera mu makkati ga Ssabbiiti (wiiki)?

**"Ne mu kitundu ekya Ssabbiiti alikomya ssaddaaka n'ekitone." - Danieri 9:27, ekitundu ekisembayo (mu lwebulaniya wiiki).**



Yesu yakomererwa ku musaalaba mu AD 31 "mu makkati ga Ssabbiiti" (wiiki). Mu kiseera kyennyini eky'okufa kwa Yesu, Katonda yayuza "eggigi ery'omu Yeekaalu ebitundu bibiri okuva waggulu okutuuka wansi" (Matayo 27:51). Ssaddaaka ey'endiga ey'ekiweebwayo eyali egenda okuttibwa endiga (akabonero aka Yesu endiga ya Katonda) yava mu mikono gya Kabona n'edduka. Kano kaali akabonero akategeeza nti Katonda yali takyayagala muntu okuwaayo Ssaddaaka ez'ensolo.

Ng'amaze okutuukiriza obunnabbi bwonna bwamuwandiikibwako, Yesu "yakomya" okwetaaga kwonna `okulala okw'okuwaayo Ssaddaaka. Okuva ku kufa kwa Kristo, abantu kaakati batuuka eri Katonda si kuyita mu Ssaddaaka ez'ensolo yadde mu Kabona omuntu, naye bayita mu Messiya, endiga ya Katonda era Kabona waffe asinga obukulu.

**3. OBUKAKAFU BW'EBIBI OKUSONYIYIBWA**

Okusinziira ku bunnabbi bwa Danieri lwaki Yesu yafa?

**"Oyo afukibwako amafuta n'alyoka azikirizibwa, naye si ku lulwe'." - Danieri 9:26.**

Okufa kwe ku musaalaba, Yesu "yasalibwako" yafa, "naye si ku lulwe" si lwa kusasula kibonerezo eky'ebibi bye, naye olw'okusasula ekibonerezo eky'ebibi by'ensi yonna.

Tusobola tutya okutegeera nti Katonda asonyiye ebibi byaffe byonna?

**"Bwe butuukirivu bwa Katonda, okuyita mu kukkiriza Yesu, eri bonna era ku bonna bakkiriza… Kubanga BONNA BAAYONONA… Katonda OLW'EKISA KYE, YABAWA OBUTUUKIRIVU bwa buwa kubanga baanunulibwa Yesu Kristo… OKUYITA MU KUKKIRIZA OMUSAAYI GWE." - Abaruumi 3:22-25.**

Ensonga enkulu mu kyawandiikibwa kino ze zino: Ffe "ffena twayonoona" naye Katonda "olw'ekisa kye" bonna "baweebwa obutukirivu" abalina "okukkiriza" mu kunaazibwa okw'amaanyi "okw'omusaayi" gwa Kristo.



# ZUULA

Bwe tuweebwa obutuukirivu, Katonda atulangirira nga abatalina musango, ng'ajjawo omusango ogw'ebibi byaffe ebyayita. Era Katonda atulangirira okuba abatukuvu "Olw'obutuukirivu obuva eri Katonda okuyita mu kukkiriza mu Yesu Kristo."

Ffe ffena abakooye olw'okufuba okuba abalungi ekimala, nga twegerageranya ku bwaffe ffekka, tusobola okufuna ekiwummulo mu kukkirizibwa okw'ekisa kya Kristo. Atusuubiza nti "Mujje gye ndi, mmwe mmwenna abakoze ne mukoowa n'abazitoowereddwa, nze nnaabawummuza." (Matayo 11:28). Ffe ffena abazitoowereddwa olw'enkovu (ez'ebibi) ebyayita era n'olw'okulumwa okw'obutaliimu bwaffe era n'obuswavu, tusobola okuzuula emirembe era n'obumativu mu Kristo.

**4. EKISEERA EKY'OMUSANGO OKUTANDIKA**

Mu ssuula ey'omunaana eya Danieri malayika yalaga nnabbi ekifaananyi ekinene eky'ekiseera eky'omu maaso. Danieri yalaba (1) endiga, (2) embuzi ensajja era, (3) mu limu ku jjembe ery'embuzi ensajja, mwavaamu "ejjembe eddala eryali ettono ne likuula mu buyinza." (Danieri 9:8,9). Obubonero obwo bulanga: (1) Obwakabaka bw'Abamedi n'Abaperusi. (2) Obwakabaka bwa Buyonaani, (3) Obufuzi bwa Ruumi (Danieri 8:1-12, 20-26)
Ekitundu eky'okuna eky'obunnabbi kyali kiki?

**"Ebikwolesebwa eby'oku kiweebwayo ekyokebwa eky'ennaku zonna birituusa wa okubeerawo…? N'agamba nti birituusa amakya n'amawungeera (oba ennaku mu Lwebbulaniya) enkumi bbiri mu bisatu (2,300) awatukuvu ne walongosebwa." - Danieri 8:13,14.**

Danieri yazirika nga Malayika tannaba kunnyonnyola kitundu kya bunnabbi eky'ennaku 2,300 essuula ey'omunaana eggwaako nga tekinnyonnyoddwa. Naye oluvannyuma malayika yaddamu okulabika era n'agamba bwati:

**"Tegeera bye wayolesebwa: Ssabbiiti nsanvu (wiiki mu Lwebbulaniya) ziragiddwa olw'abantu bo (zisaliddwako, olwebbulaniya) n'ekibuga kyo ekitukuvu, okukomya okwonoona, n'okumalawo okusobya, n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu." - Danieri 9:22-24.**

Kitegeerekeka nti ennaku 2,300 gy'emyaka 2,300, buli lunaku lutegeeza mwaka (Ezekieri 4:6). Ssabbiiti ensanvu oba emyaka 490 ky'ekitundu ekisooka eky'emyaka 2,300. Ebiseera bino byombi byatandika mu mwaka 457 BC, Abaperusi bwe baayisa ekiragiro "eky'okuddamu okuzimba Yerusaremi." Bw'otoola emyaka 490 okuva ku myaka 2,300 wasigalawo emyaka 1,810. Bw'ogatta emyaka 1,810 ku myaka 34 AD emyaka 490 we gyakoma, ekyo kitutuusa ku myaka 1844 AD.

**5. YEEKAALU EY'OMU GGULU OKULONGOOSEBWA KITEGEEZA OMUSANGO**

Malayika yagamba Danieri nti mu mwaka 1844, ku nkomerero y'emyaka 2,300, "awatukuvu ne walongoosebwa" (Danieri 8:14). Naye kino kitegeeza ki? Okuva mu AD 70, Abaruumi bwe baazikiriza Yeekaalu mu Yerusaalemi, abantu ba Katonda tebabadde na Yeekaalu ey'oku nsi. N'olw'ekyo awatukuvu oba Yeekaalu ey'okulongoosebwa eyatandikibwa mu mwaka 1844 eteekwa okuba Yeekaalu ey'omu ggulu. Yeekaalu ey'oku nsi kwe yajja ekifaananyi.



Kaakati, okulongoosa Yeekaalu ey'omu ggulu kitegeeza ki? Mu Isiraeri ow'edda olunaku olw'okulongoosa Yeekaalu ey'oku nsi baaluyitanga olunaku olw'okutangirira (Yom Kippur). Lwali lunaku lwa kusala musango.

Nga bwe twakizuula mu ky'okuyiga ekye 12, omulimu gwa Kristo gw'akola mu ggulu ku lwaffe mu Yeekaalu gulimu ebitundu bibiri; (1) Ssaddaaka eya buli lunaku zalanga ku kuweereza kwa Kabona mu

kifo ekisooka ekya Yeekaalu, ekifo ekitukuvu. (2) Ssaddaaka eya buli mwaka ekwata ku kuweereza kwa Kabona asinga obukulu, mu kisenge eky'okubiri ekya Yeekaalu, ekifo ekisinga obutukuvu (Baleevi 16).

Mu Yeekaalu ey'oku nsi abantu bwe baayatulanga ebibi byabwe buli lunaku buli kadde, omusaayi gw'ensolo ezattibwanga gwamansulirwanga mu nsonda ey'ekyoto ne gutwalibwa ne mu kifo ekitukuvu (Baleevi 4 n'essuula eyo 6). Bwe kityo mu ky'okulabirako, ebibi ebyayatulwanga buli lunaku, byateekebwanga mu Yeekaalu ne biterekebwa eyo.



Buli mwaka omulundi gumu ku lunaku olw'okutangirira Yeekaalu yonna yalongoosebwanga okuva mu bibi byonna ebyayatulwanga mu mwaka omukadde (Baleevi 16). Okukola okulongoosa kuno, Kabona asinga obukulu yakolanga omukolo ogw'enjawulo ogw'embuzi ewongeddwa eri Katonda. N'atwala omusaayi gwayo mu nda mu kifo ekisinga obutukuvu era n'amansira omusaayi guno ku ngulu ku Ssanduuko, okulaga omusaayi gwa Yesu, Omulokozi agenda okujja okusasula empeera ey'ekibi. Mu kabonero, Kabona asinga obukulu yaggyanga ebibi by'abantu ebyali byatuddwa ku Yeekaalu era n'abiteeka ku mutwe ogw'embuzi endala, eyo eyatwalibwanga mu ddungu okufa (Abaleevi 16:20-22).

Omukolo guno ogw'olunaku olw'omwaka olw'okutangirira gwalongoosanga Yeekaalu okuva mu bibi. Abantu baalutwalanga ng'olunaku olw'omusango, kubanga abo abaagaananga okwatula ebibi byabwe baatwalibwanga ng'abatali batuukirivu era "basalilwangako okuva mu bantu ba (Katonda)" (Baleevi 23:29).

Ekyo kabona asinga obukulu ow'oku nsi kye yakolanga ng'akabonero omulundi gumu buli mwaka, Yesu yakikola omulundi gumu olw'emirembe gyonna nga Kabona waffe asinga obukulu (Abebbulaniya 9:6-12). Mu lunaku olukulu olw'omusango Yesu ajja mu Yeekaalu ebibi byonna ebyatuddwa eby'abantu abo abamukkiriza ng'Omulokozi waabwe. Singa twatula ebibi byaffe, mu kiseera ekyo, ajja kubisangula okuva mu buwandiike obw'ebibi byaffe emirembe gyonna (Bikolwa 3:19). Okuweereza kuno gwe mulimu ogw'omusango Yesu gwe yatandika mu mwaka 1844.

Mu mwaka 1844 ekiseera eky'omusango we kyatandikira mu ggulu, obubaka obw'essaawa ey'okusala omusango bwatandika okubuulirwa mu nsi yonna (Kubikkulirwa 14:6-7). Eby'okuyiga eby'omu maaso ebya ZUULA bijja kwogera ku bubaka buno.

**6. OKWOLEKAGANYA AMAASO N'OBUWANDIIKE OBW'OBULAMU BWO MU MUSANGO**

Okutandika n'omwaka 1844, Kristo ng'omulamuzi abadde nga yeekebejja obuwandiike bwa buli muntu eyali abaddeko ku nsi kuno okukakasa buli agenda okubeera mu bantu abanaalokolebwa bw'anajja omulundi ogw'okubiri. Ng'omulamuzi waffe, Yesu "asangula" (aggyawo) ebibi byonna eby'abatukuvu okuva mu biwandiiko eby'obulamu bwabwe mu ggulu (Bikolwa 3:19).



Erinnya lyo bwe lirijja mu musango kirikubeerera kyangu okwolekera obuwandiike obw'obulamu bwo - SINGA nga wamala okukkiriza Kristo ng'ali mu kifo kyo (omuyima wo). Era omusango gw'abatukuvu bwe gunaggwa, Yesu ajja kudda ku nsi okubawa empeera (Kubikkulirwa 22:12,14).

Weeteeseteese olw'okujja kwa Yesu? Oba olina ekintu kyonna ky'obadde omukweka? Olina enkolagana ennungi ey'obwesigwa n'oyo eyasuubiza nti:

**"Bwe twatula ebibi byaffe, Katonda omwesigwa era omutuukirivu abisonnyiwa, era atunaazaako byonna ebitari bya butuukirivu." - 1 Yokaana 1:9.**

# ZUULA

Okwatula kitegeeza okukkiriza okworeka ebibi byaffe, era ne tukkiriza ekisonyiwo kya Katonda era ne tulaga obwetaavu bw'amaanyi ge n'ekisa kye.

Kabaka Frederick William ow'oluberyeberye bwe yali akyalira ekkomera mu Postdam yawuliriza abasibe bangi abaali beegayirira okusonyiyibwa. Abasibe bonna baalayira nti obuvunanyizibwa bw'okusibibwa kwava ku balamuzi abakyamu, abajulizi ab'obulimba, ne ku bawolereza abatategeera. Mu buli kasenge k'ekkomera ebigambo byebimu ebyo bye yasanganga eby'abasibe abataalina musango.

Naye yatuuka mu kasenge akamu omusibe waamu teyalina kigambo kya kwogera. Frederick yeewuunya era n'amusaagirako nti: "Ndowooza nawe baakusibira bwerere." Omusajja n'amuddamu nti: "Ow'ekitiibwa nedda, nze omusango gwansinga era ekyo ekibonerezo kye nkola kinsaanidde okukifuna."

Kabaka kyeyava akyukira omukuumi w'ekkomera n'amukowoola nti: "Jangu osumulule omumenyi w'amateeka ono, Mu bwangu nga tannaba kwonoona bantu bano abaasibirwa obwerere."

Tweteekateeka tutya olw'omusango? Tweteekateeka tutya olw'okuja kwa Kristo? Olw'okwatula okw'amazima nti: nze mu butuufu ngw'aniidde ekibonerezo eky'okufa olw'ebibi byange, naye omuntu omulala yatwala ekifo kyange era n'ansoonyiwa okusonnyiyibwa okw'ekyewuunyo.

Kaakano mu kiseera kino weeweeyo era buli kintu kyonna ekinaabaawo ojja kubeera n'enkolagana ey'amazima ne Kristo ey'amaaso ku maaso era n'omutima ku mutima eya mazima.

# ZUULA

## EKYAMA KY'OKUSABA OKUDDIBWAMU



Anatoli Levitim, omuwandiisi omurussia era omuyizi w'ebyafaayo yamala emyaka mingi mu Sayiberia Gulag eyo okusaba Katonda gye kwali kuweeddewo. Naye yagenda okuvaayo ngali bulungi mu by'Omwoyo. Yawandiika bwati: "Eky'amagero esingira ddala byonna kwe kusaba." Kye nina kyokka kwe kukyukira Katonda mu birowoozo byange era mu kiseera ekyo mpulira amaanyi agava awantu agafukibwa mu nze, mu mwoyo gwange, mu nze nzenna. Kiki ekyo? Ludda wa nze, omusajja omukadde ataliimu ka buntu, akooye obulamu, gye nnandifunye amaanyi agazza obuggya era agandokola, ne gansitula waggulu w'ensi? Gaali gava bweru - era tewali maanyi mu nsi yonna agasobola okugaziyiza."

Mu "Mulagirizi" ono tujja kulaba engeri okusaba gye kusobola enkolagana ey'amaanyi ne Katonda era n'obulamu obukristayo obugumu.

### 1. OKWOGERA NE KATONDA

Tusobola tutya okubeera abakakafu nti Katonda awulira okusaba kwaffe?

**"Era mulinkaabira, era muligenda ne munsaba, NANGE NDIBAWULIRA. Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkennenya n'omutima gwammwe gwonna." - Yeremiya 29:12,13.**

Kisuubizo ki Yesu kye yatuwa ekikakasa nti ajja kuwuliranga era n'okuddamu okusaba kwaffe?

**"Nange mbagamba mmwe nti, musabe, muliweebwa; munoonye, mulilaba; mweyanjule, muliggulirwawo." - Luka 11:9.**

Okusaba y'emboozi eyabantu ababiri. Ekyo Yesu ky'atusuubiza:

**"Laba nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula; omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange n'aggulawo oluggi nnaayingira gyali, era nnaaliira wamu naye, naye nange." - Kubikkulirwa 3:20.**



Kisoboka kitya okutuula wansi era n'ofuna akawungeezi akalungi n'emboozi awamu ne Yesu? Ekisooka, olw'okumutegeeza buli kantu konna akali mu mitima gyaffe mu kusaba. Eky'okubiri; olw'okuwuliriza n'obwegendereza. Bwe tuba nga tufumintiriza mu kusaba, Katonda ayinza okwogera naffe butereevu. Bwe tuba nga tusoma ekigambo kya Katonda nga twewaddeyo, Katonda aba ayogera naffe okuyita mu mpapula zaakyo. Okusaba kusobola okufuuka ekkubo ery'obulamu eri Omukristayo.

**"MUSABENGA OBUTAYOSA; mwebazenga mu kigambo kyonna kyonna; kubanga ekyo Katonda ky'ayagala mu Kristo Yesu gye tuli." - 1 Abasesolonika 5:16-18.**

Tusobola tutya "okusaba buli kaseera?" Tulina kufukamira ku mavvivi ekiseera kyonna, oba buli kaseera okwogera ebigambo ebitendereza oba okwegayirila? Mu butuufu si bwe kiri. Naye tulina okubeera n'enkolagana ey'okumpi ne Yesu era nga tuwulira eddembe okwogera gyali ekiseera kyonna, mu kifo kyonna wetuli.

"Bwe tuba mu nguuddo mu bibiina by'abantu, bwe tuba ku mirimu gyaffe tuyinza okuwaayo okusaba kwaffe eri Katonda, nga tumusaba okutulunga'mya… kitusaanira buli kaseera konna okuggulawo oluggi

lw'omutima gwaffe, ne tusaba Yesu ajje abeere mu mwoyo gwaffe ng'omugenyi waffe omwagalwa," - Omusaale waffe, P.III.

Erimu ku makubo erisinga obulungi okubeera n'enkola ey'ekika kino, ey'enkolagana ey'omukwano kwe kuyiga okufumitiriza nga tusaba.

**"Okulowooza kwange kumusanyusenga, Nnasanyukiranga mu Mukama." - Zabbuli 104:34.**

Bw'oba ng'osaba toyanguyiriza n'oyita mu lukalala olw'eby'okusaba. Lindirira ate lowooza. Okusaba okuttono okulimu okufumintiriza kusobola okuwa omukisa mungi enkolagana yo ne Katonda.

**"Musemberere Katonda naye anaabasemberera." - Yakobo 4:8.**

Gye tukoma okusemberera okumpi ne Yesu, gye tukoma okuwulira okubeerawo kwe. N'olw'ekyo beera kumpi ne Yesu, era teweeralikirira bigambo ki ebituufu by'oyogera. Gwe yogera n'obwesigwa mu mwoyo ogw'eddembe. Yogera ku buli kintu kyonna. Ye yayita mu bulumi bwonna obw'okufa asobole okufuuka mukwano gwo ow'omu nda.

**2. TUSABA TUTYA**



Bwe tuba nga tusaba twandyagadde okugobeerera enkola y'okusaba kwa Mukama waffe, eky'okulabirako eky'okusaba Yesu kye yayigiriza abayigirizwa be ng'adda mu kusaba kwabwe nti: "Tuyigirize okusaba."

**"Kitaffe ali mu ggulu, erinnya lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala babikole mu nsi, nga bwe babikola mu ggulu. Otuwe leero emmere yaffe eya leero. Otusonnyiwe amabanja gaffe nga ffe bwe tusonnyiwa abatwewolako. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri omubi. Kubanga obwa kabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa bibyo. Emirembe n'emirenbe-Ammiina." - Matayo 6:9-13.**

Okusinziira ku ky'okulabirako Yesu kye yatuwa mu kusaba kwe, tugenda eri Katonda nga Kitaffe owo mu ggulu. Nga tusaba by'ayagara bifuge emitima gyaffe mu ngeri y'emu nga bwe kiri mu ggulu lyonna. Tumusaba olw'ebyetaago byaffe eby'omubiri. Okusonyiyibwa, era n'olw'empisa ey'okusonyiwa (abalala). Jjukira nti obuyinza bwaffe okulwana n'ekibi gava eri Katonda. Okusaba kwa Kristo kumalirizibwa n'okutendereza.

Ku mukolo omulala ogumu, Yesu yayigiriza abayigirizwa be okusaba Kitaffe okuyita "mu linnya lye" (Yokana 16:23). OKwo kwe kusaba ng'etteeka lya Yesu. Eno y'ensonga lwaki bulijjo abakristayo okusaba kwabwe bakukkomekereza n'ebigambo nti: "Mu linnya Yesu, Amiina!" Amiina kigambo kya Lwebbulaniya ekitegeeza nti "kibeere bwe kityo!"

Newankubadde ng'okusaba kwa Mukama waffe kutuwa eky'okulabirako eky'ebyo ebisaanidde okusaba era n'engeri gye tusobola okuteekawo okusaba, enkolagana yaffe ne Katonda esingawo okuba ennungi bwe tubeera n'okusaba okuviira ddala mu mutima.

Tusobola okusaba ku buli kintu kyonna. Katonda atuyita tusabe okusonyiyibwa ebibi byaffe (1 Yokana 1:9), okubeera n'okukkiriza okunene (Mako 9:24), ebyetaago eby'obulamu, (Matayo 6:11), okuwonyezzebwa okuva mu ndwadde ne mu kubonaabona (Yakobo 5:15), n'okufukibwako Omwoyo (Zakaliya 10:1). Yesu atukakasa nti tusobola okutwala okwetaaga kwaffe kwonna n'okweralikirira kwaffe gyali; tewaliiwo kintu kitono nnyo kye tutateekwa kusaba.

# ZUULA

**"Mumukwaseenga byonna ebibeerarikiriza, kubanga ya abalabirira." - 1 Petro 5:7.**

Omulokozi waffe asanyukiira nnyo (okumanya) kalonda yenna ow'ebyo byonna ebiri ku bulamu bwaffe. Omutima gwe gusanyuka singa emitima gyaffe gyekwata ku ye mu kwagala ne mu kukkiriza.

### 3. OKUSABA OKWA SSEKINNOOMU



Abasinga obungi kuffe tulina ebintu eby'ekyama bye tutasobola kubuulirako yadde mukwano gwaffe asingira ddala okuba ow'okumpi. Katonda atuyita okweggyako emigigu ng'ejo mu kusaba okwo omu: ggwe ng'oli omu awamu naye yekka. Tekitegeeza nti yeetaaga amawulire okuva gye tuli. Katonda ayinza byonna amanyi bulungi nnyo, ebyama byaffe, okutya kwaffe, ebirowoozo ebikweke, obusungu obukweke n'okusinga kye tumanyi. Naye twetaaga okuggulawo emitima gyaffe eri oyo atumanyi ekigenda ewala, era atwagala n'okwagala okutaggwaawo. Okuwonyezebwa kuyinza okutandika Yesu bw'anaakwata ku biwundu byaffe.

Bwe tusaba, Yesu, Kabona waffe asinga obukulu aba kumpi okutuyamba.

**"Kubanga tetulina Kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe bunafu bwaffe; NAYE EYAKEMEBWA MU BYONNA BUMU nga ffe; so nga ye talina kibi. Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusasirwa era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe, tukwetaaga." - Abebbulaniya 4:15,16.**

Owulira mu nda yo nga weeralikiridde ozitoweereddwa, oba owulira omusango? Biteeke mu maaso ga Mukama. Asobola okukuwa ng'obwetaavu bwo bwe buli.

Tugwanidde okubeera n'ekifo eky'enjawulo olw'okusaba okw'omuntu omu?

**"Naye ggwe bw'osabanga, yingiranga mu kisenge mu nda, omalanga kuggalawo luggi, n'olyoka osaba Kitaawo ali mu kyama, kale Kitaawo alaba mu kyama, alikuwa empeera." - Matayo 6:6.**

Ng'ogasseko okusaba ng'otambula mu nguudo, ng'okola ku mulimu, ng'oli mu ssanyu musanyuka, buli mukristayo ateekwa okubeera ne kiseera eky'okusaba n'okuyiga Bayibuli. Funa ekiseera eky'okusisinkana ne Katonda ekya buli lunaku, mu kiseera lw'owulira ngoli bulungi, mu kiseera era ng'olowooza bulungi.

### 4. OKUSABA OKWA BANGI



Okwegattira awamu n'abantu abalala mu kusaba tuteekawo oluganda olw'enjawulo era ne kuyita amaanyi ga Katonda mu ngeri ey'enjawulo.

**"Kubanga ababiri oba abasattu we baba nga bakung'anye ku lwange, nange mbaawo wamu nabo." - Matayo 18:20.**

Ekimu ku bintu ebisinga obukulu kye tusobola okukola ng'amaka kwe kubeera n'obulamu obw'okusabira awamu. Laga abaana bo nti tusobola okutwala okwetaaga kwaffe gy'ali buterevu. Bajja kuba basanyufu eri Katonda bwe banamulaba ng'adda mu kusaba ku bintu byonna eby'omu bulamu. Ekiseera eky'okusaba eky'amaka kifuule eky'okugabana essanyu n'emirembe.

### 5. EBYAMA 7 EBY'OKUSABA OKUDDIBWAMU

# ZUULA

Musa yasaba ennyanja emyufu n'eyawukanamu. Eriya yasaba omuliro ne guva mu ggulu ne gukka ku nsi. Danieri yasaba Malayika n'aziba obumwa bw'empologoma. Bayibuli etulaga emirundi mingi egy'okusaba okwaddibwamu. Era etukubiriza okusabanga ng'ekkubo ery'okufuna amaanyi ag'obuyinza bwa Katonda. Yesu yasuubiza nti.

**"Bwe munasabanga ekintu mu linnya lyange, nnaakikolanga." - Yokana 14:14.**

Naye okusaba okumu kulabika ng'okugenda nga tekuddibwamu. Lwaki? Gano ge mateeka omusaanvu agajja okutuyamba okusaba kwo okuddibwamu.

**(1) SEMBEERA KUMPI NE KRISTO.**
**"Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange ne bibeera mu mmwe, musabenga kyonna kye mwagala, kinabakolerwanga." - Yokana 15:7.**

Singa tunafuula enkolagana yaffe ne Katonda okuba ekintu ekikulembera era ne twekuuma nga twegasse naye, tujja kuba nga tuwuliriza era nga tulindirira okuddibwamu kw'okusaba kwaffe bwe kitaba bwe kityo kujja kugenda nga tekufiiriddwako.

**(2) WEESIGE KATONDA.**
**"Ne byonna byonna bye munaayagalanga nga musaba, NGA MUKKIRIZA munaabiweebwanga." - Matayo 21:22.**

Okukkiriza oba okubeera n'okukkiriza, kitegeeza nti tutunuulidde Kitaffe ow'omu ggulu okutuwa eby'etaago byaffe. Singa nga obutakkiriza bukutawanya jjukira nti omulokozi yakolera eky'amagero eri omusajja eyasaba nti:

**"Nzikiriza, wabula nnyamba; okukkiriza kwange kuggweemu okubuusabuusa." - Mako 9:24.**

Ssaayo essira okuteeka mu nkola okukkiriza KW'OLINA, teweralikiriranga. Olw'okukkiriza OKWO kw'otalina.

**(3) MU BUKAKKAMU JEMULUKIKIRA KATONDA KY'AYAGALA.**
**"Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti, bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira." - 1 Yokana 5:14.**



Jjukira nti Katonda ayagala okutuyigiriza mu ngeri y'emu nga bw'ayagala okutuwa ebintu, okuyita mu kusaba. Bwe kityo emirundi egimu agamba nti "Nnedda" ate ebiseera ebimu naddamu mu ngeri endala. Okusaba ly'ekkubo ery'okufuna engeri y'okweyongerayongera okwegatta ku Katonda by'ayagala. Tulina okussaayo omwoyo ku kuddamu kwa Katonda era n'okuyiga okuva mu kwo. Okukuuma olukalala lw'eby'okusaba n'ebyo ebiva mu byo kiyamba kinene.

Omwoyo Omutukuvu ajja kukuyamba okutandika okutambulira mu kkubo etuufu: "Kubanga mwoyo awolereza abantu ba Katonda, nga Katonda bw'ayagala" (Balumi 8:27). Jjukira nti bulijjo okwagala kwaffe kuteekwa kubeera bumu ne Katonda by'ayagala, singa nga tunasobola okulaba byakola.

**(4) LINDIRIRA KATONDA N'OKUGUMIKIRIZA.**
**"Nalindirira Mukama n'okugumikiriza; N'antegera okutu, n'ampulira okukaaba kwange." - Zabbuli 40:1.**

# ZUULA

Ensonga enkulu wano kwe kuteeka amaaso go ku Katonda, olw'okumalawo omutawaana. Togezangako omulundi ogumu okusaba obuyambi bwa Katonda olwo ate mu kiseera ekirala n'ossa emitawaana gyo mu kunoonya amasanyu. Katonda mulindirire n'okugumikiriza; empisa eno nno tugyetaaga nnyo.

**(5) TEWEKWATA KU KIBI.**
**"Bwe mba ndowooza obutali butuukirivu mu mutima gwange, Mukama tawulira." - Zabbuli 66:18.**

Ekibi ekimanyiddwa kikendeeza amaanyi ga Katonda mu bulamu bwaffe, kitwawukanya okuva ku Katonda (Isaaya 59:1-2). Tosobola kuddira mukono ogumu okwekwata ku kibi ate mu kiseera ky'ekimu omukono omulala n'ogwekwata ku buyambi bwa Katonda. Okwatula okw'amazima era n'okwenenya ebyo bimalawo omutawaana guno. Singa nga tetuli beeteefuteefu okukkiriza Katonda okutugya mu birowoozo eby'ekibi, n'ebigambo awamu n'ebikolawa eby'ekibi, okusaba kwaffe tekujja kukola.

**"Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi, mulyoke mubikozese okwegomba kwammwe." - Yakobo 4:3.**

Katonda tagenda kuddamu ng'akkiriza eri okusaba okw'okwerowoozako. Amatu go gaggulewo okuwulira amateeka ga Katonda, n'eri okwagala kwe, naye ajja kuggulawo amatu ge eri okusaba kwo.

**"Akyusa okutu kwe obutawulira mateeka, N'OKUSABA KWE KWA MUZIZO." - Ngero 28:9.**

**(6) KIWULIRE NTI WEETAAGA KATONDA**
Katonda addamu abantu abo abasaba okubeerawo kwe n'amaanyi ge mu bulamu bwabwe.

**"Balina omukisa abalummwa enjala n'ennyonta olw'obutukirivu; kubanga abo balikkusibwa." - Matayo 5:6.**

**(7) NYWERERA MU KUSABA**
Yesu yannyonnyola nga bwe tugwanidde okunywerera mu kusaba, ng'atutegeeza olugero lwa Nnamwandu eyajjanga eri omulamuzi buli lunaku olw'okumwegayirira. Era ku nkomerero Omulamuzi yayogera nti; "Naye olw'okunteganya Nnamwandu ono kw'anteganya nnaamulamula, aleme okuntengezza ng'ajja olutata." Era Yesu yamaliriza ng'agamba nti" "Kale ne Katonda taliramula abaronde be abamukaabirira emisana n'ekiro? Alirwaawo nga tanabayamba?" (Luka 18:5-7).

Yogera ebyetaago byo byonna, essuubi lyo n'entekateekazo eri Katonda, saba emikisa egy'enjawulo egy'obuyambi mu kiseera eky'obwetaavu sigala ng'okyanoonya, era sigala ng'okyawuliriza, okutuusa lw'onoyiga ekintu kyonna okuva eri okuddamu kwa Katonda.

**6. BAMALAYIKA BAWEEREZA OLW'EBYETAAGO BY'ABO ABASABA**



Omuwandiisi wa Zabbuli okuyita mu kuweereza kwa bamalayika ba Mukama yasanyuka olw'okuddamu okusaba kwe:

**"Nanoonya Mukama n'anziramu n'andokola mu kutya kwange kwonna… Malayika wa Mukama asiisira okwetooloola abo abamutya, n'abalokola." - Zabbuli 34:4-7.**

"Bwe tusaba, Katonda aweereza bamalayika olw'okuddamu okusaba kwaffe (Abebbulaniya 1:14). Buli muntu Omukristayo alina malayika amukuuma amuwerekera.

# ZUULA

**"Mulabe temunyoomanga omu ku abo abato bano; kubanga mbagamba nti mu ggulu bamalayika baabwe batunuulira ennaku zonna amaaso ga Kitange ali mu ggulu" - Matayo 18:10.**

**"Kubanga olw'okusaba kwaffe; Mukama waffe ali kumpi. Temweralikiriranga kigambo kyonna kyonna; naye mu bigambo byonna mu kusabanga n'okwegayiriranga bye mwagala bitegeezebwenga eri Katonda. N'emirembe gya Katonda, egisinga okutegeerwa kwonna ginabakuumanga emitima gyammwe n'ebirowoozo byammwe mu Kristo Yesu." - 2 Abafiripi 4:5-7.**

**7. ENNEYISA EY'OBULAMU OBUKRISTAAYO**

Bayibuli ennyonyola ku mpisa ez'enjawulo ez'obukristaayo. Okusinziira ku kyawandiikibwa ekya Abaefeso 4:22-24, Omukristaayo ateekwa "okweggyako" enneeyisa ey'obulamu obw'edda obuva mu "kwegomba okw'obulimba" era "n'okwambala" obulamu obuggya obwo obw'atondebwa mu kifaananyi kya Katonda" Mu ky'okuyiga OMULAGIRIZI ekyo 6, mu kifaannanyi kino, twakizuula nti mu kuzaalibwa obuggya "tuddibwamu okutondebwa nate" okubeera abantu ab'enjawulo mu Kristo.

Omulagirizi ono, era n'a- balagirizi abalala 6 abagobeerera, balaga enneeyisa y'obulamu obukristayo; bulaga ebyama by'obulamu obukristayo obusanyufu. Bijja kukuyamba okuzimba enkolagana ey'amaanyi ne Kristo, eyo ejja okuvaamu empisa ez'enjawulo ez'obulamu obukristaayo. N'olwekyo amaaso go gateeke ku Yesu leero, era emirembe gya Kristo bwe ginafuga obulamu obulambalamba, ojja kusobola okubeera ekitundu eky'abawanguzi nga basanyuka.

# ZUULA

## EKY'AMA KY'ESSANYU

Mu mwaka1943 ab'obuyinza obw'abakozi Abajapaani baalagira abantu ab'amawanga g'Abamerika n'aga Bulaaya "amawanga aga balabe" okukunganyizibwa mu nkambi ekuumirwamu abalabe mu China mu kitundu ekiyitibwa Shantung. Abasibe baali balina okugumiikiriza ekiseera eky'okukoowa, obutetaaya, okugottekebwa awamu era n'okutya. Obuntubulamu bwaggwaawo, obusungu bwa balinnya ku mitwe. Okuyombayomba ku bintu ebitaliimu kweyongera.

Naye eyali akuuma abantu bano yannyonnyola omusajja omu Erick Liddell, Omubuulizi w'enjiri eyava mu Scotland nti: "awatali kubuusabuusa Erick Liddell ye muntu eyasingira ddala okwetaagibwa, eyassibwangamu ekitiibwa era n'okwagalibwa mu nkambi."



Malaaya omurussia eyali mu nkambi oluvannyuma yajjukira Liddell nti ye yali omuntu yekka eyakukoleranga ekintu n'atayagala kumusasula. Omukyala oyo bwe yajja mu nkambi omulundi gwe ogwasooka ng'ali yekka omwami oyo ye yamuteekerawo amasa ga kabada ye.

Omukuumi omulala amujjukira nti "yalina ekitiibwa, yalina engeri ey'obuntu ey'okukkakkanya obusungu."

Mu lukung'ana olumu olwalimu abakuumi abaali bajjudde obusungu buli omu ng'akaayana nti wabeewo omuntu omu akolewo ekintu olw'abavubuka abato abalalulalu abaali batandise okufuna emitawaana. Liddell ye yaleeta n'ekintu ekyamalawo obuzibu. Yateekawo emizannyo, emirimu egy'okukola n'emikono era n'ebibiina by'abaana abato, era n'awaayo ekiseera kye eky'olw'eggulo ng'ali nabo.

Liddell yafuna etutumu n'ekitiibwa mu 1924 mu mizannyo gy'ensi yonna egya Olympic bwe yawangula omuddaali ogwa Zzaabu mu mbiro eza mita 400. Naye mu kisaawe kiri ekifunda yeeraga nga bwe yawangula bulungi embiro ez'Obukristayo n'ayanaamiriza abakuumi abasinga okubeera ab'ensi.

Kiki ekyamufuula okuba ow'enjawulo? Wali osobola okuzuula ekyama kye ku Ssaawa 12 eza buli nkya. Kino ky'ekiseera lwe yasoobanga mpola n'ava mu banne abaali beebase n'akoleeza ettabaaza ye n'atuula ku mmeeza ye n'asoma akatabo ke era ne Bayibuli ye. Erick Liddell yanoonya ekisa era n'amaanyi buli lunaku okuva mu bugagga obw'ekigambo kya Katonda.

### 1. EKITABO EKIKULEMBERA OKUTUUSA KU MPISA EZ'OBUKRISTAYO



Bayibuli yawandiikibwa nga ky'ekitabo ekikulembera Omukristayo. Ejjudde ebyafaayo eby'abantu bennyini abaali nga ffe abaatuukibwako ebintu ebizibu ebisoomoza obulamu ebifaanana ng'ebyo naffe bye tutuukako buli lunaku. Okumanya abantu bano; essanyu lyabwe era n'ennaku yaabwe, obuzibu bwabwe era n'emikisa gyabwe bituyamba okukula ng'Abakristayo.

Omuwandiisi wa Zabbuli awa ekifaananyi ekya buli lunaku okwesigama ku kigambo kya Katonda ng'akigerageranya n'ettaala oba toki.

**"Ekigambo kyo ye tabaaza eri ebigere byange, n'omusana eri ekkubo lyange." - Zabbuli 119:105.**

Omusana gwe tufuna buli lunaku okuva mu Bayibuli gulaga lwatu empisa n'amateeka agetaagibwa mu kukula okw'eby'Omwoyo. Ekisinga byonna, Bayibuli etulaga Yesu, omusana ogw'ensi. Obulamu bubeera n'amakulu singa Yesu abwakira.

# ZUULA

**2. OMUKWANO OGUTUKYUSA**



Kristo ayagala Bayibuli ebeere ng'ebbaluwa eva ewa mukwano gwo akuli okumpi.

**"Mbayise ba mukwano; kubanga byonna bye nnawuulira eri Kitange mbibabuulidde." - Yokana 15:15.**

Yesu atwagaliza ekisingira ddala obulungi ku lw'obulamu bwaffe - Eri abo abakyesiga ne kibayigiriza. Ekigambo kye kituyingiza munda mu luganda olw'enkolagana ne Katonda.

**"Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze." - Yokana 16:33.**

Okufuna emirembe gino n'obukakafu bunno obw'enkolagana ne Kristo, tuteekwa okusoma ebbaluwa gy'atuweereza. Ekyo Bayibuli kyeri: Ebbaluwa evudde mu ggulu. Tova ku bbaluwa eno n'ogireka nga togibikkudde. Obubaka obukyusa bwe weetaaga kye Kigambo kya Katonda.

Wano waliwo ek'yokulabirako kimu eky'obujulirwa, ku maanyi ga Bayibuli: "Nali nneetaaga obuyambi era nnabusanga mu Yesu. Buli kyetaago kyange kyonna kyampeebwa, enjala y'Omwoyo gwange yamatizibwa. Nze gyendi, Bayibuli embikkulira Kristo. Nzikkiriza mu Yesu kubanga gyendi ye Mulokozi Katonda. Nzikiriza mu Bayibuli kubanga nnagizuula nga ly'eddoboozi lya Katonda eri obulamu bwange." - *The Ministry of Healing, p. 461.*

**3. EBIKULEMBERA OBULAMU OKUBEERA MU BAYIBULI NE MU MATEEKA EKKUMI**

Mu bwangu, bwe tutunula ku mateeka ekkumi kijja kutuyamba okutegeera lwaki amateeka ago ne Bayibuli gy'emisingi egyetaagibwa mu bulamu obulungi

Amateeka ekkumi gawuulwamu ebitundu bibiri, Ekitundu ekisooka eky'amateeka ana gannyonyola enkolagana yaffe ne Katonda, era n'amalala omukaaga agasembayo gannyonnyola enkolagana ne bantu bannaffe. Amateeka gano gasangibwa mu kitabo kya Kuva 20:3-17.



**AMATEEKA AGASOOKA ABIRI GALAGA ENKOLAGANA YAFFE NE KATONDA ERA N'E KITIIBWA KYE.**
I. "Tobanga na bakatonda balala we ndi."
II. "Teweekoleranga kifaananyi ekyole Tobivunamiranga so Tobisinzanga."
**AMATEEKA ERYO 3 N'ERYO 4, GATULAGA ENKOLAGANA YAFFE N'ERINNYA LYE ERA N'OLUNAKU LWE OLUTUKUVU.**
III. "Tolayiriranga bwerere mu linnya lya Mukama Katonda wo."
IV. "Jjukira olunaku olwa Ssabiiti okulutukuzanga, ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo, naye olunnaku olw'omusaavu ye Ssabbitti eri MUKAMA KATONDA WO…"
**ETTEEKA ERY'OKUTAANO N'ERY'OMUSANVU GAKUUMA ENKOLAGANA Y'ABANTU EY'OMU MAKA.**
V. "Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa."
VII. "Toyendanga."
**ETTEEKA ERYO 6,8,9 NE 10 GAKUUMA ENKOLAGANA YAFFE N'ABANTU B'ANAFFE.**
VI. "Tottanga."
VIII. "Tobbanga."
IX. "Towayirizanga muntu munno."

X. "Teweegombanga nnyumba ya muntu munno, Teweegombanga mukazi wa muntu munno, oba newankubadde ekintu kyonna ekya muntu munno."

Amateeka ekkumi gannyonnyola enkolagana yaffe eri Katonda n'eri abantu abalala. Ge gatulagirira okkubo ery'obulamu Obukristayo.

**4. KIKI YESU KYE YAYOGERA KU MATEEKA EKKUMI?**

Olunaku olumu Yesu yali ayigiriza omusajja omuvubuka omujagujagu n'agenda gy'ali n'amubuuza nti, "Omuyigiriza nkole kigambo ki ekirungi mbeere n'obulamu obutaggwaawo?" (Matayo 19:16). Kristo yasobola okumulaba ng'alina obuzibu obw'eby'ensimbi era n'amuwa amagezi okweggyako eby'obugagga byonna era "agondere amateeka" (olunyiriri olwa 17).



Omuvubuka yagezaako okwewala eddagala ly'ebizibu bye Yesu lye yamuwa ng'abuuza ekibuuzo nti tteeka ki lye yali ayogerako. Yesu n'amulaga amateeka mangi ku mateeka ekkumi (olunyiriri olwa 18:19).

Eky'enkomerero, "Omuvubuka omugagga yakyuka era n'atambula nga yenna munakuwavu" (olunyiriri olwa 20-22). Yali asobola okukwata mu bwongo ebigambo by'amateeka ekkumi, naye yali tasobola kugondera Mwoyo gw'amateeka okulekayo enkola ye ey'okwerowoozako yekka mu bulamu.

Amateeka ekkumi galaga ensalo we tukoma mwetuberera n'enkolagana ennamu, enkola eya Katonda n'ey'abantu abalala. Yesu yalaga nti obuwulize ly'ekkubo erituusa abantu ku ssanyu ery'a mazima. Agamba bw'ati:

**"Bwe MUKWATA EBIRAGIRO BYANGE munaaberanga mu kwagala kwange, nga nze bwe nkwata ebiragiro bya Kitange ne mbeera mu kwagala kwe. EBYO MBIBAGAMBYE, essanyu lye nnina lilyoke libeere ne mu mmwe, era ESSANYU LYAMMWE LILYOKE LITUUKIRIRE." - Yokanna 15:10, 11.**

**5. OMUKULEMBEZE AKUTUUSA KU BULAMU OBW'ESSANYU**

Ekitabo kya Mubuulizi ye ripota eyava mu kunoonyereza kwa Sulemani ng'anoonya essanyu. Awandiika okunoonya kwe essanyu mu bugagga obw'ensi, mu mayumba amanene amalungi, mu nnimiro ez'emizabbibu, mu nnimiro ennungi ne mu nnimiro ez'ebibala ebiwunya obulungi. Yakung'anya abaddu bangi. Yeesanga nga yeetooloddwa buli kintu omuntu ky'asobola okwegomba. Naye essanyu lyamudduka, era yawandiika bwati:

**"Awo ne ndyoka ntunuulira emirimu gyonna emikono gyange gye gyali gikoze n'okutegana kwe nnategana okukola, era laba byonna butaliimu na kugoberera mpewo." - Omubuulizi 2:11.**

Sulemani nate yakyuka okunoonya essanyu okuva mu bugagga obw'ensi eno ng'asuubira okufuna essanyu. Yagenda mu kunywa omwenge, mu kwagala abakazi, era ne mu nnyimba. Okumaliriza kwe agamba nti:

**"Obutaliimu obusinga obutaliimu bwonna bw'ayogera Omubuulizi byonna butaalimu." - Omubuulizi 12:8.**

Sulemani olumu yali aleze era ng'alabye nti Mukama mulungi. Bwe yagerageranya obulamu bwe obwo obwasooka obw'obuwulize eri Katonda n'obulamu obw'obutafaayo obw'okugoberela essanyu mu bintu eby'ekibi; okusalawo kwe okw'enkomerero kwe kuno:

# ZUULA


**"Ekigambo ekyo we kikoma wano; byonna biwuliddwa, otyanga katonda okwatanga ebiragiro bye kubanga ebyo bye byonna ebigwanira omuntu." - Omubuulizi 12:13.**

Sulemani yali akiwulira nti ayinza okufuna essanyu okuyita mu kkubo ery'amakutu ery'obutaba muntu mulamu, ku nkomerero y'obulamu bwe, yali musajja akuze ekimala okukkiriza ensobi ye. Olw'okulokola abantu abalala baleme kugwa mu nsobi y'emu eyo, kyeyava awandiika nti:

**"Naye akwata amateeka alinna omukisa." - Ngero 29:18.**

**6. AMATEEKA EKKUMI OMUKULEMBEZE OW'ENDAGANO EMPYA ATATEEKWA KUVAAWO**

Mu Ndagaano Empya Omutume Yakobo yawa obujulirwa nti:



**"Buli akwata amateeka gonna kyokka n'asobya mu limu, aba n'omusango ogw'okumenya amateeka gonna. Kubanga eyagamba nti "Toyenda nga" era ye yagamba nti; "Tottanga muntu" kale bw'otoyende naye n'otta omuntu, oba mumenyi wa mateeka… N'olw'ekyo mwogera era mukolenga ng'ab'okusalirwa omusango, ng'amateeka agatufuula ab'eddembe bwe gali." - Yakobo 2:10-12.**


Charles Spergeon Omubuulizi w'enjiri kayingo ow'e kkanisa eya Baptist ow'ekyasa ekyayita, yagamba nti; "Amateeka ga Katonda matukuvu gava mu ggulu matuukirivu… Ebiragiro byago si bingi nnyo; tewali n'erimu ku go ettono ennyo, naye tewali kintu kyonna ky'ogagerageranya nago era obutuukirivu bwago ky'ekikakasa nti ga Katonda."

John Wesley, omu ku batandisi b'ekkanisa eya Methodist, yawandiika bino ku kubeerawo n'obutavaawo bw'amateeka: "Amateeka ag'empisa ennungi agasangibwa mu Mateeka ekkumi… Kristo teyagaggyawo… Buli kitundu kyonna mu Mateeka gano kiteekwa okusigala nga gafuga abantu bonna ate ab'emirembe gyonna." - Sermon, omuzingo, 1, olupapula 221, 222.

Billy Graham, Omubuulizi ow'ensi yonna asinga okussibwamu ekitiibwa ow'aba Evangilical atwala Amateeka Ekkumi okuba aga wagulu ennyo era bwe kityo kye yava awandiika ekitabo ekiramba ku bukulu bwago eri Omukristayo.

**7. AMAANYI OKUGAGONDERA**

Bayibuli awamu n'Amateeka Ekkumi tekyusibwa, teteekwa kuvaawo ye mukulembeze Omutuukirivu atuusa abantu ku bulamu obw'essanyu naye emitima gyaffe gikyalimu entalo. Omukyala omu yannyonnyola bwati: "Nzikiriza nti Amateeka ekkumi gakyafuga, era ndi mukakafu nti okugakuuma kituusa abantu ku bulamu obw'essanyu. Ngezezzako kyonna ky'ensobola okugakuuma, naye sikisobola. Era ntandise okukkiriza nti tewali muntu mulala yenna asobola kugakuuma."




Obunafu bw'obuzaaliranwa bw'omuntu kwe kugezaako okubeera n'obulamu obugondera ebiragiro bya Katonda. Naye ebiva mu kugeezako nga kuno, okuva mu mutima ogw'ekizikiza ogw'omuntu kwe kukkiriza okulemwa nti "sisobola kugagondera." Lwaki? Kubanga:

# ZUULA

**"Kubanga okulowooza okw'omubiri bwe bulabe eri Katonda, tekufugibwa Mateeka ga Katonda kubanga n'okuyinza tegakuyinza." - Abaruumi 8:7.**

Ekigendererwa ky'Amateeka Ekkumi kye kiruwa?

**"Kubanga Amateeka ge gamanyisa ekibi." - Abaruumi 3:20.**

Omulimu gw'Amateeka kwe kutukulembera okukakasiza ddala nti tuli boonoonyi abaabula abatalina ssuubi twetaaga Omulokozi.

**"Bwe kityo Amateeka yali mutwazi waffe eri Kristo, tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okukkiriza." - Abagalatiya 3:24.**

Yesu ky'eky'okuddamu; Bwe tujja ku bigere bya Yesu nga tuli mu butesobola bwaffe, olw'okukkiriza tusobola okufuna okusonyiyibwa ebibi byaffe era n'amaanyi okuva gy'ali okugondera Amateeka ge.

**8. OKWAGALA OKUGONDERA AMATEEKA EKKUMI**

Yesu atutegeeza nti okwagala kwe kuvaamu obuwulize.

**"Oba nga munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange." - Yokana 14:15.**

Singa twagala Katonda, tujja kugondera Amateeka ana agasooka ago agannyonnyola enkolagana wakati waffe ne Katonda, era singa twagala abantu tujja kugondera Amateeka omukaaga agasembayo agannyonnyola enkolagana yaffe ne bantu bannaffe.

Omuntu yenna alinnyirira Amateeka Ekkumi akola ebibi.



**"Omuntu yenna akola ebibi amenya Amateeka." - 1 Yokana 3:4.**

Naye Katonda yeebale, tulina omulokozi eyajja ku nsi n'afa era n'azuukizibwa era kaakati, mulamu ng'alina ekigendererwa kino:

**"Mumanyi nga Kristo yalabika alyoke aggyewo ebibi, era nga mu ye temuli kibi." - 1 Yokana 3:5.**

Omulokozi waffe asonnyiwa era ajjawo obutali butuukirivu - (1 Yokana 1:9). Olwo ate atusuubiza okutuwa okwagala kwe okujja, okutwagazisa - eddagala ekkulu eriwonya okwerowoozako ffeka awamu n'ekibi.

**"Kubanga OKWAGALA KWA KATONDA KUFUKIDDWAKO MU MITIMA GYAFFE ku bw'Omwoyo Omutukuvu gwe twawebwa." - Abaruumi 5:5.**

Mu nda yaffe tetulina obusobozi okukuuma amateeka ga Katonda.
Okwagala kwa Katonda "okwafukibwa mu mitima gyaffe" ly'e ssuubi lyaffe lyokka.

**9. EKISA KYA KATONDA N'OBUWULIZE ERI AMATEEKA**

Obulokozi kirabo. Tetusobola kukikolerera. Kye tusobola okukola kyokka kwe kukkiriza. Olw'ekisa kya Katonda tuweebwa obutuukirivu (okuyimirira mu masso ga Katonda nga tetubalirwa kibi), ng'ekirabo okuyita mu kukkiriza kyokka.

# ZUULA

**"Kubanga bwe mwakkiriza MWALOKOLEBWA LWA KISA kya Katonda.Okulokolebwa tekwava ku mwe, wabula kyali KIRABO KYA KATONDA." - Abeffeso 2:8.**



Tetusobola kukuuma mateeka ekkumi olw'okukola kwaffe - olw'okugezaako. Tetusobola kukuuma Mateeka tusobole okulokolebwa. Naye bwe tujja eri Yesu mu kukkiriza era ne mu buwombeefu olwo ne tulokolebwa, okwagala kwe kujjuza emitima gyaffe. N'ekiva mu kisa kya Katonda kino era n'okukkirizibwa, naffe twegomba okumugobeerera era n'okumugondera okuyita mu maanyi ag'okwagala kwe agali mu mitima gyaffe (Abaruumi 5:5).

Omutume Paulo assa essira ku butaliimu obw'okufuba kw'omuntu, era n'atulaga nti tetuli wansi w'amateeka ng'ekkubo ery'obulokozi naye "tuli wansi wa kisa."

**"Kale tukole ki? Tukole ekibi kubanga Amateeka si ge gafuga, wabula ekisa kya Katonda? Nedda tekisoboka." - Abaruumi 6:15.**

Lwaki? Kubanga omutima bwe gufugibwa okwagala kuvaamu obulamu obuwulize! (Abalumi 13:10). Okwagala Kristo kwe kumugondera:

**"Awulira ebiragiro byange n'a bikwata, oyo yanjagala." - Yokana 14:21.**

Eric Liddell ekyo kye yalaga newankubadde ng'embeera yali mbi nnyo, omukkiriza ali mu maanyi ga Katonda asobola okubeera n'obulamu obumativu era obuwulize. Liddell yalaga ekisa ekisanyusa mu kiseera eky'okunyigirizibwa awamu n'okutya. Enkolagana ey'okwagala kwe yalina ne Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu byamuwa amaanyi era ne bimusobozesa okutuukiiriza ebyetaago by'Amateeka (Abaruumi 8:1-4). Enkolagana ey'oluganda ey'okwagala Omulokozi eyakomererwa asobole okuvaamu obulamu obulungi.

Ggwe ekyama kino omaze okukyezuulira? Okwagala kwa Yesu gyoli okwamuleetera okuwaayo obulamu bwe ku lw'ebibi byo. Ayagala okuwa amaanyi, enkolagana yo n'okwagala kwe era "akuwe buli kirungi kyonna, olyoke okolenga by'ayagala" - (Abebbulaniya 13:21). Ggwe oddamu otya?

# ZUULA

## EKYAMA EKITUUSA KU KIWUMMULO EKY'OMU GGULU

Emyaka mitono egyakayita abantu abamu baalanga nti mu kiseera ekitali ky'ewala tujja kubeera n'ekiseera eky'eggandaalo kinene nga tetumanyi na ngeri ki gyetunakikozesa. Baalina ensonga ennungi okukola okulangirira okwo okw'obwesige. Mu bibuga eby'ensi, omuli ebyuma bikalimagezi (Kompyuta) byali nga bigayagaya omulimu ogukolebwa mu mwezi omulamu mu kaseera ka dakiika ntono nyo. Era n'ebyuma (roboti), zaali zitandise okukola emirimu egikooya agy'amakolero amanene.



Naye nga Kompyuta zikola era n'ebyuma ebyekozesa byokka bikola emirimu, abantu beeyongera kuba nga tebalina w'ebassiza mukka n'okusinga nga bwe kyali kibadde. Ennaku zino abantu tebalina biseera. Ekisinga byonna, n'amaka nago tegalina kiseera. Abasajja abafumbo ne bakyala baabwe bakisanga nga kizibu okufuna "ekiseera ekirungi" okubeera n'abaana baabwe, ng'ojjeko obutabeera na kyabwe bennyini.

Okuyiga okumu, mu bantu abamu abatono, kwalaga nti ekiseera ekya buli lunaku omusajja omuzadde ky'asobola okubeera ne batabani be zaali sekendisi 37 zokka. Amaka tegakyalina kiseera era tebakyasobola kusisinkana.

Tusobola tutya okuddirizamu era tusobola okusisinkana?

**1. EDDAGALA ERY'OKUVUMULA OBULAMU OBULIMU OKUKAKALUKANA**

Yesu yamanya obuzibu bw'amaka agalina okunyigirizibwa era ayagala tutegeere nti ekiwummulo eky'Omwoyo kyekimu ku bitundu ebikola obulamu obulungi. Agamba bw'ati:

**"MUJJE GYE NDI, mmwe mmwenna abakoze ne mukoowa n'abazitoowereddwa, NZE NNABAWUMMUZA… era MUYIGIRE KU NZE, kubanga ndi muteefu era mwetoowaze mu mwoyo, MULIZUULIRA EMYOYO GYAMMWE EKIWUMMULO." - Matayo 11:28,29.**

Bayibuli etuwa amagezi okufuna ekiwummulo eky'ekika kino mu ngeri bbiri, okujja eri Yesu BULI LUNAKU era ana BULI WIIKI.

**2. OKWEGATTA NE YESU BULI LUNAKU**

Ebibiina by'abantu buli kaseera byali byetaaga okubeerawo kwa Yesu. Era Yesu mu mwoyo ogw'eddembe yakolagana na buli muntu eyamwetooloolanga. Yakikola atya? Yafunanga ekiseera buli lunaku eky'okwogera nga ne Kitaawe ow'omu ggulu. Yesu yeesigamanga ku Kitaawe buli kaseera olw'okufuna amaanyi olw'ebizibu obw'obulamu (Yokana 6:57).

Singa nga tunabeera n'obulamu obukkakkamu, obulamu obuteefu nga ye bwe yalina tuteekwa okwesigama ku Yesu bulijjo - ka tukkirize ekigambo kye n'Omwoyo we ajjule muffe era bituwunde ebirpwoozo. Ekkubo erisingako obulungi ery'okulwanyisa amaanyi agasiiriza buli kinnomu era ne gatukutulakuturamu ng'amaka kwe kugatta obulamu bwaffe awamu n'obwa Kristo. Atugamba bw'ati:

**"MUBEERE MU NZE, nange mbeere mu mmwe… kubanga NZE WE SIRI, TEMULIIKO KYE MUYINZA KUKOLA." - Yokana 15:4,5.**

Obwetaavu obusingira ddala obunene obw'ekiseera kyaffe bwe bw'abantu okufuna amaanyi ag'Omwoyo okuyita mu kuteekawo



enkolagana eya buli lunaku ne Yesu. Ensonga emu enkulu ennyo eteekwa okussibwako essira ku nkolagana yaffe ne Kristo gwe mulimu gwe gwe yakola n'agumaliriza ku musaalaba. Kiwummulo eky'amazima, obwekweko obw'amazima, busobola okubeerawo lwa nsonga emu yokka, kubanga Yesu bwe yali ng'amaliriza omulimu yakaaba ng'afa ng'agamba nti, "Kiwedde" (Yokana 19:30). Mu bigambo ebirala yali agamba nti omulimu gwe ogw'okutununula gwali guwedde.

**"Naye kaakano OMULUNDI GUMU ku nkomerero ey'emirembe (Kristo) ALABISE OKUGGYAWO EBIBI olw'okwewaayo yennyini." - Abebbulaniya 9:26.**

Kristo bwe yafa "yaggyawo ebibi." Eno y'ensonga ky'avudde lwaki kigambibwa nti abakkiriza abo abeenenyezza ebibi byabwe (kabe musajja oba mukazi), asobola "okuwummulira" mu mulimu ogwa Yesu ogwamalirizibwa. Twakkirizibwa.

Omusango guli mu buli kigere kye tutambula mu bulamu bwaffe kaakano. Naye Yesu ku musaalaba, yamalawo omutawaana ogw'okusalirwa omusango omulundi gumu ku lw'abantu bonna. Okukaaba kwa Yesu nti, "Kiwedde," kyateeka akaboneero akakakasa ensonga ey'ekisuubizo kye nti, "nange nnabawummuza." Kristo yamaliriza omulimu ogw'okutununula ku musaalaba (Tito 2:14). Olwo n'awummulira mu ntaana ku Ssabbiiti ate n'azuukira okuva mu ntaana enkya ku Sunday ng'awangudde ekibi awamu n'okufa. Abakristayo tebasobola kubeera na bukakafu obusinga awo obw'okuwummulira mu mulimu gwa Yesu ogwamalirizibwa.

**"Kale tusembere eri Katonda n'Omwoyo OGUTALIMU BUKUUSA, OGUJJUDDE OKUKKIRIZA… Tunyweze essubi lye tulina tuleme kulivaako kubanga KATONDA EYASUUBIZA MWESIGWA." - Abebbulaniya 10:22,23.**

Olw'okubanga "eyatusuubiza mwesigwa" tusobola okuyingira mu kiwummulo eky'obulokozi bwa Yesu kwe yatusuubiza. Obuwombeefu, emirembe era n'ekiwummulo kye tufuna mu Yesu buli lunaku tebiva mu kintu kyonna ffe kye tukola, naye biva mu ekyo Kristo kye yakola ku musaalaba.

Tusobola okuwummulira mu Kristo kubanga obulokozi bwaffe bwakakasibwa. Obukakafu obwo, butuleetera naffe okubeera ne Kristo buli lunaku nga tulya ku Kigambo kye era nga tussa omukka ogw'eggulu okuyita mu kusaba. Okusisinkana ne Yesu kituyamba okufuula obulamu obunyigirizibwa okuba obw'emirembe era obulina ekigendererwa.

### 3. OBWEGAFFU NE YESU OBWA BULI WIIKI



Kristo ng'amaze okutonda ensi mu nnaku omukaaga (Abakolosayi 1:16-17). Yateekawo ekiwummulo ekya Ssabbiiti. Gwe mukisa gwaffe ogwa buli wiiki okuteekawo obwegaffu naye.

**"Katonda n'alaba buli ky'akoze, era laba kirungi nyo. Ne buba akawungeezi ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'omukaaga. Ne bigwa okukola eggulu n'ensi n'eggye lyabyo lyonna, Katonda n'amalira ku lunaku olw'omusanvu emirimu gye gye yakola; n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gyonna gye yakola. Katonda n'awa omukisa olunaku olw'omusanvu n'alutukuza, kubanga olwo lwe yawummuliramu mu mirimu gye gyonna Katonda gye yatonda gye yakola." - Luberyeberye 1:31-2:3.**

Nga omutonzi waabwe, Yesu "yawummula" ku lunaku olwa Ssabbiiti olwasooka awamu ne Adamu ne Kaawa, era "N'awa omukisa" olunaku olwa Ssabbiiti era "n'alutukuza." Katonda ye yaateekawo enkola eya wiiki ey'ennaku omusanvu si lwa bulungi bwe, naye lwa Adamu ne Kaawa era ne ku lwaffe mu kiseera kino. Olw'okubanga yalowooza kinene olw'abantu be be yali amaze okutonda, yabatekerawo buli lunaku olw'omusanvu okuyita mu bulamu bwabwe okubeera nga luweereddwayo olw'okunoonya amaaso

ge. Buli Ssabbiiti, nga bwe yalutuuma, lwali lwa kubeera lunaku olw'okuwummulirako mu byombi eby'omubiri n'okudda obuggya mu by'Omwoyo. Okuyingira kw'ekibi mu nsi yaffe kyafuula ekiwummulo ekya Ssabbiiti okuba ekyetaagibwa ennyo.

Omulokozi omu oyo eyasuubiza Adamu ne Kaawa "ekiwummulo," nga wayisewo emyaka nga enkumi bbiri yawa Musa amateeka ku lusozi Sinaayi (1 Bakolinso 10:1-4). Yesu yalondawo okuteeka ekiwummulo ekya Ssabbiiti mu mutima gwe nnyini ogw'Amateeka Ekkumi. Etteeka ery'okuna lisoma bwe liti:

**"JJUKIRA OLUNAKU OLWA SSABBIITI OKULUTUKUZANGA. Ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo gyonna; naye olunaku olw'omusanvu ye Ssabbiiti eri MUKAMA KATONDA WO: Olunaku olwo tolukolerangamu mirimu gyonna gyonna, so naawe weeka, newankubadde omwana wo omulenzi, newankubadde muwala wo, newankubadde omuddu wo, newankubadde omuzaana wo, newankubadde ebisolo byo, newankubadde munnaggwanga ali omumwo, kubanga mu nnaku omukaaga MUKAMA mweyakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu, n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu; MUKAMA kyeyava ALUWA OMUKISA olunaku olwa Ssabbiiti, N'ALUTUKUZA." - Kuva. 20:8-11.**

Katonda yateekawo olunaku olwa Ssabbiiti olunaku "olw'okujjukira" Mukama "eyatonda eggulu n'ensi." Ekiwummulo ekya Ssabbiiti buli wiiki kitugatta n'omutonzi waffe eyawa omukisa olunaku luno era n'alwawuula ku nnaku endala.

Yesu bwe yali ku nsi eno, yeefuniranga omukisa ogwa buli ngeri yonna ogw'okunyweza obwegaffu ne Kitaawe. Yafuna omukisa okuva mu kiwummulo ekya Ssabbiiti ng'asinza ku lunaku olwa Ssabbiiti, nga Luka bw'atutegeeza nti:

**"Najja Ennazalesi gye yakulira KU LUNAKU OLWA SSABBIITI nayimirira mu kung'aniro NGA BWE YALI EMPISA YE, n'ayimirira okusoma." - Luka 4:16.**

Oba nga Yesu Katonda - omuntu yeetaaga okuwummula mu maaso ga Kitaawe ku lunaku olwa Ssabbiiti, ffe ng'abantu obuntu mu butuufu ate ffe tusingawo nyo okukyetaaga. Yesu bwe yajja enkuuma ya Ssabbiiti ey'e Kiyudaaya ey'amateeka gye baali bagitaddeko, (Matayo 12:1-12), yakiraga nti Ssabbitti Katonda yagiteekawo lwa kugasa muntu.

**"N'abagamba nti Ssabbiiti yabaawo ku lwa muntu so si omuntu ku lwa Ssabbiiti bwe kityo Omwana w'Omuntu ye Mukama wa Ssabbiiti nayo." - Mako 2:27, 28.**

Mu kufa kwe Yesu yalaga obukulu bwa Ssabbiiti. Yafa ku Friday, "olunaku olw'okuteekateka, nga Ssabbiiti enneetera okutandika." (Luka 23:54). Ku lunaku olwo kwe yalangirira nti "Kiwedde," ekitegeeza nti omulimu gwe ogw'okujja ku nsi kuno okufa mu kifo ky'olulyo olw'omuntu gwali guwedde (Yokana 19:30; 4:34; 5:30). Bwe kityo olw'okussaamu ekitiibwa omulimu gwe gwe yali amaze okukola, kyeyava awummulira mu ntaana ku lunaku olwa Ssabbiiti.

Mu ngeri y'emu, nga Kristo bwe yamaliriza emirimu gye egy'obutonzi ku lunaku olw'omukaaga n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu, bwe kityo okuyita mu kufa kwe ku musaalaba Yesu yamaliriza omulimu gwe ogw'okununula omuntu ku lunaku olw'omukaaga era n'awummulira ku lunaku olwa Ssabbiiti.

Ku lunaku olwa Sunday ku makya Yesu yava mu ntaana, omulokozi omuwanguzi (Luka 24:1-7). Yali amaze okutegeeza abayigirizwa be okusisinkana naye ku Ssabbiiti ng'amaze



okuzuukizibwa. Ng'ayogera ku kuzikirizibwa kwa Yerusalemi, ekyo okwaliiwo emyaka nga ana ng'amaze okufa, yabalagira bw'ati:

**"Nammwe musabe ekiddukiro kyammwe kireme okuba mu biro eby'empewo newankubadde ku Ssabbiiti." - Matayo 24:20.**

Omulokozi waffe yayagala Abatume be awamu n'abagobereezi baabwe okusigala nga bassa mu nkola ebyo byonna bye yabayigirizanga (Yokana 15:15,16). Yayagala bafune ebiwummulo byombi, ekiwummulo eky'obulokozi, era ekya Ssabbiiti. Era nabo tebamuswaza. Abatume, nga Yesu amaze okufa baagenda mu maao n'okukuuma Ssabbiiti. (Soma Luka 23:54-56; Bikolwa 13:14; 16:13; 17:2; 18:1-4).

Omutume omwagalwa Yokana yakuumanga obwegaffu bwe ne Kristo ku lunaku olwa Ssabbiiti, mu bbaluwa ye gye yawandiika mu myaka gye egy'oluvannyuma yagamba bw'ati: "Nnali mu Mwoyo ku lunaku lwa Mukama" (Kubikkulirwa 1:10). Okusinziira ku kuyigiriza kwa Yesu "olunaku lwa Mukama" ye Ssabbiiti, "kubanga Omwana w'Omuntu ye Mukama wa Ssabbiiti" (Matayo 12:8).

Ku lunaku olwa Ssabbiiti tujjaguza olw'ebikolwa ebibiri ebisinga obukulu eby'okukola kwa Mukama waffe ku lwaffe. Olw'okututonda era n'okutununula. Okukuuma Ssabbiiti kuno ne mu ggulu kugenda kubeerayo:

**"Kubanga eggulu eriggya n'ensi empya bye ndikola bwe birisigala mu maaso gange bw'ayogera MUKAMA… okuva ku Ssabbiiti okutuuka ku Ssabbiiti, bonna abalina omubiri banajjanga okusinza mu maaso gange bw'ayogera MUKAMA." - Isaaya 66:22,23.**

**4. EMIGASO GY'EKIWUMMULO KYA SSABBIITI**

Ennaku zino abantu balinnya ku bannabwe mu bulamu bwabwe obujjudde emitawaana. Abamu basiriira. Amaka gakutukamu olw'okunyigirizibwa. Naye Katonda atuwa Ssabbiiti ng'ekkubo erisingako obulungi olw'okubeera n'obulamu obulungi.

Leeka twetegereze ekimu ku mikisa egy'enjawulo egy'ekiwummulo ekya Ssabbiiti.

**(1) SSABBIITI KIJJUKIZO KYA BUTONZI ERA OKUGIKUUMA NGA NTUKUVU, TUZIMBA EKIJJUKIZO KY'OMUTONZI WAFFE.** Essawa za Ssabbiiti entukuvu zituwa omukisa ogw'enjawulo ogw'okwegatta mu nsibuko yaffe ey'obutonzi obw'ensi obwa Katonda. Omulundi gwo ogwasembayo gwaliiwo di, ggwe n'abantu ab'omu maka go lwe mwafuna ekiseera ne mukyalako mu kibira ekisirifu ekirungi oba ku mugga oguliko ebiyiriro? Ssabbiiti etuwa ekiseera okubeera ko ne Yesu era ne tulaba eby'amagero bye yatukolera.



**(2) KU SSABBIITI TUFUNA ESSANYU ERY'OKUSINZA ERA N'OKUKUNG'ANA N'ABAKRISTAYO ABALALA.** Waliwo emigaso egiva mu kuteendereza Katonda nga tuli wamu ng'ekibiina eky'abantu abasinza. Ssabbiiti etuwa ekiseera eky'enjawulo okusisinkana awamu ng'ekkanisa okuzza obuggya amaanyi g'emyoyo gyaffe.

**(3) SSABBIITI ETUWA EMIKISA OKUKOLA EBIKOLWA EBY'OKULOWOOZA EBY'EKISA.** Muliraanwa wo wakati mu wiiki abadde mulwaadde ng'ate tolina kiseera kumukyalira? Mukwano gwo bwe yafiirwa omwami we nga yeetaaga okusaasira n'okukubagizibwa era okunyigirizibwa okw'emirimu eggya buli lunaku gyakuziyiza okumukyalira? Yesu atuwa amagezi nti: "Kale kirungi okukola obulungi ku Ssabbiiti" (Matayo 12:12).

# ZUULA

**(4) KU LUNAKU OLWA SSABBIITI LWE LUNAKU OLW'OKUZZAAMU AMAANYI EBIGATTA AMAKA.** Yesu bwe yalagira nti, "Ku lunaku olwa Ssabbiiti tokolanga mulimu gwonna" (Kuva 20:10). Teyandisobodde kuwa kunnyonnyola okusingako awo eri ba Ttaata abafa emirimu n'eri ba Mmaama bannyigirizibwa. Ssabbiiti kye kipande ekinene ekisoma nti, YIMIRIRA eri amaka. Yimirira ojjemu ebintu ebisinga okwetaagibwa mu ebyo ebisinga obukulu. Ssabbiiti lunaku lumu lwe tusobola okuteeka okusaba mu kifo ky'okunnyigirizibwa, okuseka mu kifo ky'okukola, okulowooza okw'akasirise mu kifo ky'oluseregende olw'emirimu egy'okukola. Ekiwummulo kya Ssabbiiti kiwa abantu ab'omu maka bonna okwegatta ne Kristo era n'okufuna amaanyi ge ag'omwoyo.

**(5) SSABBIITI KISEERA KYA KUSEMBERERA YESU MU NGERI EY'ENJAWULO.** Enkolagana yonna yeetaaga ekiseera ekirungi, n'enkolagana yaffe ne Yesu teyawukana n'ekyo. Okuwaayo olunaku olulamba eri Yesu buli wiiki ly'ekkubo eddene ery'okukuuma omukwana gwaffe ne Yesu nga mulamu ate nga gusanyusa. Ssabbiiti etuwa ekiseera ekinene olw'okuyiga Bayibuli n'okusaba ekiseera ekinene ekitalimu mitawaana nga tuli ne Yesu yekka mu kifo eky'akasirise nga tumuwuliriza.

Yesu "yawa omukisa olunaku olwa Ssabbiiti era n'alutukuza" n'ekisuubizo eky'okubeerawo kwe (Luberyeberye 2:3). Osobola okukitegeera nti okukuuma olunaku olwa Saturday, olunaku olw'omusanvu mu wiiki nga Ssabbiiti lwa kubanga Yesu lwe yayawula okuva ku nnaku endala ku kutondebwa kw'ensi, olw'okukolagananga naffe mu ngeri ey'enjawulo.

Yesu bwe yateeka wo Ssabbiiti kirabikira ddala nti omulembe gwaffe guno gwamuli mu biroowozo. Ekiwummulo kino tukyetaagira ddala mu mbeera yaffe gye tulimu ey'okunyigirizibwa: Olunaku olutuggira ddala ku bintu byonna ebirala. Olunaku olw'okusinza Katonda, tuyingire mu kutondebwa obuggya, era tolowooze ku nkolagana yaffe ne Katonda okusinga okulowooza ku bintu.

**5. OKULEGA KU KIWUMMULO EKY'OMU GGULU**

Tusobola okuwumbawumba emikisa egy'okwegatta ne Yesu ejja "buli lunaku" n'ejja "buli wiiki" mu kigambo kimu - okuwummula. Ekigambo "Ssabbiiti" kiva mu lulimi Olwebbulaniya ekitegeeza okuwummula, n'olw'ekyo tekyewuunyisa ebyawandiikibwa ebitukuvu bwe biyita olunaku olw'omusanvu "Ssabbiiti ey'okuwummula." (Balevi 23:3).

**"Kubanga olunaku olw'omusanvu lulina (Katonda) w'alwogererako awagamba nti: 'Katonda n'awummulira emirimu gye gyonna ku lunaku olw'omusanvu.'… N'OLW'EKYO ABANTU BA KATONDA BAKYALINAWO EKIWUUMULO EKY'OKU LUNAKU OLW'OMUSANVU… Kale tufubenga okuyingira mu kiwummulo ekyo." - Abebbulaniya 4:4-11.**



Okufuna "ekiwummulo ekya Ssabbiiti" ekya buli wiiki kituwa okulega ku sanyu liri lye tufuna mu kiwummulo ekitukiridde eky'omu ggulu. Ekiwummulo kino si kya butakola kyokka, kikwata ku bukuumi bwe, emirembe, era n'okubeera obulungi nga biva mu nsibuko y'obulamu obungi obw'amazima. Ekiwuumulo ky'omwoyo eky'ekika kino tuyinza okukisanyukira nga tukissa mu nkola. Obujjulirwa bw'abo abafunye ekiwummulo eky'obulokozi era n'ekiwummulo ekya Ssabbiiti buli mu nsi yonna: "singa ng'oyingira mu kiwummulo eky'okwegatta ne Yesu buli lunaku na buli wiiki, ojja kuzuula essanyu erisingira ddala mu bulamu."

Wandyagadde okwebaza Yesu olw'ekirabo kye eky'ekiwummulo? Wandyagadde okumwebaza olw'ekisuubizo ky'ekiwummulo eky'obukolozi ekya buli lunaku olw'okusobola okusisinkana n'ebintu ebisomooza obulamu era n'okumwebaza olw'ekisuubizo eky'ekiwumulo ekya Ssabbiiti buli wiiki olw'okukakasa enkolagana yo naye? Obanga tokikolanga, wandyagadde okukkiriza ekirabo ekyo bulokozi ky'akuwa? Wandyagadde okumutegeeza nti oyagala okukuuma Ssabbiiti ye buli wiiki. Wandyagadde okumugamba nti

# ZUULA

"Nzikiriza Mukama! Njagala okuzuula essanyu mu lunaku lwe wassaawo." Lwaki tosobola kwewaayo mu kiseera kino?

(Okyasobola okwewuunya: ani eyakyusa Ssabbiiti okugijja ku Saturday, olunaku olw'omusanvu mu wiiki ne baluzza ku Sunday, olunaku olusooka mu wiiki? Okukyusa kuno kwaliiwo di? Katonda ye yalagira okukyusa kuno? Ebibuuzo bino byonna bijja kuddibwamu mu Omulagirizi owa No.21.)

# ZUULA

## EKYAMA KY'OKUKULA OKUYITA MU KUGABA

Larry bwe yali mu nnyumba ya mwami Komori yali asanyukira emboozi emusanyusa nga, bwanywa kyayi ow'ekijapani n'emigaati emikole mu mukyere, abagenyi banne ne baggyayo Bayibuli zaabwe, bonna baamutunuulira nga naye bamusuubira okubegattako. Omwami Kimori n'amubuzza nti "oyinza okutuwa eky'okuyiga eky'olwa leero?"

Larry kaabulakata ne kyayi amutuge. Ye yali alowooza nti okukung'ana kwabwe okwo kwali kwa kwesanyusamu. Era mu kiseera ekyo yali talina kintu kyonna kye yali alowooza kwogera.



Mu mazima Larry yali asomesezzako ebibiina bingi ku ssomero ly'Abakristayo ery'olungereza mu Japan gye yali akolera. Naye mu bibiina eby'okuyiga byalinga biteeketeeke bulungi. Ng'okwogera ku Bayibuli takisangamu buzibu. Naye okwogera ku Katonda mu kiseera ekyo kyali kirala nnyo.

Larry okuva mu buto bwe yali awulidde eby'okuyiga bingi okuva mu Bayibuli. Naye ye gy'ali ng'omuntu eby'okuyiga bino byali tebirina makulu. Yali akola ebintu bye yali amanyi nti bikyamu mu maaso ga Katonda. Olwo yali asobola atya okwogera ku Katonda ye kennyini gwe yali tamanyi?

Ng'atudde awo ku ntebe, nga yeetolodwa abantu abamusuubira okubaako eky'okwogera' yali anaatera okulemererwa oluwalo lwe. Ng'ali mu kutya, olunyiriri olw'Omwoyo Omutukuvu ne lujja mu birowoozo bye olugamba nti: Nga tuli mu maaso g'abantu okuwa obujulirwa Omwoyo ajja kutuwanga eky'okwogera (Luka 12:12). Mu kiseera kino kye yava awaayo okusaba olw'obuyambi era n'afuna olugero olusinga okutegeerwa abantu bonna lwe wandirowoozezzako olw'omwana eyazaawa.

Bwe yali ng'annyonnyola engeri Katonda gy'ayagala abantu newankubadde abo abamuvaako, Larry yeesanga ng'ayogera ebyo ebiri mu mutima gwe. Ebigambo bye byali nga biyingira mu nda. Nga gwe mulundi gwe ogusooka mu bulamu bwe Larry yakikakasa nga Katonda bwe yali amwagala.

Ekiro ekyo Larry yafukamira ku kitanda kye n'awaayo obulamu bwe eri Katonda, era n'ekyenkomerero kino kyafuuka kya lubeerera. Okugabana okwagala kwa Katonda n'abantu abalala yakifuula kikulu nnyo okusinga ebirowoozo obulowoozo. Mu kiseera kino yali nsonga eyakola ku bulamu bwe.

### 1. YESU ATUYITA TUKULE OLW'OKUGABA

Abatume baali bamaze ekiseera kya myaka esatu n'ekitundu nga bayiga ebigambo bya Kristo era n'ebikolwa bye, era n'eky'enkomerero ne balaba okufa kwe era n'okuzuukira kwe. Nga Yesu anaatera okuddayo mu ggulu, yatuma abatume be okubeera ababaka be.

**"Naye MULIWEEBWA AMAANYI Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mwe, nammwe MUNAABANGA BAJULIRWA BANGE… n'okutuusa ku nkomerero y'ensi." - Bikolwa 1:8.**

Abagooberezi ba Kristo bwe beewaayo bulambalamba gy'ali ku lunaku olwa Pentekonte, Kristo eyazuukira yakyusa obulamu bwabwe okuyita mu maanyi ag'Omwoyo. Baafuuka abajulizi, si eri omubiri gwa Yesu ogwazuukira n'okugenda mu ggulu kyokka, naye era n'eri amaanyi ge agazuukiza agaali gakyusizza obulamu bwabwe.

Ng'Abakristayo naffe tulina okubeera abajulizi eri okuzuukira kwa Yesu, kubanga naffe tufunye amaanyi ge agazza obuggya mu bulamu bwaffe.

# ZUULA

**"Kyokka KATONDA ow'ekisa era atwagala ennyo, bwe twali NGA TUFIIRIDDE MU BUJEEMU BWAFFE, YATUZUUKIZA WAMU NE KRISTO. Mwalokolebwa lwa kisa kya Katonda, Nga tuli mu Kristo Yesu, Katonda yatuzuukiza wamu naye… yakola ekyo ALYOKE ALAGE… OBULUNGI BWE N'EKISA KYE EKINGI ENNYO, kye yatukwatira mu Kristo Yesu." - Abeefeso 2:4-7.**



Yatuzuukiza wamu ne Kristo, n'olw'ekyo tusobola "okulaga obulungi bwe n'ekisa kye ekingi ennyo" era (Yesu) atusaba okutwala amawulire ge amalungi ag'ekyo ky'asobola okukola mu bulamu bw'abantu bonna abali ku nsi, era atusuubira okugenda awamu naffe bwe tunaakola bwe tutyo (Matayo 28:19-20).

Omwami H.M.S Richards, omukulembeze w'okuweereza eddoboozi ly'obunnabbi ku mpewo (Radio) omulundi ogumu yawa obujulirwa nti: "Ndabye okukyuka kw'emitima gy'abantu abaawulira enjiri ya Kristo. Ntambudde ne ntuuka mu nsi erinnya lya Katonda ne Kristo gye lyali litawulirwangako okutuusa ekkanisa bwe yatwalayo obubaka. Ndabye abantu abo nga bakyuka okuva mu bujama okudda mu buyonjo, okuva mu bulwadde okudda mu bulamu obulungi, okuva mu kutya emizimu emibi okwa buli kaseera okudda mu ssanyu ery'obulamu Obukristayo obw'essanyu. Ndabye okukyuka mu mbeera ez'abakyala. Ndabye amaka ag'amazima amaKristayo nga gava mu kizikiza eky'obukafiiri mu buli nsi gye nnakyalira ndabye obulamu bw'abantu nga bukyusiddwa. Nkimanyi nti enjiri ya Kristo… ge maanyi ga Katonda ag'obulokozi (Abaruumi 1:16). Nkimanyi nti ekkanisa bw'ebuulira obubaka obw'enjiri, wabaawo obukyufu mu mitima gy'abantu, mu maka g'abantu era ebyo birabikira mu bulamu bw'abo abakkiriza okuyita kwayo."

Katonda yatuwa ffe abantu abanafu ekitundu eky'enjawulo eky'okukola mu mulimu guno ogusanyusa, kubanga okugabana kitundu kikulu eky'okukula kwaffe. Okukkiriza kwaffe okusigala nga kulamu, kutekwa okulagibwa abalala. Nga Larry bwe yakizuula nti okugabana okukkiriza kwaffe n'abalala kituyamba nnyo okukuteeka mu bikolwa mu bujjuvu era ne kituviiramu okukula.

**2. TUGABANA KRISTO N'ABANTU ABALALA MU NGERI Y'OBULAMU GYE TWEYISAAMU**

Omuvubuka omuto eyakulira mu maka amabi olumu yakyetegeereza nti: Bwe natunuulira eby'okulabirako abazadde bange bye bampa kya yonoona ekifaananyi kya Katonda; Saafuna kifaananyi kyonna eky'omuntu anjagala. Abantu abatwetoorodde beetaaga nnyo ekiyitiridde omuntu ajja okubawa ekifaananyi kya Katonda ekiramu. Eky'okubuulira kyaffe ekisingira ddala amaanyi ekyangu ddala y'embeera gye tweyisamu. Ng'omuntu tannaba kulowooza kyenkana wa ky'omanyi, ateekwa okusooka okumanya omufaako kyenkana wa ky'omufaako. Omutume Petero atukubiriza bwati:

**"MUKUUMENGA EMPISA ZAMMWE ENNUNGI olw'abantu ab'ensi be mulimu… BASOBOLE OKULABA EBIRUNGI BYE MUKOLA, BAGULUMIZE KATONDA… kubanga ne KRISTO YABONYAABONYEZEBWA KU LWAMMWE N'ABALEKERA EKY'OKULABIRAKO, MULYOKE MUMUGOBERERE." - 1 Petero 2:12,21.**



Nga Kristo "bwe yabonyaabonyezebwa" ku lwaffe ku musaalaba, tulina eky'okulabirako eky'okwagala okw'okwewaayo mu maaso gaffe. Okwagala kuno, nga kuzaaliddwa mu ffe ng'ekikolwa eky'okwagala abalala, kisobola okufuuka amaanyi ag'okuleeta abakkiriza mu mikono gya Kristo.

**3. TUGABANA KRISTO N'ABANTU ABALALA MU NGERI GYE TULOWOOZAMU**

# ZUULA

Setaani bwe yalumba Yesu mu ddungu ng'amukema okulya, n'amalala, n'okwegulumiza, Yesu yamulwanyisa n'amuwangula olw'okujjuliza mu byawandiikibwa ebitukuvu (Matayo 4:4,7,10). Yesu yali mweteefuteefu kubanga yali ajjuzizza ebirowoozo bye n'amazima ga Bayibuli.
Wano olutalo we tuluwangulira oba we lutulemera - mu birowoozo byaffe. Agamba bwati:

**"Kubanga nga bw'alowooza munda ye bw'ali bw'atyo." - Ngero 23:7.**

Abakristayo abakulu balowooza bya mu ggulu. Balowooza ku bulamu obulungi bwe bageezaako okufuna.

**"Musanyukirenga mu Mukama waffe bulijjo… Naye byonna mubitegeezenga Katonda; nga MUSABA, nga mumwegayirira era nga mumwebaza. Emirembe gya Katonda egisukkiridde okutegeera kwaffe, GINAAKUUMANGA EMITIMA GYAMMWE, N'EMYOYO GYAMMWE, nga biri wamu ne Yesu Kristo. Ab'oluganda eky'enkomerero, ebyo BYONNA EBY'AMAZIMA, ebissibwamu ekitiibwa, EBITUUFU, ebirongoofu, EBYAGALIBWA, N'EBY'ETTENDO, bye muba mulowoozaako… Katonda ow'emirembe anaabeeranga nammwe." - Abafiripi 4:4-9.**

Ekyo kye tuteeka mu birowoozo byaffe kye kitufuula ab'enjawulo. Bw'onootekamu ebintu ebitalina mugaso mu bulamu bwo, ojja kujjamu obutaba na mugaso. Teekamu ekigambo kya Katonda ojja kujjamu obulamu obutya Katonda.

### 4. TUGABANA KRISTO N'ABANTU ABALALA MU NGERI GYE TUTUNULAMU



Ng'ababaka abali mu kifo kya Kristo, Omukristayo ateekwa okuba ow'ekigero newankubadde mu ntunula, nga yeewala ebintu byonna ebisukkiridde.

**"Abamu ku bbo bwe baba nga tebakkiriza kigambo kya Katonda, balyoke baleetebwe mu kukkiriza olw'empisa zammwe ennungi, nga temuli na kye mubagambye. Kubanga bajja kulaba empisa zammwe ennoongoofu era ezibassisaamu ekitiibwa. Okweyonja kwammwe kulemenga kuba mu bya kungulu: mu misono gy'enviiri n'egy'amajolobera aga Zzaabu n'egy'ebyambalo, naye kube kwa mutima munda: OKWEYONJA OKUTAYONEENEKA, OKW'OMWOYO OMUWOOMBEEFU ERA OMUTEEFU. Okwo kwe kw'omuwendo ennyo mu maaso ga Katonda. Kubanga n'abakazi ab'edda abatukuvu, abaasuubiranga mu Katonda, bwe batyo bwe beeyonjanga, era nga bawulize eri babbabwe." - 1 Petero 3:1-5.**

Obwangu mu nnyambala era ne mu kweyonja bulijjo kulaga empisa ez'amazima ezifaanana eza Kristo. Eky'okugeza: abantu abalala batekwa okusikirizibwa okujja gye tuli si lwa misono egy'ennyambala gye tukola, naye olw'obulamu kye bukola ekyogera ku Kristo.

### 5. TUGABANA KRISTO N'ABANTU ABALALA OLW'EBYO BYE TUKOLA

Omukugu ow'ebyafaayo Edward Gibbon atutegeeza nti Gelerious bwe yawamba enkambi eya Persia, ensawo emasamasa ey'eddiba eyali ejjudde amayinja ag'omuwendo amangi yagwa mu mikono gy'abasirikale abaali banyaga ebintu. Omusajja ono mu bwegendereza yakuuma ensawo ey'omuwendo ey'omugaso, naye n'asuula amayinja ag'omuwendo omungi agagirimu.

Abantu beekutte ku bulungi obw'okungulu obusanyusa amaaso, ensi bw'ebawa, naye ne bagaana Yesu, ejjinja ekkulu ery'omuwendo omunene - basingako n'abasikale bali abaali banyaga. Tetufiirwa bufiirwa mikisa okuva mu mikono gyaffe kyokka naye tufiirwa obulokozi obutaggwaawo. N'olw'ekyo ekyawandiikibwa kitulabula nti:

# ZUULA

**"Temwagalanga nsi, wadde ebintu ebigirimu. Oyo ayagala ensi, tabaamu kwagala Kitaffe. Kubanga buli ekiri mu nsi - okwegomba okw'omubiri, n'okwegomba okw'amaaso, n'okwegulumiza okw'obulamu buno -ebyo tebiva eri Kitaffe, naye biva mu nsi. Ensi eggwaawo n'okwegomba kwayo, naye akola Katonda by'ayagala, abeerawo emirembe n'emireembe." - 1 Yokana 2:15-17.**



Setaani akola nnyo okulaba nga ebibi ebizikiriza awamu n'empisa embi abisiigako Zzaabu oba akazigo. Bwe tulanga okunywa omwenge ku Radio ne mu mpapula z'amawaulire, eri abavubuka tubalaga bulungi okukola ennyo, n'abantu abayitiridde essanyu. Naye tetubalaga muntu anakuwadde ng'ava mu ttundiro ly'omwenge, ng'agenda ataggatta, ate mu kiseera kyekimu ng'agobeddwa ne ku mulimu.

Tuteekwa okuba abegendereza eri emikwano egituleetera okusuula empisa ez'obukristayo (2 Bakolinso 6:14). Mu butuufu, Kristo ayagala tubeere n'emikwano gy'abantu abatali bakristayo. Okubeera n'emikwano y'enkola esookera ddala mwe tuyita okugabana n'abantu abalala okukkiriza kwaffe. Kino kikakase nti mukwano gwo oyo taakuzzeeyo emabega mu mpisa zo ez'edda enkadde.

Ekintu kyonna kye tussa mu bulamu bwaffe, yadde ebyo ebitusanyusa bye tulonda, birina kinene kye bikola ku bulamu bwaffe obw'Omwoyo. Tuteekwa okuba abeegendereza ennyo ku ebyo bye tuteeka mu birowoozo byaffe:

**"Siteekenga kintu kyonna ekitasaana mu maaso gange." - Zabbuli 101:3.**

Singa tunaateekanga mu myoyo gyaffe ebyo ebisinga obulungi, ebisinga obubi tebijja kutusika kutuzzaayo wansi. Okwekwata ku bintu ebyeddaala erya waggulu mu bintu bye tuyingiza mu maka gaffe ne mu birowoozo byaffe tekijja kukendeeza ku bulamu bwaffe. Omukristayo alina ebintu bingi nnyo ebimuwa essanyu okusinga omuntu yenna omulala.

### 6. TUGABANA KRISTO N'ABANTU ABALALA MU NGERI GYE TUGABA



Bwe yali agenda okubatiza omukkiriza omuggya omusumba H.M.S Richards yagenda okukyetegereza yali akyalina kaadi z'omuzaanyo gwa canisi mu nsawo ye. Omusumba Richards kyeyava amubuuza oba nga yali yeerabidde okuleka ensimbi ze mu kisenge ekyambalirwamu. Omusajja yamuddamu nti "ensawo yange awamu nange tujja kubatizibwa wamu." Yali ategedde Omwoyo ogwamazima ogw'obukristayo okuwaayo okw'okuyamba abantu abalala. Abakristayo bakula lwa kugaba era eno y'ensonga lwaki Yesu yennyini yagamba nti "okugaba kwa mukisa kusinga okutoola" (Bikolwa 20:35).

Ebyo bye tuwaayo olw'okutwala mu maaso obwakabka bwa Katonda biba bya muwendo ogutaggwaawo.

**"Temweterekeranga bugagga ku nsi kuno kwe bwonoonerwa ennyenje n'obutalagge, n'ababbi kwe basimira ne babba, Naye MWETEREKERE OBUGAGGA MU GGULU… kubanga obugagga bwo gye buba, n'omutima gwo gye guba." - Matayo 6:19-21.**

Bw'oba ng'owa, bino bijjukire: "Ensi ya Mukama era n'ebintu byonna ebigirimu" (Zabbuli 24:1), ng'omwo mwotwalidde ne Zzaabu ne ffeeza (Kaggayi 2:8). Ffe ku bwaffe tuli ba Katonda, kubanga yatutonda ate era yatununula okuva mu kibi olw'okusasula omuwendo ogw'ebibi byaffe n'omusaayi gwe (1 Bakkolinso 6:19-20). Buli kintu kyonna kye tulina kya Katonda, "kubanga ye y'akuwa obuyinza okufuna obugagga" (Ekyamateeka 8:18).

# ZUULA

Omulokozi waffe eyakomererwa n'afa ate n'azuukira, atwegayirira kyenkana wa okugaba olw'okutwala enjiri eri abalala?

**"Omuntu alinyaga Katonda? Era naye mmwe munnyaga nze. Naye mwogera nti twakunyaga tutya? MWANNYAGAKO EKITUNDU KY'EKKUMI N'EBIWEEBWAYO. Mukolimiddwa ekikolimo ekyo, kubanga munnyaga nze eggwanga lino lyonna. Muleete ekitundu ky'ekkumi ekiramba mu ggwanika, ennyumba yange ebeeremu emmere, era munkeme nakyo, bw'ayogera MUKAMA w'eggye, OBANGA SIRIBAGGULIRAWO EBITULI EBY'OMU GGULU ne mbafukira omukisa, ne wataba na bbanga kuggyawo." - Malaki 3:8-10.**



Ekitundu ky'ekkumi kyekimu "ky'ekkumi eky'ebyo bye tufuna" (Ekyamateeka 14:22, Lubereberye 28:22). Eri omulimi n'eri omusuubuzi ekitundu eky'ekkumi akijja ku magoba ng'amaze okuggyako ensimbi z'akozesa. Eri abo abakozi, ekitundu ky'ekkumi tukiggya ku mpeera yonna gy'ofuna. Etteeka ery'okuwa ebitundu eby'ekkumi tteeka lya mpisa anti litwaliramu empisa. Ekitundu ky'ekkumi kya Katonda era kiteekwa okukozesebwa olw'okuwagira omulimu gwa Kristo (1 Bakkoliso 9:14) era n'okumaliriza omulimu gwe ku nsi alyoke akomewo (Matayo 24:14).

Yesu bwe yajja ku nsi n'abeerako mu ffe, mu Ndagaano empya Yesu akakasa nkola ey'ekitundu ky'ekkumi (Matayo 23:23).

Tuteekwa okuwa ekirabo kyenkana wa obunene? Ekirabo kisinziira ku kusalawo kwa buli muntu kinnomu. Buli muntu ateekwa okuwaayo ng'asinziira ku kusalawo kwe mu mutima gwe (2 Bakkolinso 9:5-7).
Tetuyinza kuwa kirabo ne tusinga Katonda by'atuwa:

**"Mugabenga nammwe muligabirwa; ekigera ekirungi ekikkatiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kye balibaweera mu kifuba." - Luka 6:38.**

H.M.S Richards omulundi gumu yatunnyonnyola ebyamubaako bino:
"Omukubi wa zzaala kayingo yajja mu nkung'ana zange mu Los Angeles, era sigenda kwerabira kiseera kye nayogerako naye nga tuli ffeka ku nkomerero y'ekisaawe. Yajjayo ensimbi ze zonna ze yalina mu nsawo ze dolla 500, era n'azimpa zonna nga bw'agamba nti; 'kino kye kitundu kyange eky'ekkumi ekisoose.'


"Omusajja teyali bulungi, era yali talina ky'akola okugyako okukuba zzaala okumala emyaka 30 oba 40, Olwo ne ndyoka mugamba nti, 'onoobeerawo otya?'
"Yaddamu nti, 'nsigaza dolla ttano oba mukaaga, naye zino endala za Katonda.'
"Olwo ne mubuuza nti: 'onookola otya?'
"Yaddamu n'agamba nti: 'Simanyi, naye nkimanyi nti nteekwa okuwa ekitundu eky'ekkumi kyange eri Katonda, era ye ajja kundabirira.'
"Era ddala kino Katonda yakikola. Okwenenya kw'omusajja ono kwali kwa mazima. Ekiseera kye kyonna yakimala nga yeewaddeyo era yali musanyufu mu bulamu bwe obw'obukristayo. Era Katonda yamuwanga byonna bye yeetaaga okutuusa ku lunaku lwe yafiirako." Katonda tasuubizanga nti abantu bonna abakkiriza ab'amazima bajja kubeera bagagga. Naye yatukakasa nti Omutonzi waffe ajja kutuwanga ebyetaago eby'obulamu.

Kristo yawaayo byonna ku lwaffe. Naffe ka tumuwe bulambalamba emitima gyaffe kaakano. Katugabane Kristo n'abantu abalala, mu ngeri gye tubeeramu mu bikolwa byaffe, mu ntunula yaffe, mu bikolwa byaffe era ne mu kugaba. Lwaki teweezuulira essanyu eriri mu kugabana Kristo n'abantu abalala era naffe tukulire mu kisa kye eky'ekitalo.

# ZUULA

## EKY'AMA KY'EMPISA EZ'OBULAMU OBULUNGI

Abanoonyereza ab'omu kiseera kino batutte omutawaana okuwandiika amazima ago Bayibuli ge yasooka okuteekawo. Ebitundu by'omuntu ebingi byegasse mu kimu. Emirundi ebitundu bino bye twawula mu nti; omubiri, ebirowoozo era n'omwoyo nabyo byegasse wamu era tebyawukananyizibwa.



Mu ngeri endala, ekyo ekikwata ku mubiri kikwata nekubirowoozo. Embeera yaffe ey'eby'Omwoyo erina ky'ekola ku mubiri. N'embeera yaffe ey'omubiri erina ky'ekola ku by'omwoyo. Omuntu kitundu kimu. Eky'okulabirako, abanoonyereza aba saayansi bakizudde mu by'okuyiga byabwe ebiteeketeeke nti, essanyu, okuseka okw'essanyu kuvaamu enkyukakyuka nnene mu maanyi agali mu mubiri agawoonya endwadde. Osobola okuyamba omubiri gwo okugwongera okulwana n'endwadde olw'okubeera ng'oli musanyufu. Eby'okuyiga byabwe bino biraga engeri ebirowoozo gye bikolaganira awamu n'omubiri.

Emyaka nkumi na nkumi egyayita Ekigambo kya Katonda kyalaga obwegaffu buno obuli wakati w'ebirowoozo n'omubiri ekyo ekyakakkirizibwa ennaku zino mu mateeka ag'okujjanjaba ag'ekisawo.

**"Omutima ogujaguza ddagala ddungi; Naye Omwoyo ogumenyesee gukaza amagumba." - Ngero 17:22.**

Okusinziira ku Mutume Yokana, ebikwata ku birowoozo, ne ku mubiri ne ku mwoyo bikolagana bitya olw'omuntu n'asobola okubeera obulungi?

**"Omwagalwa, NSABA OBEERENGA BULUNGI mu bigambo byonna era obeerenga n'obulamu ng'obulamu bwo bwe bubeera obulungi." - 3 Yokana 2.**

Omutonzi waffe ayagala tubeere "n'obulamu obulungi" omutali ndwadde. Ekigambo kya Katonda kisobola okutufuukira ensibuko ey'obulamu obulungi ate era n'obulamu obutaggwaawo.

Olw'okubanga omubiri n'obulamu obw'ebirowoozo era n'embeera ennungi ey'omwoyo bigendera wamu, Omutume Paulo kyeyava yeegayirira abantu bw'ati;

**"Kale obanga mulya, obanga munywa, obanga mukola, ekigambo kyonna kyonna, mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda." - 1 Bakkolinso 10:31.**

Amawulire amalungi aga Katonda gatwaliiramu okudda obuggya okw'emibiri gyaffe n'omwoyo gwaffe. Enneeyisa ennungi ey'obulamu esobola okutuyamba okubeera abakristayo abasanyufu.

Wano tulinawo amateeka munaana ag'okugobereera bw'oba ng'oyagalira ddala okubeera n'obulamu obusingako obulungi era obuzaala ennyo.

### 1. EMPEWO ENNUNGI

Empewo ennungi yeetagibwa olw'obulamu obulungi. Emisana n'ekiro nga weebase, okuteeka obumooli ku nnyumba yammwe era ne ku bifo by'etukoleramu emirimu kituwa obukakafu nti omusaayi gwo gujja kutwala empewo emala ku buli kitundu eky'omubiri.

Okusika empewo ennungi okugenda mu mawugwe ku makya ng'otambula ly'ekkubo eddungi okuyingiza empewo ennungi mu mubiri gwo.

# ZUULA

Ekika ky'empewo gye tussa nakyo kintu kikulu nnyo. Weegendereze obutabeera mu mpewo ewunya ennyo, oba mu gasi oba mu mpewo erimu obuwuka (bacteria), nga biva mu kintu ky'otamaanyi. Omukka ogunnyooka okuva mu bintu eby'okebwa gwonona empewo era ye kattira omukulu ow'abantu ow'ennaku zino. Abanonyereza aba sayaansi baakakasa dda omutawaana oguli wakati w'okunywa taaba (seggeereti) ne kokolo (cancer) ow'amawuggwe n'endwadde ez'omutima. Omubiri okumanyira okunywa obutwa obuyitibwa nakotini obuli mu seggeereti, kifuula okunywa seggeereti empisa esingira ddala okuba enzibu okulekayo. Okunywa segereti kijja kutta abantu obukadde 12 mu mwaka 2020, senga nga okunywa segereti okuliwo mu kiseera kino kunaagenda mu maaso.

**2. OMUSANA**



"Emigaso gy'ebitangala eky'omusana mingi,
"1. Singa omala mu musana eddakiika 15 okutuusa ku 30 buli lunaku mu makya oba olw'eggulo kiyamba omubiri okwezimba oba omubiri okwekolera ekiriisa omubiri ekya Vitamini D eky'eddiba. Vitamini D eyamba omusaayi okuzaala caliciyamu ne fosifalasi (phosporous) ebizimba era ne biddabiriza obugumu bw'amagumba.
"2. Omusana gukola ng'eddagala eritta obuwuka era ne gutta obuwuka obusirikiti obutono ennyo obuleeta endwadde (bacteria).
"3. Omusana guvaamu amaanyi ago agasobozesa ebisimbe okukyusa omukka omubi (carbon dioxide) n'amazzi ne gubifuula ekiriisa ekya carbohydrate… Singa enkola eno teriiwo ebisoolo byonna awamu n'abantu byandifudde enjala ne biggwaawo.
"4. Omusana era guyamba omuntu okusobola okukola ekiro era ne guwonya okuggwaamu amaanyi okuva mu biseera by'enzikiza mu nsi ezo omubeera ekiseera eky'obutiti (winter).

Okulabula: "Omusana gukyayinza okubeera ogw'omutawaana. Singa omala ebbanga eddene mu musana gubabula olususu lw'eddiiba ly'omuntu, gwongera omutawaana ogw'obulwadde, obwa kokolo (cancer) ow'eddiba, gukaddiya mangu abantu, gwonoona amaaso era guleeta endwadde ey'ensenke ku maaso." (Ebiwandiiko byonna ebiri mu Mulagirizi ono bigyiddwa mu kitabo Look Up and Live, mu katabo ak'eby'okuyiga eby'abakulu eby'obulamu obulungi ak'emyezi esatu egisooka ak'omwaka 1993. Akawandiikibwa era ne kafulimizibwa (Nampa, Idaho: Pacific Press Publishing Association). Ebiwandiiko ebisinga obungi ebiri mu ky'okuyiga kino, newankubadde nga ebimu tebiragiddwa, bissimbuddwa era ne biyimpayizibwa nga bigyiddwa mu bawandiisi abo.)

**3. OKUWUMMULA**

Omubiri guteekwa okuwummula gusobole okweddabiriza. Tuteekwa okufuna ekiseera eky'okwezza obuggya era n'okuwummula okutewuluza ku bukoowu obw'emirimu era n'obuvunanyizibwa obw'amaka. Awatali kufuna okuwummula okwetaagibwa, abantu oluusi abafuna okweralikirira, okuggwaamu amaanyi era n'okulumizibwa. Okunyigirizibwa ng'okwo okw'ebirowoozo kuvaamu okulwala, era ne kituwaliriza okuwummuza emibiri gyaffe amangu nga tusasula ekiseera kyegutawummula. Mu kwebaka okulungi okw'ekiro tewaliiwo kintu ky'osobola okuzza mu kifo kyakwo.

Okuzzaamu obuggya amaanyi ag'omwoyo gwaffe buli lunaku nakyo kikulu nnyo olw'obulamu obulungi obw'omubiri. Ekiseera ekya buli lunaku eky'omukristayo eky'okufumitiriza, okusoma Bayibuli, n'okusaba kijja kuwoonya omubiri n'Omwoyo. Twetaaga okuwummula okuva ku mirimu gyaffe egya buli lunaku, ate n'okuwummula ku lunaku olwa Ssabbiiti olw'okuwummula, n'okuwummula okw'omwaka oba okw'ekitundu eky'omwaka.

**4. OKUKOZESA OMUBIRI (EXERCISE)**

# ZUULA



Okukozesa omubiri kikulu nnyo olw'obulamu bwaffe obulungi:
"1. Okukozesa omubiri kiyamba okussa entunnuusi ezikubira waggulu (High Blood Pressure).
"2. Okukozesa omubiri kusobozesa omusaayi okutuuka mu bitundu byonna eby'omubiri, okugakuuma nga gwonna gubuguma.
"3. Okukozesa omubiri kuggyawo okunyigiribwa kw'omubiri era n'okw'ebirowoozo ne kikuyamba okuwuulira obulungi mu bulamu. Okukozesa omubiri ly'eddagala erisinga obulungi okuwonya okw'eraliikirira, n'okunyigirizibwa kwe birowoozo (stress).
"4.Okukozesa omubiri kuwa obwongo amaanyi ag'amassaanyalaze n'obutafaali obw'emyala. Kuleeta obulamu obulungi olw'okuzuukusa amaanyi agalwanyisa endwadde. Omubiri bwe gukuumibwa mu mbeera ennungi olw'okukozesa obulungi omubiri, ebirowoozo byongera okutetenkanya obulungi.
"5. Kuyamba ku ndabika yo ey'eddiba era ne kikukuuma ng'oli mutono.
"6. Okukozesa omubiri kyongera okukuwa amaanyi, kiggyawo obunafu obw'omubiri n'obw'ebirowoozo.
"7. Kiyamba obwongo okuvaamu eddagala erikuwa okuwuulira obulungi era ne kyongera omubiri okugumira obulumi."

Bw'oba ng'obadde tokozesa mubiri (exercising), tandika mpola era genda nga weeyongera mpola nga bw'osobola okugumikiriza. Kyandibadde kya magezi okufuna okuweebwa amagezi okuva eri omusawo wo nga tonnaba kutandika. Ekigendererwa kyo kiteekwa okuba nga wennyigira mu kika kyonna eky'okukozesa omubiri (exercise) ekyo ekyenkanankana n'okutambula milo emu mu ddakiika 15 emirundi egisuuka ena buli wiiki.

**5. AMAZZI**



Okuva ng'amazzi bwe getaagibwa mu buli katafaali (cell) ka mubiri, tuteekwa okunywa amangi.
"1. Okusinziira ku buzito bw'omubiri, amazzi gatwalako ebitundu 70 ku buli kikumi…
"2. Omubiri gwetaaga lita 2 ½ z'amazzi buli lunaku gusobole okukola emirimu gyagwo. Ogumu ku mirimu gy'omubiri, kwe kutambula kw'omusaayi, okujjawo kazambi (mu mubiri) okutambuza emmere mu mubiri era n'okugigaaya…
"3. Omuntu owa bulijjo alina obutofaali okuva mu buwumbi 15 okutuusa ku 20 mu bwongo. Buli kamu ku butofaali buno 70% okutuuka ku 80% ku buli kikumi mazzi. Okufuna amazzi agamala eri obutofaali buno kikukuuma nga otegeera bulungi era ne kiziyiza okuggwaamu amaanyi era n'okulumizibwa.
"4. Amazzi g'onywa si geg'omugaso gokka. Amazzi agannyogoga ag'okunaaba buli lunaku galongosa entambula y'omusaayi, era ne gawa amaanyi omubiri n'ebirowoozo. Okunaaba amazzi gasobola okulongoosa emyala egikyamye egisobola okuleteera endwadde olw'okunafuya enkola ey'omubiri ey'okwerinda. Okunaaba kujjawo obukyafu okuva mu mubiri era kusobola okukendeza omusujja."

**6. OKULYA OKUTUUFU**



Ku kutonda ensi, Katonda yalagira Adamu ne Kaawa okulya eby'okulya eby'ebinyeebwa ensigo n'ebibala (Luberyeberye 1:29). Nga Adamu amaze okwonoona enva zagattibwa mu by'okulya by'omuntu (Luberyeberye 3:18). Ng'amataba gamaze okubeerawo, omutonzi yagattako ennyama "ennongoofu" ku by'okulya byabwe (Luberyeberye 7:2-3, 9:1-6).

Ennyama ey'ensolo erimu amasavu ag'ekwata awamu, era n'okuzibikira emisuuwa, kino ne kireeta omutawaana ogw'entunnusi, (pressure), omutima

okusirika, endwadde z'omutima, kokolo, okugejja, sukaali (diabetes), era nendwadde endala nkumi. Ennaku zino abasawo bawa amagezi abantu abo abalya ennyama okulya ennyama enkapa, ng'efumbidwa bulungi era n'eby'ennyanja, naye birye bbalirirwe.

Olw'okubanga abantu abatalya nnyama be basingako okuba n'obulamu obulungi, era bawangaala nnyo abakugu mu by'endiisa ne mu by'obulamu batukubiriza okudda ku mmere eyasooka eyaweebwa omuntu ey'ebinyeebwa, ensigo era n'ebibala ate gataako n'enva.

By'ona ng'oyagala okutandika okulya emmere eteriimu nnyama, kikakase nti oteekwa kusooka okumanya engeri gy'osobola okuteekateeka emmere ennungi emala awatali kukozesa nnyama. Lya ebigero bitaano oba mukaaga buli lunaku eby'ebibala eby'enjawulo, ebinyeebwa, ensigo ebijanjalo era n'enva. Enva eza kiragala ne za kyenvu awamu n'emicungwa, bikulu nnyo. Kozesa obuwunga obw'ensigo yonna ng'esereddwa, era kozesa omukyere omumyufu mu kifo ky'ogwo ogutukula. Sitaki ne carbohydrates biteekwa okuba ebigero mukaaga buli lunaku. Mu kifo ky'amasavu ag'ensolo (butter) (omuzigo) kozesa amasavu ag'ebibala. Endya eyo waggulu emala buli lunaku awatali nnyama.

Abo abalondawo ennyama okuba ekitundu ku mmere yaabwe bateekwa okulya ensolo ezo zokka ezalagirwa mu Bayibuli nga "nnongoofu" era zisaanira okuliibwa abantu. Oluvannyuma lw'amataba Katonda bwe yakkiriza omuntu okulya ennyama, (Luberyeberye 7:2-3, Abalevi 11:47). Yannyonnyola ennyama ey'ensolo ennongoofu era n'ezo ezitali nnongoofu era ezitasaana kuliibwa.

Soma mu Kitabo kya Abalevi 11 ne Ekyamaeteka 14 olabe omuwendo gw'ennyonyi, n'ensolo, era n'eby'ennyanja Katonda bye yagaana okulya. Okusinzira ku ssuula ezo, ensolo ennongoofu eteekwa okuba ng'erina ekigere ekyaseemu ekyeyawuddemu era nga ezza obwenkulumu. Eby'ennyanja ebirongoofu biteekwa okubeera nga birina amaggwa n'amagamba. Ennyonyi ezirya n'ennyama y'emirambo gy'ensolo ezifudde teziriibwa zagaanibwa.

Emu ku nsolo ezitali nnongoofu, embizzi eyogerwako mu ngeri ey'enjawulo era n'egaanibwa okuliibwa (Kyamateeka 14:8). Abantu nkumu abalongoosebwa emibiri gyabwe gisangibwamu akawuka Trichinea Obuwuka obusing'anyi obusirikitu buyingira mu bantu abalya ennyama y'embizzi. Okunoonyereza kwa saayansi okw'ennaku zino kweyongedde ne ku zuula ensonga lwaki Katonda embizzi yagiteeka mu nsolo ezitali nnongoofu. Ensonga emu esobola okuba endwadde ey'akabi, okugeza nga Trichinea obusiring'anyi obusagibwa mu nnyama yayo. Ensonga endala esobola okuba amasavu gaayo makwafu agonoona ebyenda by'omuntu ebigaaya emmere.

**7. OKWEWALA EBINTU EBY'AKABI**

Kulabula ki Bayibuli kw'ewa mu kunywa omwenge?



**"Omwenge Mukuddazi, ekitamiiza mulekaanyi, era buli akyama olw'ebyo talina magezi." - Ngero 20:1.**

**"Newankubadde ababbi newankubadde abeegombi, newankubadde ABATAMIIVU, newankubadde abavumi, newankubadde abanyazi, tebalisikira bwakabaka bwa Katonda." - 1 Bakkolinso 6:10.**

Omwenge gw'onoona ebitundu eby'omubiri bino;
"1. Enkola ey'okuwonya endwadde mu muntu (Immune System) - Omwenge gukendeza obusobozi bw'amaanyi ag'obutofaali obweru obulwanyisa endwadde, olwo nno omutawaana gwe ndwadde zino ne zeyongera; Lubyamiira, akafuba, obulwadde obw'ekibumba (Hepatitis) ne kokolo ow'ebika ebingi.
"2. Endocrine system - Okunywa omwenge omulundi ogumu oba emirundi esatu olunaku kyongera omutawaana ogw'embuto okuvaamu, okulemererwa okuzaala, era n'okuzaala ng'omwana tannaba kukula.

"3. Entambula y'omusaayi - Okunywa omwenge kireeta akabi ak'endwadde ez'omutima, kikendeeza sukaali ow'omu musaayi era ne kyongera amaanyi ag'amasavu ag'omu musaayi, ne gwongera omutima okukubisa entunnunsi eza waggulu okulinnya. (High Blood Pressure).
"4. Ebyenda ebigaaya emmere - Omwenge gwonoona olubuto, ebyenda ne bijjamu amabwa agavaamu omusaayi… okunywa omwenge okwa buli lunaku, kivaamu omutawaana ogw'amasavu mu kibumba, obulwadde obuyitibwa hepatitis ne cirrhosis, mu kibumba."

Okunywa omwenge kwe kuvunaanyizibwa ku kitundu eky'abantu bangi abeetuga, okufa kw'abantu mu bubenje obw'ebidduka, okukwata abaana abato, era n'ennyombo mu maka.

**8. OKWESIGA AMAANYI GA KATONDA**

Omuntu ali mu kutya oba alina omusango ajja kukisanga nga kizibu okufuna mu bujjuvu enkola ey'obulamu obulungi bwe twakamala okubannyonnyola. Naye omuntu alina okukkiriza okulungi mu Katonda ajja kufuna ensibuko ey'obulamu obulungi.

**"Weebaze MUKAMA ggwe emmeeme yange, so tewerabiranga birungi bye byonna. asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butukirivu, awonya ENDWADDE ZO ZONNA. ANUNULE OBULAMU BWO BULEME OKUZIKIRIRA." - Zabbuli 103:2-4.**



David Larson, Omuwi w'amagezi mu ssomero ely'eggwanga ery'abalwadde b'emitwe mu Amerika, yakola okunoonyereza okugazi ku bikwata ku nkolagana y'eddiini n'eby'obulamu. Okuyiga kwe kwalaga enkolagana wakati w'omukristayo eyeewaaddeyo era n'eby'obulamu. Kyamwewuunyisa okukiteegera nti: Abantu abo abagenda mu kkanisa bawangaala okusinga abo abatagenda mu kkanisa. Abagenda mu kkanisa endwadde ez'emitima zibarumba kinono, n'ez'emisuuwa, ne pureesa era n'endwadde endala. Abo abalina okukkiriza mu Katonda bazaala nnyo, kubanga emirundi mitono gye banyigirizibwa, oba okunywa omwenge, okusibibwa mu makomera okwa buli kaseera ng'abamenyi b'amateeka ab'olulango, yadde okwegatta mu bufumbo obutali busanyufu. Okwesiga amaanyi ga Katonda ky'ekisumuluzo ekikulu ekituusa ku bulamu obulungi obw'amazima, obulamu obulungi omutali ndwadde ate, era obusanyufu.

Abantu abaweera 50,000 abe kkanisa eya Seventh-Day Adventist, mu California beekebejjebwa okumala emyaka 30. Ebyavaamu biraga nti; Abadventisti abasajja (ng'obageragereanyiza n'abasajja abalala abatali Badventi) bawangaala emyaka 8.9 okusinga abalala ate bo abakyala bawangaala emyaka 7.5 okusinga bannabwe ab'omulembe gwabwe. Okuyiga Abadventisti mu Holland, Norway ne mu Poland nakwo kwalaga ebintu bye bimu. Abanoonyereza eky'okuwangaala kwabwe kuno bakissa ku nsonga nti Abadventisti bassa mu nkola amateeka ago gonna oba agamu ku go. Abo abagobeerera amateeka gano ag'obulamu tebawangaala buwangaazi kyokka naye era balina obulamu obusingako obulungi.

Bwe tussa enjigiriza ya Bayibuli mu bulamu bwaffe kireetawo enjawulo mu makubo gaffe gonna, nga kiwa obujulirwa obumatiza nti obukristayo y'eddiini essinga okukola era n'obuteegevu mu nsi yonna. Ekyusa abantu endowooza era n'ebikolwa byabwe era n'ebatondamu enkola ey'obulamu empya.

Olw'okubanga ebirowoozo n'omubiri era n'obulamu obw'omyoyo birina enkolagana ey'awamu, Abakristayo abatambulira mu kigambo kya Katonda bajja kwagala okugobeerera amateeka ag'enkola ey'obulamu obulungi nga beeteekerateekera okujja kwa Yesu omulundi ogw'okubiri, (1 Yokana 3:1-3). Kristo tatwagaliza kubeera beeteefuteefu olw'omulundi ogw'okubiri kyokka, naye era ayagala tubeere n'obulamu obusingako obulungi mu bulamu obw'ekiseera kya kaakano. Tusobola okwegatta naye nga tugobeerera amateeka ga Katonda ag'obulamu obulungi.

Yesu yasuubiza okutujja mu buli mpisa embi ezikiriza obulamu ng'ayita "mu maanyi ge agakolera muffe" (Abeeffeso 3:20). Singa nga ogezako okuwangula empisa embi eyonoona omubiri, okugeza: ng'okunywa

seggeereti, oba okunywa omwenge, okugezaako kwo okusingira ddala obulungi okw'okuva ku mutawaana ogwo ekivaamu kuba kulemererwa. Naye bw'onegatta mu maanyi ga Katonda ago agakolera muffe, Katonda asobola okukuwa amaanyi n'owangula. Ekigambo kya Katonda kitusubiza nti, "Nnyinziza byonna mu Kristo oyo ampa amaanyi" (Bafiripi 4:13).

# ZUULA

## OKUYINGIRA MU OBULAMU OBUKRISTAYO

Ebbaluwa eno esanyusa eva mu omu ku babaka baffe ab'essomero lya Bayibuli mu Africa:



"Emyaka etaano egiyise nafuna ebbaluwa okuva mu EDDOBOOZI LY'OBUNNABBI, ng'ensaba okukyalira omusibe eyali omuyizi w'essomero lya Bayibuli. Okusaba kuno bwe nnakulaga eri ab'obuyinza abaali bafuga ekkomera, bankwatirwa ekisa ne banzikiriza. Olw'okubanga omuyizi oyo yali yeetaaga nnyo okuyiga Bayibuli; nnamukyaliranga buli kaseera.

Nga wayiseewo emyezi mukaaga okuva ku kukyala kwange okwasooka, omuyizi yansaba okubatizibwa, era yeegatta ku kkanisa. Ab'obuyinza bakkiriza okutuwa ebintu eby'okukozesa olw'okubatiza omuntu mu kkomera. Abakuumi b'ekkomera awamu n'abasibe abalala baakung'ana, okulaba omukolo ogw'okubatiza ogukyasingidde ddala okuba ogw'ekitalo gyendi.

Mangu ddala nga kino kimaze okubaawo owooluganda oyo yateebwa okuva mu kkomera newankubadde nga yali akyalina yo ekiseera kiwanvu kye yali ateekwa okubeera nga musibe mu kkomera. Bwe nnabuuza ensonga lwaki, yateebwa nnategezebwa nti obulamu bwe bwali bukyukidde ddala kinene, era bwali obujulirwa eri omulokozi n'eri eddiini ye bw'atyo n'aba nga takyasaana kulowoozebwa, wadde okuyisibwa ng'omusibe. Omusajja ono yaddayo eka ne yeegatta n'abantu ab'omu maka ge, era kati y'omu ku bakulambeze mu kkanisa yaffe emu ennene mu Africa."

**1. AMAKULU G'OKUBATIZIBWA KYE KI?**



Omusajja ono omusibe bwe yafuuka omukristayo obulamu bwe ne bukyukira ddala, lwaki kyali kikulu era nga kimwetaagisa okubatizibwa? Ng'ali mu mboozi ne Nikoddeemu omukulembeze w'abantu, eyajja eri Yesu ekiro, Yesu yatangaaza obukulu n'amakulu agali mu kubatizibwa:

**"Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda… Omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo Omutukuvu, tayinza kuyingira bwakabaka bwa Katonda." - Yokana 3:3,5.**

Okusinziira ku kuyigiriza kwa Yesu tuteekwa okuzaalibwa "amazzi n'oMwoyo Omutukuvu." Okuzaalibwa Omwoyo kitegeeza okuyingira obulamu obuggya olw'okukyusibwa ebirowoozo n'omutima. Olw'okubanga okuyingira obwakabaka bwa Katonda kyetagiisa obulamu obuggya, so si kuddabiriza obulamu obukadde, ekyo kiyitibwa okuzaalibwa obuggya. Okubatizibwa n'amazzi ke kabonero ak'okungulu akalaga okukyuka okw'omu nda. Omubaka waffe yabatiza omusibe nga ke kabonero akakasa okwewaayo kwe eri Kristo era akabonero ak'obukyufu mu mpisa ze.

**2. LWAKI NTEEKWA OKUBATIZIBWA?**

Obulokozi bwaffe bwetoloorera ku bikolwa bisatu ebikulu ebya Kristo:

**"KRISTO YAFA olw'ebibi byaffe, ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba, era nti YAZIIKIBWA, N'AZUUKIRA ku lunaku olw'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba." - 1 Bakolinso 15:3,4.**

# ZUULA

Kristo yasobozesa obulokozi okubeerawo okuyita mu KUFA KWE, mu KUZIIKIBWA kwe ne mu KUZUUKIRA KWE.

**"Oba temumanyi nga ffe ffena, abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu, nga TWABATIZIBWA KUYINGIRA MU KUFA KWE? Kyetwava TUZIIKIBWA AWAMU NAYE MU KUBATIZIBWA okuyingira mu kufa: NGA KRISTO BWE YAZUUKIZIBWA MU BAFU olw'ekitiibwa kya KITAAWE, BWE TUTYO NAFFE TUTAMBULIRENGA MU BULAMU OBUGGYA." - Abaruumi 6:3,4.**

Kristo yafa olw'ebibi byaffe, yaziikibwa, ate n'azuukira okuva mu ntaana olw'okutuwa obulamu obuggya obw'obutuukirivu. Naffe bwe tubatizibwa tuyingira mu kufa kwe, mu kuziikibwa kwe, ne mu kuzuukira kwe. Okubatiza kitegeeza nti twafa mu bibi byaffe awamu ne Kristo, ne tuziika obulamu bwaffe obw'edda obw'ekibi awamu ne Kristo, era ne tuzuukira eri "obulamu obuggya" mu Kristo. Okufa kwa Kristo era n'okuzuukira kwe, bifuuka okufa kwaffe awamu n'okuzuukira kwaffe. Katonda asobola okututta ng'atujja mu kibi, nga tufaanana nga ffe twakomererwa. Asobola okutufuula abalamu mu bintu eby'Omwoyo, nga tuli nga ffe abaazuukira okuva mu kufa.



Ekikolwa eky'omubiri eky'okubatizibwa kiraga amaddala ag'okukyuka. Okusooka byonna, twannyikibwa mu mazzi ne tusaanawo mu ngeri y'emu nga abantu abafa bwe bassibwa mu ntaana era ne baziikibwa.
Kino kiba kitegeeza tuli beeteefuteefu okufiira awamu ne Kristo era n'okuziika obulamu obw'edda. Okubatizibwa mukolo gwa kuziika, omukolo ogw'okungulu ogw'okusiibuula obulamu ekibi mwe kibadde kifugira. Olwo nate ne tusitulibwa okuva mu mazzi olw'okubatizibwa okumu, mu ngeri y'emu ng'omuntu azuukiziddwa okuva mu ntaana. Kino kiba kitegeeza nti tufuuse "bitonde biggya," nga tweweereddeyo ddala eri obulamu obuggya, Katonda bw'atuwa.

Okubatiza okw'okunnyika kwokka kwe kunnyonnyola amakulu ag'amazima ag'okubatizibwa - kwe kufa, n'okuziikibwa, n'okuzaalibwa obuggya. "Okubatizibwa" okw'okuyiwako amazzi si kabonero akategeeza okuzaalibwa obuggya.

Okufiira awamu ne Kristo mu butuufu ddala kitegeeza ki?

**"Bwe tumanya kino ng'omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu naye, omubiri ogw'ekibi gulyoke guggyibwewo, tuleme okubeeranga nate abaddu ab'ekibi." - Abaruumi 6:6.**

Okubatizibwa kulaga kungulu ekyo omuntu ky'akola mu nda: okujeemulukukira bulambalamba Kristo. Singa twesigaliza ekintu kyonna ne tutakiwaayo eri Katonda olwo tujja kusigala nga tukyali "baddu eri ekibi." Bwe tujeemulukukira bulambalamba Kristo, okwegomba kwaffe okw'okukola ekibi, "kuggwaamu amaanyi" era okukyuka kwaffe olwo ne kutandika.

Ani avunaanyizibwa olw'okukyuka okwo okujja?

**"Nakomererwa wamu ne Kristo, naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye KRISTO YE MULAMU MU NZE; era obulamu bwe nina kaakano mu mubiri, MBULINA LWA KUKKIRIZA OMWANA WA KATONDA eyanjagala ne yeewaayo ku lwange." - Abagalatiya 2:20.**

Bwe nneegatta mu kukomererwa kwa Kristo okuyita mu kubatizibwa, mba mpise amaanyi ag'obuyinza mu bulamu bwange - "Kristo ye mulamu mu nze." Ng'oyagala okuteeka mu bujjuvu obulamu bwo mu mikono gya Kristo, sooka otunule ku kufa kwa Yesu ku musaalaba. Totunuuliira ku kibi ekyo ekikutiisatiisa, totunula ku bikolwa byo ebyayita olwo okaabe, naye tunula ku Kristo. Ng'otunuulidde ekisa kya Kristo era n'okufa kwe okw'obuzira ku musaalaba, okyasobola okwatula obwegaffu bwo naye nti: "olw'amaanyi ag'omusaalaba, njatula nti ndi mufu mu mpisa zange ez'edda era nnyanukula Katonda. Nnyimiridde wamu ne Kristo, okuva leero n'okweyongerayo, nja kubeera nga mulamu 'olw'okukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala era ne yeewaayo ku lwange.'"

# ZUULA

Bwe twegatta mu maanyi ag'okufa era n'okuzuukira kwa Kristo, tujja kweyongera okulaba ng'empisa ze ennungi nga zigenda zitwala ekifo ky'empisa zaffe embi ez'edda.

**"Omuntu yenna bw'aba MU KRISTO kyava abeera EKITONDE EKIGYA; eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse bigya." - 2 Abalolinso 5:17.**

Mu maaso ga Katonda aba akyusiddwa okuva mu boonoonyi okudda mu batuukirivu, tukulira mu butuukirivu obwo, era bwe tutyo bwe tubeera mu bulamu obugya mu Kristo.

### 3. LWAKI YESU YABATIZIBWA?

Ku lunaku olwa Pentikote Petero yagamba abo abaali banoonya okusumululwa okuva mu kusingibwa omusango nti, "mwenenye era mubatizibwe" olwo Kristo asobole okubasonyiwa "ebibi byamwe" (Bikolwa 2:38). Okuva nga Yesu bw'atakola kibi yadde ekimu, ate lwaki yeewaayo ye yennyini okubatizibwa?



**"Awo Yesu n'ava e Galilaya n'atuuka ku Yoludaani eri Yokana amubatize… okutuukiriza obutuukirivu bwonna." - Matayo 3:13,15.**

Yesu teyakola kibi. Yali teyeetaaga kwenenya kibi kyonna. Yabatizibwa lwa nsonga ndala: "okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Yesu okubatizibwa, yali atuteekerawo eky'okulabirako ekirungi eri ffe abantu abanafu, era boonoonyi. Kristo tasabanga bagooberezi be okugenda mu kifo kyonna ye gy'atabeeranga. N'olw'ekyo abakkiriza bwe bannyikibwa mu mazzi mu kubatizibwa, baba bagooberera ebigere bya Mukama waabwe.

Kubanga Kristo yafa ol'ebibi byaffe, asobola okutuwa obutuukirivu.

**"Atamanya kibi Katonda yamufuula ekibi ku lwaffe, ffe nga tuli mu ye tulyoke tufune obutuukirivu bwa Katonda." - 2 Abakkolinso 5:21.**

Nga tumaze okukyusibwa mu Maaso ga Katonda, okuva mu bwonoonyi okufuulibwa abatukuuvu, tukkulira mu "butuukirivu" obwo era ne tubeera mu bulamu obuggya mu Kristo.

### 4. LWAKI NTEEKWA OKUNNYIKIBWA?

Mu kubatizibwa kwe, Yesu yannyikibwa teyamansirwako mazzi. Yokana ye yamubatiza mu mugga Yoluddani "kubanga eyo ye yali amazzi mangi" (Yokana 3:23). Yesu bwe yabatizibwa, yakka wansi mu mazzi "Awo Yesu bwe yamala okubatizibwa (bwe yannyikibwa, oluyonaani) amangu ago n'ava mu mazzi" (Matayo 3:16).

Bwe tumala okutegeera amakulu ag'amazima ag'okubatizibwa, tuba tulina obuzibu butono okutegeera enkola ey'amazima ey'omukolo ogw'okubatiza.
Ekigambo kyennyini "okubatiza" kiva mu kigambo eky'oluyonaani "baptizo," ekitegeeza okunnyika mu mazzi (okuteeka wansi mu mazzi).

Mu mwaka 1737, John Wesley bwe yakyala mu Amerika, olukiiko lw'ekkanisa olw'abantu 34 baamuwozesa omusango ogw'enjawulo ogw'okugaana okubatiza omwana wa mwami Parker okuggyako ng'amunnyise mu mazzi. Bwe bujulirwa nti omukulembeze we kkanisa ya Bamethodist yabatizanga abantu be abakyukanga ng'abannyika mu mazzi.

# ZUULA

Omuzza w'ekkanisa obuggya ayitibwa John Calvin yagamba bwati: "Kikakafu nti okunnyika ye yali enkola ey'ekkanisa eyasooka" - Institutes of the Christian Religion - ekitabo ekyo 4 essuula ya 15. Akatundu ake 19.



Ebyafaayo eby'ekkanisa eyasooka bikiraga bulungi nti okubatiza kyali kitegeeza kunnyika mu mazzi. Dean Stanley, ow'ekkanisa y'e Bungereza, yawandiika bwati: "Ebyasa ebyasooka ekkumi, n'ebisatu omukolo ogw'ensi yonna ogw'okubatizibwa gwali ogwo gwe tusomako mu Ndagaano Empya, era ge makulu gennyini ag'ekigambo 'okubatiza' - nti abo bonna ababatizibwanga baasuulibwanga mu mazzi, babaasanyangawo mu mazzi, bannyikibwa nga mu mazzi." - Christian Institutions, Olupapula olwa 21.

Amabatirizo omwannyikibwanga abantu abakyufu gasangibwa mu makanisa mangi agazimbibwa wakati w'ekyasa eky'okuna n'eky'ekkumi n'ebina mu Bulaaya, ne mu Asia; amakanisa okugeza nga mu Pisa mu Italy, era ne mu kkanisa esingira ddala obunene ey'omu Rome ey'omutukirivu Yokana.

Okutuusa ku lukiiko olw'e Ravenna bwe lwabeerawo, dda nnyo mu kyasa ek'y'ekkumi n'ebitaano, ekkanisa y'abakatuliki lwe yakkiriza okufukako amazzi mu kyenyi okuba nga kyenkana n'omukolo ogw'okunnyikibwa mu kubatizibwa. Nga twebuuza ku mikolo egy'ekkanisa egy'okubatiza, tetujja kugobeerera ekyo omuntu ky'ayigiriza, okuggyako ekya Kristo n'Abatume be kye batuyigiriza.

Abakristayo bangi abeesigwa bagaala akalombolombo ak'okubatiza abaana abato, ddala okuwaayo abaana abato eri Katonda okuviira ddala ku ntandikwa y'obulamu bwabwe kitenderezebwa. Ne bwe kiba bwe kityo, naye Bayibuli ekiraga bulungi nti omuntu ateekwa okusomesebwa ekkubo ery'obulokozi nga tannaba kubatizibwa (Matayo 28:19,20), era nti omuntu ateekwa kumala kwenenya ebibi bye era bisonyiyibwe nga tannaba kubatizibwa (Bikolwa 2:38). Omwana omuto tasobola kukkiriza, okwenenya oba okwatula so ng'ate ebyo bye biteekwa okukulembera okubatizibwa.

**5. LWAKI KIKULU NNYO OKUBATIZIBWA?**

Okusinziira ku kuyigiriza kwa Yesu okubatizibwa kyetaagibwa eri abo abagaala okuyingira mu ggulu, agamba nti:

**"Ddala ddala nkugamba nti omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo, tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda." - Yokana 3:5.**

Kino ekisonyiwo Yesu yakiwa omuntu omu. Omubbi eyafiira ku musaalaba "yazaalibwa Mwoyo," newankubadde kyali tekisoboka gy'ali okuva ku musaalaba era agende annyikibwe mu mazzi ng'akabonero akalaga okukyuka kw'omu mutima gwe. Era Yesu yamusuubiza okubeera naye mu bwakabaka (Luka 23:42,43). Eri omubbi, "eby'okuzaalibwa amazzi era n'Omwoyo" kitegeeza omusaayi gwa Yesu ogwo ogwayiika okumunaazako ebibi bye. Kino omusajja Augustine kye yeetegereza: "Waliwo omulundi gumu ogwawandiikibwa ogw'omuntu eyeenenya ng'agenda okufa ogw'omubbi eyafiira ku musaalaba, omuntu yenna aleme okuggwaamu essuubi; era okwo kwokka omuntu yenna aleme okumufaanana."

Yesu kennyini yawa okulabula kuno:



**"Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga." - Mako 16:16.**

Yesu okufa mu kifo kyaffe ku musaalaba e Gologoosa yalaga mu lwatu okwagala kwe gye tuli. Awatali kukwatibwa nsonyi, naffe tuteekwa okumuddamu mu lwatu mu ku batizibwa nga twatula okwewonga kwaffe gyali. Omaze okutandika obulamu obuggya mu

Kristo? Wabatizibwa? Oba nga tonnaba kubatizibwa, lwaki toteekateeka kubatizibwa mu Kiseera ekitali ky'ewala?

**6. OKUBATIZIBWA NTANDIKWA BUTANDIKWA**

Okubatizibwa kulaga okwewaayo kwaffe eri, obulamu obukristayo. Naye okujeemulukuka kwaffe ku kubatizibwa tekyakola kyokka nti kujja kubeerawo ekiseera kyonna eky'obulamu.



Omwana bw'azaalibwa, kiba kituufu okujaguza. Ng'olunaku olw'okuzaalibwa luwedde n'essanyu nalyo likendera, omwana alina okuliisibwa buli lunaku, okunaaba buli lunaku, n'okulabirirwa. Bwe kityo bwe kiri ne mu kubatizibwa. Omutume Paulo yagambo bwati; ng'ayogera ku byamubeerako. "Nfa buli lunaku" (1 Abakolinso 15:31). Nga buli lunaku tukyuka okuva mu kwerowoozako, nga tweyongerayongera okujeemulukukira Kristo.

Omukolo ogw'okubatizibwa, okufaanana ng'omukolo ogw'embaga gwateekebwateekebwa okuba akabonero ak'okungulu akalaga nti enkolagana ey'ekitalo emaze okutandika. Enkolagana eno, oba oluganda luno okukula buli kiseera twetaaga okwewaayo buli lunaku eri Kristo, okufuna obulamu obuggya buli lunaku okuyita mu kusaba n'okuyiga Bayibuli.

**7. EKIREETA OKUSANYUKA**

Okubatizibwa kuvaamu essanyu lingi nnyo kubanga abo abateeka okukkiriza kwabwe mu Kristo balina obukakafu obw'obulamu obutaggwaawo. "Buli akkiriza n'abatizibwa alirokoka" (Mako 16:16). Bwe tuba nga tumaze okubatizibwa, tuba tukutte ekkubo erigenda waggulu okututuusa ku ssanyu ery'emirembe gyonna.

Era okubatizibwa kuleeta essanyu ery'omu kiseera kino ery'okubeera ne Kristo. Atusuubiza ekirabo ekitagulwa sente eky'Omwoyo Omutukuvu eri abo ababatiziddwa (Bikolwa 2:38). Awamu n'Omwoyo Omutukuvu tufuna "ekibala eky'Omwoyo" - "okwagala," ekijjuza obulamu, "n'okugumikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obuwombeefu era n'okwegendereza." (Abagalatiya 5:22,23).

Nga Yesu ali mu ffe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu kituwa obukakafu obw'okutegeera okugenda ewala. Olw'okubanga "Omwoyo yennyini… ategeeza nga tuli baana ba Katonda" (Abaruumi 8:15,16).

Oluganda luno olw'okukuumibwa Katonda lutuleetera emigaso mingi, naye terutegeeza nti obulamu bwaffe tebufune bizibu. Mu mazima, omulabe emirundi mingi agezaako okukasukira ebizibu ebinene eri abo abakawaayo obulamu bwabwe eri Kristo. Ne bwe kiba kitya, bwe tubeera mu mikono gya Katonda tukimanyi nti ajja kukozesa ekintu kyonna ka kibe kirungi oba kibi okutuyamba okutuyigiriza era n'okutuyamba okukula (Abaruumi 8:28).

Omukyala omu omuvubuka yasalawo okuwaayo obulamu bwe eri Kristo era n'abatizibwa, newankubadde nga bba yali amutisizatisiza okwawukana naye. Omwami we teyayagala kwegatta mu nzikiriza ye empya, naye omukyala yeekwata ku Yesu era n'agezaako okubeera omukyala ayagala omwami we okusinga nga bwe kitabangawo. Naye ebiseera ebimu omwami ebintu yabifuulanga ebizibu mu maka gaabwe. Naye oluvannyuma yawangulwa mu mpaka ze yali tasobola kuddamu; bwe obulamu bw'amukyala we obukyufu. Omwami oyo naye yawaayo obulamu bwe eri Kristo, naye n'abatizibwa.

Weekwate kumpi ne Kristo okuyita mu mbeera yonna eriwo, ajja kutufuula eky'okulwanyisa kye eky'amaanyi mu mikono gye. Tusobola okuwaayo obulamu bwaffe gy'ali awatali bukwakurizo, kubanga ye yamala dda okwewaayo gye tuli bwe yasasula omuwendo ogw'ebibi byaffe ku musaalaba. Nga mukisa

munene okumuwa okwagala kwaffe kwonna n'omukwano gwaffe mu lwatu. Bw'oba ng'ekyo tonnaba kukikola, lwaki towaayo bulamu bwo eri Kristo kaakano. Musabe atonde mu ggwe obulamu obuggya okuyita mu Mwoyo Omutukuvu olwo naawe obatizibwe okuyingira mu Kristo.

# ZUULA

## EKYAMA KY'OKUKULA OKUYITA MU KUSSA EKIMU

Mu mwaka 1960 owooluganda Andrew omusajja eyava mu Holland, ng'ali mu motoka ye eya VW, yakukusa ekitereke ekyalimu Bayibuli n'aziyingiza mu Romania era n'ayita ku basirikale abakoministi. Yanoonyako mu wooteri era n'atandika n'okusaba Katonda amukulembere amutuuse ku kibiina ekituufu eky'Abakristayo abajja okukozesa obulungi ebitabo bya Bayibuli ezo.

Ku nkomerero ya wiiki yagenda eri omuwandiisi wa wooteri era n'amubuuza ekifo w'asobola okusanga ekkanisa. Omuwandiisi oyo yamutunuulira ng'amwewuunya era n'amuddamu nti, "Abantu abo naawe okimanyi nti teturina bangi. Ng'oggyeko ekyo, tosobola kutegeera lulimi lwe boogera."

Andrew n'amuddamu nti, "Tokimanyi nti Abakristayo boogera olulimi olw'ensi yonna."

"Lulimi ki olwo?"

"Luyitibwa (Agape) Kwagala."

Omuwandiisi yali takiwuliranga nako na ye Andrew yamukakasa nti, "Lwe lulimi olusingira ddala okuba olulungi mu nsi yonna."

Andrew yasobola okutegeera ebifo by'amakanisa bingi era n'ateekateeka okusisinkana n'abakulembeze era n'abawandiisi ab'eddiini ezo. Eky'omukisa omubi, Andrew awamu n'abantu baali bamanyi ennimi nnyigi eza Balaaya ze baali boogera naye tebaalina lulimi lubagatta. N'olw'ekyo buli omu yatunulanga butunuzi ku munne. Andrew yali atambudde olugendo oluwanvu olwalimu obuzibu nga yeetisse omugugu gwe ogw'omuwendo, naye tewali ngeri esobola okumutegeeza obanga abantu bano baali basajja bakristayo abooluganda ab'amazima oba baali ba mbega ba Gavumenti.



Eky'enkomerero, Andrew yalaba Bayibuli eri mu lulimi Oluromaniya ng'eri mu mmeza mu offisi. Andrew yakwata mu nsawo ye era n'aggyayo Bayibuli ey'olulimi oluddaaki. Yabikkula mu 1 Abakkolinso 16:20 era n'aggyayo Bayibuli n'agibalaga ng'asonze olunywe ku lunyiriri olwo, bonna baasobola okugiteegera. Mu kiseera ekyo amaaso gaabwe bonna ne gajjako essanyu. Nabo ne babikkula mu ssuula y'emu mu Bayibuli zaabwe ezaali mu lulimi Oluromaniya ne basoma nti; "Abooluganda bonna babalamusizza. Mulamusagane mu ngeri eraga nti mwagalana."

Abasajja ne Andrew ne baseka. Omu ku bo n'abikkula Bayibuli mu Ngero 25:25. Ne Andrew naye n'abikkula Bayibuli olunyiriri olwo n'asoma nti; "Ng'amazzi amannyogovu bwe gaba eri emmeme erumwa ennyota, Ebigambo ebirungi ebiva mu nsi eyeewala bwe biba bwe bityo."

Abasajja bano baamala essaawa nnamba n'ekitundu nga banyumya era nga bagabana ebigambo okuva mu Byawandiikibwa Ebitukuvu. Baali basanyufu nnyo mu kutabagana kuno, newankubadde nga obuzaale bwabwe tebwali bumu. Baaseka okutuusa n'amaaso bwe gajula amaziga.

Andrew yakitegera nti yali asanze baganda be. Olwo nno Andrew n'abalaga omugugu gwe ogwa Bayibuli, era olwo abaromaniya ne basanyuka nnyo era ne bamugwa mu kifuba emirundi mingi.

# ZUULA

Akawungezi ako mu wooteri, omuwandiisi yasemberera Andrew n'amugamba nti; "Nnanoonyeza ekigambo "Agape" mu kitabo ekivvunula amakulu g'ekigambo. Naye si linnya lya lulimi. Kino kigambo kya Luyonaani ekitegeeza okwagala."

Andrew n'amuddamu n'amugamba nti; "Ky'ekyo. Akawungeezi ka leero konna mbadde nga njogera mu lulimi olwo."

Nawe omaze okuzuula olulimi luno olulungi. Mu Mulagirizi ono ojja kuyiga engeri Katonda gy'asobola okutugatta awamu ffenna mu luganda lwe olunene olw'okwagala.

**1. EKKANISA YATONDEBWAWO LWA KUKUNG'ANA AWAMU**

Yesu yatekawo ekkanisa olw'okuyamba obwetaavu obusooka obw'omuntu obw'okukuzibwa era n'okuwagirwa. Abantu ffenna tulina ebyetaago. Era bino ekkanisa by'ekolako. Ky'ekifo we tukung'anira era ne tuyambagana. Ebyawandiikibwa bitulaga ekkanisa ey'Abatume ey'amaanyi omwali abasajja n'abakazi mu kussa ekimu okw'essanyu era eyagaziwa n'etuuka eri Omuyinza w'Ebintu byonna, agamba bwati;

**"Kye twalaba era kye twawulira, kye tubategeeza, nammwe mulyoke mutwegatteko mu KUSSA EKIMU ne Kitaffe era n'Omwana we Yesu Kristo. Era kino tubiwandiika, ESSANYU LYAFFE LIRYOKE LITUUKIRIRE." - 1 Yokana 1:3,4.**

Abantu abalina emitima egyegasse awamu okuyita mu kukolagana ne Yesu era n'okukolagana na buli kinnomu kuleeta essanyu erijjulidde ddala. Bonna nga bogeera olulimi lumu, olulimi olw'okwagalana.

Abakristayo baafuuka ekitundu eky'olulyo lw'abantu olugazi. Baafuuka abooluganda n'ebannyina mu Kristo kubanga bonna balina Omwoyo og'okwagalana. Gye bakoma okuba abegaffu mu kukkiriza, gye bakoma okubeera Abakristayo ab'amannyi. Abantu b'amakanisa agatekebwawo Abatume ba Yesu baali beegasse wamu olw'okukkiriza kwabwe okutaalimu njawukana mu kwagala kwabwe eri Katonda, n'okwagala kwabwe okumuweereza, era n'olw'okubuulira ekisa kye eri ensi. Oluganda luno olw'okumpi olw'okussa ekimu ye yali ensonga lwaki ekkanisa entono etaalina maanyi eyali eyigganyizibwa yavvuunika ensi.

**2. EKKANISA KRISTO GYE YATEEKAWO**

Kristo alina ekkanisa? Oba ekirowoozo kyonna eky'enteekateeka y'eddiini kuvvumbula kwa muntu? Yesu addamu bwati;

**"Nange ndizimba ekkanisa yange ku lwazi luno, so n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza." - Matayo 16:18.**



Yesu lwe lwazi olwesigamwako, ejjinja ery'oku nsonda, ery'ekkanisa ye. Kibiina ki ekyakola ekitundu eky'omusingi?

**"Kubanga mwazimbibwa ku musingi be Batume ne bannabbi, Kristo Yesu yennyini bwali ejjinja eddene ey'oku nsonda." - Abaefeso 2:20.**

Enjiri bwe yabuulirwa, Mukama kiki kye yakola?

**"Mukama N'ABONGERANGAKO bulijjo abaali balokoka." - Ebikolwa 2:47.**

# ZUULA

Yesu bwe yateekawo ekkanisa ye yasuubiza nti, "emiryango egy'emagombe tegigenda kugiwangula" (Matayo 16:18), era ekyaliwo. Erina abalabe ab'amaanyi bangi - okuva ku bafuzi Abaruumi okutuuka ku bwa nnakyemalira obukomunisiti-omusaayi ogw'abajulizi baayo gugireetera buleetezi kweyongera kuba na maanyi. Omukristayo omu bwe yayokebwanga omuliro oba n'asuulibwa mu mpologoma, abalala bangi baagolokokanga ne batwala ekifo kye. Abatakkiriza bakoze ekitundu kyabwe okuggyawo ekkanisa, y'Abakristayo. Naye amazima g'obukristayo googeera kinene nnyo okusinga bwe kyali kibadde mu mulembe gwaffe guno ogw'ensi ogwa sayansi.

Okusomooza okumu okukyasingidde ddala obunene kwajja mangu ddala ekkanisa bwe yakkirizibwa ng'eddiini enkulu ey'eggwanga ey'obwakabaka bwa Abaruumi. Ekkanisa yakula n'efuna omukisa ate oluvannyuma ekyavaamu n'eyonnoonebwa. Mu myaka egy'ekizikiza yalabika ng'efude mu by'Omwoyo. Naye buli kiseera Mukama yakuumanga ensigo ey'obuzira era n'abakkiriza abeesigwa abo mu kiseera eky'obutafaayo oba ekizibu abaayakayakananga ng'emmunyenye mu kiro ekitaliiko mwezi.

Enkolagana ye kkanisa ne Kristo, Omutume Paulo agigerageranya n'omusajja omufumbo bw'alabirira bw'akuuma enkolagana ye ne mukazi we (Abaefezo 5:23-25). Ekkanisa maka g'abantu, nga buli muntu alina oluganda ne muntu munne ow'amaka ago era ng'akola olw'obulungi bwa munne (Abaefeso 2:19).

Omutume Paulo, era alaga ekkanisa nga omubiri omulamu nga gulina omutwe gwagwo nga ye Yesu Kristo yennyini (Bakolosayi 1:18).

Bwe tubatizibwa tukakasa okukkiriza kwaffe mu Kristo era ne tufuuka ekitundu ku mubiri gwa Kristo, y'ekkanisa ye.

**"Bwe tutyo nafe ffena TWABATIZIBWA Mwoyo omu, NE TUFUUKA OMUBIRI GUMU, era ffena twafuuna Mwoyo omu." - 1 Abakolinso 12:13.**

Ekitabo kya Kubukkulirwa kiwa ekifaananyi Yesu eyazuukira ng'atambulira mu makanisa ng'agirabirira (Kubukkulirwa 1:20,12,13). Kristo talekanga bantu be era tagenda kukikola.

### 3. EKKANISA ERINA EKIGENDERERWA

Eri Abakristayo kikulu nnyo okukung'ana mu kkanisa. Okukkiriza kwaffe okukula nga kulamu twetagga okuzzibwamu amannyi okw'abantu abalala. Ekkanisa erina emirimu emirala esatu emikulu okukola,



(1) Ekkanisa ekuuma amazima. Nga "empagi n'omusingi eby'amazima" (1 Timosewo 3:15), ekkanisa ewanirira era n'erwanirira amazima ga Katonda mu maaso g'ensi. Twetagga okuweebwa amagezi ag'awamu okuva mu bakkiriza abalala okutuyamba okulaba amazima agetaagibwa okuva mu Byawandiikibwa Ebikutuvu.

(2) Ekkanisa kyakulabirako eky'ebyo ekisa kya Katonda kye kisobola okukolera aboonoonyi. Okukyusibwa Kristo kw'akoze mu bulamu bw'abakkiriza kiwa obujulirwa ku Katonda eyatuyita "okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo" (1 Petero 2:9).

(3) Abantu ba Katonda be bajulirwa be eri ensi eri mu bwetaavu. Nga tannaba kuddayo mu ggulu Yesu yasuubiza abayigirizwa be nti,

**"Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bwalimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemu ne mu Buyadaaya ne mu Samaliya, n'okutuuka ku nkomerero y'ensi." - Bikolwa 1:8.**

Mukisa munnene ekkanisa okutwala obubaka obw'okwagala obw'ekisa kya Katonda mu nsi.

# ZUULA

## 4. EKKANISA OKUTEEKEBWATEEKEBWA OLW'OKUFUNA AMAANYI

Ekkanisa Kristo gye yateekawo yalina enteekateeka etegerekeka. Omuntu yali asobola okubeera mu yo, oba okuggyibwamu, obutabeera muntu wa kkanisa (Matayo 18:15-18). Ekkanisa ya Katonda yateekangawo abakulembeze era yalina ekitebe ekikulu eky'ensi yonna era n'ebifo ebya bulijjo awakung'anirwa (Bikolwa 8:14; 14:23; 15:2; 1 Timosewo 3:1-13). Abantu bwe baabatizibwanga beegattanga ku kibiina ekiteekateeke (Bikolwa 2:41 ne 47).

Ekkanisa ebeerawo olwa buli muntu okuzzamu munne amanyi.

**"Tussenga Omwoyo ku kukubiriza bannaffe okwagalana n'okukola ebikolwa ebirungi. Tuleme kugayaaliriranga nkung'ana zaffe, ng'abamu bwe bakola. NAYE BULI OMU AGUMYE MUNNE, naddala nga bwe mulaba nti olunaku lwa Mukama lunatera okutuuka." - Abebbulaniya 10:24, 25.**



Kino ky'ekigendererwa ekikulu kyenyini ekibiina ky'ekkanisa ennamu ky'ekola. Abantu b'ekkanisa buli kinnomu azimba okukkiriza kwa munne, era buli omu n'azzaamu munne amaanyi. Katonda yateekateeka ekkanisa ye olw'okuzzamu amaanyi abantu ba Katonda era n'okuweereza ensi. Bwe tubeera awamu tusobola okukola kinene okusinga abantu kinnomu ng'ate tweyawuddeyawude. Twala eky'okulabirako kimu; eky'ekkanisa eya Seventh-Day Adventist. Tukola omulimu omugazi ogw'amalwaliiro okwetoloola ensi yonna - okutandikira mu motoka ez'eby'obulamu mu kibuga munda okutuuka ku bulwaliro obutono obuli ewala ennyo mu bizinga by'amambuka ga Pacific. Amasomero gaffe gasomesezza abavubuka emitwalo ne mitwalo okumanya obulamu obusingako obulungi mu Kristo okuva mu University ya Loma Linda, abatandiikiriza okusimbuliza emitima okutuuka ku busomero obutono obusaasaanye mu nda mu Afrika. Tuddukanya omulimu ogw'okuddukirira abagude mu njala era ne mu bizibu okuyita mu ADRA. Amakanisa aga bulijjo gayamba okwambaza era n'okuliisa abaavu n'abatalina mayumba mu nkumi ne nkumi mu Community Centers. Era ebibiina by'Abadventisti abakkiriza babuulira obubaka obw'obulokozi mu nsi ezissuka 200. Ekibiina ekiteeketeeke kyokka eky'abakristayo abewaddeyo be basobola okukola omulimu guno omugazi ogw'ensi yonna.

Kristo awamu n'Abatume baagerageranya ekkanisa n'omubiri era ne bakiraga nti ebitundu byonna eby'omubiri byetaagibwa (1 Abakolinso 12:21-28). Ebitundu byonna eby'omubiri tebifaanagana, naye byonna bikulu era byonna biteekwa okukolera awamu mu kukkiriziganya. Singa eriiso liggyiddwa ku mubiri teguyinza kulaba. Omukono bwe gutemebwa okuva mu mubiri guba nga tegukyalina mugaso. Si nsonga oba tuli liiso oba mukono oba ngalo, tetusobola kubeera ba mugaso singa tubeerawo ffeka. Bwe tubeera mu kkanisa, nga twegasse ku bitundu ebirala eby'omubiri, ng'abakristayo kituwa amaanyi.

## 5. ESSANYU ERY'OKUSINZA

Mu nda mu mitima gyaffe mulimu okwegomba okusinga Katonda, era okwegomba okwo tekuyinza kuggwaawo okujjako nga kulagiddwa. Omuwandiisi wa Zabbuli kiki kye yawuulira bwe yalowooza ku kugenda mu kifo eky'okusinza?

**"NASANYUKA bwe bang'amba 'Nti tugende mu nnyumba ya MUKAMA." - Zabbuli 122:1.**



Okuyimba kulina kitundu ki kye kukola mu kusinza okw'awamu?

# ZUULA

**"Muweereze Mukama n'essanyu, mujje mu maaso ge nga muyimba." - Zabbuli 100:2.**

Bayibuli etutegeeza nti okuwaayo ebirabo nakyo kitundu kirungi mu kusinza Katonda.

**"Mumuwe Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye. Muleete Ssaddaaka, mujje mu mpya ze. Kale mumusinze MUKAMA mu bulungi obw'obutukuvu." - Zabbuli 96:8-9.**

Okusaba nakyo kitundu kikulu mu kusinza okw'abantu bonna.

**"Mujje tumusinze, tumuvuunamire, tufukamire mu maaso ga MUKAMA omutonzi waffe." - Zabbuli 95:6.**

Okuyiga ebyawandiikibwa ebitukuvu n'okubuulirwa gwe mutima gw'okusinza mu Ndagaana Empya. Okutandika n'okubuulira kwa Petero ku lunaku olwa Pentekonte okuli mu Bikolwa essuula 2, era n'okuva mu kiseera eky'okuzza obuggya okwa Abaprotestante n'okutuusa ku kiseera kye tulimu, okudda obuggya kwonna okw'amaanyi okw'eddiini kwesigamizibwa ku kubuulira okuva mu Bayibuli. Lwaki? "Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu era kikozi kisala okusinga ekitala eky'obwogi obubiri" (Abebbulaniya 4:12-13).

**6. EKITUUFU KU KKANISA KIRUWA?**

Abantu abamu bakaayana nti ekkanisa ejjudde abantu aboonoonyi. Ekyo Henry Ward Beecher kye yayogera kituufu, yagamba bwati; "Ekkanisa si ky'ekifo eky'okulaga Abakristayo ab'enjawulo abalungi naye ly'essomero ery'okuyigiriza aboonoonyi."

Olw'okubanga kuffe ffena tekuli muntu mutuukirivu, n'ekkanisa tesobola kubeera ntuukirivu. Mu lumu ku ngero ze, Yesu yatujjukiza nti omuddo gukulira wamu ne ng'ano (Matayo 13:24-30). Bwe tusoma ebbaluwa za Paulo mu Ndagaano Empya, tukizuula nti ekkanisa y'omu kiseera eky'Abatume yalina ebizibu. Era n'ekkanisa ey'omu kiseera kya leero erina ebisobyo nkumu. Naye nsaba okujjukira nti tewali kkanisa erina ebisobyo esobola okuzikkiriza oba okutabulatabula Ejjinja Ekkulu Ery'okunsonda ery'ekkanisa - ye Yesu Kristo yennyini. N'olw'ekyo mu makanisa gaffe agatali matuukirivu tuteekwa okutuunuulira omulokozi waffe atuweereza. Newankubadde ng'ekkanisa erina ebisobyo ekkanisa yiye, n'olw'ekyo tunuulira Kristo.

**"KRISTO YAYAGALA EKKANISA NE YEEWAAYO KU LWAYO; alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo, alyoke agyeretere ye yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa nga terina bbala newankubadde kyonna ekifaanana nga bino, naye ebeere entukuvu, eteriiko bulema." - Abeefeso 5:25-27.**

Ekkanisa kintu kikulu nnyo eky'enkaniddewo eri Kristo kyeyava "yeewaayo ku lwayo" bwe yafa ku lwa buli kinnomu ku ffe era ne ku lwe kkanisa yonna awamu. N'olw'ekyo abantu b'ekkanisa bateekwa okuba ab'omuwendo gy'oli. Naawe oli kitundu eky'omubiri gwa Kristo?

**7. OKUNOONYA EKKANISA**

Kristo alina okukkiriza okutuufu kwa mirundi emeka mu nsi?

**"Omubiri guli gumu, ne Mwoyo omu,… Mukama ali omu, n'okukkiriza kumu, n'okubatizibwa kumu." - Abeefeso 4:4,5.**

Okuva nga Yesu bw'alina "okukkiriza okumu" okutuufu tusobola tutya okutegeera nti kwe kuno? Yesu atuwa ekisumuluzo kino nti;

# ZUULA

**"Buli ayagala okukola Katonda by'ayagala alitegeera oba nga bye njigiriza biva wa Katonda, oba byange ku bwange." - Yokana 7:17.** *(Soma ne Yokana 8:31,32.)*



Bwe twewaayo okukola Katonda by'ayagala, ajja kutuyamba okulaba oba ng'okuyigiriza kwava eri Katonda oba kwava mu bulombolombo bw'abantu. Ekisumuluzo ekikulu ng'onoonya ekkanisa kwe kwetegereza enkolagana yaayo: y'ekkanisa n'Ekigambo kya Katonda. Okussa ekimu okw'amazima kwesigamizibwa ku byawandiikibwa so si ku mukulembeze yadde si ku bukulu bwa kkanisa.

Weeyongere okugenda ng'ozuula mu by'okuyiga ebya Omulagirizi ono, tambulira mu musana Katonda gw'akubbikkulira okuva mu Bayibuli, era ajja kukubikkuilra okwagala kwe gy'oli, Omukristayo akula ye muntu aggulawo omutima gwe n'ebirowoozo bye okukkiriza amazima ga Katonda nga bw'agamubikkulidde okuva mu kigambo kye.

# ZUULA

## ABANTU ABASINGA OBUNGI BAYINZA OKUBA ABAKYAMU?

Mu Mulagirizi No. 16, twakizuula nti okukuuma Ssabbiiti ddagala kkulu eri obulamu obw'okunyigirizibwa obw'ennaku zino. Okuva nga Katonda bw'ategeera ebyetaago byaffe, yateekawo olunaku olw'omusanvu okuba ekiwummulo eky'emibiri gyaffe era n'okudda obuggya okw'emyoyo gyaffe. Ng'amaze okutonda ensi yaffe mu nnaku omukaaga, "yawummula ku lunaku olw'omusanvu, naluwa omukkisa era n'alutukuza" (Lubereberye 2:1-3).




Katonda bwe yawa Amateeka ekkumi eri abantu be Isiraeri, yateeka etteeka ery'okukuuma Ssabbiiti ey'olunaku olw'omusanvu mu mutima gw'amateeka ge (Kuva 20:8-11).

Okusinziira ku tteeka lino, Ssabbiiti kijjukizo eky'amaanyi ga Katonda ag'obutonzi, olunaku olw'okuwummula era n'okulowooza ku bulungi era ne ku by'amagero eby'omulimu gwe gwe yakola, olunaku olw'okuwummula n'okusembera kumpi n'omutonzi waffe olunaku olw'okuzuula enkolagana ya Katonda naffe egenda ewala.

Yesu ng'ali mu bulamu obw'obuntu ku nsi kuno, naye era yakuumanga Ssabbiiti (Luka 4:16) era Ssabbiiti n'agikakasa ng'olunaku oluwa emikisa Abakristayo (Mako 2:27, 28). Ebyawandikibwa bingi ebisangibwa mu kitabo kya Bikolwa ebiraga obulungi nti Abatume ba Kristo baasinzanga ku lunaku olwa Ssabbiiti nga Yesu amaze okuzuukira (Bikolwa 13:14, 16:13, 17:2; 18:1-4, 11).

### 1. EKIBUUZO EKITABULATABULA

Kino kitutuusa ku ky'okuyiga abangi kye basanga nga kibatabulatabula. Abakristayo mu nsi yonna bamaze ekiseera nga bakuuma ennaku bbiri ez'enjawulo. Ku ludda olumu Abakristayo abasinga obungi abeesigwa bakuuma Sunday, olunaku olusooka mu wiiki, bo lwe bakkiriza okuba ekijjukizo eky'amazukira ga Kristo. Ate ku ludda olulala ekibiina kinene ekya Abakristayo nabo nga beesigwa, bakkiriza nti Bayibuli ewa ekitiibwa olunaku lumu olw'omusanvu nga ye Ssabbiiti era nga tewali walala awakakasa obutukuvu bwa Sunday.

Kirina enjawulo gye kikola, bwe tukuuma olunaku lwonna olwa Ssabbiiti? Nga abantu abeesigwa abafuba abagaala okutegeera amazima, bulijjo tulina okwebuuza nti "Kiki Yesu ky'afaako? Yesu ayagala nkole ki?"

Nga tusalawo eky'okukola ku nsonga eno, ensonga zino enkumu enkulu zeetaaga okusooka okutegeerebwa: Ani eyakyusa Ssabbiiti okuva ku Saturday, olunaku olw'omusanvu olwa wiiki n'aluzza ku Sunday, olunaku olusooka mu wiiki? Bayibuli ewa ekiragiro ku kukyuka okwo? Bwe kiba bwe kityo, Katonda, oba Kristo, mpozzi Abatume be be baakyusa? Tujja kugenda mu maaso nga tutunuulira ku ebyo byonna ebisoboka.

### 2. KATONDA YE YAKYUSA OLUNAKU?

Waliwo ekirangiriro kyonna okuva eri Katonda ekikyusa Ssabbiiti okuva ku lunaku olw'omusanvu okudda ku lunaku olusooka mu wiiki?



Abakristayo abasinga obungi bakkiriza Amateeka Ekkumi nga gakyaliwo okukulembera obulamu. Bwe bubaka bwokka Katonda yennyini bwe yali awandiise olw'olulyo lw'omuntu. Amateeka makulu ekyenkaniddewo, yagawandiika n'engalo ye ku bipande eby'amayinja (Kuva 31:18).

# ZUULA

Mu tteeka ery'okuna Katonda atulagira nti:

**"Jjukira olunaku olwa Ssabbiiti okulutukuzanga. Ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo gyonna, naye OLUNAKU OLW'OMUSANVU YE SSABBIITI ERI MUKAMA KATONDA WO: olunaku olwo tolukolerangamu mirimu gyonna gyonna… kubanga mu nnaku omukaaga MUKAMA mweyakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu, N'AWUMMULIRA ku lunaku olw'omusanvu: MUKAMA KYEYAVA ALUWA OMUKISA olunaku olwa Ssabbiiti: N'ALUTUKUZA." - Kuva 20:8-11.**

Katonda bwe yawa abantu be Amateeka Ekkumi, yakitangaaza bulungi nti tewateekwa kubeerawo muntu yenna agaddamu era n'awa ebiragiro nga byawukana n'ebyo ebyava mu kamwa ke. Agamba bwati:

**"TEMWONGERANGA ku kigambo kye mbalagira so TEMUKISALANGAKO, mukwatenga ebiragiro bya MUKAMA Katonda wammwe byembalagira." - Mateeka 4:2.**


Ne Katonda yennyini yeerayirira obutakyusa biragiro bye:

**"SIMENYENGA NDAGAANO YANGE, SIJJULULENGA KIGAMBO EKYAVA MU MIMWA GYANGE." - Zabbuli 89:34.**

Bayibuli etegeerekeka bulungi nti Katonda si ye yakyuusa olunaku olwa Ssabbiiti okuva ku lunaku olw'omusanvu okudda ku lunaku olusooka mu wiiki.

**3. YESU YE YAKYUSA SSABBIITI?**

Okusinziira ku ngigiriza ya Yesu Amateeka Ekkumi si gakukyusibwa; Agamba bwati:



**"Temulowoozanga nti najja okudibya Amateeka oba ebya Bannabbi! Sajja kudibya wabula okutukiriza kubanga Mbagamba amazima nti Eggulu n'ensi okutusa lwe biriggwaawo, ennukuta emu newankubadde akatonnyeze akamu ak'omu mateeka tekaliggwaawo, okutuusa byonna lwe birimala okutuukirirra." - Matayo 5:17-18.**

Mu Mulagirizi owe 16, twakizuula nti yali mpisa ya Yesu okusinzanga mu kung'aniro ku lunaku olwa Ssabbiiti (Luka 4:16). Era nate twakizuula nti Yesu yayagala Abayigirizwa be okugenda mu maaso okufuna essanyu ery'okukuuma Ssabbiiti ey'amazima (Matayo 24:20).

Okuva mu njigiriza ya Yesu ne mu ky'okulabirako kye, kitegerekeka bulungi nti tukyetaaga ekiwummulo ekya Ssabbiiti, OLW'OKUWUMMULA era n'okufuna ekiseera nga tuli wamu ne Katonda waffe.

**4. ABATUME BEEBAAKYUSA OLUNAKU LWA SSABBIITI?**

Yakobo, omukulembeze ow'ekkanisa eyasooka ey'Abakristayo, bino bye yawandiika ebikwata ku Mateeka Ekkumi:

**"Kubanga omuntu yenna bw'akwatanga amateeka gonna, naye n'asobya mu limu, ng'azizza omusango gwa gonna. Kubanga oyo eyayogera nti Toyendanga, ate y'ayogera nti Tottanga. Kale bw'otoyenda naye n'otta, ng'ofuuse mwonoonyi w'amateeka.**



# ZUULA

**Mwongerenga era mukolenga bwe mutyo ng'abagenda okusalirwa omusango n'amateeka ag'eddembe." - Yokana 2:10, 11.**

Luka, omusawo era omubuulizi w'enjiri amawulire gano g'atuwa ku kkanisa eyasooka:

**"Awo ku lunaku olwa Ssabbiiti ne tufuluma mu mulyango gw'ekibuga okugenda mu mugga bwe twalowooza nga waliwo ekifo eky'okusabirangamu, ne tutuula ne twogera n'abakazi abakung'ana." - Bikolwa 16:13.**

Mu Ndagaano Empya ekitabo kya Ebikolwa kiraga emirundi 84 abagooberezi ba Kristo nga bakuuma Ssabbiti, emirundi egyo gyonna nga gyaliwo mu myaka 14 egy'addirira okuzuukira kwa Yesu: Emirundi 2 mu Antiokiya (Bikolwa 13:14, 42, 44). Omulundi 1 mu Firipo (Bikolwa 16:13); emirundi 3 mu Ssessalonika (Bikolwa 17:2, 3). Ate Ssabbiiti 78 mu kibuga kye Kolinso (Bikolwa 18:4, 11).

Yokana, omu ku batume 12 eyasembayo okufa, naye yakuuma Ssabbiiti; yawandiika bwati:

**"Ku lunaku lwa Mukama, nnali mu Mwoyo." - Kubikkulirwa 1:10.**

Okusinziira ku njigiriza ya Yesu, olunaku lwa Mukama ye Ssabbiiti:

**"Kubanga omwana w'omuntu ye Mukama wa Ssabbiiti." - Matayo 12:8.**

Okunoonyereza okw'obukakafu obw'ebyawandikibwa kulaga nti Abatume tebaagezako kukyusa olunaku lwa Katonda olw'okuwummula okuva ku lw'omusanvu okudda ku lunaku olusooka mu wiiki. Endagaano Empya eyogera ku lunaku olusooka mu wiiki emirundi 8 gyokka. Mu mirundi gino gyonna tewali mulundi n'ogumu olunaku olusooka we lwayogerwaako ng'olunaku olutukuvu yadde we kisiinyizibwako nti lwayawulwa, lunaku lutukuvu lwa kusinzizangako. Ka twetegereze ebyawandikibwa 8 ebikwata ku lunaku olusooka mu wiiki, tulage ebintu bino ebyaliwo ku Sunday.

(1) Abakyala bajja ku ntana ku lunaku olusooka mu wiiki (Matayo 28:1).
(2) "Ssabbiiti ng'eweddeko" Abakyala baddamu okukola emirimu gyabwe egya bulijjo ku lunaku olusooka mu wiiki (Mako 16:1, 2).
(3) Yesu yasooka okulabikira Maliyamu Mangudalena mu makya ku lunaku olusooka mu wiiki (Mako 16:9).
(4) Abagooberezi ba Yesu baddamu okukola emirimu gyabwe egya bulijjo ku lunaku olusooka mu wiiki (Luka 24:1).
(5) Maliyamu y'agenda ku ntaana ya Yesu era n'asanga entaana nga njeerere ku lunaku olusooka mu wiiki (Yokana 20:1).
(6) Abatume baakung'ana awamu "olw'okutya Abayudaaya" (naye si lwa kusinza) ku lunaku olusooka mu wiiki (Yokana 20:19).
(7) Omutume Paulo yasaba abantu b'ekkanisa okubalirira ensimbi zaabwe ku lunaku olusooka mu wiiki era "batereke omuwendo gwa sente wabbali" olw'abaavu abaali e Yerusalemi (1 Abakolinso 16:1, 2). Ekyawandikibwa kino tekyogera ku lukung'ana olw'omukolo ogw'eddiini.
(8) Mu Bikolwa 20:7, Luka ayogera ku kubuulira kwa Paulo ku lunaku olusooka mu wiiki ku lukung'ana olw'omukolo ogw'okusiibula. Paulo yabuuliranga buli lunaku, era n'Abatume baamenyanga omugaati buli lunaku (Bikolwa 2:46).

Mu byawandikibwa bino byonna tewali n'ekimu ekikuwa okulowooza nti Abatume baali bagenderera okulekeraawo okukuuma olunaku olw'omusanvu olwa Ssabbiiti. Abatume teboogeranga ku kukyuka kwa Ssabbiiti ey'olunaku olw'omusanvu okudda ku lunaku olusooka mu wiiki.
Mu Ndagaano Empya temulimu bukakafu obutegeerekeka olw'okukyuka kwa Ssabbiiti okuva ku Saturday, olunaku olw'omusanvu mu wiiki okudda ku Sunday, olunaku olusooka mu wiiki. Okukyuka kwajja luvannyuma lw'ennaku ez'ebiseera ebya Yesu n'a Abatume, n'olw'ekyo tuteekwa okudda mu byafaayo byensi okulaba okukyuka bwe kwabaawo era n'engeri gye kwajjamu.

# ZUULA

### 5. SUNDAY YAVA WA?



Abatume baatulabula buterevu nti Abakristayo abamu bagenda kukyama okuva kunjigiriza ey'Obukristayo e y'Endagaano Empya; Agamba bwati: "Mwekuumenga" (Bikolwa 20:29-31). Era ekyo kyennyini kye kyabaawo. Abawandiisi b'ebyafaayo abeesigika baawandiika bulungi engeri Abakristayo gye baatandika okukyama okuva ku bugolokofu bw'Abatume. Obulombolombo n'enjigiriza ebyo Paulo, Petero n'abatandisi b'Ekkanisa bye batakkiriza byasensera mpola ne biyingira mu kkanisa.

Okukyuka okuva ku Ssabbiiti okudda ku kukuuma Sunday kyaliwo nga Endagaano Empya emaze okuwandiikibwa era nga n'Abatume bonna bamaze okufa. Ab'ebyafaayo bawandiika nti Abakristayo ekyavaamu baava ku kusinzanga ne ku kuwummulanga ku lunaku olw'omusanvu ne badda ku lunaku olusooka mu wiiki. Naye kwo okuba Abakkiriza tebaalekayo kukuuma Ssabbiiti ey'olunaku olw'omusanvu ku nkomerero ya wiiki emu ey'abaweebwa ate era mangu ago ne batandikirawo okukuuma Sunday ng'olunaku lwa Mukama. Ekikolwa ekyasookera ddala eky'okukuuma olwa Sunday eky'Abakristayo kyaliwo mu Italy mu makkati ag'ekyasa eky'okubiri nga Kristo amaze okugenda. Ekiseera ekirala ekyaddirira kiwanvu Abakristayo bangi baakuumanga ennaku zombi; ate nga abalala baasigala nga bakuuma Ssabbiiti yokka.



Nga 7 March 321 AD, Constantine omukulu n'ayisa etteeka eryasooka erya Sunday, nga liwaliriza abantu bonna, okujjako abalimi mu bwakabaka bwa Ruumi okuwummula ku Sunday. Ekiragiro kino, awamu n'ebiragiro ebirala bitaano ebyalagirwa Constantine nga bikwata ku lunaku olwa Sunday, kye kyatandikawo amateeka gonna aga Sunday okuva mu kiseera ekyo n'okutuusa mu kiseera kino. Mu kyasa eky'okuna olukiiko olwa Laodokiya lwaziyiza Abakristayo obutavanga ku mirimu gyabwe ku lunaku olwa Ssabbiiti, ate mu kiseera kyekimu nga lubakubiriza okussaamu ekitiibwa Sunday nga balekeraawo okulukolerako emirimu, bwe kiba nga kisoboka.

Ebyafaayo biraga nti okusinza ku lunaku olwa Sunday era n'okulukuumanga empisa eyakolebwa omuntu, Bayibuli tewa muntu yenna buyinza okuggyawo Ssabbiiti ey'olunaku olw'omusanvu esangibwa mu tteeka ery'okuna. Nnabbi Danieri yakiranga nti mu kiseera eky'obukristayo, obuyinza obw'obulimba bugenda kugezaako okukyusa amateeka ga Katonda (Danieri 7:25).

### 6. ANI EYAKYUSA?

Ani ow'obuyinza eyakyusa Ssabbiiti okuva ku lunaku olw'omusanvu okudda ku lunaku olusooka mu wiiki? Ekkanisa y'Abakatuliki ekayaana okuba nti ye yakola ekyo. Olw'okugezaako okuwonya obwakabaka bwa Ruumi eyali emenyekamenyeka, abakulembeze b'ekkanisa abaalina ekigendererwa bekkiriranya era ne bagezaako okukyusa olunaku olw'okusinza okuva ku lunaku olwa Saturday okuda ku Sunday.




Katekisimu ey'ekkanisa y'Abakatuliki abe Ruumi esoma bweti:
"Ekibuuzo: Olunaku olwa Ssabbiiti lunaku ki?
"Okuddamu: Satuday lwe lunaku olwa Ssabbiiti.
"Ekibuuzo: Lwaki tukuuma olunaku olwa Sunday mu kifo kya Saturday?
"Eky'okuddamu: Tukuuma olunaku olwa Sunday mu kifo kya Satuday, kubanga Ekkanisa y'Abakatuliki… yakyusa obutukuvu okuva ku

Saturday okudda ku Sunday." Bya Peter Geiermann, mu kitabo The Convert's Catechism of Catholic Doctrine (1957 Edition) Olupapula 50.

Ekkanisa y'Abakatuliki mu kwenyumiriza erangirira nti abantu abakulembeze b'ekkanisa be baalukyusa.

"Olunaku olutukuvu, Ssabbiiti, yakyusibwa okuva ku Saturday okudda ku Sunday… si kuva mu biragiro bya Byawandikibwa Ebitukuvu, naye kuva mu kkanisa okulowooza ku obuyinza bwayo… Abantu abalowooza nti Ebyawandikibwa Ebitukuvu biteekwa okubeera obuyinza bwokka, obufuga, bateekwa kufuuka Aba Seventh-Day Adventist, era batukuze Saturday." Bya Cardinal Maida, Archbishop owe Detroit, Saint mu kitabo *Saint Catherine Catholic Church Sentinel, Algonac, Michigan, May 21, 1995.*

**7. AMAKANISA AG'ABAPROTESTANTE AGAMU GAGAMBA KI?**

Ebiwandiiko eby'obuyinza ebiraga enzikiriza ez'Amaddiini ag'Abaprotestant ennyingi bakkiriziganya nti Bayibuli tewa bantu buyinza okukuuma olunaku lwa Sunday.

Martin Luther, omutandisi w'ekkanisa ya ba Lutheran, mu kitabo Augsburg Confession, ku mutwe ogwa 28, akatundu ako 9, yawandiika bwati:
"Bo (Abakatuliki Ab'eRuumi) bawa ensonga nti Ssabbiiti yakyusibwamu Sunday, olunaku lwa Mukama, nga kiwakanya Amateeka Ekkumi… tewali kyakulabirako ekisinga okwegulumiza okusinga okukyusa olunaku olwa Ssabbiiti. Bagamba nti, bakulu mu maanyi ne mu buyinza bw'ekkanisa, okuva ng'ekikolwa kino bwe kikwata ku limu ku Mateeka Ekkumi."

Amosi Binney ne Daniel Steele abasajja abayivu ab'eddiini ya Methodist kino kye beetegereza:

"Mazima, tewali kiragiro ekiraga okubatiza abaana abato… newankubadde era tewali kiragiro kyonna eky'okukuuma olunaku olusooka mu wiiki nga lutuukuvu." Mu kitabo Theological Compend (New York: Methodist Book Concern 1902) olupapula 180, 181.

N. Summerbell, ow'ebyafaayo ow'ekkanisa Abatume ba Kristo oba Ekkanisa ey'Abakristayo, awandiika bwati:

"Ekkanisa y'Abakatuliki yakyamira ddala… baggyawo Etteeka Ery'okuna olw'okuggyawo Ssabbiiti esangibwa mu kigambo kya Katonda era ne bassaawo Sunday ng'olunaku olutukuvu." - A True History of the Christian and the Christian Church, olupapula 417, 418.

**8. EKITUUFU KYE KIRUWA?**

Kino kituleeta okutunuulira ekibuuzo kino n'amaaso gaffe nti: Lwaki Abakristayo abangi bwe batyo bakuuma olunaku olwa Sunday olutaliiko kiragiro kya Bayibuli? Naye ekisinga obukulu kiri nti, Lunaku ki lwenteekwa okukuuma? Nnaagoberera abo abagamba nti: "Sirowooza nti kirina enjawulo gye kireetawo, kasita nkuuma olunaku olumu ku nnaku omusanvu?" oba "olunaku olw'omusanvu olwa Ssabbiiti" ndutwala nga lukulu, olunaku Yesu omutonzi waffe, lwe yateekawo bwe yali ng'atonda ensi yaffe era olunaku Katonda lwe yatuwa mu Mateeka Ekkumi?

Kati wano kye tuliko tuli ku kintu ekisinga okwetegereza ebitatukwatako, naye tuli kku nsonga ey'olunaku ki okusinziira ku Bayibuli olulabika okuba olutuufu. Ensonga esinga okuba enkulu wano y'ey'obuwulize; okugondera Yesu Omutonzi waffe eyayawula Ssabbiiti nga lunaku "lutukuvu" nga kye kiseera gye tuli era awamu n'amaka gaffe okumusemberera olw'okufuna amaanyi n'okudda obuggya. Ani gwe nnaagondera? Nnaagondera Kristo, omwana wa Katonda, oba nnaagondera bulombolombo bw'abantu mu nsonga



ez'olunaku olutukuvu lwe nnaakuuma. Eky'okulondawo kitegerekeka bulungi nti: kuno kuba kulondawo ekimu ku bibiri: njigiriza za bantu oba njigiriza ya Katonda. Kigambo kya bantu oba kigambo kya Katonda. Omuntu kye yateekawo oba Tteeka lya Katonda.

Nnabbi Danieri atulabula ku bantu abo abagenda "okugezaako okukyusa ebiseera n'amateeka" (Danieri 7:25). Katonda ayita abantu be bakomewo okumugondera. Abayita okukuuma Ssabbiiti nga akabonero ak'obwesigwa n'okumwagala.

Yesu agamba nti "obanga munjagala munaakwatanga ebiragiro byange" (Yokana 14:15). Asuubiza essanyu erituukiridde eri abo abamwagala ne bakwata amateeka ge (Yokana 15:9-11). Tulina omulokozi w'akitalo. Ayagala nnyo gye tuli okufuna okwagala kwe mu bujjuvu bwakwo. Omutima gw'omuntu ogwewaddeyo okugonda guba guguddewo oluggi eri okwagala okwo.

Mu lusuku olwa Gessesumani Kristo yeeweerayo ddala eri okwagala kwa Kitaawe newankubadde yali atunuulidde omusaalaba, era ebibi eby'ensi yonna byali bya kuzikiriza obulamu bwe. Bwe yali ng'akabiirira Katonda nti: "Ekikompe kino kiveeko," yasigala nga ajeemulukuse mu kwegayirira kwe, era n'agattako na kino nti: "si nga nze bwenjagala, naye ky'oyagala kikolebwe" (Mako 14:36).

Kristo atwagaliza okufuna okutuukirira okwo okuleetebwa obulamu obweweereddeyo ddala. Era ayagala tumwesige ekimala tube nga tumugondera mu bintu byonna ebikwata ku bulamu bwaffe, singa nga oyanukula okuyita kwa Katonda era n'ogondera amateeka ge gonna, ojja kufuna okusuubiza kwa Yesu nti essanyu lye "lijja kubeera mu ggwe" era "essanyu lyo lijja kubeera erituukiridde" (Yokana 15:11).

# ZUULA

## KATONDA MWENKANYA?



Omulenzi omuyizi ng'ali ku mmeeza mu maka gaabwe ng'asoma ebitabo bye yattibwa n'amasasi agakubibwa olw'okuyigga ababbi mu kibuga.

Omukyala omuzadde ali mu kyalo okukizuula ng'omwana we yafuna obulwadde obwa Sirimu okuva mu musaayi ogwalimu obulwadde ogwa muteekebwamu.

Ebizibu ebifaana ng'ebyo mu nsi yaffe eno tebiriiko kkomo. Ate nga naffe twetaaga nnyo eky'okuddamu ku bintu nga ebyo byonna. Mu nsi eno eteriimu ka buntu, erimu okubonaabona, n'okufa, Katonda ye ali luddawa? Omuwandisi wa Zabbuli atukakasa nti; "Ensi ejjudde ekisa kya Mukama" (Zabbuli 33:5).

Naye obanga nga kino kya mazima, lwaki tamalawo kubonaabonna awamu n'ebizibu? Essula eya 20 ey'ekitabo kya Kubikkulirwa eraga engeri Katonda gy'agenda okukomya ekibi awamu n'okubonaabona.

**1. EMYAKA OLUKUMU (1,000) OKUBIKKULIBWA**

Kubikkulirwa essuula eya 20 eraga entandiikwa y'emyaka 1,000 egijja okuddirira okudda kwa Kristo omulundi ogw'okubiri ku nsi eno. Ebintu ebijja okubeerawo mu kiseera eky'emyaka gino olukumi by'ebikolwa eby'enkomerero mu lutalo olunene wakati wa Kristo ne Setaani, olubadde lugenda mu maaso kasookedde ekibi kiyingira mu nsi.



Omuzanyo guno gwatandika mu ggulu Lusifa bwe yakwatirwa obuggya Kristo, n'atandika olutalo ng'alwana ne bamalayika abalungi abataagwa, era ye n'agobebwa mu ggulu era n'addukira ku nsi yaffe eno. Omuzanyo gweyongera okugenda mu maaso ku nsi eno mu lusuku Adeni era ne guyita mu byasa n'ebyasa by'emyaka, okutuusa lwe gwatuuka ku ntikko yagwo, Setaani bwe yapikiriza abantu okukomerera Kristo. (Wandyagadde okuddamu okusoma ebyafaayo bino eby'ennaku mu Mulagirizi No.3.) Omuzanyo gugenda kutuuka ku ntikko yagwo esembayo ku nkomerero ey'ekiseera eky'emyaka 1,000 ensi yaffe eno ey'ekibi lw'eneerongoosebwa era n'eteekebwa mu bufuzi bwa Kristo. Kubikkulirwa essuula eya 20 eturaga ekiseera eky'emyaka 1,000, n'okuzuukira okw'emirundi ebiri okweyawudde.

Bantu bangeri ki Katonda bagenda okuzuukira mu kuzuukira okw'oluberyeberye okujja okubeerawo ku ntandikwa y'emyaka 1,000? Agamba bw'ati,

**"Aweereddwa omukisa, era ye Mutukuvu alina omugabo mu kuzuukira okw'oluberyeberye okufa okw'okubiri tekulina buyinza kubo, naye banaabeeranga bakabona ba Katonda era ba Kristo, era banaafugiranga wamu naye emyaka olukumi." - Kubikkulirwa 20:6.**

"Abatukuvu era abaweereddwa omukisa" be bantu abo abakkiriza Yesu okuba Omulokozi waabwe ba kuzuukira "mu kuzuukira okusooka." Oba nga abatukuvu ba "kufugira wamu" ne Kristo mu kiseera eky'emyaka 1,000, bateekwa okuzuukizibwa ku ntandikwa y'emyaka 1,000.

Bantu ba ngeri ki ab'okuzuukira ku nkomerero y'ekiseera eky'emyaka olukumi? Agamba bw'ati:

# ZUULA

**"Abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka olukumi lwe gyaggwaako." - Kubikkulirwa 20:5.**

"Abafu abalala abasigaddewo" kisobola okubanga kyogera ku bafu aboonoonyi, kubanga abatukuvu, "abaweereddwa omukisa abatukuvu" bo bazuukizibwa ku ntandikwa y'emyaka olukumi.

Bwe kityo ekiseera eky'emyaka olukumi kiriko okuzuukira okw'emirundi ebiri, okuzuukira okusooka okw'abantu abatuukirivu ku ntandikwa y'emyaka egyo, n'okuzuukira okw'abantu aboonoonyi ku nkomerero yagyo.

### 2. ABANTU ABAZUUKIZIBWA MU KUJJA KWA KRISTO

Okuzuukira okusooka, okwo okw'abatuukirivu, kujja kubeerawo ku kiseera eky'okudda kwa Kristo omulundu ogw'okubiri. Agamba bw'ati:



**"Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi lya malayika omukulu n'ekkondeere lya katonda, N'ABO ABAAFIIRA MU KRISTO BE BALISOOKA okuzuukira: oluvannyuma lw'ebyo, NAFFE ABALAMU abaasigalawo NE TULYOKA TUTWALIBWA WAMU NABO mu bire OKUSISINKANA MUKAMA WAFFE MU BBANGA. Kale bwe tutyo tunaabeeranga ne MUKAMA waffe ennaku zonna." - 1 Abassessalonika 4:16,17.**

Yesu bw'anajja ku nsi eno omulundi ogw'okubiri, ajja kuzuukiza "abaafu abaafiira mu Kristo," era wamu nabo abatuukirivu abalamu abatwale mu ggulu. Kubanga aboonoonyi bakyekutte ku kibi, tebasobola kuyimirira mu maaso ga Katonda, era ne bazikirizibwa mu kujja kwa Kristo (Lukka 17:26-30). (Ndowooza wandyagadde okuddamu okusoma Omulagirizi No.3 ku bintu ebikwata ku kujja kwa Yesu.)

### 3. SETAANI OKUSIBIBWA MU NJEGERE KU NSI ENO OKUMALA EMYAKA 1,000

Emyaka olukumi (1,000) bwe gitandika abatukuvu bonna bagenze mu ggulu, era n'abantu ababi bonna bafudde. Kiki ekiribeerawo ku nsi eno mu kiseera ekyo eky'emyaka olukumi?

**"Ne ndaba Malayika ng'akka okuva mu ggulu, ng'alina ekisumuluzo ky'obunnya obutakoma n'olujegere olunene mu mikono gye. N'akwata ogusota, omusota ogw'edda, ye Mulyolyomi era Setani, n'agusibira emyaka lukumi, n'agusuula mu bunnyua obutakoma n'aggalawo n'atekako akabonero, gulemenga okulimba amawanga nate, okutuusa emyaka lwe giriggwaako." - Kubikkulirwa 20:1-3.**



Ku kujja kwa yesu, Setaani asibiddwa era agenda kusigala mu njegere mu kiseera ekyo eky'emyaka olukumi. Setani alisibirwa wa? Mu "ddungu" ekigambo ekyo luyoonani kitegeeza ekinnya "ekiwanvu ennyo" oba "ekinnya ekitaliiko we kikoma." Mu (Luberyeberye 1:2), mu kikyuse ekyo luyonaani mu Ndagaano Enkadde ekozesa "eddungu" okunnyonnyola ensi yaffe eno nga tennatondebwa, nga obutonzi nga tebunnabaawo. Bwe kityo ensi yaffe eno ddungu Katonda w'asibira Setani.

Ebyawandiikibwa binnyonnyola Setaani ng'asibiddwa mu "lujegere olunene." Luno lujegere lwennyini? Nedda, kano kabonero buboonero, luno lujegere lwa bintu ebimwetoloodde. Setaani yandyagadde nnyo okugenda mu maaso okulimba abantu mu kiseera eky'emyaka olukumi. Naye tasobola kusanga Mutuukirivu n'omu okukema, kubanga bonna bali mu ggulu. Tasobola kuzuula abantu aboonoonyi

ab'okukulembera, kubanga bonna bafudde, beebase mu nfuufu ey'oku nsi. Tasobola kulimba yadde okukema omuntu yenna, atambula ku nsi yonna okutali muntu, kino ne kimuleetera okulowooza ku bulamu bwonna n'ebizibu bye yaleeta.

**4. ABATUKUVU OKUSALIRA ABABI OMUSANGO**

Emyaka olukumi nakyo kiseera kya kusala musango. Naye jjukira nti okusala omusango kulimu enitundu ebikulu bina (4).
(1) Okusala omusango ogw'abatukuvu nga Yesu tannaba kudda ku nsi omulundi ogw'okubiri.
(2) Okuwa empeera abatukuvu ku kujja kwa Yesu omulundi ogw'okubiri.
(3) Okusala omusango okw'abantu ababi mu kiseera eky'emyaka olukumi.
(4) Okusarula Setaani n'abantu ababi empeera yaabwe ku nkomerero ey'ekiseera. Ndowooza wandyagadde okuddamu okusoma Omulagirizi No.13 akwata ku kitundu ekisooka n'eky'okubiri eby'okusala omusango okwetegereza ebitabo era n'okuwa empeera abatuukirivu. Mu kiseera kino tugenda kutunula ku kitundu eky'okusatu n'eky'okuna, okukebera ebitabo era n'okuwa ababi empeera yaabwe.

Tulabye nti abatuukirivu abaali bafude nga bwe bazuukizibwa era n'abatukirivu ababadde abalamu bwe batwaliddwa mu ggulu mu kujja kwa Kristo omulundi ogw'okubiri. Mu myaka gino olukumi abatukuvu bali mu maka gaabwe mu ggulu. Baliba nga bakola ki? Agamba bw'ati:

**"Oba temumanyi NG'ABATUKUVU (abalokole) be BALISALIRA ENSI OMUSANGO… Temumanyi nga tulisalira bamalayika omusango?" - 1 Abakkolinso 6:2,3.**

**"NE NDABA ENTEBE EZ'OBWAKABAKA, NGA KULIKO ABATUDDEKO, NE BAWEEBWA OKUSALA OMUSANGO… NE BABA BALAMU, NE BAFUGIRANGA WAMU NE KRISTO EMYAKA LUKUMI." - Kubikkulirwa 20:4.**



Mu kiseera eky'emyaka olukumi, abatukuvu bagenda kuddamu okwetegereza emisango egy'abantu aboonoonyi n'egya bamalayika abaagwa, ng'omwo mwotwalidde omukulembeze waabwe Setaani. Nga kituufu nnyo abajjulizi ba Kristo, n'abawanguzi, era n'abo abaliko enkovu z'ebiwundu olw'okunywerera ku njiri, okwetegereza, n'okumanya ensala y'omusango gwa Katonda eri aboonoonyi.

Katonda ow'ekisa awadde omukisa abantu abanunule okutaganjula ebikolwa bya katonda ng'akolagana n'abonoonyi. Tulisobola okubeera n'ebibuuzo bingi okugeza nga, "Lwaki Senga wange tali wano? Afaanana okuba nga yali muntu mulungi." Bwe tulimala okuyita mu buwandiike bw'ebitabo era n'okusala omusango ogw'abafu, "nga basalilwa omusango mu ebyo ebyawandiikibwa mu bitabo ng'ebikolwa byabwe bwe byali." (Olunnyiriri olwa 12), tugenda kukiraba ffe kennyini, mu bikolwa bye byonna, ng'akolagana n'omuntu, Katonda mutuukirivu era nga mwenkanya eri buli muntu yenna. Tugenda kukiraba engeri Omwoyo Omutukuvu gye yawa omukisa egya buli kaseera omuntu okujeemulukukira Katonda, era obw'enkanya bwe obwokusala omusango bigenda kutegeerekeka bulungi.

**5. SETAANI OKUSUMULULWA MU NJEGERE KU NKOMERERO Y'EMYAKA OLUKUMI**

Ku nkomerero y'emyaka olukumi Bayibuli egamba bw'eti:

**"Ne ndaba ekibuga Ekitukuvu, Yerusalemi ekiggya nga kika okuva mu ggulu ewa KATONDA, ngakitegekeddwa ng'omugole ayonjeddwa bba." - Kubikkulirwa 21:2.**

# ZUULA

Ekibuga kino eky'ekyewuunyo kibadde amaka gaffe okumala emyaka olukumi. Mu kiseera kino ekibuga kino Ekitukuvu - awamu ne Kristo era n'abantu bonna be yanunula nga bali mu nda mu kyo - kikka ku nsi yaffe okuva mu ggulu.

Setaani agenda kukola ki ku nkomerero y'emyaka 1,000?

**"Awo emyaka egyo olukumi bwe giriggwa, Setaani n'alyoka asumululwa mu kkomera lye, era aligenda okulimba amawanga ag'omu nsonda ennya ez'ensi… Okubakung'anya mu lutalo: Omuwendo gwabwe ng'omusenyu gw'ennyini. Ne balinnya ku bugazi bw'ensi ne bazingiza olusiisira olw'abatukucu n'ekibuga akyagalwa." -Kubikkulirwa 20:7-9.**



Abantu ababi bakuzuukizibwa mu kuzuukira okw'okubiri okulibeerawo mu nkomerero y'emyaka 1000 (olunnyiriri olwa 5). Abatukuvu bwe baliba nga bakka ku nsi nga bali mu kibuga kya Katonda ekitukuvu, abantu ababi ne bazuukizibwa olwo ne Setaani aliba "asumuluddwa akaseera katono" (olunnyiriri olwa 3). Olwo Setaani aliba afunye abantu ababi okubakulembera era n'ekigendererwa kye kwe kuwamba abatukuvu. Nga tayoonoonyewo kaseera n'akamu. Amangu ago atandika okuteekateeka ababi mu ggye eddene. Setaani n'awa ebiragiro okulwanyisa ekibuga, ng'ababi bonna beeteeseteese mu bifo byabwe okwetoloola ekibuga Yerusalemi (soma olunnyiriri olwa 9), olwo entiisa ey'okuzikirira emirembe n'emirembe n'eryoka ebakwata.

**6. OKUSALA OMUSANGO OKUSEMBAYO**

Wano nga gwe murundi ogusooka olulyo lw'omuntu, tukung'ana awamu amaaso n'amaaso. Yesu ng'akulembedde abaana ba Katonda abanunule abali mu nda mu kibuga kya Katonda. Setaani akulembedde oluggube lw'ababi abali ebweru w'ekibuga. Mu kiseera kino ekizibu ennyo, Katonda n'akola ekitundu ekisembayo eky'okusala omusango, era ababi ne bafuna empeera yaabwe mu kooti ye.

**"Ne ndaba entebe ey'obwakabaka ennene enjeru, n'oyo eyali agituddeko, eggulu n'ensi ne bidduka mu maaso ge… Ne ndaba abafu abakulu n'abato, nga bayimiridde mu maaso g'entebe era… abafu ne basalirwa omusango mu ebyo ebyawandikkibwa mu kitabo, ng'ebikolwa byabwe bwe byali." - Kubikkulirwa 20:11,12.**

Ng'abantu ababi bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obutuukirivu, obulamu bwabwe bwonna ne bubabikkulirwa mu maaso gaabwe okuva mu ebyo ebyawandiikibwa mu bitabo eby'omu ggulu. Yesu omulamuzi omutuukirivu, y'asooka okulaga enkola ye yonna gy'akolaganyemu n'abasajja n'abakazi ne bamalayika abaagwa.




Eggulu lyonna n'ensi yonna ne bitunula n'addamu mangu ng'ayimiridde mu maaso g'entebe ya Katonda, Yesu n'awa buli muntu okulaba omulimu gwe omuzibu ogw'okulokola. N'akiraga nti yajja okunnoonya n'okulookola ekyo ekyabula. Yajja mu nsi yaffe ng'ayambadde omubiri ogw'omuntu n'abeera naffe mu bulamu obutuukiridde, mu bizibu ne mu kukemebwa, n'eky'enkomerero n'awaayo ssaddaaka enkulu ku musaalaba era n'aweereza nga Kabona waffe mu ggulu. N'eky'enkomerero, Yesu mu nnaku ennyingi n'avaayo era n'asalira omusango abo bonna abaalemera mu kujeemera ekisa kye. Olwo buli kitonde mu ggulu ne mu nsi yonna ne kikakasa obutuukirivu era n'obwetaavu bw'ekikolwa kya Katonda eky'okusala omusango ogw'enkomerero.

# ZUULA

**"Kubanga fenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ey'emisango eya Katonda. Kubanga kyawandiikibwa nti: Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, buli vvivi lirinfukamirira, na buli lulimi lulyatula Katonda." - Abaruumi 14:10,11.**

**"Kristo Yesu… Nga muwulize okutuusa okufa… buli vvivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, ery'omu ggulu n'ebyomu nsi… Era buli lulimi lwatule nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda KITAFFE aweebwe ekitiibwa." - Abafiripi 2:5-11.**

Kasookedde ekibi kitandika, Setaani abadde anyooma empisa za Katonda, ng'ateeka ku Katonda omusango ogw'obutaba mwenkanya. Naye mu kiseera kino ebibuuzo byonna biddiddwamu, okutabukatabuka kwonna kuvuddewo. Mu kiseera kino, ekitonde kyonna mu ggulu ne ku nsi bikakasizza nti Yesu, OMWANA ogwendiga ogwa Katonda, ateekwa okwagalibwa n'okusinzibwa.

Enteekateeka yonna awamu n'ekigendererwa kyonna ekya Katonda kibikkuliddwa mu bujjuvu, era olwo empisa za Katonda ne zisigala nga teziriko musango. Kino tekigenda kutegeerebwa abanunule bokka, yadde ne bamalayika ababi ne Setani yennyini agenda kukyatula nti amakubo ge gaali makyamu, era nti amakubo ga Katonda ga mazima era ga butuukirivu. Ebitonde byonna bya kukiraba nti ekibi, n'okwerowoozako byaleeta nnaku na butamatira kyokka era tebyetaaga kiseera kirala okubirekawo kweyongera kugenda mu maaso.

**7. ENKOMERERO Y'EKIBI**

Newankubadde nga Setaani n'oluggube lw'abantu ababi balikkiriza nti amakubo ga Katonda matuufu, naye omutima gwabwe tegugenda tegukyusibwa, era n'empisa zaabwe zisigala nga mbi. Nga omusango gwa Katonda gumaze okulangirirwa; olwo ababi:

**"Ne balinnya ku bugazi bw'ensi, ne bazingiza olusiisira olw'abatukuvu n'ekibuga ekyagalwa: omuliro ne gukka okuva mu ggulu ne gubookya. N'omulyolyomi eyabalimbanga n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro n'ekibiriti. … N'okufa n'amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. Ekyo kwe kufa okw'okubiri, ennyanja ey'omuliro. Era omuntu yenna ataalabika ng'awandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro." - Kubikkulirwa 20:9-15.**



Mu musango gwa Katonda ataggwaawo ogukomererayo omuliro gujja kuzikiriza ekibi awamu n'abo abakyekutteko mu bujeemu. Setaani awamu n'abantu bonna abaabula bajja kuzikirira mu "kufa okw'okubiri," okufa okw'emirembe n'e mirembe, eyo gye batagenda kuva nate. Amayisa gaabwe ag'obujeemu gaasigala nga ga kibi era nga tebasaanira essanyu ery'amazima, era kyebava bazikirizibwa awamu ne Setaani ne bamalayika be. Omuliro ogw'omu ggulu gwa kulongooseza ddala ensi yonna okugijja mu bubi obw'ekibi, era eky'enkomerero Katonda alongoosezza eggulu n'ensi obutaddayo kwonoonebwa ekibi nate. Olutalo wakati w'obulungi n'obubi, wakati wa Kristo ne Setaani luwedde, eky'enkomerero Kristo afuga. Olutimbe luddawo nga luggalawo omuzannyo ogw'edda ogw'ekibi, ate ne luggulawo ekitiibwa eky'ensi empya ey'obuyinza obutakoma.

**8. ENSI ELONGOOSEBWA ERA N'ETONDEBWA BUGGYA**

Okuva mu vvu ery'omuliro egw'enkomerero ogw'okulongoosa ensi, Katonda agenda kutonda ensi empya. Agamba bwati:

**"Ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya; kubanga eggulu ery'oluberyeberye n'ensi ey'oluberyeberye nga bigenze… Ne ndaba ekibuga ekitukuvu, Yerusalemi ekiggya nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda… Laba, eweema ya Katonda awamu n'abantu, era anaatulanga wamu nabo, banaabeeranga bantu be, naye yennyini anaabeeranga wamu nabo, Katonda waabwe:**

# ZUULA

**naye alisangula buli zziga mu maaso gaabwe, era okufa tekulibeerayo nate; so tewaabenga wo nate nnaku newankubadde okukaaba newankubadde okulumwa; eby'oluberyeberye nga biweddewo… Laba, byonna mbizzizza buggya." - Kubikkulirwa 21:1-5.**



Ng'ezzibwa mu bulungi bwayo obw'oluberyeberye, ensi egenda kuddamu okubeera amaka ag'abanunule emirembe gyonna. Ng'ejjiddwa mu okwerowoozako, endwadde awamu n'okubonaabona, tugenda kulambula eggulu lyonna, enkolagana ey'oluganda olw'ekitalo eddewo, era tubeere n'emyaka egitaggwaawo mwe tugenda okutuulanga ku bigere bya Yesu okuwuliriza era n'okuyiga okwagalakwe. (Okwagala okuyiga mu bujjuvu ebinnyonnyola ensi empya, okyasobola okuddamu okusoma nate Omulagirizi 9.)

Ggwe oteekateeka kubeera wa ku lunaku olwo? Omaliridde okubeera ne Kristo mu nda mu kibuga ng'olokoleddwa emirembe n'emirembe? Oba olibeera bweru wa kibuga awatali Kristo ng'ozikiridde emirembe gyonna?
Singa omaze okuteeka obulamu bwo mu mikono gya Yesu, teweetaaga kutuusibwako entiisa etayogerekeka ey'abo abali ebweru w'ekibuga nti bazikiridde emirembe gyonna.

Ekikulu si ekyo obulamu kye bukuleetedde, singa oteeka obulamu bwo mu mikono gya Kristo kaakati, osobola okubeera mu kibuga mu nda awamu ne Kristo n'abanunule. Singa nga kino tokikolanga, nsaba oweeyo omutima gwo eri Yesu olwa leero, era naye ajja kukwetooloza emikono gye n'okwagala kwe, era n'okusonyiwa kwe. Guno gwe mukisa gwe. Era luno lwe lunaku lwo olw'obulokozi.

# ZUULA

## GEYEENA KYEKI? ERA ERI LUDDA WA?



Omuyizi w'essomero omu awatali kufaayo yayingira mu ssomero n'akuba amasasi era n'atta bayizi banne bangi be yali asoma nabo. Ng'ajjukidde obusungu omusajja eyali agobeddwa okuva ku mulimu, yayingira mu kifo kye yali akoleramu n'akuba emmundu mukama we eyali abakulira ku mulimu. Omukyala omuzadde yateeka abaana be babiri mu motoka n'agisindika mu nnyanja n'esaanawo.

Abantu nkumi na nkumi abattibwa mu mikolo egy'okulongoosa egy'ebika ku nsi. Ensonga ettisa abantu bano z'entalo ez'edda ezimaze emyaka n'ebisiibo ez'enjawukana wakati w'amawanga. Abasajja, n'abakyala awamu n'abaana n'amabuje battibwa, basalibwamu, bakubibwa era ne basobezebwako olw'empaka.

Okubonereza abantu ng'obawa ekibonerezo eky'okufa olw'emisango gino egy'ekikafiiri, egy'okutugumbula abantu, abantu bangi bakivumirira. Abantu bangi abawakanya ekibonereza eky'okuttibwa boogerera waggulu nga bakiyita ekikolwa ekitali kya buntu, "omukolo ogw'ekikafiiri." Beebuuza nti abantu bano abatta abantu baba bassusse okulokolebwa?

Nkola ki ey'obuntu esingira ddala obulungi ey'okutta abasingiddwa emisango egy'obutemu? Kutuula ku ntebbe ey'amasannyalaze? Abantu abamu balowooza nti okumuyingiza akaayiso akalimu eddagala ery'obutwa ke kataluma nnyo. Abalala bagamba nti omuntu afa mangu nnyo bw'omutuga obutuzi.

Naye mu kukubaganya ebirowoozo kuno kwonna okw'okusaasira ku kibonerezo eky'okufa, naye waliwo okubonaabona okulala okusigaddewo okutafiibwako muntu yenna. Tewali n'omu awa ekirowoozo nti abatemu abo, abatta obulamu bwa bannabwe mu bukambwe bateekwa nabo babonyaabonyezebwe mu bulumi nga bookebwa n'omuliro okutuusa okufa. Tewali n'omu aleeta ekirowoozo nti omutemu ateekwa ayokebwe mpola okutuusa okufa.

Naye abakristayo abeesigwa bangi bagamba nti Kitaffe ow'omu ggulu ajja kukola n'ekisinga ekyo obubi. Bagamba nti; aboonoonyi bateekwa okubonyaabonyezebwa, basobole okusasula ebibi byabwe. Ekirala ekisingako awo, balaga ekifaanayi eky'ekifo Katonda w'asalira omusango okuba ekifo eky'okubonyaabonya okutakoma.

Bwe kiba bwe kityo olwo bwenkanya ki Katonda bwalina eri ababi? Omusango gw'okufa kwabwe kuyingira kutya mu butuukirivu ne mu kwagala kwa Katonda? Leka tunoonye eky'okuddamu mu Bayibuli:

**1. ENNAKU YA YESU ESEMBAYO ESINGIRA DDALA OBUBI**

Okumala emyaka nga 6,000, Katonda abadde nga yeegayirira abasajja n'abakazi nti:

**"Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda, sirina ssanyu lye nsanyukira okufa kw'omubi; wabula omubi akyuke ave mu kkubo lye abeere omulamu." - Ezeekyeri 33:11.**



Omusaalaba gwa Yesu gwalaga okwagala bwe kwenkana Katonda ky'ayagala okulokola omuntu. Yesu bwe yakaabira ku musaalaba nti:

# ZUULA

"Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola," 'abikkula obulumi obwali mu mutima gwe (Luka 23:34). Ekyaddirira mu bwangu ddala, n'afa era abantu abamu bakkiriza nti, yakutuka omutima n'afa (Yokana 19:30,34).

Naye awamu n'okulaga okwagala kwa Katonda kuno okw'amaanyi abantu tebagenda kukyukira Yesu. Ekiseera ekibi kye kinamala nga kifuga ensi eno gye kinaakoma, okugenda nga kyongera ku nnaku y'omuntu. N'olwekyo ekibi kiteekwa okuzikirizibwa. Katonda ateekateeka atya okukomya ekibi?

**"Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja nga mubbi; eggulu lwe lirivaawo n'olw'okuwuuma okunene n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwokebwa okungi, N'ENSI N'EBIKOLWA EBIGIRIMU BIRISIRIKKA." - 2 Petero 3:10.**

Eky'enkomerero, Katonda ateekwa okulongoosa ensi yonna okugiggya mu bubi era ekibi akikomye. Abantu abo abeesibye ku kibi, ekirivaamu bagenda kuzikirizibwa n'omuliro ogwo ogwateekerwateekerwa okwokya Setaani ne bamalayika be n'ekibi okukiggya ku nsi eno. Nga kiriba kiseera kya bulumi eri Yesu okulaba ng'omuliro gwokya abantu abo be yajja okufiirira abalokole.

**2. GEYEENA ERYAKIRA LUDDAWA ERA MU KISEERA KI?**



Kino kikonagana n'endowooza eri mu bantu abamu, abagamba nti mu kiseera kino Katonda alina ekifo ekiyitibwa Geyeena ekyaka omuliro abantu aboonoonyi gye bagenda nga bamaze okufa. Geyeena egenda kubeerawo ensi eno bw'erifuulibwa ennyanja ey'omuliro. Katonda akyalinze okuwa abantu ababi ekibonerezo okutuusa ku lunaku olw'omusango ogw'enkomerero ogugenda okubeerawo ku nkomerero y'emyaka 1,000 (Kubikkulirwa 20:9-15).

**"Mukama waffe amaanyi okulokola abatya Katonda mu kukemebwa, n'okukuuma abatali batuukirivu okutuusa KU LUNAKU OLW'OKUSALIRWAKO omusango, babonerezebwa." - 2 Petero 2:9.**

Mu kiseera ky'ekimu alirongoosa ensi yaffe eno n'omuliro ogulongoosa.

**"Eggulu n'ensi ebiriwo kaakano, bikuumibwa okutuusa ku LUNAKU OLW'OKUSALA OMUSANGO N'OKUZIKIRIZA kw'abantu abatatya Katonda." - 2 Petero 3:7.**

Katonda tateekerateekeranga muntu yenna okukkomekereza obulamu bwe mu nnyanja ey'omuliro. Naye abantu bwe bagaana okwawuukana ne Setaani era ne beenywereza ku bibi byabwe, eky'enkomerero bateekwa okufuna ekyo ekiriva mu kulondawo kwabwe.

**"Awo aligamba n'abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti: muve wo wendi mmwe abaakolimirwa mugende mu muliro ogutaggwaawo OGWATEEKERWATEEKERWA SETAANI NE BAMALAYIKA BE." - Matayo 25:41.**

Okusinziira ku njigiriza ya Yesu Geyeena eribaawo ddi?

**"Kale ng'engano ey'omu nsiko bw'ekung'anyizibwa bw'eyookebwa mu muliro; bwe kityo bwe kiriba KU NKOMERERO Y'ENSI. Omwana w'omuntu alituma bamalayika be, nabo BALIGGYAMU mu bwakabaka bwe EBINTU BYONNA EBISITTAZA N'ABO ABAKOLA OBUBI, BALIBASUULA MU KIKOOMI EKY'O MULIRO: mwe muliba okukaaba amaziga n'okuluma obujiji." - Matayo 13:40-42.**

Eng'ano ey'omu nsiko, abakozi b'obubi, tebagenda kwokebwa okutuusa ng'enkomerero y'ensi emaze okutuuka. Ng'omusango guno tegunaba kusalibwa, ensi yonna, n'eggulu biteekwa okumala

okukakasibwa nti Katonda yali mwenkanya mu nkolagana ye na buli muntu. Nga bwe kinnyonnyolwa mu Mulagirizi No. 22, olutalo olunene wakati wa Kristo ne Setaani. Setaani abadde agezako okukakasa eggulu lyonna n'ensi yonna nti ekkubo ery'ekibi ly'ekkubo erisingiko obulungi; nga ne Yesu abadde akiraga nti ekkubo ery'obuwuulize ky'ekisumuluzo ekituusa ku bulamu obumatiza.



Ku nkomerero y'emyaka 1,000, okulaga kuno kugenda kukomekkerezebwa mu kusala omusango gwa Setaani, ne bamalayika be, gattako n'abantu aboonoonyi. Ng'ebitabo bimaze okubikkulibwa ebiraga ekitundu buli muntu kye yakola mu muzannyo guno omunene, Katonda agenda kusuula Setaani, okufa, amagombe, awamu n'abo bonna "amannya gaabwe agatasangibwa nga gawandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu… mu nnyanja ey'omuliro" (Kubikkulirwa 20:14-15). Okusinziira ku lunyiriri oluddirira olwa Kubikkulirwa 21:1, nga Katonda amaze okulongoosa ensi okuva mu kibi n'omuliro, agenda kutonda "eggulu eriggya n'ensi empya."

### 3. GEYEENA EGENDA KUMALA KISEERA KI NG'EYAKA?

Abakkiriza bangi abalina ekirowoozo ekigamba nti omuliro gwa Geyeena gwa kubeerawo emirembe gyonna, era ne guvaamu okubonaabona okw'emirembe gyonna. Leka tutunuulire n'obwegendereza ku kyawandiikibwa ekinnyonnyola engeri Katonda gy'ayisaamu ekibi n'aboonoonyi:

**"Ng'awalana eggwanga abatamanyi Katonda, n'abo abatagondera njiri ya Mukama waffe Yesu, ABALIBONEREZEBWA, KWE KUZIKIRIRA EMIREMBE N'EMIREMBE okuva mu maaso ga Mukama waffe ne mu kitiibwa ky'amaanyi ge." - 2 Abasessalonika 1:8,9.**

Nsaba weetegereze ekigambo "okuzikirira okw'emirembe n'emirembe." Amakulu gaakyo si ge gamu n'ekigambo "okubonabona okw'emirembe gyonna." Mu bwangu, kino kitegeeza ekikolwa eky'okuzikiriza kwakyo kwa mirembe n'amirembe. Ekikolwa kya kufa mirembe gyonna, Petero yayogera ku lunaku olw'omusango "n'okuzikirira kw'abantu abatatya Katonda" (2 Petero 3:7).

Okusinziira ku Yesu, "Omwoyo n'omubiri, byombi byakuzikirizibwa mu Geyeena" (Matayo 10:28). Mu kubuulira kwe Yesu ku lusozi, yayogera ku mulyango omufunda "ogutwala abantu mu bulamu," era ne ku kkubo eggazi "eritwala abantu mu kuzikirira" (Mataayo 7:13,14). Mu Yokana 3:16, Yesu annyonnyola nti Katonda "yawaayo omwana we omu yekka," abo abamukkiriza baleme "okubula, naye babeere n'obulamu obutaggwaawo." Yesu atulaga enkomerero za mirundi ebiri, obulamu obutaggwaawo oba okuzikirira - so si okwokebwa emirembe gyonna. Tusobola okukubira nti Geyeena erivaako okufa era n'okuzikirira kw'ababi eriko ekikomo.
Okuyita mu byawandiikibwa byonna mulimu obubaka obutegeerekeka obulungi obututegeeza nti ababi balizikirizibwa.

"Naye ezzadde ly'omubi lirizikirizibwa" (Zabbuli 37:28), "Balizikirizibwa" (2 Petero 2:12), "Baribula; balibulira ddala mu mukka" (Zabuli 37:20). Omuliro gugenda kubafuula vvu (Malaki 4:1-3). "Empeera y'ekibi kwe kufa," so si bulamu obutaggwaawo mu muliro gwa Geyeena; so nga "ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo" (Abaruumi 6:23).

Ekigendererwa ky'ekibonerezo ekisembayo mu muliro gwa Geyeena kwe kuggyawo ekibi mu ggulu lyonna n'ensi, so si kukuuma kibi emirembe gyonna. Kizibu ddala okuteebereza nti Kristo oyo y'omu yakaabira okufa kwa Yerusaalemu eyali ey'omutawaana era n'asonyiwa abo abaamukomerera okutuusa okufa, yandisobodde okumala ekiseera kye eky'emirembe n'emirembe ng'atunuulira okubonaabona kw'abantu abazikirizibwa.



Geyeena awatali kubuusabuusa aliko enkomerero. Ku nkomerero y'emyaka 1,000, Katonda agenda kutonyesa omuliro okuva mu bire, era aggyewo Setaani, ne bamalayika be, era n'abantu ababi abaguggubira mu bibi

byabwe. "Omuliro" ne guva "mu ggulu okukka wansi ne gubazikiriza" (Kubikkulirwa 20:9).

Okusinziira ku njigiriza ya Yesu, omuliro guno "teguzikira" (Matayo 3:12). Tewali muntu muzikiriza wa muliro alisobola okuguggyawo okutuusa nga gumaze okukola omulimu gwagwo ogw'okuzikiriza.

Katonda asuubiza nti; okuva mu muliro guno ogulongoosa, agenda "kutonda ensi empya" omwo, "emitawaana egy'oluberyeberye tegirijjukirwa era nga gyerabiddwa" era nga "so n'eddoboozi ery'okukaaba nga terikyawulirwa omwo" (Isaaya 65:16-19).


Ng'olunaku luno luliba lwa kitalo nnyo! Buli kintu kyonna ekireeta okweralikirira kigenda kuvaawo. Katonda aliggyawo ebiwundu eby'ekibi okuva mu mutima era olwo essanyu lyaffe liriba lijjuvu.

**4. EKIGAMBO "EMIREMBE N'EMIREMBE" MU BYAWANDIIKIBWA EBITUKUVU**

Mu Matayo 25:41 Yesu ayogera ku "muliro ogutaggwaawo ogwateekerwateekerwa Setani ne bamalayika be." Ekigambo "ogutaggwaawo" wano kitegeeza nti Geyeena ya mirembe ne mirembe? Yuda 7 alaga Sodoma ne Gomola "nga byateekebwawo okuba eky'okulabirako, nga bibonerezebwa n'omusango ogw'omuliro ogutaggwaawo." Kitegeerekeka bulungi nti ebibuga ebyo tebikyayaka mu kiseera kino. Naye omuliro ogwabyokya GWALI ogutaggwaawo ekitegeeza nti ekyava mu muliro ogwo kyali ekikolwa eky'enkomeredde.

Mu 2 Petero 2:6, omulundi omulala, nga tuddamu okusoma ku muliro ogutaggwaawo. Naye mu kyawandiikibwa kino nate kiraga bulungi nti Katonda "bwe yasirissa ekibuga Sodomu ne Gomola n'abisalira omusango ng'abizikiriza ng'assaawo eky'okulabirako eri abo abagenda obutatya Katonda." Abantu abatatya Katonda ab'omu Sodoma ne Gomola tebakyali mu bulumi, baafuuka dda vvu ebbanga ddene eriyisewo. Naye era omuliro ogwo ogwabookya gwali "ogutaggwaawo" nga kitegeeza nti ekikolwa ekyavaamu - kyali okuzikirira okutagenda kuvaawo.

Olw'okubanga ekitabo kya Kubikkulirwa kikozesa olulimi olutegeerekeka olw'obubonero, ebitundu byakyo ebimu tebitegeerwa bulungi. Eky'okulabirako: Kubikkulirwa 14:11, kyogera ku bantu abagenda okuzikirizibwa nti: "N'omukka ogw'okubonyaabonyezebwa kwabwe gunyooka emirembe n'emirembe." Kino kiwulikikanga okubonaabona okutakoma. Naye era ka tuleke Ebyawandiikibwa binnyonnyole byawandiikibwa binnabyo.




Kuva 21:6, Kyogera ku muddu okuwummulibwa okutu ng'akabonero akalaga nti yalina okuweereza Mukama we "emirembe n'emirembe." Mu nsonga eno, "emirembe n'emirembe," kiba kitegeeza ekiseera eky'omuddu eky'omu maaso ky'anaawangaala. Yona, eyamala ennaku essatu zokka, n'ebiro bisatu mu lubuto lwa lukwata (Matayo 12:40) kimwogerwako nti yalubeeramu "emirembe gyonna" (Yona 2:6). Tewali kubuusabuusa ennaku esatu ze yamala mu kizikiza eky'olubuto lw'eky'ennyanja kyamufaananira nga emirembe gyonna.

N'olw'ekyo tuteekwa okubeera abeegendereza engeri ebyawandiikibwa ebitukuvu gye bikozesa olulimi olw'obubonero era n'olw'ebitontome. Omukka ogunyooka emirembe gyonna okuva mu nnyanja ey'omuliro y'engeri etegeerekeka okunnyonnyola okuzikirira okw'emirembe gyonna. Kubikkulirwa 21:8, kitutegeeza bulungi nti ennyanja eyaka n'omuliro n'ekibiriti "kwe kufa okw'okubiri." Geyeena aliko enkomerero ye. Abantu ababi ba kwokeebwa; era bazikirizibwe.

**5. LWAKI WATEEKWA OKUBEERAWO GEYEENA**

# ZUULA



Ku luberyeberye Katonda yatonda ensi nga etuukiridde. Naye ekibi bwe kyayingira ne kireeta okuzikiriza, okuvunda awamu n'okufa. Singa olw'eggulo olumu okomawo awaka n'osanga nga ennyumba yo bagibbye era ng'eyonooneddwa, nawe onogireka ng'efaanana bw'etyo emirembe gyonna? Mu butuufu si bwe wandikoze. Wandijeeze n'oggyawo obujama n'ebisasiro, n'oginaaza yonna era n'ossuula ebweru ebintu byonna bye baayoonoonye. Ne Katonda ajja kukola ekintu kyekimu. Ajja kukola ku bubi bwonna era n'obwonoonefu bwonna obw'ekibi omulundi gumu, era atonde ensi empya mu kifo ky'enkadde.

Ekigendererwa kya Katonda okulongoosa ensi eno n'omuliro, kwe kuteekateeka ekkubo ery'ensi etuukiridde eyo abatukuvu mwe banaabeera.
Naye Katonda alina obuzibu bungi, kubanga ekibi tekyayonoona nsi yokka, naye kyayonoona n'abantu bennyini. Ekibi kyayonoona enkolagana yaffe ne Katonda ate era n'eri bantu banaffe. Olulyo lw'omuntu lugenda mu maaso n'endwadde ey'okwonoona abaana abato, obutemu, okuyita obukunya awamu n'endwadde endala nnyingi ez'Omwoyo. Katonda ateekwa olunaku olumu okuzikiriza ekibi; kubanga ekibi kyonoona abantu. Obuzibu bwa Katonda buli nti: asobola atya okuggyawo endwadde enzibu ey'ekibi okuva mu nsi ate n'atazikiriza bantu bonna abayonoonebwa ekibi? Okumalawo omutawaana guno ye kwe kuteeka endwadde ey'ekibi ku mubiri gwe; n'akkiriza obulwadde obw'ekibi okumuzikiriza ye ku musaalaba. Nga n'ebyavaamu bye bino:

**"Bwe twatula ebibi byaffe ye wa mazima era mutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, N'OKUTUNAAZAKO BYONNA EBITALI BYA BUTUUKIRIVU." - 1 Yokana 1:9.**

Omutawaana ogw'okumalawo ekibi, ekyo Katonda agaba kya bwerere eri abantu bonna. Naye ekinakuwaza kye kino abantu bakyekutte ku ndwadde ey'ekibi. Era Katonda tagenda kuwaliriza muntu yenna okulonda ekkubo lye ery'obulamu obutaggwaawo. Abo abagaana ekkubo lye ery'obulamu ery'okumalawo omutawaana gw'ekibi, eky'enkomerero bagenda kuzikirizibwa ne ndwadde eyo. Ensonga ey'amazima ebeezesawo Geyeena y'eno nti:

**"Kubanga bwe nnayita temwayitaba, bwe nnayogera temwawulira; naye ne mukola ekyali ekibi mu maaso gange ne mulonda ekyo kyesasanyukira." - Isaaya 65:12.**

Abo aboonoonyi abalondawo okwejja ku Yesu, bagenda kukizuula nti eky'okukola kyokka ekirala kye balina kwe kufa.

### 6. OKUZIKIRIRA KIRIKUFIIRIZA KI?

Newankubadde ng'ebyawandiikibwa tebiyigiriza nti omuliro gwa Geyeena guvaamu okubonaabona okutakoma. Naye bituwa ekifaananyi nti kintu kya ntiisa okuzikirira. Aboonoonyi bagenda kufiirwa obulamu obutaggwaawo. Nga kiriba kigambo kya ntiisa ya kitalo, okukitegeera nti essanyu ery'obulamu obutaggwaawo nga bali wamu ne Katonda bibavudde mu ngalo era nti tebagenda kuddayo kufuna essanyu ery'okwagala okw'oluganda okutuukiridde okuyita mu myaka, emirembe gyonna.



Kristo bwe yali awanikiddwa ku musaalaba ng'ebibi by'ensi bimwawudde ne Kitaawe, yawulira obulumi obw'okubula emirembe n'emirembe. Ng'aboonoonyi batunuulidde ekizikiza ekikutte ekiri ku mitwe gyabwe nga balaba kuzikirira kwerere okw'emirembe gyonna. Bateekwa okufa nga tebalina ssuubi ery'okuzuukira okw'okubiri. Ate mu kiseera kyekimu ne balaba engeri gye baasindikanga eri Kristo, buli kaseera bwe yasemberanga gye bali okubalaga okwagala kwe. N'ekyenkomerero ne bafukamira ku mavviivi gaabwe era ne bakakasa

obwenkanya n'okwagala kwe (Abafiripi 2:10,11).

Tekyewuunyisa abawandiisi ba Bayibuli batukubiriza okwanguwa okulonda Kristo era n'okumukaayanira: Agamba bwati:

**"Tubeegayirira muleme okugayaalirira kisa. Katonda kye yabakwatirwa. Kubanga agamba nti: 'Nakuwuliriza mu kiseera eky'okusaasirirwamu, ne nkuyamba ku lunaku olw'okulokokerako.' Laba kaakano ky'ekiseera eky'okusaasirirwa mu, era lwe lunaku olw'okulokolorako." - 2 Ab'ekkolinso 6:1-2.**

Ndowooza nti teri mutawaana ogusinga obunene omuntu okwonoona ssaddaaka ya Yesu etegula sente, olw'okulondawo okuzikirira. Ebintu ebibiri ebituli mu maaso gaffe eby'enjawulo bitegerekeka bulungi: Okuzikirira okw'emirembe gyonna - emyaka egy'emirembe gyonna ng'oggyiddwa mu maaso ga Katonda, oba omukwano ogw'emirembe gyonna awamu ne Kristo, omukwano ogwo ogumatiza okwegomba kwaffe kwonna okugenda ewala. Ggwe weerondeddewo ki? Lwaki olwa leero tozuula nkomerero y'obulamu bwo mu Kristo?

# ZUULA

## OMUNTU BW'AFA KIKI EKIDDIRIRA?

Twesisiwala omwana bw'asooka okubuuza nti, "Kitegeeza ki okufa?" tutya okwogera oba okuloowoza ku muntu gwe twagala ng'afa. Okufa mulabe wa buljjo ow'abantu buli wantu.

Eby'okuddamu ki bye tulina ku bibuuzo ebizibu ebikwata ku kufa? Ng'omuntu amaze okufa waliwo obulamu? Tuliddayo nate okulaba abaagalwa baffe?

### 1. OKWANG'ANGA OKUFA AWATALI KUTYA

Ffena ekiseera ekimu, mpozi oluvannyuma olw'okufiirwa ow'omukwano, oba omwagalwa wo, tuwulira obutaliimu, n'ennaku n'etukwata, nga tutunuulira enkomerero y'obulamu.



Mu nsonga eno enkulu bw'etyo, ejjudde okutya, tusobola kufuna wa amazima agakwata ku bintu ebibaawo nga tumaze okufa. Eky'omukisa omulungi, ekitundu ku mulimu gwa Kristo ku nsi eno gwali "okuwa eddembe abo bonna abaali abaddu obulamu bwabwe bwonna olw'entiisa ey'okufa" (Abebbulaniya 2:15). Era mu Bayibuli Yesu atuwa obubaka obutugumya, era n'eby'okuddamu ebitegerekeka ku bibuuzo byaffe byonna ebikwata ku kufa era ne ku bulamu obw'omu maaso.

### 2. KATONDA YATUTONDA ATYA?

Nga tunoonya okutegeera amazima gennyini agakwata ku kufa (okuva mu Bayibuli) ka tutandikire ku Luberyeberye era tulabe engeri Omutonzi gye yatutondamu.

**"MUKAMA Katonda n'abumba omuntu N'ENFUUFU Y'ENSI, n'amufuuwamu mu nnyindo OMUKKA OMULAMU, omukka omulamu." - Luberyeberye 2:7.**



Ku kutondebwa, Katonda yabumba Adamu okuva "mu nfuufu ey'oku nsi." Mu mutwe gwe mwalimu obwongo nga bweteeseteese okulowooza, omusaayi mu misuwa gye nga gweteeseteese okukulukuta. Katonda bwe yafuuwa mu nnyindo ze "omukka ogw'obulamu," Adamu n'afuuka omuntu (Lwebbulaniya Omwoyo omulamu). Wetegereze Bayibuli tegamba nti Adamu n'afuna Omwoyo, naye egamba nti "Omuntu n'afuuka omukka omulamu." Katonda bwe yafuuwa mu Adamu omukka, obulamu bwatandika okukulukuta okuva ewa Katonda. Obwegaffu bw'omubiri awamu "n'omukka ogw'obulamu" byafuula Adamu "omuntu omulamu," "omwoyo omulamu." N'olw'ekyo tusobola okuwandiikwa nti omuntu yenkanankana bwati:

"Enfuufu ey'ensi" bw'ogattako "Omukka ogw'obulamu" tufunamu "omuntu omulamu."

"Omubiri ogutalimu bulamu" bw'ogattako "omukka okuva ewa Katonda" tufuuna "omuntu omulamu."

Buli kinoomu kuffe, buli muntu alina omubiri era n'ebirowoozo. Gye tukoma okussa omukka, tubeera omuntu omulamu oba Omwoyo omulamu.

### 3. KIKI EKIBEERAWO OMUNTU BW'AFA?

Okufa kye kiggyawo ekikolwa eky'okutonda nga bwe kinnyonyoddwa mu Luberyeberye 2:7.

# ZUULA

**"Enfuufu n'edda mu ttaka nga bwe yali OMWOYO (OMUKKA GW'OBULAMU) ne gudda eri Katonda eyaguwa." - Mubulizi 12:7.**

Oluusi Bayibuli ekozesa ekigambo eky'olwebbulaniya Omwoyo mu kifo ky'omukka. Abantu bwe bafa, emibiri gyabwe gifuuka "nfuufu" era Omwoyo (omukka ogw'obulamu) gudda eri Katonda ensibuko yagwo. Naye kiki ekibeerawo ku Mwoyo agamba bwati:

**"Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera MUKAMA Katonda… Laba EMYOYO GYONNA gyange; OMWOYO OGUKOLA EKIBI GWE GULIFA." - Ezekeri 18:3-4.**

Omwoyo gufa! Mu kiseera kino tegulina bulamu butaggwawo - gusobola okuzikirira.

Enkola yaffe eyagiddwa mu Luberyeberye 2:7, ey'engeri Katonda gye yatutondamu evaawo mu kufa bw'eti:

**"Enfuufu y'ensi" bw'ogiggyako - "Omukka ogw'obulamu" ofunamu "Omwoyo omufu."**
**"Omubiri ogutalina bulamu" bw'oguggyako "omukka gwa Katonda" "ofunamu omuntu omufu."**

Okufa kwe kuggyawo obulamu. Omubiri guvundira mu ttaka era omukka oba Omwoyo gudda eri Katonda. Nga tuli mu bulamu tubeera Omwoyo omulamu, naye mu kufa tubeera mulambo, Omwoyo omufu, oba omuntu omufu. N'olw'ekyo abafa tebategeera.Katonda aggya mu ffe omukka ogw'obulamu ogwo gwe yatuwa, emyoyo gyaffe ne gifa. Naye tujja kweyongera okulaba oluvannyuma mu ky'okuyiga kino nti, nga tuli ne Yesu wabeerawo essuubi.

**4. OMUNTU AMAZE OKUFA ATEGEERA KYENKANA WA?**

Nga tumaze okufa obwongo buvunda tebusobola kutegeera yadde okujjukira ekintu kyonna. Embeera z'omuntu zonna zikoma ku kufa.

**"Okwagala kwabwe n'okukyawa kwabwe n'obuggya bwabwe, bizikiridde kaakano." - Mubuulizi 9:6.**

Abafu tebategeera n'olw'ekyo tebalina kye bamanyi mu ebyo ebibeerawo. Tebalina nkolagana yonna n'abantu abalamu.

**"Kubanga abalamu bamanyi nga balifa, NAYE ABAFU TEBALIKO KYE BAMANYI." - Mubuulizi 9:5.**



Okufa kufaananyizibwa n'otulo okutaliimu birooto - mu butuufu, Bayibuli eyita okufa "okwebaka" emirundi 54. Yesu yayigiriza Abatume be nti:

**"Mukwano gwaffe LAZAARO YEEBASE, wabula ng'enda okumuzukusa." Abayigirizwa be ne bamugamba nti, Mukama waffe, oba nga yeebase, anaazuukuka. Naye Yesu yayogera ku kufa kwa Lazzaro naye bo ne balowooza nti ayogera ku kwebaka tulo. Awo Yesu n'alyoka ababulira lwatu nti LAZAARO AFUDDE." - Yokana 11:11-14.**

Nga Yesu tannatuuka Lazaaro yali yafa dda ennaku nnya eziyiseewo. Naye Yesu bwe yagenda ku ntaana ye, yakikakasa nti kyangu nnyo eri Katonda okuzuukiza omufu nga kifaanana ng'omuntu bw'ozuuukusa mukwano gwe eyeebase. Kibasanyusa nnyo okumanya nti mikwano gyaffe abafudde baba "beebase" bawumudde mu mirembe mu Kristo. Ekkubo ery'okufa eryo ffe kennyini lye tugenda okuyitamu olunaku olumu, lifaanana ekifo eky'akasirise eky'emirembe eky'okwebaka.

**5. KATONDA YEERABIRA ABANTU ABO ABEEBASE MU KUFA?**

# ZUULA

Okwebaka mu kufa si y'enkomerero ya byonna. Ku ntaana, Yesu yagamba Maliza mwanyina Lazaalo nti:

**"NZE KUZUUKIRA era nze bulamu, ANZIKIRIZA NE BW'AFA ALIBA MULAMU." - Yokana 11:25.**

Abo abafiira "mu Kristo" beebase mu ntaana - naye bakyalina ekiseera ekitangaavu eky'omu maaso... oyo abala buli luviri oluli ku mitwe gyaffe era atuwanniridde mu bibatu by'emikono gye tagenda kutwabuulira. Tukyasobola okufa era ne tufuuka enfuufu, naye obuwandiike bwaffe obwa buli kinnomu busigala bulungi mu birowoozo bya Katonda. Era Yesu bw'anajja, ajja kuzuukiza abatukuvu abafu okubaggya mu tulo twabwe, mu ngeri y'emu nga bwe yakola Lazaaro.

**"Naye tetwagala mmwe obutategeera, ab'oluganda, EBY'ABO ABEEBAKA, MULEMENGA OKUNAKUWALA, ERA NG'ABALALA ABATALINA SSUUBI. Kubanga bwe tukkiriza nga Yesu yafa n'azuukira, era ne Katonda alireetea bw'atyo abeebaka ku bwa Kristo wamu naye… kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'okwogerera waggulu n'eddoboozi lya Malayika omukulu n'ekkondeere lya Katonda, n'abo ABAFIIRA MU KRISTO BE BALISOOKA OKUZUUKIRA, NAFE ABALAMU ABASIGALAWO NE TULYOKA TUTWALIBWA WAMU NABO mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga, kale bwe tutyo tunabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. KALE MUSANYUSAGANENGA MWEKKA NA MWEKKA N'EBIGAMBO BINO." - 1 Abassesolonika 4:13, 16-18.**



Ku lunaku olw'okuzuukira ekinnya eky'okufa kigenda kufaanana ng'akaseera akatono ak'okuwummula. Abafu tebalina kye bamanyi ku buwanvu bw'ekiseera ekiyitawo nga bali mu ntaana. Abo abakkiriza Kristo nga ye mulokozi waabwe, bagenda kuzuukusibwa mu tulo n'eddoboozi lye ery'ekitalo ng'akka ku nsi.

Essuubi ery'okuzuukira ligendera wamu n'ebintu ebirala bingi essubi ery'amaka ag'omu ggulu eyo Katonda "gy'alisangulira buli zziga okuva mu maaso gaabwe. Tegenda kubeerawo nate kufa yadde okunakuwala oba okukaaba" (Kubikkulirwa 21:4). Abo abaagala Katonda tebateekwa kutya kufa. Emitala wakwo, eriyo obulamu obujjuvu obw'emirembe n'emirembe nga tuli wamu ne Katonda. Yesu y'alina "ebisumuluzo eby'okufa" (Kubikkulirwa 1:18). Awatali Kristo, okufa kufuuka oluguudo olw'ekkubo erimu erikoma mu kuzikirira, naye nga tuli wamu ne Kristo waliwo essuubi ery'obulamu erimasamasa.

### 6. MU KISEERA KINO TETUFA?



Katonda bwe yatonda Adamu ne Kaawa yabatonda nga basobola okufa, baali bafugibwa okufa. Singa baasigala nga bawulize eri Katonda by'ayagala tebandifudde. Naye bwe baayoonoona, omukisa gwabwe eri obulamu ne bagufiirwa. Olw'obutagonda bafuuka abafugibwa okufa. Ekibi kyabwe kyayoonoona olulyo lw'omuntu lwonna era olw'okubanga bonna baayoonoona, ffena tufa, tufugibwa kufa, (Abaruumi 5:12). Era tewali katundu konna mu Bayibuli akagamba nti Omwoyo gw'omuntu gusigala nga gukyategeera oluvannyuma lw'okufa.

Yadde omulundi ogumu Bayibuli tennyonnyolangako nti Omwoyo mu kiseera kino tegufa - ekitegeeza nti tegufugibwa kufa, Ekigambo "emmemme," oba "Omwoyo," oba "Obulamu," mu luyonaani n'olwebbulaniya kirabika emirundi 1,700 mu Bayibuli. Naye tewali mulundi na gumu wekyogerwako nti "Omwoyo," oba "Obulamu" eby'omuntu tebifa. Mu kiseera kino kyetulimu Katonda yekka y'alina obulamu obutafa.

**"Katonda ALINA OBUTAFA YEKKA." - 1 Timosewo 6:15,16.**

# ZUULA

Ebyawandiikibwa byogera bulungi nti abantu mu bulamu buno bafa: bafugibwa kufa. Naye Yesu bw'anadda, obuzaalliranwa bwaffe bujja kukyusibwa.

**"Laba, mbabulira ekyama; TETULYEBAKA FFENNA, naye ffenna TULIFUUSIBWA mangu ago, nga kutemya kikowe AKAGOMBE AK'ENKOMERERO bwe kalivuga; kubanga kalivuga n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifusibwa. Kubanga oguvunda guno kigugwanira okwambala obutavunda N'OGUFA GUNO OKWAMBALA OBUTAFA." - 1 Abakkolinso 15:51-53.**

Ng'abantu, mu kiseera kino tufa. Naye obukakafu bw'abakristayo buli nti tulifuna obulamu obutafa Yesu bw'anakomawo omulundi ogw'okubiri. Obukakafu obw'ekisuubizo eky'obulamu obutafa kyalagibwa Yesu bwe yazuukira okuva mu ntaana era:

**"EYAGGYAWO OKUFA N'ALEETA OBULAMU OBUTAGGWAAWO, ng'ayita mu Mawulire Amalungi." - 2 Timosewo 1:10.**

Ebigendererwa bya Katonda ku nkomerero y'omuntu bitegeerekeka bulungi: Kufuna okuzikirira okw'emirembe n'emirembe eri abo abagaanye okukkiriza Kristo n'okuguggubbira ku bibi byabwe, oba kufuna kirabo eky'obulamu obutafa (obutaggwaawo) eri abo abakkiriza Kristo nga Mukama era omulokozi waabwe, mu kujja kwe omulundi ogw'okubiri.

### 7. NGA TUTUUSE KU KUFA KW'ABAGALWA BAFFE



Okutya kwe tulwana nakwo nga tutunuulidde okufa kubeera kunene naddala ng'abagalwa baffe bafudde. Okusigala obw'omu n'okufiirwa bisobola okuyitirira. Ekintu kyokka ekimalawo obulumi buno obuva mu kwawukana n'abagalwa baffe kwe kugumizibwa Kristo kw'atuwa kwokka. Jjukira nti omwagalwa wo yeebase era omwagalwa wo eyeebakidde mu Kristo agenda kuzuukira "mu kuzuukira okw'obulamu" Yesu bw'anajja.

Katonda atuteekeraateekera okuddamu okusisinkana n'abagalwa baffe okw'ekyewuunyo. Abaana bagenda kuddizibwa eri bazadde baabwe abajjudde essanyu. Abasajja abafumboo ne bakazi baabwe bagenda kuggwang'ana mu bifuba. Okwawukanyizibwa mu bulamu okukambwe kuliba nga kuweddewo. "Okufa kumiriddwa mu kuwangula" (1 Abakkolinso 15:54).

Abantu abamu okwawukanyizibwa n'abagalwa baabwe kibaluma nnyo ekigenda ewala, ne bagezaako okukolagana n'abagalwa baabwe okuyita mu basamira emizimu oba okuyita mu nkola eya New Age. Bayibuli etulabulira ddala obutagezaako kukendeeza obulumi obw'okufa mu kkubo lino.

**"Era bwe babagambanga nti mubuuze abo abaliko emizimu n'abafumu, abalira ng'ennyonyi era abajoboja, eggwanga tekiriggwanira kubuuza Katonda waabwe? Ebigambo by'abalamu bandibibuuzizza bafu?" - Isaya 8:19.**

Mu butuufu ddala lwaki tugaanibwa? Bayibuli etulaze butereevu nti abafu tebategeera. Engeri yokka ey'okumalawo obulumi obuva mu kwawukana n'abagalwa baffe kwe kugumizibwa Kristo kw'atuwa kwokka. Okubeera ne Kristo n'okwogera naye mu kusaba ly'ekkubo erisingira ddala obulungi okuyita mu kiseera eky'ennaku. Bulijjo jjukiranga, okutegeera okulikuddirira eri ababeebase mu Kristo kugenda okubeerawoolw'amaloboozi ag'okujja kwa Kristo omulundi ogw'okubiri okuzuukiza abafu.

### 8. OKWANG'ANGA OKUFA AWATALI KUTYA

# ZUULA

Okufa kutuggyako kumpi buli kintu. Naye ekintu kimu kyokka kye kutasobola kutuggyako ye Kristo, era Kristo y'asobola okutuddiza buli kintu ekiseera kyonna. Okufa tekugenda kufuga ku nsi eno. Setani, ababi, okufa, era n'amagombe bigenda kuzikirira mu "nnyanja ey'omuliro," "kwe kufa okw'okubiri" (Kubikkulirwa 20:14).

Bino by'ebirowoozo ebina ebyangu ebikusobozesa okwang'anga okufa awatali kutya:
(1) Beera n'obulamu obulimu essuubi mu kwesiga Kristo, olwo ojja kubeera omweteefuteefu okufa ekiseera kyonna.
(2) Okuyita mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, beera muwulize eri Amateeka ga Kristo, era ojja kuba nga weteeseteese olw'obulamu obugenda okujja eyo etagenda kubeera kufa.
(3) Lowooza ku kufa nga okwebaka okw'akaseera akatono omwo eddoboozi lya Yesu mwe lirikuzuukusa mu kujja kwe omulundi ogw'okubiri.
(4) Sanyukira obukakafu Yesu bw'atuwa obw'amaka ag'omu ggulu nga tuli wamu naye emirembe gyonna.

Amazima ga Bayibuli gasumulula omuntu obutatya kufa kubanga gatulaga Yesu, oyo yadde okuffa gwe kutasobola kuwangula. Yesu oyo bw'ajja mu bulamu bwaffe, ajjuza obulamu bwaffe emirembe.

**"Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa…. Omutima gwammwe tegweralikiriranga so temutyanga." -Yokana 14:27.**

Yesu era atusobozesa okugumira obuzibu obw'okufiirrwa abagalwa baffe. Yesu yayita mu "Kiwonvu eky'okuffa"; amanyi ennaku ez'ekizikiza zetuyitamu.

**"Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini bw'atyo yagatta ebyo; OLW'OKUFA alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa ye Setaani; - era ALYOKE ABAWE EDDEMBE ABO BONNA ABALI MU BUDDU OBULAMU BWABWE BWONNA OLW'ENTISA EY'OKUFA." - Abebbulaniya 2:14,15.**



Omusawo, omukulu James Simpson eyatandikawo enkola ey'okusirisa abantu, yatuukibwako okufiirwa okuzibu, omwana we asinga obukulu bwe yafa. Ng'omuzadde bwe yandibadde yanakuwala nnyo. Naye oluvannyuma yazuula ekkubo erimutuusa ku ssuubi. Ku ntaana y'omwana we omwagalwa yateekako ekijjukizo era n'awandiikako ebigambo bino Yesu bye yayogera ebikwata ku kuzuukira kwe. "Naye ndi mulamu."

Ekyo kimalayo byonna ebyogerwa. Obuzibu bw'omuntu ebiseera ebimu buggyawo ebire; naye Yesu mulamu! Emitima gyaffe gisobola okuba nga giggwerera Naye Yesu mulamu!

Mu Kristo tulina essuubi ery'obulamu oluvannyuma lw'okufa. Ye "kwe kuzuukira n'obulamu" (Yokana 11:25). Era atusuubiza nti "kubanga nze ndi mulamu; era nammwe muliba balamu" (Yokana 14:19) Kristo ly'essuubi lyaffe lyokka nga tumaze okufa. Era olwo Kristo bw'anaggya omulundi ogw'okubiri ajja kutuwa obulamu obutafa. Tetugenda kuddayo nate okubeera wansi w'ekisikirize eky'okufa, olw'okubanga tuliba nga tulina obulamu obutaggwaawo. Ggwe omaze okuzuula essuubi lino ekkulu nti tuyinza okusanyukira mu kiseera ekisinga okuba eky'ekizikiza? Oba nga tokkirizanga Yesu okubeera Mukama era Omulokozi wo, onokikola olwa leero?

# ZUULA

## NSOBOLA OKUZUULA EKKANISA YA KATONDA MU KISEERA KINO?



Katonda ebiseera ebimu awa obubaka obw'enjawulo olw'obwetaavu obw'emirembe egy'enjawulo: Yawa obubaka obw'okuyamba Adamu ne Kaawa ng'ekibi kimaze okujja okwonoona ensi yaabwe, yawa obubaka eri ensi eyali mu buzibu obw'amataba; n'obubaka eri Isiraeri Abasuuli oba Aba Babuloni bwe baali nga babalumba. Yesu yajja n'obubaka obw'enjawulo obw'omulembe gwe era Katonda alangiridde obubaka obw'enjawulo olw'ekiseera kyaffe kino. Essuula eya 12 ne 14 ez'omu kitabo kya Kubikkulirwa zituwa obubaka bwa Katonda obw'enjawulo obw'omu kiseera kino mu bufunze. Mu Mulagirizi owa zuula ono n'oyo ajja okuddirira, tujja kutunuulira obubaka obwo.

**1. EKKANISA YATEEKEBWAWO YESU**

Obulamu n'okuyigiriza kwa Yesu byateekawo obwegaffu obw'okukkiriza era n'oluganda olw'okumpi mu kkanisa y'Abatume gye yateekawo. Abatume baatekawo enkolagana ey'oluganda egenda ewala ne Kristo eyazuukira. Omutume Paulo yawa ekifaananyi eky'oluganda olwo, ng'alugerageranya n'enkolagana ey'obufumbo obw'omwami n'omukyala we:

**"Kubanga mbakwatirwa obuggya bwa Katonda: kubanga nnabafumbiza bbammwe omu, ndyoke mbaleete eri Kristo nga omuwala omulongoofu." - 2 Abakkolinso 11:2.**

Okusinziira ku mutume Paulo, ekkanisa y'Abakristayo ye mukazi omulongoofu, omugole omusajja ye Yesu, akabonero akatuufu ak'ekkanisa ye gy'ayagala.

Mu Ndagaano Enkadde ekifaananyi kyekimu ekyakozesebwa ku Israeri, abantu ba Katonda abalonde. Katonda yayogera eri Israeri nti: "Ng'omugole omukyala wanjagala" (Yeremiya 2:2) "kubanga nze bbammwe" (Yeremiya 3:14).

Ekitabo kya Kubikkulirwa nakyo kyogera ku kkanisa ng'omukazi:

**"Akabonero akanene akewuunyisa ne kalabika mu ggulu, omukazi ng'ayambadde enjuba, n'omwezi nga guli wansi w'ebigere bye, ne ku mutwe gwe (nga guliko) engule ey'emmunyeenye kkumi na bbiri; era ng'ali lubuto n'akaaba ng'alumwa era ng'abalagalwa okuzaala." - Kubikkulirwa 12:1.**



**(1) OMUKAZI "AYAMBADDE ENJUBA":** Kino kitegeeza ekkanisa emasamasa ng'enjuba, kubanga eyambaziddwa n'ekitiibwa kya Kristo. Yesu gwe "musana gw'ensi" (Yokana 8:12), amasamasa ng' ayita mu bantu b'ekkanisa ye era nabo ne bafuuka "omusana ogw'ensi" (Mayato 5:14).
**(2) OMUKAZI ALINA "OMWEZI WANSI W'EBIGERE BYE":** Omwezi kitegeeza ekifanaanyi ky'omusana ogw'enjiri okuyita mu Ssaddaaka ne mikolo egy'abantu ba Katonda mu Ndagaano Enkadde. Omwezi okubeera "wansi w'ebigere bye" kitegeeza ekimyanso eky'omusana ogw'enjiri okujjibwawo olw'okuwereza kwa Kristo.
**(3) OMUKAZI ALINA "ENGULE EKKUMI N'EBBIRI KU MUTWE GWE":** Emmunyeenye kitegeeza Abatume ekkumi n'ababiri, abasajja abeesigwa abaawa obujulirwa bwabwe ku Yesu obukyayaka n'okutuusa ekiseera kino.

Mu ngeri etegerekeka, enyinnyonnyola ey'omukazi ono, eraga nti Omutume Yokana mu birowoozo ajja ekifaananyi ky'abantu ba Katonda Isiraeli mu

# ZUULA

Ndagaano Enkadde okukizza ku kkanisa ey'omu Ndagaano Empya, eyo Yesu gye yateekawo. Enjuba, omwezi, era n'emmunyeenye bya kukuwereza olw'okwasa omusana okw'ekkanisa y'Abakristayo, mu kubunyisa Amawulire Amalungi.

**2. OMUZANNYO OGW'OKUWANGULWA KWA SETAANI**

Okuyingira kw'omukazi kutuwa entandikwa ey'omuzannyo omunene:

**"Yali lubuto, ng'alumwa, n'aleekaana mu bulumi obw'okuzaala. Ekyewunyisa ekirala ne kirabika ku ggulu; ne wabaawo ogusota ogunene ogumyufu, nga gulina emitwe musanvu, n'amayembe kkumi, nga ku buli mutwe kuliko engule. Omukira gwagwo ne guwalula ekitundu ekimu eky'okusatu eky'memunyeenye ez'oku ggulu, ne gikisuula ku nsi. Ogusota ne guyimirira mu maaso g'omukazi eyali okumpi okuzaala, gulyoke gumire omwana we. Omukazi n'azaala omwana ow'obulenzi, agenda okufuga amawanga gonna, ng'alina omuggo ogw'ekyuma. Kyokka omwana we n'atwalibwa eri Katonda, n'eri entebe ye ey'Obwakabaka." - Kubikkulirwa 12:2-5.**

Abantu basatu abakulu abeenyigira mu muzannyo guno:
**(1) OMUKAZI**, oyo twamaze dda okumulaga nga y'ekkanisa ya Katonda.
**(2) OMWANA OW'OBULENZI** eyazaalibwa omukazi ono, "nakwakkulibwa n'atwalibwa eri Katonda n'eri entebe ye." Yesu ye mwana yekka eyali azaaliddwa ku nsi kuno eyatwalibwa mu ggulu eri entebe ye era olunaku lumu agenda kufuga amawanga gonna.
**(3) OGUSOTA**, gutegeeza omulabe oba Setaani.

**"Olwo ne wabaawo olutalo mu ggulu. Mikaeri ne bamalayika be ne balwanyisa ogusota nagwo ne gubalwanyisa ne bamalayika baagwo. Naye ogusota ne guwangulwa. Gwo ne bamalayika baagwo, ne batakkirizibwa kwongera kusigala mu ggulu. OGUSOTA OGWO OGUNENE GWE GUSOTA OGW'EDDA, OGUYITIIBWA OMUBI ERA SETAANI, alimbalimba ensi zonna, ne gusuulibwa ku nsi, awamu ne bamalayika baagwo." - Kubikkulirwa 12:7-9.**



Kati ekifaananyi kitegeerekeka, kasita tutegeera amakulu ag'obubonero obwo. Setaani ne bamalayika be bwe baafiirwa ekifo kyabwe mu ggulu "baasuulibwa ku nsi." Yesu bwe yazaalibwa mu nsi eno Setaani yagezaako okutta Yesu, omwana ow'obulenzi, nga yakajja azaalibwe. Setaani yalemwa, era Yesu yatwalibwa mu ggulu eri entebe ya Katonda.

Sitaani n'atandika okuzikiriza ekkanisa y'Abakristayo Yesu gye yateekawo. Omutume Yokana, eyawandiika ekitabo kya Kubikkulirwa, yalaba ekifananyi eky'olutalo olunene wakati wa Kristo ne Sitaani nga lulwanibwa ku nsi eno. Ng'olutalo ku ntikko yaalwo, ku kukomererwa kwa Kristo, Yokana yawulira eddoboozi nga lifuluma mu ggulu nti:

**"Kaakano Katonda waffe atulokodde. Alaze amaanyi ge, n'Obwakabaka bwe, n'obuyinza bwe, n'obuyinza bwa Kristo we kubanga oyo alonkoma baganda baffe, n'abaloopa emisana n'ekiro mu maaso ga Katonda waffe, agobeddwa mu ggulu." - Kubikkulirwa 12:10.** *(Gerageranya ne Yokana 12:31 ne Luka 10:18.)*

Yesu yawangula Sitaani okuwangula kakuuse ku musaalaba. Era Yesu n'anyweeza obukakafu bw'enteekateeka "ey'obulokozi" era n'awa amaanyi olw'okuziyizanga obulimba bwa Sitaani. "Obwakabaka bwa Katonda" bwanywezebwa, "n'obuyinza" bwa Kristo okubeera Kabona waffe asinga obukulu era Kabaka waffe byakakasibwa.



# ZUULA

"Kaakano obulokozi buzze" kirangirira nti ekikolwa eky'entikko eky'ebyafaayo kimaze okujja. Okuzaalibwa kwa Kristo, Omulokozi w'ensi, kumaze okubeerawo (Olunyiriri 5). Awamu n'okukemebwa ebikemo ebikambwe ebya Setaani, Yesu yalina obulamu obutaliiko kibi, yafa era n'azuukira ng'awangudde ekibi awamu n'okufa (Olunyiriri 10). Setaani yawangulwa emirembe gyonna (Olunyiriri 7-9). Omusaalaba gwazimbulukuka mu maanyi gaagwo amajjuvu.

Ekirangiriro kino nti "Kaakano obulokozi buzze" tekyasanyusa Yokana yekka naye kyasanyusa ne ggulu lyonna:

**"Kale musanyuke mmwe eggulu n'abalirimu. Naye mmwe ensi n'ennyanja zibasanze! Kubanga Setaani asse gye muli ng'alina obusungu bungi, ng'amanyi nti alina akaseera katono." - Kubikkulirwa 12:12.**

Eggulu lyonna lyajaguza olw'obuwanguzi bwa Yesu. Kristo yazikiriza okukaayana kwonna Sitaani kwe yandikaayanidde ekifo kyonna mu ggulu, era Sitaani ono eyawangulwa emirembe gyonna n'afiirwa okukaayana kw'akaayanira ensi yaffe eno.

### 3. EKKANISA Y'ABAKRISTAYO MU LUTALO NE SETAANI

Nga Yesu tannaba kulinnya mu ggulu yateekawo ekkanisa y'Abakristayo (eragiddwa mu kabonero ak'omukazi). Okufa kwa Yesu ku musaalaba kwawa amaanyi ekkanisa y'Abakristayo okuwangula Sitaani.

**"Nabo (ekkanisa y'Abakristayo) baamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'Endiga, n'olw'ekigambo eky'okutegeeza kwabwe, ne batayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa." - Kubikkulirwa 12:11.**



Mu kiseera kino Kristo asobola okuwa amaanyi ge, ekkanisa ye ng'ebyo bye bibala ebyava mu kuwangula kwe. Ku musaalaba Kristo yawangulira ddala Setaani era mu kiseera kino yeeyongera okumuwangula okuyita mu kkanisa ye. Obubonero busatu obulaga ekkanisa empanguzi okuyita mu myaka egiyise egy'omulembe ogw'obukristayo.
**(1) "NABO BAAMUWANGULA (SITAANI) OLW'OMUSAAYI GW'OMWANA GW'ENDIGA."** Yesu yatwalibwa mu ggulu ku ntebe ya Katonda, bw'atyo asobole okukozesa omusaayi gwe ku bulamu bw'abagoberezi be. Yesu asobola okutunaazako ebibi byaffe, n'atulokola okuyita mu musaayi gwe ogwayiika (1 Yokana 1:7), era atuwa amaanyi aga buli lunaku okubeera n'obulamu obukristayo obulungi.
**(2) "NE BAWAAYO OBULAMU BWABWE, N'OKUTUUKA NE KU KUFA."** "Omusaayi gw'omwana gw'Endiga" gwa bawa obumalirivu okwewaayo okufa olw'omulimu gwa Kristo, "tebadduka kuva mu kufa." Olw'okubanga Katonda yabonaabona kinene, bwe kityo n'Abakristayo abajulizi nabo baali bamalirivu okubonaabona n'okufa. N'abaana nabo beewaayo. Olugero lwogera ku mukyala omuzadde Omukristayo eyasuulibwa mu kisaawe mu mpologoma mu Ruumi kubanga yagondera Kristo n'atagondera ggwanga. Omwana we omuwala omuto, mu kifo ky'okudduka entiisa yawulira obuzira okwewaayo n'ayingira mu nda. Empologoma bwe yalumba nnyina omuwala yayimirira n'agamba nti "Nange ndi Mukristayo." Abafuzi Abaruumi baamukwata naye ne bamusuula mu nsolo ezali zirumwa enjala.



**(3) "NABO BAMUWANGULA (SETAANI) N'OLW'EKIGAMBO EKY'OKUTEGEEZA KWABWE."** Si lwa bigambo bya mumwa bumwa naye olw'ebigambo eby'obujulirwa bwabwe - obujulirwa obw'obulamu bwabwe, obujulirwa obulaga amaanyi ga Yesu awamu n'ag'enjiri ye. Mu kiseera eky'ekizikiza ekyasingira ddala obubbi, eky'omu Mulembe ogw'obukristayo, -

okuva ku mulembe ogwa bakitaffe abasooka, n'okutuuka ku Bazza b'Ekkanisa obuggya, eggye ly'Abakristayo - baawangula obulabe obubi Sitaani bwe yasobola okubateekako, okuyita mu bujulirwa obw'amaanyi obw'obulamu bwabwe.

Kubikkulirwa 12:11, akuba ekifaananyi ekkanisa empanguzi ng'ejjudde abawanguzi, ng'Abatume, Abajjulizi, Abazza b'Ekkanisa obuggya era n'Abakristayo abalala abeesigwa. Ekisa kyabwe, obwesigwa bwabwe, obuzira bwabwe era n'obuwanguzi bwabwe bibadde biwulikika mu byasa byonna eby'emyaka ne bukyusa ensi.

Okuva nga Sitaani bwe yalemererwa okuzikiriza Yesu bwe yali ng'ali ku nsi, mu kiseera kino anoonya okuzikiriza Kristo ali mu kkanisa ye.

**"Ogusota bwe gwalaba nga gusuuliddwa ku nsi, ne guyigganya omukazi eyazaala (omwana) ow'obulenzi. Omukazi n'aweebwa ebiwawaatiro bibiri eby'empungu ennene, alyoke abuuke okutuuka mu ddungu mu kifo kye, gy'alisizibwa ekiseera n'ebiseera n'ekitundu eky'ekiseera, mu maaso g'ogusota. N'ogusota ne guwandula mu kamwa kaagwo ennyuma w'omukazi amazzi ag'omugga, gulyoke gumutwaze omugga. Ensi n'ebeera omukazi, ensi n'eyasamya akamwa kaayo, n'enywa omugga ogusota gwe gwawandula mu kamwa kaagwo." - Kubikkulirwa 12:13-16.**



Mu butuufu ddala nga bwe kyalangibwa, mu kiseera eky'ekizikiza (Dark Ages) eky'omulembe Omukristayo, Sitaani yaweereza "omugga" ogw'okuyiganyizibwa okujjawo ekkanisa okugitwaza "amazzi ag'omugga." Sitaani ayagala okuzikiriza ettutumu lya Kristo olw'okusaanyawo ekkanisa ye era akozesa obutego bwonna amagezi ge amabi gasobole okukola. Ogusota gutegeeza Sitaani. Naye tukirabye nti Sitaani ku mulimu gwe akozesa ebitongole eby'abantu okulumba abantu ba Katonda. Yakozesa Kabaka omuruumi Kerode okugezaako okutta omwana Yesu amangu ago nga yakajja azalibwe. Sitaani yakola ng'ayita mu mpaka ez'obuggya eza bannaddiini okulemesa era n'okuteganya omulokozi, n'ekyenkomerero n'okumusalira omusango, ogw'okukomererwa ku musaalaba. Naye obwalabika ng'obuwanguzi bwa Sitaani bwavaamu obuwanguzi obusingira ddala obukulu obwa Kristo.

Ng'ajjudde obusungu olw'okuwangulwa kwe ku musaalaba, Sitaani obusungu bwe yabukyusiza eri ekkanisa eyo Kristo gye yatekawo. Mu makumi g'emyaka egyaddirira okukomererwa kwa Kristo, enkumi n'enkumi z'abantu baafiira mu bisaawe ebinene eby'emizannyo eby'e Ruuma; mu bifo ebigazi, mu makkati g'ebibuga ebinene, mu makomera, era ne mu bifo ebyekwekeebwamu eby'omu malungu.

Ku luberyeberye obufuzi obw'ensi bwe bwatandikiriza okuyigganya kuno, naye nga Abatume bamaze okufa, obukyufu obw'ekimpowooze bwasensera mu kkanisa. Mu kyasa eky'okubiri, eky'okusatu n'ekyokuna, abantu bangi abaali mu kkanisa baatandika okukyusa mu mazima ga Kristo n'Abatume be ge baayigiriza. Abakulembeze abamu abakyamu batandika n'okuyigganya Abakristayo abo abaguggubira ku bulungi eby'enzikiriza ez'Endagaano Empya.

Abayizi b'ebyafaayo bateebereza nti abantu abeesigwa abawera obukadde 50 baazikirizibwa. Mu kufuba kwe okunnyika ekkanisa n'okugizikiriza Setaani yaweereza "omugga" ogw'okugiyigganya alyoke agitwaze omugga. Naye ensi n'eyamba omukazi… "n'enywa omugga" ogw'okuyigganyizibwa era n'ogwenjigiriza enkyamu.

Mu kiseera ky'okuyigganyizibwa eky'emyaka egy'omu massekkaati (1100-1500) ekkanisa ey'amazima yabula okuva ku bakulembeze abawaba era ne yeekweka "mu ddungu mu kifo kye ekyateekebwateekebwa Katonda balyoke bamulisizenga eyo ennaku lukumi mu bibiri mu nkaga" (Olunyiri 6). Obunnabbi bwo bwatuukirira mu kiseera eky'emyaka 1260 egy'okuyigganyizibwa egyatandika nga AD

538 okutuusa 1798. (Olunaku olumu lutegeeza omwaka gumu mu bunnabbi bwa Bayibuli. Soma Ezek. 4:6).

Mu byasa by'emyaka gino eby'ekizikiza, Abakristayo abakkiriza mu Bayibuli baanoonyanga obuddukiro buli gye baali basobola okubusanga; eky'okulabirako, ebiwonvu bya Waldensian mu buggwanjuba bwa Italy ne mu buvanjuba bwa Bufransa, ne mu kkanisa ya Celtic eya British Isles.

**4. EKKANISA YA KATONDA MU KISEERA KYAFFE**

Kino kitutuusa mu kiseera kyaffe kino kyetulimu. Eky'ekkanisa ya Kristo ey'amazima okuva mu mwaka 1798. Nga bwe kiteekwa okusuubirwa, ogusota gukyalina obusungu eri abantu ba Katonda, olutalo olunene olutalabika lukyagenda mu maaso. Mu butuufu Setaani ajja kukola olulumba olusingira ddala obunene eri ekkanisa nga Kristo anatera okudda.

**"Ogusota (ye Setaani) ne gusunguwalira omukazi (ekkanisa ya Katonda) ne gugenda okulwana n'abomu zzadde lye abasigalawo abo abakwata ebiragiro bya Katonda, era abalina okutegeeza kwa Yesu." - Kubikkulirwa 12:17.**

Obunnabbi buno bwogera ku kiseera kyaffe. Setaani anyiize; alwana entalo n'abaasigalawo ab'omu zzadde ly'omukazi - Abantu ba Katonda ab'omu kiseera kino, nsaba weetegereze obubonero bwabwe obubaawula:



**(1) ABAKKIRIZA BANO AB'OMU NNAKU EZ'ENKOMERERO "BANYWERERA KU KUTEGEEZA KWA YESU."** N'obwesigwa banywerera ku njigiriza entuufu ey'ekigambo kya Katonda, bawa obujulirwa ku lwa Yesu okuyita mu maanyi ag'obulamu obw'Obukristayo.
**(2) ABAKRISTAYO BANO AB'OMU KISEERA EKY'ENKOMERERO BANTU ABALINA OBUNNABBI.** Olw'okufuna Omwoyo ogw'obunnabbi Yokana yasobola okuwandiika ekitabo kya Kubikkulirwa (Kubikkulilrwa 1:1-3). Ekibiina eky'enkomerero eky'abakkiriza bafuna ekirabo kyekimu: obujjulirwa obw'obunnabbi obuva obutereevu eri Katonda okuyita mu mubaka ali ku nsi. Ekirabo kyabwe eky'obunnabbi kyogera ku kubikkulwa kwa Katonda okw'omulimu gwabwe era ne ku nkomerero yabwe ey'oluvannyuma.
**(3) ABAKRISTAYO BANO AB'OMUNNAKU EZ'ENKOMERERO ERA BALINA AKABONERO AKABAWULA "NGA NABO BEEBO ABAKUUMA AMATEEKA GA KATONDA."** Tebalwanirira bulwanirizi bwesigwa bwa mateeka ga Katonda, naye era bagagondera. Okwagala kwa Katonda nga kuli mu mitima gyabwe kuvaamu essanyu ery'obuwulize (Abaruumi 5:5; 13:8-10).

Abakristayo bano ab'omu nnaku ez'enkomerero bagoberera eky'okulabirako kya Kristo era n'eky'ekkanisa eyasooka eky'okugondera amateeka ga Katonda. Kino kyekiviiramu ddala ogusota okubakyawa - Setaani okubakyawa. Setaani alwanyisa abaasigalawo: ab'omu zadde ly'omukazi, kubanga bawa obujjulirwa obulaga nti okwagala kwa Katonda kuvaamu Abatume abamugondera. Nga Yesu bw'atulagira nti:

**"Obanga munjagala munaakwatanga ebiragiro byange." - Yokana 14:15.**

Obulamu obw'abakristayo ab'omu nnaku ez'enkomerero bulaga nti kisoboka okwagala Katonda mu mitima, n'okwagala bantu bannaffe nga bwe beeyagala bokka. Okusinziira ku Yesu, empisa zino, okwagala Katonda awamu n'okwagala abantu abalala Amateeka ga Katonda ekkumi mwegasinziira (Matayo 22:35-40).

# ZUULA

Etteeka ery'okuna ku mateeka ga Katonda litusaba okukuuma Saturday, olunaku olw'omusanvu mu wiiki, nga ye Ssabbiiti. Okuva ng'okwagala kwa Yesu bwe kwayingiza amateeka gonna ekkumi mu mitima gyabwe, Abakristayo bano ab'omu nnaku ez'enkomerero bakuumi ba Ssabbiiti.


Ssabbiiti eri mu mutima gw'obubaka bwa Katonda obukomererayo eri abantu be obuli mu Kubikkulirwa, mu ssuula eye 12 ne mu 14:6-15. Obugagga bwonna obw'eggulu buteekeddwatekeddwa Abakristayo ab'omu nnaku ez'enkomerero bunnyonnyolebwa mu ssuula ezo waggulu. Omulokozi omulamu ye mukwano gwabwe owa buli kiseera, era Omwoyo Omutukuvu akola "okubazzaamu amaanyi mu muntu ow'omu nda." Ekisuubizo kikakafu nti: Bagenda kuwangula Setaani olw'omusaayi ogw'omwana gw'endiga n'olwekigambo eky'okutegeeza kwabwe (Kubikkulirwa 12:11).

Naawe oyagala okubeera omu ku Bakristayo bano ab'omu nnaku ez'enkomerero, "abagondera Amateeka ga Katonda: era abalina obujjulirwa bwa Yesu" Lwaki naawe mu kiseera kino kyennyini tomalirira?

# ZUULA

## KATONDA ALINA OBUBAKA OBW'ENJAWULO OBW'OMU NNAKU ZAFFE ZINO?

Ramoni Umashankar yazaalibwa nga wa mu kika kya Brahmin. Bakadde be ng'akyali muto baamuyigiriza nti yali katonda era okukakasa obwa katonda bwe yalina okukola emikolo egy'okufumiitiriza n'okwefuga egy'aba Hindu egiyitibwa Yoga. Naye bwe yali awezezza emyaka kkumi, Romani yatandika okwewuunya obanga mu mazima ddala yali asobola okuzuula Katonda okuyita mu kusinza ebifaananyi eby'enjawulo ebyali mu ssabo ly'aba Hindu.



Romani yatandika okwetegereza Bayibuli era n'ebyo Kristo bye yeeyita. Bulijjo yali assaamu ekitiibwa Yesu olw'obuwombeefu bwe, naye mu kiseera kino Romani yakitegeera nti Yesu ono yali yeeyita Omwana wa Katonda yekka. Era n'akyetegereza nti Abakristayo bangi baalina emirembe ye egyamulema okufuna okuyita mu myaka emingi egy'okufumitiriza. Naye, era Romani yali mumalirivu okuzuula amazima okuva mu ddiini ye ey'aba Hindu.

Naye bwe yalaba olutambi olw'ebifaananyi eby'obulamu bwa Yesu Kristo. Nga gwe mulundi gwe ogusooka okukakasa nti Yesu yatuusibwako okubonaabona awamu n'okutya ng'omuntu. Emabegako yalowoozanga nti Yesu yakozesa amaanyi ge agataali ga buntu okwejjako obulumi obw'okukomererwa, naye mu kiseera kino, yali tasobola kunnyonnyola musaalaba. Yeewuunya nti: Yesu yayita atya mu kubonaabona okulinga okwo - ku lw'abantu aboonoonyi?

Romani bwe yali yeeyongera okufumitiriza ku kufa kwa Kristo, kyamuyitirirako olw'okulagibwa okwagala okulinga okwo. Yasalawo okulekayo ekitiibwa kye kye yayagalanga eky'obwa Brahmin era n'akyusa obulamu bwe eri Yesu Omulokozi. Ng'agerageranya okwagala kwa Kristo okw'okwewaayo, Romani yagamba nti. "Buli kintu kyonna ekirala kyafuuka butundutundu obutaliimu."

Omuvubuka ono omuto Brahmin yazuula amazima amakulu ag'obukristayo; Yesu, Omulokozi w'ensi.

**1. DDIINI KI EROKOLA?**

Yesu ly'ekkubo, - ekkubo lyokka - ery'obulokozi.

**"So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola." - Bikolwa 4:12.**

Bayibuli ekiyigiriza bulungi nti twabulira mu kibi kyaffe, era bwe tutyo tufugibwa empeera y'ekibi-okufa (Abaruumi 6:23). Bonna baayonoona (Abaruumi 3:23), bwe kityo bonna baali ba kufa. Yesu ye yekka obw'omu yekka - y'ayinza okutulokola okuva mu kusingibwa omusango ogw'ekibi.

**"Buli muntu yenna alaba omwana n'amukkiriza abe n'obulamu obutagwaawo; nange ndimuzuukiza ku lunakku olw'enkomerero." -Yokana 6:40.**

Waliwo eddiini emu ey'amazima:

**"Mukama waffe ali omu, OKUKKIRIZA KUMU, n'okubatiza kumu." - Abeefeso 4:5.**

**2. KATONDA ALINA OBUBAKA OBW'ENJAWULO OLW'ABAKRISTAYO AB'OMU KISEERA EKY'ENKOMERERO?**

# ZUULA

Kituufu ddala abulina OBUBAKA buno obw'emirundi esatu balabikira mu Kubikkulirwa 14:6-16. Okulangirirwa kw'obubaka obwaweebwa ba malayika bano abasatu enkomerero yaabwo kwe kujja kwa Kristo omulundi ogw'okubiri (ennyiriri 14-16).



**(1) OBUBAKA BWA MALAYIKA ASOOKA.**
**"N'endaba malayika (omubaka) omulala ng'abuuka wakati mu ggulu ng'alina enjiri ey'emirembe n'emirembe, okubuulira abatuula ku nsi na buli ggwanga n'ekika n'olulimi n'abantu, ng'ayogera n'eddoboozi ddene nti mutye Katonda, mumuwe ekitiibwa; kubanga ekiseera eky'omusango gwe kituuse; mumusinze eyakola eggulu n'ensi n'ennyanja n'ensulo ez'amazzi." - Kubikkulirwa 14:6,7.**

Newankubadde ebyawandiikibwa biraga obubaka buno okuyita mu bubonero bwa bamalayika abasatu mu butuufu abantu ba Katonda be babaka abatwala obubaka okubuulira mu nsi. Tebabuulira njiri mpya eri ensi yonna, mu buli ggwanga, n'ekika, n'olulimi n'abantu, naye "enjiri ey'emirembe n'emirembe." "Enjiri ey'emirembe n'emirembe" eya Yesu ye njiri yemu ey'obulokozi eyo abantu ab'omu biseera eby'Endagaano Enkadde gye baafuna "olw'okukkiriza" (Abebbulaniya 3:16-19; 4:2; 11:1-40); enjigiriza Yesu yennyini gye yalangirira; enjiri eyo y'emu Abatume gye baabulira ne basobola okukyusa ensi ku lwa Kristo, enjiri eyo y'emu ezze ng'eyita mu byasa by'emirembe eby'emirembe egy'Abakristayo.

Enjiri ennyangu, enjiri erokola eya Yesu Kristo, yabulako katono okuggwaawo okuva mu kaanisa okumala emyaka nga lukumi mu kiseera eky'ekizikiza (Dark ages), naye ekiseera eky'okuzza ekkanisa obuggya (reformation) kyagizza buggya, era abantu ba Katonda gye babuulira mu kiseera kino okwetooloola ensi yonna. Malayika asooka alangirira enjiri eno y'emu, naye abuwa mu nteekateeka empya - entekateeka ya nsi yonna-eri abantu abagibeerako nga Yesu tannaba kudda ku nsi omulundi ogw'okubiri.

Eri abo abakkiriza obubaka buno beesanga nga bayitiddwa "okutya Katonda era n'okumuwa ekitiibwa (okulaga ekifaanannyi eky'empisa ze)." Balaga ensi empisa za Katonda ez'okwagala, si mu bigambo byabwe byokka, naye era ne mu bulamu bwabwe obw'obujjulirwa obw'amaanyi. Balaga ensi ekifaananyi ekisanyusa eky'ebyo Katonda ky'asobola okukola okuyita mu bantu abajjuzibbwa Omwoyo wa Kristo.



Obubaka buno obw'abamalayika abasatu bwa kubuulirwa ddi okwetoloola ensi yonna? "Ekiseeera eky'omusango gwa Katonda nga kituuse." Omulagirizi owe 13 annyonnyola nti Yesu yatandika omulimu gwe ogw'okusala omusango nga tannadda mu 1844. Mu mwaka 1844, Yesu yalung'amya abantu, okwetoloola ensi yonna okutandika okubuulira obubaka obwa Kubikkulirwa 14.

Obubaka buno butuyita "okusinza oyo eyakola eggulu n'ensi" (Kubikkulirwa 14:7). Katonda atusaba "okujjukira olunaku olwa Ssabbiiti nga tulukuuma nga lutukuvu" Kubanga "mu nnaku omukaaga MUKAMA yakola eggulu n'ensi" (Kuva 20:8-11). Mu mwaka 1844 Darwin bwe yali assaawo etteeka erya (evolution) ebintu okwebezesaawo byokka awatali Katonda. Katonda naye yali ayita abantu okuddamu okumusinza ng'Omutonzi. Mu kiseera kino kyennyini abo abaali babuulira obubaka obwa bamalayika abasatu bakizuula nti olunaku olw'omusaanvu ye Ssabbiiti eri mu kigambo kya Katonda era ne batandika okugikuuma nga bassaamu ekitiibwa Katonda omutonzi w'eggulu n'ensi.

**(2) OBUBAKA BWA MALAYIKA OW'OKUBIRI.**
**"Ne malayika omulala ow'okubiri n'agoberera, ng'ayogera nti Kigudde, kigudde Babuloni ekinene**

**ekyanywesa amawanga gonna ku mwenge ogw'obusuungu bw'obwenzi bwakyo." - Kubikkulirwa 14:8.**



Malayika ow'okubiri alabula nti, "Babuloni ekinene kigudde." Kubikkulirwa 17 annyonnyola "Babuloni" ow'Omwoyo - Obukristaayo obwakyama - ng'omukazi omwenzi (olunnyiriri 5). Ayimiridde nga tafaanana omukazi omulongoofu ow'a kubikkulirwa 12, akabonero ak'ekkanisa ey'abakristaayo ey'amazima. Omukazi ayimiriddewo nga Babuloni omukazi eyaggwa eyanywesa amawanga gonna ku mwenge ogutamiiza ogw'obwenzi bwe. Omwenge gw'enjigiriza enkyamu gusasaaniddde enkola yonna ey'obwenzi bw'obukristayo. Obubaka bwa malayika ow'okubiri buyita abantu ba Katonda bonna, okugaana enjigiriza ez'abakristaayo obw'akyama.

Babuloni kitegeza okutabukatabuka okw'enjigiriza nnyingi ez'obukristayo obwakyama. Babuloni wa kabi ekyenkanidde awo kubanga ayoonoona ekifaananyi kya Katonda n'akivumisa: Alaga Katonda ng'omuwoolezi w'eggwanga era abanja. Babuloni alaga Katonda ng'alinga jjajja w'abaana anyiiganyiga era awoomerwa okubonyaabonya omuntu yenna olw'ekibi. Ekkanisa ennamu ejja kuwa ekifaananyi ekitufu eky'ekitiibwa kya Katonda era erage engeri obutuukirivu bwa Katonda era n'ekisa kye eby'egasse ne biraga nti Katonda kwagala.

Katonda ayita abantu "Okufuluma" Babuloni (Kubikkulirwa 18:4) kwe kugaana enjigiriza ezitali za Bayibuli era n'okugoberera enjigiriza ya Kristo.

**(3) OBUBAKA BWA MALAYIKA OW'OKUSATU.**
**"Ne malayika omulala ow'okusatu n'agoberera, ng'ayogera n'eddoboozi ddene nti omuntu yenna bw'asinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, era bw'akkiriza enkovu ku kyennyi kye, oba ku mukono gwe, oyo naye alinywa ku mwenge ogw'obusuungu bwa Katonda, ogufukibwa ogutatabulwamu mazzi mu kikompe eky'obusuungu bwe; era alibonyaabonyezebwa mu muliro n'ekibiriti mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g'Omwana gw'endiga; n'omukka ogw'okubonyaabonnyezebwa kwabwe gunnyooka emirembe n'emirembe, so tebalina kuwummula emisana n'ekiro abasinza ensolo n'ekifaananyi kyayo na buli akkiriza enkovu y'erinnya lyayo. Awo we wali okugumikiriza kw'abatukuvu, abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu." - Kubikkulirwa 14:9-12.**

Obubaka bwa malayika ow'okusatu bugabanya ensi yonna mu bitundu bibiri. Oludda olumu luyimiriddeko abakristayo abaakyama "abasinza ensolo n'ekifaananyi kyayo era abalina akabonero k'ensolo mu byenyi byabwe oba ne ku mikono gyabwe." Ate ku ludda olulala kuliko abo abagaana obuyinza obw'ensolo, "abatukuvu abagondera amateeka ga Katonda era ne basigala nga beesigwa eri Yesu."

Nsaba weetegereze enjawulo wakati w'ebibiina bino byombi ebitakkiriziganya. Abo abalina akabonero k'ensolo, abo be bantu abasinza bekkiriranya, abagooberera ebirowoozo n'emikolo ebyagunjibwa abantu. "N'abatukuvu" balina empisa ezibawuula: "Bagumikiriza" bakwata "amateeka ga Katonda" ate ne "basigala nga beesigwa eri Yesu."



Ng'obubaka buno obw'emirundi esatu bumaze okusaasanyizibwa okwetooloola ensi yonna. Yesu ajja kujja "okukunguula" abanunule:

**"N'endaba, era laba, ekire ekyeru, ne ku kire ne ndaba atuddeko yali afaanana ng'Omwana w'Omuntu, ngalina ku mutwe gwe engule eya Zzaabu, ne mu mukono gwe ekiwabyo eky'obwogi. Ne malayika omulala n'ava mu Yeekaalu,**

# ZUULA

**ng'ayogera waggulu n'eddoboozi ddene ng'agamba oyo atudde ku kire nti teekako ekiwabyo kyo, okungule kubanga ekiseera eky'okukunguliramu kituuse, kubanga ebikungulwa by'ensi kikaze. N'oyo atudde ku kire n'asuula ekiwabyo kye ku nsi, n'ensi n'ekungulibwa." - Kubikkulirwa 14:14-16.**

**3. EKKANISA YA KRISTO EY'ENNAKU EZ'ENKOMERERO**

Wali wewunyiizako omukristayo ow'amaanyi, omuteefu, eyeewaddeyo, omugumikiriza era alina okukkiriza, era ne weegomba okubeera n'obulamu obw'Omwoyo obufaanana ng'obwo? Katonda yatuwa obubaka bwe obw'enjawulo obw'ekiseera kyaffe obuli mu Kubikkulirwa 14, kubanga busobola okutuleeta obulamu ng'obwo.

Nga bwe kyanyonnyolwa mu Mulagirizi owa 25, Kubikkulirwa 12:17 alaga abakristayo ab'omu nnaku z'enkomerero nga bebo "abagondera amateeka ga Katonda era ne banywerera ku kutegeeza kwa Yesu." Kubikkulirwa 14:12 annyonnyola ekibiina kino kyekimu nti "abatukuvu abakwata ebiragiro bya Katonda era ne basigala nga beesigwa eri Yesu."

Mu bufuunze leka tulabe empisa z'abakristayo ab'omu kiseera eky'enkomerero.

**(1) "BANYWERERA KU KUTEGEEZA KWA YESU."** N'ewankubadde Setaani aggulawo obusungu bwe okubalwannyisa, "basigala nga beesigwa eri Yesu." Okukkiriza kwabwe si be bakwekolera, kye kirabo okuva eri Katonda (Abefeeso 2:8). Ekkanisa ya Katonda ey'omu kiseera eky'enkomerero Kristo baamulaba bulungi nnyo, era balaba bulungi nnyo empisa ze ez'amazima era olw'ekisa kya Katonda okuyita mu kukkiriza bafuuka ennyumba ennamu, omuli amaanyi era Kristo mwatuula.
**(2) "BALINA OKUKKIRIZA KWA KRISTO"** (Kubikkulirwa 14:12). Okukkiriza Kristo kwe yalina, okukkiriza kwe yayigiriza, okukkiriza kwe yali nakwo, mu kiseera kino kujjuza emitima gyabwe. Tebaalina bubeezi mazima kyokka, naye amazima "bagakuuma" bagoberera amazima. Gye bali eddiini efuuka bulamu bwabwe, Okukkiriza kwegatta mu bikolwa, era okukkiriza ne kwegatta wamu n'obuwulize. Ne babeera "n'okukkiriza kwa Yesu." Baazuula enjigiriza enkulu eza Bayibuli ne baziteeka mu nkola mu bulamu bwabwe obwa buli lunaku, era ne zivaammu obulamu obukristayo obw'amaanyi. Baakizuula nti amazima ga Bayibuli gano amakulu gazuukusa okwagala, era galeeta okwewaayo eri Kristo ekyo n'ekimatiza buli kyetaago kyonna era n'okuwankawanka kwonna okw'omu mutima gw'omuntu.



**(3) "BAGONDERA AMATEEKA GA KATONDA"** - Amateeka ekkumi, amateeka ag'empisa za KATONDA. Ekisinga ebirala byonna obukulu kye beettanira kwe kugondera okwagala kwa Katonda kyonna, buli kiragiro kyonna ekya Katonda. Balaga okwagala kwabwe eri Katonda n'okwagala kwabwe eri abantu olw'okugooberera amateeka ga Katonda gonna, nga omwo mw'otwalidde n'etteeka ery'okuna eritulagira okusinza omutonzi waffe nga tussaamu ekitiibwa Saturday, olunaku olw'omusaanvu olwa Ssabbiiti.
**(4) BATWALA OBUBAKA "OBW'ENJIRI EY'EMIREMBE N'EMIREMBE" OKWETOOLOOLA ENSI YONNA** (Kubikkulirwa 14:6). Enjiri egamba nti Yesu yafa olw'ebibi byaffe, era yazuukira okuva mu ntaana bwe kityo tusobole okufuna okussa ekimu naye. Ekkanisa ya Kristo ey'omu kiseera eky'enkomerero babadde bayita abantu bonna buli wantu wonna okuva mu kutabukatabuka kw'eddiini era bafune okussa ekimu ne Yesu okwesigamizibwa ku mazima agali mu Bayibuli gokka.
**(5) "BAWALIRIZIBWA OBUKULU BW'OKUMANYA"** Nti kubanga "ekiseera eky'okukunguliramu kituuse, kubanga ebikungulwa by'ensi byengedde" (Kubikkulirwa 14:15), naye ate obukadde n'obukadde bw'abantu tebannaba kuzuula Kristo.
**(6) BAWALIRIZIBWA OLW'OMULIMU GWA KATONDA WAABWE GWE YABATUMA.** Kubanga Babuloni ekinene kigudde, abantu bano basaasanya amawulire eri abo abakyali mu kutabukatabuka kw'eddiini agagamba nti "Mukifulumemu mmwe abantu bange" (Kubikulirwa 18:4). Baagala nnyo

okugabana n'abantu abalala bonna enkolagana yaabwe ey'ekitalo, n'essanyu lyabwe, lye baafuna okuva ku Kristo.

Bino byonna, awamu n'ebirala bingi bigatta wamu emitima gy'abantu obukadde n'obukadde Abakristaayo mu nnaku ez'enkomerero abaayitibwa obubaka obwa bamalayika abasatu. Obulamu bwabwe obujjudde essanyu bubakulembera okwegatta ku mutume Yokana okwongera okutwala mu maaso okuyita kuno nti:

**"Kye twalaba ne tuwulira, kye tubabuulira nammwe, nammwe mulyoke musse ekimu naffe; era naye okussa ekimu kwaffe kuli mu Kitaffe era n'Omwana we Yesu Kristo; n'ebyo tubiwandiike ffe, essanyu lyaffe liryoke lituukirire." - 1 Yokanna 1:3,4.**

Okuyita mu Mwoyo we, era n'okuyita mu kkanisa ye, naawe Yesu akuyita ojje oweeyo byonna gy'ali;

**"Era Omwoyo n'omugole (ekkanisa) boogera nti: Jjangu. Naye awulira ayogere nti Jjangu Naye alina ennyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa." - Kubikkulirwa 22:17.**

**4. AMAKUNGULA AG'EMIRUNDI EBIRI**

Obubaka obwa bamalayika abasatu bukkomekkerezebwa n'okudda kwa Yesu ku nsi okukungula abanunule bonna ekiseera kyonna (Kubikkulirwa 14:14-16). Yesu wakukung'anya abantu abanunule bonna era n'abatwala mu nnyumba ye erimu "ebifo ebingi mu ggulu" (Yokana 14:1-3). Ajja kumalawo ekibi, endwadde, okubonaabona, n'okufa emirembe gyonna (Kubikkulirwa 21:1-4).



Mu kujja kwe omulundi ogw'okubiri Yesu ajja "kukungula" n'ababi. Agamba bwati!

**"Ne malayika omulala n'ava mu yeekaalu ey'omu ggulu, naye ng'alina ekiwabyo eky'obwogi, ng'ayogera nti Teekako ekiwabyo kyo eky'obwogi, onoge ebirimba by'omuzabbibu gw'ensi; kubanga ezabbibbu zaagwo zeengeredde ddala; Ne malayika n'asuula ekiwabyo kye ku nsi, n'anoga omuzabbibbu gw'ensi, n'asuula mu ssogolero eddene ery'obusungu bwa Katonda. N'essogorero ne lirinnyirirwa ebweru w'ekibuga, n'omusaayi ne guva mu ssogolero, n'okuutuuka ku nkoba z'embalaasi, n'okutuuka amabanga lukumi mu lukaaga." - Kubikkulirwa 14:17-20.**

Kino kijja kubeera kiseera kya nnaku eky'okuzikirira okw'enkomerero, ekiseeera eky'okunakuwala eri Yesu kubanga ateekwa okuzikiriza abo abaagaana okununulibwa. Yesu "akugumikiriza nga tayagala wabeewo azikirira, wabula bonna beenenye" (2 Peter 3:9).

Yesu bw'anajja okunoga amakungula ag'ensi gwe onoobera mu makungula ki? Onooyimirira awamu ne bikungulwa eby'engedde eby'anunulibwa emirembe gyonna (Kubikkulirwa 14:13-16)? Oba olibeera ku mizabbibu egyengedde egy'obusungu egy'abantu abaabula (ennyiriri 17-20)?



Ensonga eno etegeerekeka bulungi ku ludda olumu, Yesu ayimiridde ng'agolodde emikono gye egyakomererwa n'emisumaali ng'akyakuyita oyimirire awamu "n'abatukuvu abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu" (olunnyiriri olwe 12). Ate ku ludda olulala ge maloboozi ag'abantu obuntu nga gakuyita nga gagamba nti okugondera Bayibuli yonna awamu n'okukwata ebiragiro bya Katonda ekyo si kikulu.

Ekibiina ky'abantu abaali mu kisenge kya Pirato kye yasalirangamu

emisango baatuuka ku nsonga y'emu efaananira ddala n'eno. Ku ludda olumu waaliyo Yesu, Katonda Omuntu ate omuntu Katonda. Ku ludda olulala waaliyo Balabba, omuntu atasobola kweyamba yadde okuyamba abo abaali batunuulira ebyali bigenda mu maaso. Naye ate ebigambo eby'ekiragiro ebya Pirato ne biwulirwa okuyita mu kibiina ky'abantu ab'enjawulo nga bigamba nti "ku abo bombi aluwa gwe mwagala mbasumululire?" Mu busungu obungi, amaloboozi gaava mu kibiina ky'abantu ne gaddamu nti; "Balabba."

Olwo nate Pirato n'abuuza nti "Nnaakola ntya Yesu ayitibwa Kristo?"

N'eddoboozi limu ery'omwanguka ne boogerera waggulu nti! "Akomererwe." Bwekityo Yesu, ataalina musango na'komererwa; era Balabba, eyalina omusango n'ateebwa. (soma Matayo 27:20-26.)

Gwe onoolonda ani olwa leero, Balabba oba Yesu? Onoloondawo okugoberera ebirowoozo ebyagungibwa abantu ebiwakanya n'enjigiriza z'amateeka ga Katonda era ebiwakanya n'enjiri ey'emirembe n'emirembe eya Yesu? Oba oyagala okukwata ebiragiro bya Katonda era n'okubeera omwesigwa eri Yesu? Jjukira nti Yesu ye yatusuubiza okutuweereza Omwoyo Omutukuvu okumalawo obuzibu bwaffe bwonna, era n'okutuwonya okweralikirira kwonna, era n'okumatiza okuwankawanka kwo kwonna.